



## Abazira ba Baibuli

### **PRACTICE MINISTRIES BIBLE STUDY CURRICULIM. ABAZIRA BA BAIBULI N'OKUFUNA EBY'OKUDDAMU OKUVA MU BAIBULI.**

#### **Ebiri mu katabo:**

- Ekitundu 1: Emisomo okuva mu Baibuli mu bufunze.  
Okussa mu nkola kuleeta okola ebituukiridde; Engeri gy'oyinza okutambuzaamu obulungi amasomo g'okuyiga Baibuli.
- Ekitundu 2: Emisomo okuva mu Baibuli.

Practice Ministries Bible Study Curriculum and Exploring The Bible  
©1997,2002 by Practice Ministries

Ebyawandiikibwa bikozezeddwa okuva mu nzivunula ya New International Version copy right 1973,1978,1984, by International Bible Society. Bikozezeddwa oluvannyuma lw'okufuna olukusa okuva mu bakubi be bitabo aba Zondervan. Byonna eby'olukusa babyesigaliza.

#### **PRACTICE MINISTRIES**

website address: [www.practiceministries.org](http://www.practiceministries.org).

# EMISOMO OKUVA MU BAIBULI MU BUFUNZE

## Omusomo # 1: Yesu Kristo

**“Katonda n’atonda omuntu mu ngeri ye.....” (Olubereberye 1:27)**

Mu musomo guno tujja kwogera mu ngeri Katonda gyeyeraga ng’akozesa embala n’ebisanyiizo by’omwana we Yesu Kristo.

**Okuyita mu Baibuli** kuyamba abaana okumanya ebisanyiizo bino ne basobola okutegeera obulungi engeri Katonda gy’abagalamu okubeerawo.

## Omusomo # 2: Nuuwa

**“Nuuwa yali mutuukirivu nga talina kabi mu mirembe gye, Nuuwa n’atambulira wamu ne Katonda” (Olubereberye 6:9).** Leero tujja kwogera ku bisaanyiizo Nuuwa by’eyalina okusobola okusiimibwa mu maaso ga Katonda.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kyetoolera ku kuyamba abaana okutambulira mu kukola ekyo ekituufu.

## Omusomo #3: Ibulayimu (Ekitundu 1)

**“Awo Mukama n’agamba Ibulaamu nti va mu nsi yannyo, era awali ekika kyo, n’ennyumba ya kitaawo, oyingire mu nsi gye ndikulaga: nange ndikufuula eggwanga eddene, era naakuwanga omukisa, era naakuzanga erinnya lyo, era beeranga mukisa ggwe” (Olubereberye 12:1-2).**

Leero tujja kwogera ku kukkiriza n’okugonda kwa Ibulayimu Katonda kwe y’amuweera empeera ennene.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyamba abaana okutambulira mu kola “ekyo ekituufu”.

## Omusomo # 4: Ibulayimu (Ekitundu 2)

**“Naye mu kusuubiza kwa Katonda teyabusabuusa mu butakkiriza, naye nafuna amaanyi olw’okukkiriza ng’agulumiza Katonda, era ng’ategeera ddala nga bye yasubiza era ayinza n’okubikola”. (Abaruumi 4:20-21).**

Leero tujja kwogera ku kukkiriza n’obuvumu bwa Ibulayimu Katonda bwe y’amusaba okusaddaaka omwana we omu yekka Isaaka.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiwa abaana okubeera n’obuvumu okuyita mu wiki eno.

## Omusomo # 5: Yusufu

**“Nammwe, mwali mwagala okundeetako ebibi, naye Katonda yali ayagala okundeetako ebirungi, nga era bwe kibadde, okuwonya abantu abangi baleme okufa” (Olubereberye 50:20).**

Leero tujja kwogera ku ndowooza ey’ekiweereza mu bulamu bwa Yusufu eyamusobozesa okuva mu buddu n’afuuka ow’okubiri mu bwakabaka bwa Misiri.

**Wano okuyita mu Baibuli** eky’okuyiga kikubiriza abaana okutambula ng’abalina endowooza ey’ekiweereza.

## Omusomo # 6: Musa(Ekitundu 1)

**“Wulira, ggwe Isiraeri: Mukama Katonda waffe ye Mukama omu: era onooyagalanga Mukama Katonda wo n’omutima gwo gwonna, n’emmeeme yo yonna, n’amanyi go gonna. Era ebigambo bino bye nkulagira leerao binaabanga ku mutima gwo”. (Ekyamateeka 6:5-6).** Mu kuyiga kuno tujja kwogera ku bisanyizo bya Musa ebyamusobozesa okuleeta amateeka ekkumi eri abantu ba Isiraeri.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyamba abaana okwejukanya amateeka ekkumi n’amakulu gaago.

Omusomo # 7: Musa (Ekitundu 2).

**“Singa mulimu omutima mu bo ogufaanana bwe guti n’okutya bandintidde ne beekumanga ebiragiro byange byonna ennaku zonna, balyoke balabe ebirungi n’abaana baabwe emirembe gyonna” (Ekyamateeka 5:29).** Eky’okuyiga kya leero kitunuulidde engeri Musa gyeyatyaamu Mukama era n’engeri Katonda gyeyakozesa okutya (ekitiibwa/entiisa) kuno okuyamba Musa okulembera eggwanga lyonna.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyamba abaana okuyiga obukulu obuli mu kusaamu Katonda ekitiibwa n’okuwuliriza ekigambo kye.

Omusomo # 8: YOSWA.

**“Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi guma omwoyo, totyanga, so teweekanganga; kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy’onoogendanga yonna “ (Yoswa 1:9).** Yoswa yali muyambi wa Musa eyalondebwa Katonda okulembera Isiraeri oluvannyuma lwa Musa okufa. Leero tujja kwogera ku bisanyizo bya Yoswa eby’okukkiriza, okugonda, amaanyi n’obuvumu ebya musobozesa okuyingiza eggwanga lya Isiraeri mu nsi Katonda gy’eyasuubiza okuwa lbulayimu n’ebazukulu be.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyamba abaana okutambulira mu kigambo kya Katonda nga kiramute ate nga kikozi mu bulamu bwabwe.

Omusomo # 9: GIDYONI.

**“Malayika wa Mukama n’amulabikira, n’amugamba nti Mukama ali wamu naawe, ggwe omusajja ow’amaanyi omuzira” (Ekyabalamuzi 6:12).** Gidyoni yali omu ku balamuzi ba Isiraeri, eyakulembera eggwanga lya Isiraeri mu biseera ebiri wakati w’okufa kwa Yoswa n’obuweereza bwa Samwiri. Tujja kwogera ku bisanyizo bya Gidyoni ng’okubeerawo kwe, obuvumu mu Mukama n’obuwombeefu eby’amusobozesa okuwangula aba Midiyaani n’okukomyawo emirembe mu Isiraeri.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kireeta okusomooza eri abaana okubeerawo ku lwa Katonda.

Omusomo # 10: Samusooni.

**“...kubanga omwana aliba muwonge eri Katonda okuva mu lubuto; era ye alitanula okulokola Isiraeri mu mukono gw’Abafirisuuti” (Ekyamateeka 13:5).** Samusooni yali omu

ku balamuzi ba Isiraeri eyakulembera eggwanga lya Isiraeri mu biseera ebiri wakati w'okufa kwa Yoswa n'obuweereza bwa Samwiri. Tujja kwogera ku maanyi ga Samusooni; Katonda ge y'amuwa omusobozesa okuwangula Abafirisuuti okusobola okuleeta emirembe mu Isiraeri.

**Eky'oguyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana okwagala okumanya amaanyi n'obuyinza bye bafuna okuva eri Omwoyo Omutukuvu ng'abakkiriza Yesu Kristo.

Omusomo 11 # : LUUSI

**"Awo Luusi n'ayogera nti tonneegayirira kukuleka, n'okuddayo obutakugoberera kubanga gy'onoogendanga: gy'ennaagendanga nze, era gy'onoosulanga, gye nnaasulanga nze: abantu bo be bannabanga abantu bange, era Katonda wo Katonda wange" (Luusi 1:16).**

Luusi yali ku lunyiriri lwa bajjajja ba Kabaka Dawudi era omu ku basibukamu Yesu Kristo. Tujja kwogera ku bisanyizo bya Luusi: okwagala n'okwewaayo Katonda byeyakozesa okuleeta enteekateeka y'obulokozi mu nsi.

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana okwewaayo ku lw'amaka n'emikwano gyaabwe.

Omusomo # 12: Samwiri

**"Omwana Samwiri ne yeeyongera okukula naba muganzi wa Katonda era n'abantu" (1Sam 2:26).** Samwiri ye mulamuzi eyasembayo mu Isiraeri era nnabbi Katonda gwe y'akozesa okussaawo obwakabaka mu Isiraeri. Leero tujja kwogera ku Samwiri ng'omulenzi omuto, okwewaayo kkwe n'okuweereza Katonda.

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyamba abaana okutandika okulowooza ku kuweereza Katonda bwe kuli.

Omusomo # 13: Sawulo (Ekitundu 1).

**"Naye abantu ne bagaana okuwulira eddobozi lya Samwiri; ne boogera ati Nedda; naye twagala Kabaka atufuge; naffe tufaanane ng'amawanga gonna; Kabaka waffe atusalirenga emisango, atabaalenga ng'atukulembedde atulwanirirenga entalo zaffe" (1Samwiri 8:19-20).**

Samwiri ye y'afuka amafuta ku Sawulo nga kabaka ey'asooka owa Isiraeri. Mu kitundu ekisooka tujja kwogera ku Katonda engeri gy'asobola okukyusaamu omutima gw'omuntu okusobola okutuukiriza enteekateeka ze. Era ekitundu kino kiraga obukulu obuli mu kugondera Katonda-n'ebwoba nga wafukibwako amafuta nga Kabaka.

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana okwesiga amaanyi ga Katonda mu bulamu bwabwe.

Omusomo # 14: Sawulo (Ekitundu 2)

**"Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti wakoze kya busirusiru; tokutte kiragiyo kya Mukama Katonda wo kye yakulagira; kubanga kaakano Mukama yandinywezezza obwakabaka bwo ku Isiraeri ennaku zonna. Naye kaakano obwakabaka bwo tebuliba bwa lubeerera; Mukama yeenoonyerezza omusajja alinganga omutima gwe ye, era Mukama amutaddewo**

**okuba omukulu w’abantu be kubanga tokutte ekyo Mukama kye yakulagira” (1Samwiri 13:13-14).** Mu kitundu eky’okubiri tujja kwogera ku butagonda bwa Sawulo n’ebyo ebyava mu kusalawo kwe obutangondera Katonda.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana okugonda n’okwekuuma eddoboosi lya Katonda.

Omusomo # 15 Dawudi (Ekitundu 1)

**“Kubanga Mukama talaba ng’abantu bwe balaba, kubanga abantu batuunulira okufaanana okw’okungulu, naye Mukama atuunulira mutima” (1Samwiri 16:7b).** Leero tugenda kuisinkana n’omulenzi Dawudi; omusumba w’endiga Katonda gwe y’alonda okuba kabaka okudda mu bigere bya Sawulo.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyigiriza abaana okuba n’omutima ng’ogwa Katonda.

Omusomo # 16 Dawudi (Ekitundu 2)

**“Awo Dawudi n’agamba omufirisuuti nti oja gyendi n’ekitala n’olungyago n’effumu; naye nze njija gy’oli mu linnya lya Mukama ow’eggye, Katonda w’eggye lya Isiraeri ly’osoomozezza” (1Samwiri 17:45).** Eky’okuyiga kya leero kikaadde naye kirungi – kikwata ku Dawudi ne Goliyaasi. Tujja kwogera ku buvumu bwa Dawudi n’obwesige bweyassa mu Katonda.

**Eky’okuyiga kino okuva mu Baibuli** kizaamu abaana amaanyi okwesiga Katonda mu bintu byonna ne bwe biba ebizibu binaggwano nga bizze.

Eky’okuyiga # Dawudi (Ekitundu 3)

**“Ontondemu omutima omulongoofu, ai Katonda; onzizeemu omwoyo omulungi munda yange”.**

**(Zab 51:10).** Dawudi yawandiika zabbuli eno oluvannyuma lwa nnabbi Nasanayiri omukakasa nti Katonda yali alabye obwenzi bwe yakola ne Basuseba. Mu bufunze tujja kwogera ku kikolwa kya Dawudi ne Basuseba naye okusinga essira tugenda kulissa ku kwenenya kwa Dawudi n’ebyo ebyavaamu.

**Eky’okuyiga kino okuva mu Baibuli** kikubiriza abaana okukulonga okusalawo obulungi.

Omusomo # 18: Sulemaani (Ekitundu 1).

**“Laba nkoze ng’ekigambo kyo bwe kiti; laba nkuwadde omutima omugezigezi era omutegeevu; obutabangawo akwenkana okusooka ggwe, so n’oluvannyuma lwo tewaligolokoka okwenkana. Era nkuwadde n’ebyo by’otasabye, obugagga n’ekitiibwa, obutabangawo mu bakabaka n’omu akwenkana ennaku zo zonna. Era bw’onootambuliranga mu makubo gange, okukwatanga amateeka gange n’ebiragio byange, nga kitaawo Dawudi bwe yatambula , awo ndyongera ku nnaku zo” (1Bassekabaka 3:12-14).**

Sulemaani nga mutabani wa Kabaka Dawudi ate ayamuddira mu bigere okubeera Kabaka wa Isiraeri y’asaba Katonda amagezi okusobola okulamula eggwanga lya Isiraeri. Olw’aleero tujja kwogera ku magezi n’obukulu bwaago.

**Eky'okuyiga kino mu Baibuli** kiyigiriza abaana okumanya omugaso gw'amagezi.

Omusomo # 19 (Sulemaani (Ekitundu 2)).

**“Awo Kabaka Sulemaani n'asinga bakabaka bonna ab'ensi obugagga n'amagezi” (1Bassekabaka 10:23).**

Sulemaani mu magezi ge gonna, omutima gwe gwamala neguva ku Katonda. Tujja kwogera ku Sulemaani ebirungi bye yakola ate n'engeri gye yajemera Mukama Katonda.

**Eky'okuyiga kino okuva mu Baibuli** kikubiriza abaana okusigala nga beesigwa eri Katonda.

Omusomo # 20: (Eriya (Ekitundu 1)).

**“Awo Akabu mutabani wa Imuli n'akola ebyali mu maaso ga Mukaba ebibi okusinga bonna abamusooka”. (1Bassekabaka 16:30).**

Nga tetunnasisinkana Eriya, twetaaga okwejukanyaamu ku byafaayo by'obwakabaka bwa Isiraeri ne Yuda okuviira ddala Sulemaani we yakisizza omukono okutuukira ddala Akabu watuulira ku nnamulondo y'obwakabaka bwa Isiraeri. Kaakati nno awo tunaasisinkana mu bufunze Eriya, twogere ku lwaki y'asindikibwa mu Isiraeri eri Kabaka Akabu.

**Eky'okuyiga kino okuva mu Baibuli** kikubiriza abaana okuyiga n'okugoberera amateeka ga Katonda.

Omusomo # 21: Eriya (Ekitundu 2).

**“Awo Eriya omutisubi, eyali ku abo abaatuula e Giriyaadi n'agamba Akabu nti Mukama Katonda wa Isiraeri nga bwali omulamu gwe nnyimiririra mu maaso ge, tewaabenga musulo newankubadde enkuba mu myaka gino, wabula ng'ekigambo kyange bwe kiri”. (1Bassekabaka 17:1)**

Leero nnabbi Eriya asisinkana Kabaka Akabu olw'okuleka n'atafaayo ku mateeka ga Katonda.

**Eky'okuyiga kino okuva mu Baibuli** kikubiriza abaana okuba abavumu mu kukkiriza kwabwe eri Katonda.

Omusomo # 22: Eriya (Ekitundu 3)

**“Awo omukazi n'agamba Eriya nti kaakano mmanyi ng'oli musajja wa Katonda era ng'ekigambo kya Mukama mu kamwa ko ge mazima” (1Bassekabaka 17:24).** Eriya y'amanya atya nti Katonda anaasindika omuliro n'egwokya ssaddaaka bwe yasomooza bannabbi ba bayaali? Yalina bukakafu ki nti Katonda yali wakuddamu okutonyesa enkuba nate? Eriya yayimusa atya obuvumu bwe butyo mu Katonda? Leero tujja kwogera kusonga ezzimu lwaki Eriya yalina obuvumu obwenkanidde awo mu Katonda.

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiwa abaana amaanyi okuyimusa obuvumu mu Katonda.

Omusomo # 23: Yobu



**“Mukama n’agamba setaani nti olowoozezza ku muddu wange Yobu? Kubanga tewali mu nsi amufaanana omusajja eyatuukirira era aw’amazima, atya Katonda ne yeewala obubi; era akwanywezezza obutayonoona bwe, newankubadde nga wasaakiriza gy’ali okumuzikiriza obwereere” (Yobu 2:3).**

Yobu yali musajja eyakola byonna ebyali eby’obutuukirivu era nga mugagga nnyo. Ne bweyafiirwa buli kimu ky’eyalina yasigala nga mwesimbu. Leero tujja kwogera ku bakulu bw’okubeera omwesimbu.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyigiriza abaana okwetoolera mu mazima g’ebyawandiikibwa.

#### Omusomo # 24 : Nekkemiya

**“ne njogera nti nkwegayiridde ai Mukama Katonda w’eggulu, katonda omukulu ow’entiisa, akwata endaagano n’okusaasira eri abo abamwagala ne bakwata ebiragiro bye; okutu kwo kuwulire nno, n’amaaso go gazibuke, owulire okusaba kw’omuddu wo kwe nsaba mu maaso go mu biro bino emisana n’ekiro olw’abaana ba Isiraeri abaddu bo.....” (Nek 1;5-6).**

Nekkemiya yakomawo okuva mu bunyage e Babulooni mu mwaka gwa 445 nga Yesu tannazaalibwa. Yagenda e Yerusaleemi n’akulembeeramu abantu okuddabiriza bbugwe w’ekibuga.

Leero tujja kusinsinkana ne Nekkemiya omusajja ow’okusaba.

**Eky’okuyiga kino okuva mu Baibuli** tikubiriza abaana okutegeera obukulu bw’okusaba.

#### Omusomo # 25: Isaaya.

**“Ne mpulira eddoboosi lya Mukama nga lyogera nti naatuma ani era anaatugendera ani? Ne ndyoka njogera nti nze nzuuno; ntuma nze (Isaiah 6:8).**

Tujja kwogera ku bumu ku bunnabbi bweyalagula ku masiya, n’engeri gye bwatukiririra mu Yesu Kristo.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyamba abaana okutegeera nti obunnabbi obutuukiridde kye kimu ku kisumuluzo eky’okumanya nti Baibuli y’amazima.

#### Omusomo # 26 Yeremiya.

**“Kale nno weesibe ekimyu oyimuke obagambe byonna bye nkulagira; tokengeterewanga eri bo, neme okukengenterera mu maaso gaabwe. Kubanga laba nkufudde leero ekibuga ekiriko enkomera, era empagi ey’ekyuma era bbugwe ow’ekikomo eri ensi yonna, eri bakabaka ba Yuda, eri abakulu baayo,eri bakabona baayo, n’eri abantu ab’omunsi” (Yeremiya 1:17-18).**

Nnabbi Yeremiya yayogera eri abantu ba Yuda mu biseera nga bali mu bunyage e Babulooni ebikwata ku mbalirira yaabwe eri Katonda. Leero tujja kwogera kuyimirira ku lwa Katonda ne mumbeera enzibu.

**Eky’okuyiga kino okuva mu Baibuli** kukubiriza abaana okuyimirira ku lwa Katonda.

Eky'okuyiga # 27: Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneego.

**“Bwe kinaaba bwe kityo, Katonda waffe gwe tuweereza ayinza okutuwonya mu kikoomi ekyaka n’omuliro; era anaatuwonya mu mukono gwo, ai Kabaka. Naye bwe kitaabe bwe kityo, tegeera ai Kabaka, nga tetugenda kuweereza bakatonda bo, newankubadde okusinza ekifaananyi ekyaa zaabu kye wayimiriza” (Danyeri 1:17-18).**

Leero tujja kuisinkana abavubuka basatu, twogere ku bwesigwa n’okwewaayo kwabwe eri Katonda.

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana i okuba abeesigwa eri mikwano gyabwe.

Omusomo # 28 Danyeri

**“Awo Danyeri bwe yamanya ng’ebiwandiikiddwa bissibwako akabonero, nayingira mu nnyumba ye: (era amadirisa ge gaali gagguddwawo mu nju ye nga goolekedde Yerusalemi) n’afukamiranga ku maviivi ge emirundu esatu buli lunaku, nasaba ne yeebaza mu maaso ga Katonda we, nga bwe yakolanga edda (Danyeri 6:10). Ekirala ekyedda atenga kirungi – Danyeri nga ali mu bunnya bwe’empologoma. Leero tujja kwogera ku kubeera abeesigwa n’okwewaayo okuweereza Katonda.**

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana okubeera abeesigwa era abewaddeyo okuweereza Katonda.

Omusomo # 29: Yona:

**“Awo ekigambo kya Mukama kyajja eri yonna, omwana wa Amittayi nga kyogera nti golokoka ogende e Nineeve ekibuga ekyo ekinene okirangirire; kubanga obubi bwabwe bulinnye butuuse mu maaso gange. Naye Yona n’agolokoka okuddukira e Talusiisi okuva mu maaso ga Mukama; n’aserengeta e Yopa n’alaba ekyombo nga kigenda e Talusiisi, awo nabawa empooza yaakyo n’asaabala omwo ogende nabo e Talusiisi ave mu maaso ga Mukama” (Yona 1:1-3).**

Mu bazira baffe aba Baibuli mu by’okuyiga ebiddiringana omwaka guno, Yona ye muntu asinga okuba n’akakwate naffe. Yona ye muzira asinga obutafaayo. Tujja kwogera ku ngeri Katonda gy’atuukukirizaamu ekigendererwa kye okuyita mu Yona wadde nga teyayagala kubeera kitundu ku nteekateeka ya Katonda gyali.

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana okugondera okwagala kwa Katonda eri obulamu bwabwe.

Omusomo gw’okwebaza okwenjawulo : Okuwaayo okw’okwebaza n’okwebaza.

**“Mumwebazenga Mukama mukaabirenga erinnya lye; mumanyisenga ebikolwa bye mu mawanga. Mumuyimbirenga, muyimbenga okumutendereza;mwogerenga ku by’amagero bye byonna”**

**(Zabbuli 105:1-2).** Leero tugenda kulaba omukisa mu ngeri ez’enjawulo ate n’ogukozesa.

**Eky'okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kiyamba abaana okulowooza engeri ez’okuwaayo mu ngeri empya.

Omusomo ogw'enjawulo egukwata ku mazaalibwa: Ekiro ekikeesa amazaalibwa ekitayinza kwerabirwa.

**“Malayika n’abagamba nti temutya; kubanga laba mbaleetera ebigambo ebirungi eby’essanyu eringi eririba eri abantu bonna: kubanga leero azaaliddwa gye muli omulokozi mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo mukama waffe” (Lukka 2:10-11).** Omukiise wa sineeti (olukiiko) Yokaana McCain agabana ku kiro ekizibu okwerabira ekikeesa amazaalibwa mu kampu e Vietnamu mu lutalo.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kitunuulira amakulu mujje mmwe mwenna abeesigwa.

Omusomo ogw'enjawulo ku mazuukira: Ogusota

**“ n’atulokola, si lwa bikolwa eby’omu butuukirivu bye twakola ffe wabula olw’okusaasira kwe”**  
(Tito 3:5). Olugero luyamba okutuyigiriza amazima agakwata mu mazuukira.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** Baibuli kiyamba abaana okutegeera olutalo olw’omwoyo olutwetoolodde n’ensonga lwaki Katonda yalina okutuma Yesu.

Olunaku lw’eggwanga olw’okusaba.

**“Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yabwe” (Ebyomumirembe 7:14)**

Mu kifo ky’okuyiga leero, tugenda kukola. Tugenda kumala obudde obw’okuyiga nga tusaba Katonda eyatutonda atukuuma n’abantu b’ensi yaffe.

**Eky’okuyiga kino okuyita mu Baibuli** kikubiriza abaana okuwandiika okusaba ku lw’abantu mu nsi yaffe.

Akagero k’ekiseera.

**“Ye n’addamu nti oba ng’alina ebibi simanyi ekigambo kimu kye mmanyi nti nnali muzibe wa maaso, naye kaakano ndaba” (Yokaana 9:25)**

Ekirowoozo eky’okuwa obujulizi – engeri Yesu gye yajja mu bulamu bwo kiyinza obutasanyusa. Oyinza n’okutya n’olemererwa olw’obutamanya kyakwogera. Naye Yesu bwaba nga ali mu bulamu bwo, olina ekyokwogera era okuyiga engeri eyo kubuwaamu kyekyetaagisa okuleeta amawulire amalungi aga Yesu Kristo mu bulamu bw’omuntu omulala.

**Eky’okuyiga kino ekyenjawulo okuyita mu Baibuli** kikuwa ebirowoozo mu bufunze okugatta wamu obujulizo bwo.

## Okuteeka mu bikolwa kuleeta okutuukirira.

Okumalira ddala emyaka egissuka mu mwenda tuyambye okutegeka ebikumi n'ebikumi by'okuyita Baibuli. Era tuvuddeyo n'endagiriro oba enkola ennungi eja okuyamba amaka gammwe okusobola okuganyulwa obulungi mu kuyiga kuno.

Bino by'ebirowooze mu bufunze engeri gy'oyinza okutegeka obulungi okuyiga Baibuli.

- Yaniriza Yesu okubeera mu kuyiga Baibuli. Musabe amaanyi ge n'okubeerawo okukola mu buli bulamu bwa muntu azze.
- Bwekuba kuyiga kwakumakya, tegekayo ku by'okulya n'okunywa. Bwekaba kawungeezi, beerawoko n'obwokulya obwangu eri abaana n'abazadde ng'okuyiga tekunaba kutandika.
- Tandika mu bwangu mu bujuvu kuba abantu obamu obudde buyinza okuba obutono.
- Kikola bulungi abaana ne batuula ne ba taata baabwe mukuyiga.
- Weyanjule, n'abaana beyanjule naddala singa waba waliwo abatamanyiganye.
- Tandika okuyiga Baibuli n'okusaba. Buuzza obanga omu ku baana oba ku ba taata baabwe ayinza okulembera okusaba-naye ate tobawaliriza, kubanga kiyinza okubakalubiriza. Kikola bulungi okulonda anagulawo n'okusaba nanamaliriza okusobola okwetegeka.
- Mu kibiina abantu bwe batandika buli omu okumanyiira banaabwe, kiba kilungi okusaba okwetoolola buli wiki mu bantu abenjawulo, abaana ne bakitaabwe bonna basobole okwenyigiramu.
- Bufunze nyonyola eky'okuyiga ky'olunaku.
- Yanjula ebibuuzo eby'okubaganyaako ebirowooze era tandika okubaganyaako mu bufunze. Kubiriza ba taata okwenyigira mu kubaganya ebirowooze. Ba taata bayinza obutabako nekyebogera kubanga okuyiga kw'abaana. Naye okwenyigiramu kwa bataata kikulu nnyo.
- Yita mu ky'okuyiga mu ngeri ewa emirembe mu kibiina. Bwotomalaayo si nsonga.
- Malira mu budde obutedgededwa. Eddakiika nga abiri ziba zimala bulungi. Ate bwezikendeerako kiba kirungi.
- Kubiriza abaana ne ba taata okuddamu akapapula buli wiki era lekayo ekiseera buli mwana okusobola okuwa eky'okuddamu.
- Kubiriza abaana okussa mu bikolwa embala eba essiddawako essira mu ky'okuyiga ky'olunaku okuyita mu wiiki. Basomooze okusobola okugabana n'ekibiina mu kuyiga okuddako mu mbeera zonna webaafunira omukisa okuteeka mu nkola ebyo bye baayiga.
- Eno y'engeri ennungi ey'okumaliriza buli kuyiga bataata n'abaana (abawala oba abalenzi) basabe buli omu okusabira munne. Tukizudde nti eno ngeri nnungi ba taata n'abaana okuyiga buli omu okusabira omulala. Oyinza n'obasaba buli omu abuuze munne ki kyeyandyagadde omusabira ku lunaku olwo.

# EBY'OKUYIGA MU BAIBULI

No	Eky'okuyiga	Enyiriri
1	Yesu Kristo	Yokana 1
2	Nuuwa	Luberyeberye 6
3	Ibulayimu (ekitundu 1)	Abaebbulaniya 11:6, Luberyeberye 12
4	Ibulayimu (ekitundu 2)	Abarumi 4:20-22, Luberyeberye 21
5	Yisuufu	Mattayo 20:28, Luberyeberye 41
6	Musa (ekitundu 1)	Mattayo 22;37-39, Okuva 20
7	Musa (ekitundu 2)	Ekyamateeka 5
8	Yoswa	Yoswa 1
9	Gidiyooni	Ekyabalamuzi 6&7
10	Samusooni	Ekyabalamuzi 13
11	Luusi	Luusi 1
12	Samwiri	1 Samwiri 3
13	Sawulo (ekitundu 1)	1 Samwiri 10
14	Sawulo (ekitundu 2)	1 Samwiri 12&13
15	Dawudi (ekitundu 1)	1 Samwiri 16
16	Dawudi (ekitundu 2)	1 Samwiri 17
17	Dawudi (ekitundu 3)	Zabuli 51
18	Sulumaani (ekitundu 1)	1 Bassekabaka 3
19	Sulumaani (ekitundu 2)	1 Bassekabaka 6
20	Eriya (ekitundu 1)	1 Bassekabaka 17
21	Eriya (ekitundu 2)	1 Bassekabaka 17&18
22	Eriya (ekitundu 3)	1 Bassekabaka 17
23	Yobu	Yobu 1-2:10
24	Nekemiya	Nekemiya 1:1-14
25	Isaaya	Isaaya 53
26	Yeremiya	Yeremiya 1
27	Sadulaaki, Messaki ne Abudeneego	Danyeri 3
28	Danyeri	Danyeri 6
29	Yona	Yona 1:1-3 & 3:1-5

### Eby'okuyiga eby'enjawulo.

Okwebaza	-	Zabuli 105:1-2
Ekiro ekikeesa amazaalibwa	-	Lukka 2:10-11
Ekitayinza kwerabirwa		
Amazuukira	-	Yokaana 3:16
Okusaba	-	2 Ebyomumirembe 7:14
Akagero ak'ekiseera	-	Yokaana 9:25

## OMUSOMO # 1: YESU KRISTO

Olunyiriri olw'okuyiga kwa leero.

**“Kale mugobereranga Katonda.....” (Abafeeso 5:1).**

Ebibuuzo:

**Ani gotwalanga omuzira wo? Era lwaki omutwalanga nga muzira?**

Ennyanjula

Ekitundu kino kijiddwa mu kwogera kwa Pulezidenti George .W.Bush nga wayiseeo emyeezi mitono obulumbi nga bumaze okukolebwa ku bizimbe bya America: Pentagon ne World Trade Centre okwaliwo nga 11<sup>th</sup> Sept 2011.

“Abantu ba America ensonga baagikwata mu ngeri eraga obuvumu n’okufaayo. Kino tukirabira mu baana baffe abaaweereza ddoola ezisukka akakkadde eri abaana aba Afghanistan. Tukirabira mu kusaasira mu Bayudaaya n’AbaKristaayo ba Amerika abasobodde okutuukirira balirwana baabwe Abayisiraamu.

Tulabye abantu ba Amerika nga baddamu okutunuulira ebintu ebikulu mu bukulu bwabyo. Abazadde bamala obudde obumala n’abaana baabwe era abantu bangi kati bakoze obudde obuwerako nga basaba mu bifo eby’okusinzizaamu.

Tufunye abazira abapya abo abaafuba nga betoloola ebifo ebyaka omuliro okusobola okuwonya abalala; naddala poliisi yaffe nabazikiza omuliro.

Abo abaafuba okukuuma abaana nga bali bulungi: abasomesa ba America.

Abo abaakola ogw’obwannakyewa okulwanirira eddembe; abasajja n’abakazzi abali mu jje ly’eggwanga.

Olwaleero tukunganye wamu okwebaza ekibiina eky’abantu abapya abaweereza eggwanga nga tebemandiisa kulwana lutalo naye ate n’obassanga mu ddwaniro; abo abaatambuza amabaluwa mu posita za America.

Abamerika abatabalika abaawaayo omusaai oluvannyuma lw’okulumbibwa. Abatuuze mu New York abagulawo amaka gaabwe okusobola okutaasizaamu bannaabwe. Tulindiridde mu buguminkiriza mu nyiriri z’abakuuma ddembe. Abaana okwetoloola Amerika abategese eby’okulya n’okunywa kulwa bannaabwe mu Afghanistan. Tusobola n’okola ekisingako awo.

Obuvumu n’okulaba essuubi bya letera ennyonyi olubuuka olwe 93 okwanguwa okuddusa abatemu okuwonya obulamu bwa bantu mu kifo – nga bakulemberwa omuvubuka ebigambo bye ebyasemba okuwulirwa byali essaala ya Mukama waffe ne “Tubayingise”.

Ogw’omwenda nga 11 America n’okwetoloola ensi bayanjulirwa nate ekintu mu byonna ekyasanyawo abazira. Abazikiza omuliro, abakola mu poliisi ne balubbira abalala abassaddaaka obulamu bwaabwe okuyamba abalala okusobola okusigaza obulamu. Abasajja

n'abakazi mu jje abakuuma eggwanga lyaffe mu nsi yonna. Abakozi mu posita abassa ku mabbali okutya kwonna ne batambuza amabaluwa.

Wa awalala wetuyinza okusanga abazira? Mu kusooka Musa y'agamba nti "Nedda!" Gidyoni y'agamba nti: "Lwaki nze?" ne Yona y'agamba nti: "kanfulume okuva wano!" Abazira? Nkakasa! Mukuyiga kuno tujja kuisinkana abasajja n'abakazi abalala obuwanguzi bwaabwe, ebisanyizo byabwe n'obuvumu bwaabwe by'abafuula abazira mu biro byabwe ate ne mu biro byaffe.

Yesu Kristo  
(Abafiripi 2:6-11)

**"<sup>6</sup> Oyo bwe yasooka okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyelwooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda, naye yegyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuuddu nabeera mu kifaananyi ky'abantu <sup>8</sup> era bwe yalabikira mu mutindo ogw'abantu ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba. <sup>9</sup> Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amaanya gonna; <sup>10</sup> buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'eby'omuggulu n'ebyoku nsi n'ebya wansi w'ensi," <sup>11</sup> era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda kitaffe aweebwe ekitiibwa".**

**Ekibuuzo: Kiki ekifuula omuntu omuzira?** Omuzira ye muntu eyegombebwa olw'embala , obuwanguzi n'obuvumu by'alina.

Tugenda kukozeza amakulu gano ag'ekigambo "omuzira" okukebera abasajja n'abakyala be tuyita "abazira mu Baibuli". Tugenda kwogera ku mbala zaabwe, obuwanguzi bwabwe n'obuvumu bwe baalina ebyaabafuula abazira mu nnaku zaabwe n'olwaleero.

**Ekibuuzo: Muzira ki asooka okwogerwako mu Baibuli?** Yesu Kristo.

Baibuli egamba nti "ku lubereberye waaliwo kigambo, kigambo naba awali Katonda, kigambo naba Katonda. Oyo yaliwo ku lubereberye awali Katonda" (Yokaana 1:1-2).

**Ekibuuzo: Kigambo yaani?** (Yesu Kristo)

**Ekibuuzo: Bwaba Yesu Kristo ye kigambo, nga ne Baibuli egamba nti kigambo ye Katonda; ekyo Yesu kimufuula ani?** Yesu aba Katonda.

**Ekibuuzo: Wali olowoozesa ku Yesu ng' omuzira? Nsonga ki z'oyinza okulowoozaako ku Yesu ng'omuzira?** (Katutunuulire obuwanguzi bwe, ebisanyizo bye n' obuvumu bwe):

### Obuwanguzi bwe:

Yesu atuuse ku buwanguzi bwe bintu ebiwerako okuviira ddala ku ntandikwa ye biseera. Mu kitabo

ky'Okubikulirwa, kigamba "Osaanidde ggwe, Mukama waffe, Katonda waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza; kubanga ggwe wabitonda byonna, era



**byabaawo lwa kusiima kwo, era byatondebwa” (Kubikkulibwa 4:11).** Ebyawandiikibwa era bitugamba nti **“kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa” (Colossians 1:16).** Mu ngeri endala, awatali Yesu kubiganya tewali kintu na kimu; newankubadde ensi oba ggwe oba nze, abandibaddewo.

Baibuli era egamba nti **“Nate waliwo ebirala bingi Yesu bye yakola, nabyo bwe biwandiikibwa kinnakimu ndowooza nti n’ensi zonna tezandigiddemu bitabo ebyandiikiddwa” (Yokaana 21:25).**

**Ekibuuzo: Bintu ki ebyo buwanguzi ebirala Yesu byeyakola by’oyinza okulowoozaako?** (Eby’amagero, okuwonya, okuyigiriza, okwewaayo ku lulwo nange).  
Yesu y’akola eby’obuwanguzi era akyakola eby’amaanyi. Naye eby’obuwanguzi kitundu butundu ku nyinyonyola yaffe ey’omuzira. Kakaano katwogeere ku embala ye.

Obulungi bwe

**Ekibuuzo:Tuyinza tutya okumanya embala oba ebirungi ebikola Katonda kyali?**  
Tusobola obisomako byonna okuyita mu Baibuli yonna. Tusobola okumanya ebirungi Katonda byali okuyita mu Yesu **kubanga ye kye kifaananyi kya Katonda atalabika” (Bakolisaayi 1:15).**

**Ekibuuzo: Waliwo ekifo ekirala wetuyinza okusanga okuyiga kwaffe kuno?** Olunyiriri lw’okuyiga kwaffe lugamba nti **“Katonda n’atonda omuntu mu kifaananyi kye” (Olubereberye 1:27).**

**Ekibuuzo: Kigambo ki ekirala ekitegeeza ekifaananyi?** Ekigambo ekirala ekiyinza okutegeza ekifaananyi ye engeri oba enfaanana).

Katonda y’akutonda osobole okulabikiramumu embala n’obulungi bwalina. Bw’okuba oba n’osiiga oba n’ozimba ekintu, okikola mu ngeri gy’okuyagala kibeeremu. Katonda bwatonda, atonda mu ngeri ebitonde bye gyayagala bibeeremu.

**Ekibuuzo: Mbala oba birungi ki Katonda byalina by’ayagala obeere nabyo?** (Okwagala, essanyu, emirembe, okuguminkiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, obuwoombeefu, n’okwefuga). Yesu alina ebirungi bino byonna era ayagala naffe tube nabyo.

Obuvumu bwe:

Ekiri nga Yesu anaakomererwa enkeera, Yesu n’abayigirizwa be baali mu kifo ekiyitibwa Geesusameeni, ku lusozi oluyitibwa Zayituuni. Enjiri nga bweyawandiikibwa Lukka etugamba nti ; **“Yesu nabawukanako ebbanga ng’awakasukibwa ejinja; n’afukamira n’asaba ng’agamba nti kitange, bw’oyagala nziyaako ekikompe kino; naye si nga nze bwe njagala naye ky’oyagala ggwe kikolebwe. Malayika n’amulabikira ng’ava mu ggulu ng’amuzzaamu amaanyi. N’afuba ng’alumwa ne yeeyongera okusaba ennyo; entuuyo ze ne ziba ng’amatondo g’omusaayi nga gatonya wansi” (Lukka 22:41-44).**

**Ekibuuzo: Kikompe ki Yesu kyasaba kitaawe akimujjeko?** Obulamu bw’omusalaba n’okwawukana ne kitaawe wadde kyali kyakumala akaseera katono nnyo.

**Lwaki Yesu yali anaatera okomererewa?** Si lwa kintu kyonna kyeyali akoze ng’omuntu naye yali nteekateeka ya Katonda Yesu okufuuka ssaddaaka olwa buli birowoozo ebikyamu, endowooza n’ebikolwa eby’abantu bonna abaliwo n’abali bagenda okubeerawo.

Baibuli egamba nti; **“Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati, n’okuwaayo nawaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula naye abeere n’obulamu obutaggwaawo” (Yokaana 3:16).** Katonda yamanya nti twali twetaaga omulokozi y’ensonga lwaki yasindika omwana we Yesu Kristo.

Yesu yayolesa obuvumu obusinga obwa generaali yenna bweyali ayoleseza mu lutalo oba omuddusi yenna nga avuganya n’obulumi n’ebiwundu ng’awaayo obulamu bwe mu lulwo nange.

Wabaddewo era waliwo abazira bangi mu nsi. Mazima ddala bajjudde mu Baibuli.

Bangi tujja kuba tubalaba mu mwaka gwaffe ogw’okusoma. Naye Yesu mu bonna talina amuvuganya era tewaliba mu nsi yonna.

**Ekibuuzo. Oyinza kozesa otya obudde leero okusobola okusoma ku mbala n’obulungi bwa Katonda?**

## OMUSOMO # 2 NUUWA

Okwejjukanyamu:

Ebibuuzo n’olunyiriri bya Wiiki ewedde.

Olunyiriri lw’omusomo gwa leero

**“Kuno kwe kuzaala kwa Nuuwa. Nuuwa yali mutuukirivu nga talina kabi mu mirembe gye: Nuuwa n’atambulira wamu ne Katonda.” (Olubereberye 6:9).**

Ebisaanyizo

**Obuwulize**

Ekibuuzo eky’okubaganyaako ebirowoozo

**Wali osabiddwako okukola ekintu ekinene nga ddala kinene? Wawulira otya ng’okirowoozaako mu kusooka okukikola?**

Ennyanjula:

Waliwo emboozi omwami ayitibwa Bruce Wilkinson gy’anyumya. Yali ayogera n’abamu ku bayizi ba College ng’abasomooza ogenda okuttukiriza ebintu ebinene –ebinene naddala mu kubuulira abantu ebikwata ku Yesu Kristo.

Nga wayiseewo wiiki nga emu, Bruce n’afuna ebbaluwa okuva eri abayizi babiri aba college gy’eyayogerera. Nga bano ababiri basaba Katonda abawe omukisa okwogera ne gavana wa California ku bikwata ku Yesu era basalawo okukikola mu bwangu ddala. Kituufu ddala mu wiiki yeemu Mr. Wilkinson mwe yayogerera. Ne batuula mu mmotoka yaabwe ne bavuga mayiro ebikumi bina (400) okutuuka mu kibuga. Kino kye kyabaawo mu kubo; bayogera n’abantu babiri (2) ab’okumasundiro g’amafuta, abakuumi bana (4), omuwandiisi wa gavana ne gavana yennyini nga bagabana nabo obubaka bwa Yesu.

Wakyaliiwo n’ebirala. Abayizi babiri bakunganya tiimu y’abantu 126 nga bayizi bannaabwe n’abasomesa baabwe, n’ebapangisa ennyonyi, ne bagenda e Trinidad okusaayo essomero lya Baibuli eri abantu abaali eyo mu nkumi ababeera ku kizinga ekyo.

Nkakasa tekwali n’omu ku bayizi bano eyali akirowoozeezaako nti baali basobola okolera Katonda ebinene. Kyandiba ekituufu nti okulowooza okolera Katonda ebinene kyabatiisanga nnyo. Naye kasita tubeerawo ku lwa Katonda, asobola okutukozesa okola ebinene – nga binene ddala ku lulwe. Leero tugenda kwogera ku muzira wa Baibuli eyewaayo okubeerawo ku lwa Katonda era n’amugondera.

**Nuuwa**

**(Olubereberye 6:9-22)**

<sup>9</sup> “Kuno kwe kuzaala kwa Nuuwa. Nuuwa yali mutuukirivu nga talina kabi mu mirembe gye: Nuuwa n’atambulira wamu ne Katonda <sup>10</sup>.Nuuwa nazaala abaana basatu, Seemu, Kaamu, ne Yafeesi. <sup>11</sup> Ensi n’eyononooneka mu maaso ga Katonda, ensi n’ejjula eddalu”.

<sup>12</sup> Katonda n'alaba ensi nga eyoonese; kubanga ekirina omubiri kyonna kyali nga kimaze okwonoona ekkubo lyakyo ku nsi.

<sup>13</sup> Katonda n'agamba Nuuwa nti enkomerero ya buli ekirina omubiri etuuse mu maaso gange, kubanga ensi ejjudde eddalu ku lwabwe; kale laba ndibazikiriza wamu n'ensi. <sup>14</sup> Weekolerere eryato n'omuti goferi; osalangamu ennyumba mu lyato, osiige munda ne kingulu envumbo. <sup>15</sup> Bw'otyoo bw'okolanga; emikono ebikumi bisatu obuwanvu bw'eryato, n'emikono ataano obugazi bwalyo, n'emikono asatu obugulumivu bwalyo. <sup>16</sup> Osalangako ekituli ku lyato, era ng'omukono gumu bw'olimala waggulu n'omulyango gweryato ogutekanga mu mbirizi zaalyo; okolanga eryato nga lirina ennyumba eya wansi, n'eyo kubiri, n'eyokusatu. <sup>17</sup> Nange, laba nze ndireeta amataba ag'amazzi ku nsi, okuzikiriza ekirina omubiri kyonna ekirmu omukka ogw'obulamu wansi w'eggulu; buli ekiri mu nsi kirifa.

<sup>18</sup> Naye ndiragaana endagaano yange naawe; oliyingira mu lyato ggwe n'abaana bo, ne mukazi wo, n'abakazi b'abaana bo wamu naawe. <sup>19</sup> Ne mu buli kiramumu mu birina omubiri byonna bibiri biri mu buli ngeri by'olireeta my lyato, biryoke bibeere ebiramu awamu naawe; biriba ekisajja n'ekikazi.

<sup>20</sup> Mu bibuuka mu ngeri yaabyo, mu nte mu ngeri yaazo, mu buli ekyewalula eky'omu nsi mu ngeri yaakyo mu buli ngeri bibiri birijja gy'oli bibe ebiramu. <sup>21</sup> Naawe weetwalire ku mmere yonna eribwa, ogyekunganyize, eriba mmere gy'oli ggwe nabyo. <sup>22</sup> Nuuwa n'akola bw'atyoo nga byonna Katonda bye yamulagira bwatyoo bwe yakola.

**Ekibuuzoo: Mulimu ki ogusinga Nuuwa gw'eyamaliriza? Bameka abagamba nti kwali kuzimba lyato?**

Okuzimba eryato gwali mulimu munene! Naye omulimu ogwasingira ddala okumutuusa ku buwanguzi kwali okubeera mu bulamu obwa muleetera okuganja mu maaso ga Katonda. Katwogere ku Nuuwa katono.

**Ekibuuzoo: Nuuwa yalina embala ya mirundi ena eyamusobozesa okufuna okuganja mu maaso ga Katonda. Okyazijjukira? Nuuwa yali musajja mutuukirivu, nga taliiko kya kunenyezebwa, natambula ne Katonda, era yali muwulize eri Katonda. Nuuwa yatambulira mu bulamu obw'okugondera Katonda ne mu makubo ge.**

Baibuli buli lwejuliza omutima gwaffe kiba kitegeeza ekyo ekibeera munda yaffe; awatuula endowooza, obuntu bwaffe, empulira yaffe. Erinnya eddala eritegeeza omutima gwaffe ye mmeme. Omutima gwaffe gwe tufuula ekyo kyetuli. Nuuwa yagoberera amakubo ga Katonda mu mutima gwe.

Nuuwa yali musajja mutuukirivu.

**Ekibuuzoo: Olowooza obutuukirivu kitegeeza ki? (Abantu bangi balowooza nti okubeera omutuukirivu kitegeeza "nze kusinga" naye nedda).**

Tewali muntu "asinga" mune butuukirivu Baibuli egamba nti ffenna twayonoona n'etuva ku Katonda. Nuuwa kino yakitegeera. Yakimanya nti tatuukiridde naye nasalawo okukyukira Katonda n'okutambulira mu makubo ge. Abakkiriza bakiteegera bulungi nti engeri yokka gyetusobola okutambulira mu kutya Katonda lwa kuba Yesu Kristo yatuwa amaanyi ago.

**Ekibuuzo: Kati olwo obutuukirivu kitegeeza ki?** Kwe kubeerawo ng'osinziira ku ekyo Katonda kyagamba nti kye kituufu.

Nuuwa y' agondera amateeka ga Katonda mu mutima gwe, mu birowoozo bye ne mu ndwooza ye. Ye teyabeera nga abalala abaali bamwetoolodde. Baibuli egamba nti kyatwalira Nuuwa emyaka kikumi okuzimba eryato era nkakasa nti kino kyamuleetera abantu omusekerera naabo abaali mikwano gye okumalira ddala gino emyaka ekikumi.

**Ekibuuzo: Olowooza Nuuwa yaloozaako ku kuwuliriza mikwano gye okutuuka n'okwerabira omulimu ogw'okuzimba eryato?** (Osanga)

**Ekibuuzo: Olowooza Nuuwa yali musanyufu okunywerera ku kugoberera amakubo ga Katonda?**  
(Yee....naddala ekiseera enkuba we yatandikira okutonnya)

**Ekibuuzo: Ngeri ki gy'oyinza okola mu obutuukirivu leero?** (Okuwa abalala ekitiibwa).

Nuuwa teyalina kya kunenyezebwa.  
Ekiddako Baibuli egamba nti Nuuwa teyalina kya kunenyezebwa.

**Ekibuuzo: Olowooza kitegeeza ki obutabaako kya kunenyezebwa?** (Nga tewali muntu akulabamu nsobi oba ekikyamu)

**Ekibuuzo: Ngeri ki omuntu gyayinza okubeeramu nga talina kya kunenyezebwa leero?** Okubeera ng'oli mwesigwa era ow'ekisa). Tekitegeeza butabaako kamogo konna,naye nga mu mutima gwo ogoberera ekyo kyennyini ekiri mu makubo ga Katonda.

Nuuwa y'atambula ne Katonda

**Ekibuuzo :Baibuli egamba nti Nuuwa y'atambula ne Katonda. Olowooza kino kitegeeza ki?** Bw'otambula n'omuntu omala naye ebiseera. Nuuwa yatwala ekiseera ng'abeera wamu ne Katonda. Yatwala obudde okuyiga n'okumanya omuntu asanyusa Katonda byalina okukola.

**Ekibuuzo: Oyinza otya okutambula ne Katonda?** (Ng'oyogeera naye ebikwata ku lunaku lwo (okusaba), Okusoma ekigamba era n'okusaba Katonda akuyambe osobole okuteegera amakulu g'ekigambo eri obulamu bwo.

Nuuwa yali muwulize eri Katonda

Ekibuuzo: obuwulize kitegeeza ki? Enyinyonyola y'ekitambo kya dictionary egamba nti kitegeeza "Okukola ekyo okutwala ky'agamba). Naye njagala owulireyo n'enyinyonyola endala ekwata ku kugonda.

Baibuli bweyogera ku buwulize oba okugonda, kitegeeza "okunoonya okumanya n'okufaanana Yesu". Kisukkawo ku kugoberera olufuulabe lw'amateeka, tokola kino nakiri tokikola. Lowoozaako bwewamala okuyiga okuvuga eggaali; byasooka nebikutawanyaamu katono. Ebisinga watwala obudde obyeyigirize wekka. Bweweyongeranga okuvuga n'okumanya kweyongerera. Waliwo enjogera egamba nti bw'oyiga engeri, tosobola kwerabira.

Mu ngeri y'emu mu kubeera omuwulize gyokoma okussa munkola ebyo byolina okugoberera, otandika okuba omulungi mu byo. Oyinza n'obigoberera nga tobirowoozezanako. Okugondera Katonda ku kukyusa okufuuka n'ofaananira ddala Yesu.

**Ekibuuzo:** Ngeri ki gy'oyinza okugonda leero?

Kkola ebintu nga Yesu bwe yandibikoze. Ekyo kitegeeza olina okumanya angeri Yesu gyeyandikozeemu ebintu. Kino kitegeeza nti olina okumumanya. Engeri esingira ddala: "Kwekutambula wamu naye"

Nuuwa yasalawo okutambulira mu bulamu obw'enjawulo okwawukana n'abantu abalala bonna abali mu nsi. Obulamu bwe bwakakasibwa Katonda.

**Ekibuuzo:** Ggwe ogoberera ndagiriro ki nga kampasi y'obulamu bwo?

### OMUSOMO # 3: IBULAYIMU (Ekitundu 1)

Okwejukanya:

Ebibuuzo n'enyiriri za wiiki eyaggwa

Ennyiriri lw'omusomo gwa leero.

**“Awo Mukama n’agamba Ibulaamu nti va mu nsi ya nnyo, era awali ekika kyo, n’ennyumba ya kitaawo, oyingire mu nsi gye ndikulaga; nange ndikufuula eggwanga eddene, era naakuwanga omukisa, era naakuzanga erinnya lyo, era beeranga mukisa ggwe” (Olubereberye 12:1-2).**

Ebisaanyizo:

Okukkiriza n’okugonda.

Ekibuuzo eky’okubaganyaako ebirowoozo.

Wali ovuddeko mu kibuga ekimu n’ogenda mu kirala? Wawulira otya ng’otambula?

Ennyanjula

Nga 28<sup>th</sup> Decembe 1994, okumalira ddala emyezi kkumi nga ndi mu lusiisira lwa Abagirimaani abanazzi, Corrie Ten Boom yateebwa.

Amaka ga Ten Boom, abakkiriza bonna bali bafunye ekifo ekyokwekamu Abayudaaya abaali bayiganyizibwa mu ssematalo ow’okubiri. Abantu b’omukyala oluvannyuma baalibwamu olukwe olwe kisa kyabwe ekingi, nga awezezza emyaka 59 n’abantu be, Corrie yatekebwa mu lusiisira. Taata we ne muganda we baali bafiridde mu nsiisira zino.

Corrie yakola obweyamo mu maaso ga Katonda nti singa amukuuma n’asigala nga mulamu, alibuulira abantu bangi ku kwagala n’okusonyiwa kwa Yesu nga bwaliba asobodde. Katonda naye yamusuubiza nti alituusa enjiri ku bantu bangi ddala okusinga nga bwalowooza. Emyaka essatu egyaddirira ng’amaze okuteebwa, yatambula mu nsi ezisoba mu nkaaga ng’abuulira abantu okwagala kwa Katonda n’obwesigwa bwe ng’ajuliza ebyo bye yayitamu ngali mu kkomera. Mu bitabo omwenda byeyawandiika; ekimu ekyasinga okwatikirira ; “The Hiding Place” (ekifo ekyokwekwekamu), ayogera ku ngeri gyeyakwatibwamu ne bbanga lye yamala mu kkomera.

Corrie agamba mu kitabo nti “Katonda alina nteekateeka so si bizibu eri obulamu bwaffe.” Emyaka nkumi na nkumi egiyise, mu nsi leero ezityibwa Iran ne Iraq, Katonda yalabikira Ibulaamu. Ibulaamu yali muzukulu wa Seemu; omu ku baana ba Nuuwa abasatu beyazaala. Mukyala wa Ibulaamu yali ayitibwa Saraayi baali tebalina baana. Ku lunaku olwo Katonda n’alabikira Ibulaamu namubuulira enteekateeka gyeyalina eri obulamu bwe.

Ibulayimu (EKitundu 1).  
(Olubereberye 12: 1-7)

“Awo Mukama n’agamba Ibulaamu nti va mu nsi ya nnyo, era awali ekika kyo, n’ennyumba ya kitaawo, oyingire mu nsi gye ndikulaga; nange ndikufuula eggwanga eddene, era naakuwanga omukisa, era naakuzanga erinnya lyo, era beeranga mukisa ggwe; nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa, n’oyo anaakolimiringa naamukolimiringa nze, ne mu gwe ebika byonna eby’omu nsi mwebiriweerwa omukisa. Bwatyo Ibulaamu n’agenda nga Mukama bwe yamugamba; ne Lutti n’agenda wamu naye; Ibulaamu yali yakamaze emyaka nsanvu mu etaano n’atwala Salaayi mukazi we, ne Lutti omwana wa muganda we, n’ebintu byabwe byonna bye baali bakunganyizza, n’abantu be baafunira mu Kalani; ne bavaayo okuyingira mu nsi ya Kanani. Ibulaamu n’ayita mu nsi natuuka mu kifo kya Sekemu, awali omuvule gwa mmoole. Era omukanaani yali mu nsi mu biro ebyo. Mukama nalabikira Ibulaamu n’ayogera nti ezzadde lyo ndiriwa ensi eno; n’azimbira eyo ekyoto eri Mukama eyamulabikira”

Ekibuuzo: Katonda bwe yalabikira Ibulaamu, bintu ki ebibiri bye yamusuubiza?

(1)Yamusuubiza ezadde eddene (2) Yamusuubiza ensi mwe bannatuulanga

**Ekibuuzo: Ki ekyali kyewuunyisa ku kisuubizo kya Katonda ekyezzadde eringi eri Ibulaamu?**

Mu kiseera Katonda walabikira Ibulaamu, Ibulaamu ne mukazi we baali bakaddiye; bayinza n’okuba baali basing ba jjajja bo; naye tebaalina baana.

**Ekibuuzo: Ibulaamu ye yasaba ekisuubizo kino Katonda okimuwa?** (Nedda, Katonda yakimuwa nga kirabo.

Tujja kwogera ku nsonga ezimu lwaki Katonda yasubiza Ibulaamu mu biseera bitono nnyo ebiddako. Naye nga tetunaba kwogera ku Ibulaamu, katwogere ku kisuubizo ekirala Katonda kye yakola.

**Ekibuuzo: Kisuubizo ki kyewuunyisa Katonda ky’akola eri nze naawe leero?**

[Ekiisubizo by’obulamu obutaggwawo okuyita mu kukkiriza omwana we Yesu Kristo].

**Ekibuuzo: Ki kyewuunyisa ku kisuubizo kya Katonda eky’obulamu obutaggwawo okuyita mu Yesu Kristo?** [Katonda akituwa nga kirabo singa tukisaba tukifuna]

**Ekibuuzo: Tugwanidde ekirabo kino okuva eri Katonda?**

[Nedda, tewali nakimu kye tuyinza kukola okukifuna. Katonda atuwa buwa ekirabo kino kubanga ayagala tube nakyoy].

Kaakano katugende mu maaso okwogera ku Ibulaamu.

**Ekibuuzo: Mbala ki ez’emirundi essatu Ibulaamu ze yalina ezitulaga lwaki Katonda yamulonda okusobola okufuna ekisuubizo kino?** (Ebisanyizo bya Ibulaamu: okukkiriza, obuwulize n’obutuukirivu).



### Okukkiriza n'okugonda

**Ekibuuzo:** Okukkiriza ky'eki? Baibuli egamba nti “okukkiriza kye kinywezza ebisuubirwa, kye kitegeerezza ddala ebigambo ebitalabika”. (Abebbulaniya 11:1).

**Ekibuuzo: Kya kulabirako ki ekirungi eky'okukkiriza?** [Ekyo'okulabirako ekirungi eky'okukkiriza;

Kaakano otudde mu kifo ekyo. Wagikebede entebe eyo okulaba nti esobola okukuwanirira oba watudde butuuzi? Olina okukkiriza nti Entebbe eyo ejja kukuwanirira. Wasuse ku kusuubira n'otuuka kukuba n'obukakafu. Okwo kwe kukkiriza].

Akabonero akasokera ddala akalaga okukkiriza kwa Ibulaamu ke kano: “**Bwatyo Ibulaamu n'agenda nga Mukama bwe yamugamba ...**” [Olubereberye 12:4] weteeke mu kifo kya Ibulaamu ofumintirize Katonda ng'akulabikira? Akugamba ggwe n'abantu bo nti mukunganye ebintu byammwe musimbule mugende mu kifo we mutatuukangako]. Temumanyi wa gye munaakoma!

**Ekibuuzo: Olina okukkiriza okumala okuleka amaka go, balirwana bo, mikwano gyo, ab'oluganda bo nga tomanyi na wa gyogenda?**

**Ekibuuzo: Lwaki olwooza nti Ibulaamu yalina okukkiriza okumutuusa okuleka amaka ge, mikwano gye, n'ensi ye?** Wuliriza ekyawandiikibwa bwe kigamba ku Ibulaamu; (erinnya lye oluvannyuma likyuka nayitibwa Ibulayimu), “**Olw'okukkiriza Ibulayimu bwe yayitibwa, n'awulira n'okugenda nagenda mu kifo kye yali agenda okuweebwa okuba obusika; n'avaayo nga tamanyi gy'agenda**” (Baebulaniya 11:8). Newankubadde Ibulayimu yali tamanyi dde ddala ekyo kyennyini Katonda kyamutegekedde, yalina obukakafu nti Katonda yali wa kugabirira mu byonna bye yali yetaaga n'abantu be okusobola okutuukiriza ekyo kye yali ayagala akole. Ibulayimu yategeera era yasaamu ekitiibwa obuyinza bwa Katonda bwalina ku bulamu bwe era yakkiriza. Olw'okuba Ibulayimu y'akkiriza obuyinza bwa Katonda ku bulamu bwe, yasobola okugondera n'akola ekyo Katonda kye yayagala akole. Okukkiriza kwa Ibulayimu kwamuleetera okugondera Katonda.

**Ekibuuzo: Bintu ki ebimu Katonda by'ayagala omukkirize okubikola?** [Ebyetaago by'amaka, okuyamba okukola okusalawo okulungi].

**Ekibuuzo: Ngeri ki endala Katonda gyayagala okugonda kwo?** (Okubeera nga ekigambo kye bwekiri, okugondera abazadde bo). Bwoba ojjujira okuyiga kwaffe ekwemabega [Omusomo gwa Nuuwa ] okugonda kusukawo kw'ekyo ekikugambiddwa okola; era kitegeeza okumanya n'okubeera nga Yesu.

### Obutukkirivu

**Ekibuuzo: Ojjukira bulungi obutuukirivu kye butegeeza ?** [Obutuukirivu kitegeeza okola ekyo ekituufu mu maaso ga Katonda].

Baibuli egamba , “**Kubanga kyennava mmumanya, alyoke abalagire abaana be n'ennyumba ye eriddawo, okukwatanga ekkubo lya Mukama, okukolanga**

**eby'obutuukirivu n'eby'ensonga; Mukama alyoke aleete ku Ibulaayimu bye yamwogerako". (Olubereberye 18:19).**

Eggwanga eriggya lyali linaatera okutandika. Katonda yali yetaaga omusajja eyali asobola okukola ekyo ekituufu n'okuyigiriza abaana okola nga ye. Ebisanyizo bya Ibulayimu ebyo eby'okukkiriza, n'okugonda mu Katonda bya muleetera okukola ekyo ekituufu mu maaso ga Katonda. Ku lwekyo, Katonda yamulonda okufuuka jjajja w'eggwanga Iya Israeri.

**Ekibuuzo: Katonda yandisobodde okufuula jjajja w'amawanga leero?**

**Ekibuuzo: Osobola otya okuyiga okola ekyo ekituufu mu maaso ga Katonda?** [Yiga ate okole ekigambo kya Katonda ekiramu, Saba Katonda okuyigirize ekyo ekituufu, yigira ku bazzadde bo, abasumba , abatendesesi bo, abasomesa bo, abasomesa ekigambo kya Katonda].

## OMUSOMO # 4 : IBULAYIMU (Ekitundu eky'okubiri).

### Okwejukanya:

Ebibuuzo n'olunyiriri bya wiiki ewedde.

### Olunyiriri lwe'omusomo lya leero.

"Naye mu kusuubiza kwa Katonda teyabuusabuusa mu butakkiriza, naye n'afuna amaanyi olw'okukkiriza, ng'agulumiza Katonda, era ng'ategeerera ddala nga bye yasubiza era ayinza n'obikola" (Abaruumi 4:20-21).

### Ebisaanyiizo:

Obuvumu

### Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebiriwooze.

Singa ennyumba yo ekwata omuliro (naye nga abantu bo bonna nga tebalimu era bali bulungi) nga ekiseera kyolina kya kukwakulayo ekimu ku bintu byo, ku byonna ki kye wandifubye okuggyayo?

### Okwejukanya

**Ebibuuzo: Ojjukira amakulu g'ekigambo omuzira yaani?** Omuzira ye muntu eyegombebwa olw'obuwanguzi oba obuvumu bw'alina.

Mu kuyiga wiiki ewedde (Ibulayimu ekitundu ekisooka), twayogera ku bisanyiizo Ibulayimu bye yalina; okukkiriza n'okugonda ebya musobozesa okukola ekyo ekyali ekituufu mu maaso ga Katonda.

Olw'okuba nti Katonda yali akimanyi nti Ibulayimu alikola era aliyigiriza abaana okola ekyo, Katonda yamulonda okufuuka jjajja w'eggwanga lya Israeyiri.

### Ibulayimu (Ekitundu 2)

(Olubereberye 21:1-5, Olubereberye 22:1-18)

**"Mukama n'ajjira Saala nga bwe yayogera, era Mukama n'akola Saala nga bweyagamba. <sup>2</sup> Saala n'aba olubuto nazaalira Ibulayimu omwana ow'obulenzi ng'akaddiye, mu biro ebyo ebyateegekebawo Katonda bye yamugambako. <sup>3</sup> Ibulayimu n'atuuma omwana we eyamuzaalirwa, Saala gwe yamuzaalira erinnya lye Isaaka. <sup>4</sup> Ibulayimu n'akomola omwana we Isaaka nga yakamaze ennaku munaana, nga Katonda bwe yamulagira. <sup>5</sup> Era Ibulayimu yali yaakaze emyaka kikumi omwana we Isaaka bwe yamuzaalirwa."**

**22:1 "Awo oluvannyuma lw'ebyo, Katonda n'akema Ibulayimu n'amugamba nti Ibulayimu; n'ayogera nti nze nzuuno, <sup>2</sup> N'ayogera nti twala kaakano omwana wo, omwana wo omu, gwoyagala ye Isaaka, ogende mu nsi Moliya, omuweere eyo okuba ekiweebwayo ekyokebwa ku lumu ku lusozi bwe ndikugambako.**

**Ekibuuzo : Lwaki Katonda yasaba Ibulayimu okuwaayo omwana we Isaaka nga ssaddaaka?**

[ Okumukema]

**Ekibuuzo: Lwaki olowooza nti Katonda yasalawo okukema Ibulayimu mu ngeri eno?**

[Okulaba engeri Ibulayimu gye yali omwagalamu. Katonda yali yetaaga omuntu anaamugondera obuterekaamu].

<sup>3</sup> Ibulayimu nagolokoka enkya mu makya, n'assa amatandiiko ku ndogoyi ye. N'atwala babiri ku bavubuka be, ne Isaaka omwana we, n'ayasa enku ez'ekiweebwayo ekyokebwa, n'agolokoka n'agenda mu kifo Katonda kye yamugambako. <sup>4</sup> Ku lunaku olw'okusatu Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge n'alengera ekifo. <sup>5</sup> Ibulayimu n'agamba abavubuka be nti mubeere wano mmwe n'endogoyi, nange n'omulenzi tunaagenda wali, ne tusinza, ne tudda gye muli.

<sup>6</sup> Ibulayimu n'atwala enku ezekiweebwayo ekyokebwa nazitikka Isaaka omwana we; n'atwala omuliro n'akambe mu ngalo ze, ne bagenda bombi wamu. <sup>7</sup> Isaaka nagamba Ibulayimu kitaawe nti kitange, n'ayogera nti nze nzuuno mwana wange. N'ayogera nti laba omuliro n'enku (bibiino) naye guluwa omwana gw'endiga ogwekiweebwayo ekyokebwa?

<sup>8</sup> Ibulayimu n'ayogera nti Katonda aneefunira omwana gw'endiga ogwekiweebwayo ekyokwebwa mwana wange, kale ne bagenda bombi.

<sup>9</sup> Ne batuuka mu kifo Katonda we yamugamba, Ibulayimu n'azimbira eyo ekyoto, n'atindikira enku, n'asiba Isaaka omwana we, n'amugalamiza ku Kyoto ku nku. <sup>10</sup> Ibulayimu n'agolola omukono gwe, n'addirira akambe okutta omwana we.

<sup>11</sup> Ne malayika wa Mukama n'amukowoola ng'ayima mu ggulu n'ayogera nti Ibulayimu, n'ayogera nti nze nzuuno.

<sup>12</sup> Nayogera nti tossa mukono gwo ku mulenzi, so tomukolako kabi; kubanga kaakano ntegedde ng'otya Katonda, kubanga tonyimye mwana wo, omwano wo omu.

<sup>13</sup> Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge, n'atunula era laba ennyuma we endiga ensajja, ng'ekwatiddwa mu kisaka n'amayembe gaayo; Ibulayimu nagenda n'atwala endiga n'agiwaayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa mu kifo ky'omwana we. <sup>14</sup> Ibulayimu n'atuuma ekifo kiri erinnya lyako Yakuwayire; nga bwe kyogerwea leero nti ku lusozi lwa Mukama kirirabwa.

<sup>15</sup> Ne malayika wa Mukama n'ayita Ibulayimu omulundi ogw'okubiri ng'ayima mu ggulu,

<sup>16</sup> n'ayogera nti nneyarayiridde nzekka bw'ayogera Mukama kubanga okoze bw'otyo n'otonnyima mwana wo, omwana wo omu; <sup>17</sup> okukuwa omukisa naakuwanga omukisa n'okwongerera naakwongerangako ezzadde lyo ng'emmunyeenye ez'omuggulu,

ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanya, era ezadde lyo balirya omulyango ogw'abalabe baabwe; <sup>18</sup> era mu zzadde lyo amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweebwa omukisa; kubanga owulidde eddoozi lyange” .

**Ekibuuzo: Ddala ddala Katonda yali ayagala lbulayimu okusaddaaka omwanawe Isaaka?** [Nedda].

**Ekibuuzo:Katonda yali ayagala ki okuva eri lbulayimu?** [Katonda yayagala bugonvu okuva mu lbulayimu]

**Ekibuuzo:Katonda ayagala ki okuva mu ggwe?** [Katonda ayagala buwulize bwo gyali. Katonda ayagala ggwe ogambe nti “nze nzuuno Mukama, ki kyoyagala nkukolere].

**Ekibuuzo:Kyakulabirako ki ekiraga obuvumu mu mbozi eno?** [Okugondera Katonda awazibu ennyo, okumwesiga wadde nga totegeera nteekateeka ze. Kitwala buvumu okukola ekyo Katonda kyayagala okole. Kiyinza n'okutegeeza okusigala wekka nga teri mulala asobola kuyimirira naawe. Naye kireetera Katonda ekitiibwa okukola ekyo ekituufu n'okugondera ekigambo kye].

**Ekibuuzo: Kitegeeza ki okuleetera Katonda ekitiibwa?** [Okuleetera Katonda ekitiibwa, kitegeeza nti ebirowoozo by'abantu obiwangula obiza eri Katonda. lbulayimu yaleetera Katonda ekitiibwa ng'akola ekyo ekituufu].

**Ekibuuzo : Osobola otya okuba omuvumu okuleetera Katonda ekitiibwa?** [Yambala tisaati eya Kristo, saba nga oli ku mmeeza y'ekyemisana, salawo okugonda ne bwekiba nga kyokola sikyabulijjo, yaniriza mukwano gwo okujja mu kkanisa].

**Ekibuuzo: Kubanga lbulayimu yalina obuvumu okukkiriza ebisuubizo bya Katonda, amawanga gonna muni gaaweebwa omukisa. Ggwe nange tuweereddwa tutya omukisa ku lw'obuvumu bwa lbulayimu?** [lbulayimu yazaala Isaaka, Isaaka n'azaala Yakobo, (erinnya lye oluvannyuma eryakyuka nayitibwa Israerayiri) era omu ku batabani ba Israerayiri yali ayitibwa Yuda. Era okuva mu lunyiriri lwa Yuda musibuka kabaka Dawudi, era okuva mu lunyiriri lwa Dawudi mwe mwava Yusufu bba wa Maliyaamu omwana we eyatumibwa Yesu].

**Ekibuuzo : Mukisa ki gwe twafuna?** [Empeera ey'obulamu obutaggwaawo okuyita mu kukkiriza n'okwesiga Yesu Kristo omwana wa Katonda omu yekka].

## OMUSOMO # 5 Yisufu

### Okwejukanya

Ebibuuzo n'olunyiriri ebya wiki ewedde.

### Olunyiriri lw'omusomo gwa leero

**“Nammwe, mwali mwagala okundeetako ebibi, naye Katonda yali ayagala okundeetako ebirungi, nga era bwe kibadde okuwonya abantu abangi baleme okufa”. (OLubereberye 50:20).**

### Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebirowoozo.

**Ddi lwe wakola ekintu kyewalooz okuba ekibi mu kiseera ekyo, naye ate oluvannyuma ne kifuuka ekirungi?**

### Ennyanjula:

William Booth yali muweereza mu kkanisa y'Abasodookisi eyatwala ekiragiro kya Yesu, “Muliise endiga zange” nga bwe kiri n'amakulu ag'okungulu. Endowooza ye yali nti okubuulira 'enjiri' abantu nga bayala kulina amakulu matono nnyo. Awo endowooza ya 'suupu n'obulokozi' n'ekwatayo. Mu mwezi ogw'omusanvu 1865, Booth yatandika okubuulira mu nguudo mu bifo ebya kanyigo mu London.

Ababbi, abenzi, abatamiivu baalokoka. Ekigendererwa kye kyali okuleeta abantu eri Yesu, bamale bagende mu makkanisa bayambibwe okukula mu mwoyo.

Wadde abagoberezi ba Booth baalokoka, amakkanisa tegabakkiriza olw'ekyo kye baali nga tebannakkiriza. Naye Booth yatandika okulunganya abantu bano mu mwoyo ne mu bulamu obwa bulijjo. Yabayamba okukola okusobola okuyamba abalala abaali bali mu bulamu nga bbo bwe baalimu nga tebannakkiriza. Batandiika okubuulira mu nguudo nga bo bujulizi obulamu eri amaanyi ga Katonda.

Mu 1867, Booth yalina abaweereza ng'abakolera wansi w'erinnya “Christian Mission”. 1874 we gwatuukira omuwendo gwali gulinye okutuuka ku lukumi (1000) nga bakola bwannakyewa n'ababuulizi ana mu babiri (42), abaweereza n'ebafuna erinnya eddala eriyitibwa: “Salvation Army”. Ekkanisa yasaasanira ebuva njuba bwa London, ebitundu n'ebibuga eby'etloodde. Booth yasimba omusingi omugumu ogw'obuweereza buno n'okutuusa leero. Obuweereza bwa Salvation Army busimbye amakanda mu nsi 103 mu nsi yonna.

Nga tannawummula, Booth yayogera ne bammemba omulundi ogusembayo.

Ebigambo bye by'etoololera ku kigambo kimu “abalala”. Okuyiga kwa leero kwetoolera ku musajja ajukirwa obulungi olw'okubeera omuweereza.

### Ebyafaayo bye:

Yisufu yali mutabani wa Yakobo eyakula wamu ne baganda be kkumi n'omu, (ne mwannyina omu; Dina). Jjajja we ye yali Isaaka ne Ibulayimu. Yakobo yayagala nnyo Yisufu okusinga batabani be abalala bonna, era baganda be bonna bamukyawa nnyo ne batayogera naye kigambo na kimu.

Tekirina we kyayambira Yisuufu okugamba baganda be, taata we ne maama we nti yafuna ekirooto mwe yalabira nga bonna bamuvunnamira. Baganda be beyongera kumukyawa. Olunaku lumu baluka olukwe olw’okumutta, bamukwata ne bamutunda eri Abalsmaeri abaali bagenda mu Misiri. Yisuufu nga atuuse mu Misiri ng’omuddu, Potifaali yamugula. Potifaali eyali mukulu wa poliisi ye Misiri yamutwala mu nnyumba ye.

Yisuufu kyatasobola kuzuula mu kiseera ekyo nti Katonda yali amutute okukola omulimu omunene mu Misiri. Katonda yamutandisizaawo okukola olwamala okutuuka.

### Yisufu

(Olubereberye 37-50)

**“<sup>2</sup> Mukama n’aba wamu ne Yisufu n’aba n’omukisa; n’abeera mu nnyumba ya Mukama we Omumisiri. <sup>3</sup> Mukama we n’alaba nga Mukama ali naye, era nga Mukama amuwa buli kye yakola okuba n’omukisa mu mukono gwe. <sup>4</sup> Yisufu n’alaba ekisa mu maaso ge, n’amuweereza n’amufuula omulabrizi w’ennyumba ye, ne bye yali nabyo byonna n’abiteeka mu mukono gwe”.**

(Olubereberye 39:2-4)

**Ekibuuzo: Okuzibwa kwa Yisufu okwasooka kwali ki?** [Kwali kukulira nnyumba ya Potifaali].

**Ekibuuzo: Lwaki Yisufu yakuzibwa?** (Yisufu yali musajja wa buvunannyizibwa nnyo mu buli kyonna kye yaweebwa okukola mu nnyumba ya Potifaali; Potifaali n’atuuka n’omukwasa ebintu bye byonna bye yalina].

Nga wayiseewo ekiseera kitono ddala, mukyala Potifaali n’atandika okugezeeko okuyingiza Yisuufu mu bintu ebitaali bituufu emirundi egiwerako naye ng’omuvubuka nga agaana ng’amuddamu nti **‘Nyinza ntya okukola ekintu ekibi ekyankanidde awo okwonoona mu maaso ga Katonda?’ (Olubereberye 39:9).** Mukyala Potifaali n’asunguwalira Yisuufu olwogaana era nayogera eby’obulimba eri omwami we. Potifaali bwe yawulira nti Yisufu yali akwata mukazi we namutwala n’amusiba mu kkomera.

**Ekibuuzo: Lwaki Yisuufu yagaana mukyala Potifaali n’okutuusa okusibibwa mu kkomera?**

[Yisuufu yamanya nti okwenyigira mu mpisa ezitali nnungi n’omukyala ono kyali tekijja kusanyusa Katonda, era kyali kibi mu maaso ge. Wadde yaggwa mu mitawaana, Yisuufu yayagala agondere Katonda waggulu w’ebintu byonna].

**“.....Naye Yisufu ngaali mukkomera, <sup>21</sup> Mukama n’aba wamu ne Yisuufu, n’amulaga ebirungi, n’amuwa ekisa mu maaso g’omukuumi w’ekkomera. <sup>22</sup> Omukuumi w’ekkomera n’ateresa Yisuufu mu mukono gwe abasibe bonna abaali mu kkomera ne byonna bye baakola eyo, era oyo ye yabikola. (Olubereberye 39:20-22).**

**Ekibuuzo: Okuzibwa kwa Yisuufu omulundi ogw’okubiri kwali ki?** (Yaweebwa okulira abasibe bonna ne bye bakolanga)

**Ekibuuzo: Yisuufu yafuula atya ekintu ekyali ekibi okuba ekirungi?**

[Nate, ng'olese embeera emwetoolode, buli kyonna Yisuufu kyeyaweebwa okolanga yalaga nga obuvunanyizibwa].

Omulumu gwa Yisuufu ogwali guddako gwaali munene ddala. Falaawo omufuzi wa Misiri agamba Yisufu:

“<sup>39</sup>.....kubanga Katonda akulaze ebyo byonna, tewali mukabakaba era ow'amagezi nga ggwe; <sup>40</sup> gw'olifuga ennyumba yange, era ng'ekigambo kyo bwe kiri abantu bange bonna banaafugibwanga' naye kyokka mu ntebe yange nze naakusinganga ggwe obukulu. <sup>41</sup> Falaawo n'agamba Yisufu nti laba nkuwandde okufuba ensi yonna eye Misiri” (Olubereberye 41:39-41).

**Ebibuuzo: Yisufu omulundi ogw'okusatu yakuzibwa mu ki?** [Yaafuulibwa addirira Kabaka na kwata ekifo eky'okubiri mu bukulu mu ggwanga lyonna!]

**Ekibuuzo: Lwaki Yisufu yakuzibwa okufuuka omukulu n'addirira Kabaka mu Misiri yonna?** [Yalina amagezi n'okumanya].

Ekibuuzo: Eyali omuddu, Yisufu yakolerera okiyimuka okutuusa nga afuuse omukulu adda ku kabaka mu Misiri yonna. Yisuufu yalina ebisanyiizo ebirungi bya mirundi ena ebyamusobozesa okukola n'atuuka ku buwanguzi. Okusinziira kw'ebyo byetwogeddeko osobola okubituwa? [Obwesigwa, obuwombeefu, okubeera omuwanika omulungi, n'amagezi].

Obwesigwa:

Yisufu yali mwesigwa eri Katonda mu byonna by'eyakola (ne byatakola)! Yakola okusalawo okusaamu Katonda ekitiibwa mu n'eyisa ye n'asimbira ekkuuli obubi.

**Ekibuuzo: Oyinza kusalawo otya okuyimirira ku lwa Katonda leero?** [Weewale ekibi kyonna okole ekirungi kyonna].

Obuwombeefu.

“<sup>15</sup> Falaawo n'agamba Yisufu nti Naloota ekirooto, so siwali ayinza okuntegeeza amakulu gaakyo; era mpulidde nga boogera ku ggwe ng'oyinza okuntegeeza amakulu g'ekirooto bw'okuwulira”.

<sup>16</sup> Yisufu n'addamu Falaawo, ng'ayogera nti si mu nze; Katonda y'anaawa Falaawo okudamu okw'emirembe” (Oubereberye 41:15-16).

Yisufu yeetoowaza era nga ekitiibwa akiddiza Katonda mu byonna kubanga yakimanya nti yali Katonda yekka ayamuwa amagezi n'okutegeera.

**Ekibuuzo: Ki ky'oyinza okuweera Katonda ekitiibwa leero?** [Obulamu, obusobozi okulowooza, n'obugabirizi mu by'etaago].

Obuvunanyizibwa



<sup>5</sup> Awo olwatuuka bwe yamala okumufuula amulabirizi w'ennyumba ye, era owa byonna bye yalina, Mukama n'alyoka agiwa ennyumba ey'omumisiri omukisa ku bwa Yisufu: Omukisa gwa Mukama ne guba ku kyonna bye yalina, eby'omu nnyumba n'eby'omunnimiro. <sup>6</sup> N'aleka byonna bye yalina mu mukono gwa Yisufu; n'atamanya kintu ekyali naye wabula emmere gye yalyanga....”

Era Yisufu yali wabuvunannyizibwa mu buli kyonna kye yaweebwa okukola.

**Ekibuuzo: Ki ky'oyinza okulagiramu obuvunanyizibwa leero?** (Emmirimu gy'awaka, ebibuuzo ebikuwereddwa ku ssomero okubikolera awaka, n'okukolera buli kintu mu kiseera kyaakyo.

**Ekibuuzo: Lwaki kikulu nnyo okukola omulimu omulungi newandkubadde obuvunanyizibwa bwo si bw'amaanyi?** (okuteekateeka olw'obuvunanyizibwa obusingako, okuwangula obwesigwa bw'abazadde, abasomesa, emikwano, abatendes, ababa babukwadde.)

Amagezi:

“<sup>33</sup> Kale nno kaakano Falaawo anoonye omusajja omukabakaba, ow'amagezi amuwe okufuga ensi ye Misiri. <sup>34</sup> Falaawo akole bw'atyo era assewo abalabirizi mu nsi, atereke ekitundu eky'ekkumi eky'ensi eye Misiri mu myaka omusanvu egy'ekyengera. <sup>35</sup> Era bakunganya emmere yonna ey'emyaka gino emirungi egijja, baterekere engaano mu bibuga mu mukono gwa Falaawo, bagikuume.

<sup>36</sup> N'emmere eyo eriba eggwanika ery'ensi olw'emyaka omusanvu egy'enjala, egiribaawo mu nsi eye Misiri ensi ereme okufa enjala. <sup>37</sup> n'ekigambo ekyo kyali kirungi mu maaso ga Falaawo, ne mu maaso g'abaddu be bonna. <sup>38</sup> Falaawo n'agamba abaddu be nti tuliinza okulaba omusajja afaanana ng'oyo, omusajja omuli omwoyo gwa Katonda? <sup>39</sup> Falaawo n'agamba Yisufu nti kubanga Katonda akulaze ebyo byonna, tewali mukabakaba era ow'amagezi nga ggwe; <sup>40</sup> gw'olifuga ennyumba yange, era g'ekigambo kyo bwe kiri abantu bange bonna banaafugibwanga; naye kyokka mu ntebe yange nze naakusingaanga ggwe obukulu”. (Olubereberye 41:33-40).

Okuyita mu magezi Yisufu yalokola eggwanga lyonna okuva mu kufa enjala ey'amaanyi n'ataasa obulamu bw'abangi.

**Ekibuuzo:Ojukira amagezi kye ki?** (Amagezi kwe kumanya ekituufu okusinziira ku Katonda, n'okozesa okumanya okwo mu butuufu bwaakwo).

**Ekibuuzo:Amagezi gava wa?** (Baibuli egamba nti kubanga **“Mukama awa amagezi mu kamwa ke mwe mifuluma okumanya n'okutegeera”**(Engero 2:6)

**Ekibuuzo:Yisufu yayiga ki okuva mu kuweereza Katonda?** (Yisufu yakitegeera nti yali aweereza Katonda mu buli kyonna kyeyakolanga; oba waka, mu nnimiro, oba kuba muddu, oba kuba mukulu ow'okubiri mu bwakabaka bwa Misiri.

**Ekibuuzo: Yisufu yaafuuka atya ow'amaanyi?** Yisufu teyamala kulinda abantu abalala bajje bamuweereze n'ebirubirirwa bye, yafuuka ow'amaanyi kubanga yali muweereza ate nnakola ekyo Katonda kye yali ayagala akole.

Wuliriza Yesu bwagamba; <sup>26</sup> **Tekiibanga bwe kityo mu mmwe; naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe;** <sup>27</sup> **nabuli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wammwe;** <sup>28</sup> **ng' omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza n'okuwaayo obulamu bwe ekinunulo eky'abangi" (Mattayo 20:26-28).**

Ekibuuzo: **Oyinza otya okufuuka ow'amaanyi?** (Ng'oweereza abalala)

**Ekibuuzo: Oyinza otya okubeera omuweereza leero?**

- Awaka
- Ku ssomero
- Mu bikolebwa
- Mu kkanisa

## OMUSOMO # 6: AMATEEKA EKKUMI

Okwejukanya

**Ebibuuzo n’olunyiriri lwa wiiki ewedde.**

Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

“<sup>4</sup> Wulira gwe Israeri: Mukama Katonda waffe ye Mukama omu: <sup>5</sup> era onooyagalanga Mukama Katonda wo n’omutima gwo gwonna, n’emmeeme yo yonna, n’amaanyi go gonna. <sup>6</sup> era ebigambo bino bye nkulagira leero binaabanga ku mutima gwo” (Ekyamateeka 6:5-6).

Ebisaanyizo:

**Amaanyi mu kwogera n’ebikolwa.**

Ekibuuzo eky’okubaganyaako ebirowoozo.

**Singa osabiddwa okuleeta etteeka limu abantu okulitambulirako, wandiwadde tteeka ki?**

Ennyanjula:

Dwight Moody yali omu ku baweereza ba Katonda abamaanyi mu byafaayo. Yatambula obuwanvu obusukka mu mayiro akakadde akkalamba, yayogera n’abantu abasukka mu bukadde ekikumi, yaleeta obukadde n’obukadde bw’abantu eri Yesu Kristo. Ku lunaku olumu ng’ali mu Chicago abantu abasukka mu mutwalo ggumu mu enkumi ssatu bajja mu lukungaana lwe. Era amanyiddwa nnyo leero olw’okutandika attendekero lya Baibuli mu Chicago eriyitibwa: Moody Bible Institute.”

Ng’alina emyaka abiri mu essatu, Moody yalungamizibwa okuweereza abantu abaavu abayingiranga mu kibuga kya Chicago. Yayogerenga n’abantu mu bibiina ebisomerwamu n’ebisenge bya sineema. Yasobola okutuuka ku bantu abatajjanga mu kkanisa. Yali musajja wa ttutumu nnyo ate naalaba obuwanguzi mu kuweereza. Waliwo ensonga endala ey’amuleetera obuwanguzi. Bulijjo yagendanga mu maaso n’okusaba Katonda omujuzenga omwoyo we. Olunaku lumu Moody Katonda yamweraga mu ngeri gyeyawalirizibwa okusaba Katonda “aleke omukono gwe gusigalewo”.

Oluvannyuma lwekyo Moody yagamba nti: Nagenda nate okubuulira obubaka bwe bumu. Tewaali kipya mu bubaka; nabuulira amazima geegamu ; era ebikumi n’ebikumi by’abantu n’ebadda eri Yesu.

Mu kiseera ekyo nga tokyasobola kunzizaayo mu kifo mwe nnali ng’olunaku olwo olw’omukisa nga terunnabaawo ne bwoba ompa ensi yonna.

Nga Katonda bwe yafuula Moody omwogezi ow’amaanyi, era Katonda yafuula Musa omwogezi era omukulembeze ow’omaanyi.

Ebyafaayo bye:

Emyezi essatu oluvannyuma olw’okuva mu Misiri, Musa n’Abayisraeri baava mu ddungu okwolekera olusozi Sinaayi eyo gye basimba ensiisira. Katonda yayita Musa okusenziira ku

lusozi namugamba nti “njagala okkuwa ebimu ku biragiro by’onotwala eri abantu” Katonda nawa Musa amateeka ekkumi.

Musa Katonda namutuma okuba omununuzi wa Israeri, era Musa nakulemba abantu ba Israeri okuva mu Misiri mu bubonero obw’ewuunyisa n’ebyamagero mu Misiri ne ku Nnyanja emyufu. Abantu baali bawerera ddala ng’obukadde bubiri mu kuva (ekitegeeza “okufuluma” oba “okusenguka”) era Musa n’abakulemba mu lugendo okuyita mu ddungu.

Olunaku olw’okusatu nga bamazze okusiisira ku lusozi Sinaayi, Musa nateekateeka okusiisinkana Katonda ku lusozi mu maaso g’abantu bonna.

Musa n’amateeka ekkumi.  
(Okuva 19, Okuva 20:1-17)

**“<sup>9</sup> Mukama n’agamba Musa nti laba njija gyoli mu kire ekizimbye, abantu bawulire bwe njogera naawe, era bakukkirize ennaku zonna”. Musa n’abuulira Mukama ebigambo eby’abantu..... <sup>16</sup> awo olunaku olw’okusatu, bwe bwakya enkya, ne waba okubwatuka n’okumyansa n’ekire ekizimbye ku lusozi, n’eddoboozi ery’engombe eddene ennyo; awo abantu bonna abaali mu lusiisira ne bakankana. <sup>17</sup> Musa n’aleeta abantu okuva mu lusiisira basisinkane Katonda; ne bayimirira wansi w’olusozi.**

**<sup>18</sup> olusozi Sinaayi lwonna ne lunyooka omukka kubanga Mukama yalukkirako mu muliro; omukka gwalwo ne gunyooka ng’omukka gw’ekikoomi, olusozi lwonna ne lukankana nnyo. <sup>19</sup> eddoboozi ly’engombe bwe lyavuga ne lyeyongerera nnyo, Musa n’ayogera, Katonda n’amuddamu n’eddoboozi...” (Okuva 19:16-19).**

**“Ku makya olunaku olw’okusatu waaliwo okubwatuuka n’okumyansa, n’ekire ekikutte ku lusozi eddoboozi ly’engombe bwe lyavuga ne lyeyongerera nnyo. Buli omu mu lusiisira nakankana. Awo Musa nakulemba abantu okuva mu lusiisira okusisinkana Katonda, ne bayimirira wansi w’olusozi. Olusozi Sinaayi ne lujjula omukka kubanga Mukama yalukkirako mu muliro. Omukka ne gutumbiira waggulu nga ekikoomi ky’omuliro, olusozi lwonna ne lukankana, era eddoboozi ery’engombe n’eryeyongerera ddala. Musa nayogera eddoboozi lya Mukama ne limuddamu....era Katonda nayogera ebigambo ebyo....”**

**Wano: Leka ekibiina kisome amateeka limu ku limu, era nga bamaze okugasoma , babuuzze ki kye gategeeza. (Amateeka ekkumi gasangibwa mu kuva 20:3-17).**

- 1. Tobanga na bakatonda balala we ndi.** Okusinza Katonda yekka. Katonda ayagala okubeera nnamba emu mu bulamu bwo.
- 2. Teweekoleranga ekifaananyi ekyole, newankubadde ekifaananyi eky’ekintu kyonna kyonna, ekiri waggulu mu ggulu, newankubadde ekiri wansi ku ttaka, newankubadde ekiri mu mazzi agali wansi w’ettaka; tobivuunamiranga ebyo, so tobiweerezanga.** Okusinza Katonda mu ngeri zokka zatulagidde.
- 3. Tolayiriranga bwerere erinnya lya Mukama Katonda wo;** saamu erinnya lya Katonda ekitiibwa mu kwogera n’ebyokola.

4. **Jjukira olunaku olwa ssabiiti, okulutukuzanga. Ennaku omukaaga okolanga emirimu gyo gyonna, naye olunaku olw’omusanvu ye ssabiiti eri Mukama Katonda wo; olunaku olwo tolukolerangamu mirmu gyonna gyonna, mu nnaku mukaaga Mukama mwe yakolera eggulu n’ensi ennyanja n’ebintu byonna ebirimu, nawummulira mu lunaku olw’omusanvu. Ffunayo olunaku olw’okuwummula ng’ekirabo okuva eri Katonda era lukozese okuwa Katonda ekitiibwa.**
5. **Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa enaku zo zibe nnyingi ku nsi gy’akuwadde Mukama Katonda wo.** Tuwenga era tussengamu ekitiibwa bazadde baffe.
6. **Tottanga:** ssangamu ekitiibwa obulamu bw’abalala.
7. **Toyendanga:** Tuwenga ekitiibwa Katonda n’emibiri gyaffe; twekuumenga ebirowoozo byaffe, ebigambo n’ebikolwa byaffe nga birongoofu.
8. **Tobbanga;** ssaamu ekitiibwa ebintu by’abantu abalala.
9. **Towaayirizanga muntu munno;** Katonda ayagala oyagale amazima era otambulire mu mazima
10. **Teweegombanga ennyumba ya muntu munno, n’ebyonna ebitali bibyo;** Beera mumativu n’ebyo by’olina.

**Ebibuuzo: Lwaki Katonda awa Israyiri amateeka ekkumi?** (Okubayigiriza engeri y’okwagalamu Katonda n’abantu bannaabwe).

**Ebibuuzo: Lwaki Katonda yalonda Musa okulembera aba Israyiri n’okubawa amateeka ekkumi?** (Musa yalina ebisanyiizo bisatu; amagezi, obukulembeze n’okussaamu Katonda ekitiibwa okwe buziba).

#### Amagezi

**“Musa n’ayigirizibwa mu magezi gonna ag’emisiri, nabeera wa maanyi mu bigambo bye ne mu bikolwa bye”** (Ebikolwa 7:22).Musa alabikanga ye yali asinga obuyigirize mu Israeri yonna era yali mukulembeze w’amaanyi.

**Ekibuuzo: Lwaki Musa yali yetaaga amagezi?** (Musa yigirizanga abantu ba Isiraeri amateeka ga Katonda n’ebiragiro bye. Musa era yali mulamuzi mu ggwanga lya Isiraeri (Okuva 18:20).

**Ekibuuzo: Baani abakulembeze mu ggwanga lyaffe nga betaaga amagezi?** (Omukulembeze w’eggwanga, abalamuzi, abakiise mu lukiiiko lw’eggwanga, abadduumizi b’ebitongole ebikuumi).

**Ekibuuzo: Lwaki abazadde bo betaaga amagezi?** (Okkuyigiriza okwawula ekirungi n’ekibi, okkuyamba okukola okusalawo okulungi, n’okkuyigiriza ekigambo kya Katonda).

**Ekibuuzo: Lwaki wetaaga amagezi nga ggwe?** (Okusobola okumanya ekyo ekituufu okusinziira ku kigambo kya Katonda n’okukola okusalawo obulungi).

Obukulembeze

**Ekibuuzo: Musa yayigirza atya amateeka ga Katonda?** (Ye yenyini ng’akolanga eky’okulabirako).

**Ekibuuzo: Ki ekyafuula Musa okuba omukulembeze omulungi?** (Musa yalaga abaana ba Isirayiri engeri y’okukwatamu obulamu. Katonda yali yetaaga omusajja anakulembera abantu obulungi ennyo, ng’ate ye yenyini awa eky’okulabirako ekirungi. Katonda yandironze omuntu yenna atasobola kukuuma amateeka ekkumi okununula abaana ba Isiraeri?)

**Ekibuuzo: Taata; oyinza kukola ki okubeera omukulembeze omulungi?** (Beera ky’akulabirako Baibuli egamba “**12 Omuntu yenna takunyoomanga lwa buvubuka bwo, naye beeranga kyakulabirako eri abo abakkiriza mu kwogera mu kutambulanga, mu kwagalanga, mu kukkirizanga, mu kubanga omulongoofu**” (1Timoseewo 4:12).

**Ekibuuzo: Abaana muyinza kukola ki okuba abakulembeze abalungi?** (Okuyiga okola okusalawo obulungi, okumanya ekituufu n’ekibi, okulondangawo ekyo ekituufu, n’okubeera abantu ab’obuvunanyizibwa).

Okutya Mukama

**Ekibuuzo: Okutya Mukama ky’eki?** (kwe kugenda ebuziba mu kussaamu Katonda ekitiibwa). Okutya Katonda kuno kwe kwasobozesa Musa okuzimba ebisanyiiizo Katonda bye yali yetaaga mu ye okulembera eggwanga lya Isiraeri. Tujja kwogera ku Musa n’okutya Katonda mu ssuula eddako.

## OMUSOMO # 7: MUSA N’OKUTYA KATONDA

### Okwejukanya:

Ekibuuzo n’olunyiriri lwa wliki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“Singa mulimu omutimbwa mu bo ogufaanana bwe guti n’okutya banditidde ne beekumanga ebiragiro byange byonna ennaku zonna, balyoke balabe ebirungi n’abaana baabwe emirembe gyonna”. (Ekyamateeka 5:29).**

### Ebisaanyiizo:

#### **Okutya Mukama**

### Ennyanjula:

Omulungi gumu yasomoka ssemazinga wa Africa, mayiro 4390, okuva ebuwanjuba okutuuka obugwanjuba; ng’atambuza bigere ebiseera ebisinga. Okutwalira awamu yatambulira ddala mayiro eziwerera ddala 29,000 mu Africa yonna. Yavumbula ennyanja n’emigga ebiberako nga mulimu ekiyiriro kya Nnalubaale. Ebbaluwa ze n’alipoota ze yakola zamufuula omuzira w’eggwanga mu Bungereza ne Scotland gy’asibuka. Yava mu Bungereza mu mwaka 1865, ng’aloozo okuddayo oluvannyuma lw’emyaka nga ebiri. Kaakano emyaka mukaaga nga gimaze okuyitawo yabulira munda mu Afirica.

Mu mwezi ogw’ekkumi 1869, Yakobo Beneett Jr omusunsuzi w’olupapula lw’amawulire ga New York Herald yalagira omuwandiisi w’olupapula luno Henry Morton Stanley okukulemba okunoonya omulambuzi ono mu ddungu lya Africa. Stanley yakunganya abantu abawerako okola omulimu guno. Batandikira mu Zanzibar mu mwezi ogw’okusatu 1871. Yali awuliddeko nti omusajja omweru yali alabiddwako okumpi ne Ujiji mayiro nga lusavu mu attaano munda eyo. Ng’amaze okutambulira ddala ennaku ezissuka mu 200, Stanley yalwanagana n’ebirwadde’ omusajja gw’omu bwongo, enjala, n’embiro ez’omusaayi. We baatuukira ku nkomerero y’olugendo nga bibiri by’okusatu, abaali banoonya bali bamaze okulekulira oba okufa.

Nga kkumi omwezi ogw’ekkumi n’ogumu, okusenziira ku katabo kamawulire Stanley yali atuuse mu Ujiji. Omusajja omukadde yawagganya mu kibiina ekinene ekyali kyetolode Stanley. Yafuba okutuuka ku mukadde ono, namujjako sseppeewo era namuwa engalo. Stanley yayogera okusenziira kw’ebyo ebyasembayo, ebigambo ebyali ebikulu ennyo ebyajja mu birowoozo; “Ono ye Dr.Livingstone ndowooza” “Yee ssebo” mu kuddamu okwe kimpowooze.

Wadde okutambula okwetoolola kuno kwafuula Livingstone omuzira w’eggwanga, ebiva mu katabo wamawulire biraga ng’okutambula kuno kwamukosa nnyo; ng’alwalalwala, ng’okoowa olw’engendo empaavu, ebikozesebwa bye nga bibula oba okubbibwa, okufa kwa mukazzi we, n’abaana be abasukka mw’omu. Naye ekigendererwa kye ekikulu mu kutambula kwe kwonna; kwe kusobola okuggulirawo oluji olw’okubuulira enjiri mu ssemazinga wa Africa. Mu bbaluwa gy’eyawandiikira kitaawe, awandiika nti “okumala ekiseera ekiwanvu mpulidde okutawanyizibwa oluvannyuma lw’okubuulira obugagga bwa Kristo obutanonyezeka eri

emitima egitafaayo naye...manyi nti enjiri maanyi ga Katonda --- engeri ey'amaanyi ekozesebwa olw'okulokola ensi yaffe eyayononeka”.

Dr. Livingstoni yalina okutya Mukama. Kino kyamusobozesa okuggumira ebizibu byonna n'atuuka ku buwanguzi obw'amaanyi obw'omulimu gwa Katonda. Leero tujja kwongera okusisinkana Musa, okutya kwe Mukama kw'amuyamba okufuuka omulembeze w'eggwanga lya Israeri.

Okwejukanya:

Emyezi essatu abaana ba Israeri nga bamaze okuva e Misiri – olunaku lw'ennyini lwe baatuuka mu ddungu lya Sinaayi ne basisiira eyo mu ddungu okwolekera olusozi Sinaayi.

**“Mukama n'amugamba Musa nti laba, “njija gyoli mu kire ekizimbye, abantu bawulire bwe njogera naawe, era bakukkirize ennaku zonna”(Okuva 19:9).**

**Musa n'abuulira Mukama ebigambo eby'abantu.**

**Ku lunnaku olw'okusatu nga bamaze okusisinkana ne Mukama ku lusozi Sinaayi mu maaso g'abantu bonna. Katonda nawa Musa amateeka ekkumi.**

Musa n'okutya Mukama

(Ekyamateeka 5:27-33)

**“27. Ggwe sembera owulire byonna Mukama Katonda waffe by'anaayogera; olyoke otubuulire byonna Mukama Katonda waffe by'anaakubuulira naffe tulibiwulira ne tubikola.**

**28 Mukama nawulira ebigambo byammwe bwe mwayogera nange; Mukama n'agamba nti mpulidde eddoozi ly'ebigambo by'abantu bano, bye bakubuulidde; boogedde bulungi byonna bye bagambye. 29 singa mulimu omutima mu bo ogufaanana bwe guti n'okutya banditidde ne beekumanga ebiragiro byange byonna ennaku zonna, balyoke balabe ebirungi n'abaana baabwe emirembe gyonna!**

**30 “Genda obagambe nti muddeyo mu weema zammwe. 31 naye ggwe, yimirira wano wendi nange naakubuulira ekiragiro kyonna n'amateeka n'emisango by'olibayigiriza, balyoke babikolenga mu nsi gye mbawa okugirya.**

**32 kale munaakwatanga okukolanga Mukama Katonda wammwe bwe yabalagira; temukyamirange ku mukono ogwa ddyo newandkubadde ku gwa kkono. 33 Munaatambuliranga mu kkubo lyonna Mukama Katonda wammwe lye yabalagira, mulyoke mubenga abalamu era mulabe ebirungi era mumale ennaku nnyingi mu nsi gye mulirya.”**

**Ebibuuzo: Ojjukira okutya Mukama kye kitegeeza? (Okutya Mukama kwe kuwa Katonda ekitiibwa eky'ebuziba)**

**Ebibuuzo: Lwaki Katonda yayagala abaana ba Isiraeri okumuwa ekitiibwa eky'ebuziba? (Basobole okuuma amateeka ge).**



**Ebibuuzo: Lwaki kikulu okukuuma amateeka ga Katonda leero?** (Katonda amanyi nti abantu bakola bulungi nnyo bwe batambulira ku bigambo n'ebiragiyo bye).

Omulundi oguddako okunaaza enviiri zo, tunuulira eccupa ya shampoo. Eriko ebiragiyo ebyogera nti "okukola obulungi..." Ekintu nga kimaze okukolebwa, kikolebwa okusobola okukola obulungi singa ebiragiyo biba bigobereddwa bulungi, kubanga bw'ekityo ekintu bwe kiba kyategekebwa. Ng'abantu, tukola bulungi nnyo bwe tugoberera ebiragiyo bya Katonda kubanga bwatyo bwe yatutonda.

**Ekibuuzo: Biragiyo ki ebimu Katonda by'ayagala ffe okubikuuma leero?** Okwagala Katonda n'abantu abalala, beera mulongoofu era ow'amazima.

Musa n'obukulembeze.

**Ekibuuzo: Olowooza bisanyizo ki omuntu by'etaaga okuba nabyo okusobola okubeera omukulembeze omulungi?** (Engeri Musa gye yassaamu Katonda ekitiibwa eraga ebisanyizo bina ebyali mu ye; ebyamusobozesa okulembera abantu ba Katonda: Okugondera Katonda, okukkirizza amateeka ga Katonda, amagezi n'obuvumu. Ka twogere ku bisanyizo bino ebina;

1. Okugonda: Baibuli egamba nti **Musa ne Alooni ne bakola bwe batyo Mukama nga bwe yabalagira bwe batyo bwe bakola. (Okuva 7;6).** Musa yagondera Katonda n'akola buli kimu nga Katonda bwe yamulagira. Musa yakulemberanga nga ye kya kulabirako. Ekyo kyaletera abantu bangi okugoberera amateeka ga Katonda.

**Ekibuuzo: Oyinza otya okugondera Katonda leero?** (Ng'okuuma amateeka ge).

2. Okukkiriza: Baibuli egamba nti, **olw'okukkiriza n'aleka Misiri, nga tatya obusungu bwa Kabaka; kubanga yagumiikiriza ng'alaba oyo atalabika.** Olw'okukkiriza yakola okuyita n'okumansira omusaayi, eyazikiriza ababereberye aleme okubakomako. Olw'okukkiriza ne bayita mu nnyanja emmyufu nga ku lukalu. Abamisiri bwe baagezaako okukola bwe batyo be basaanyizibwawo. **(Abaebulaniya 11:27-29).** Musa yalina okukkiriza mu Katonda era Musa kubanga yeesiga Katonda omukulembera abantu bangi beesiga Katonda.

**Ekibuuzo: Okukkiriza kwo kuyinza kutya okuyamba abalala?** (Engeri gy'obeerawo eyinza okuba eky'okulabirako eri abalala; obwesigwa bwo, endowooza yo n'empis zo).

3. Amagezi: Baibuli etugamba "**Awo olwatuuka enkya Musa n'atuula okubalamula abantu....**" (Okuva 18:13). Abantu bajja eri Musa okunoonya eky'okuddamu okuva eri Katonda eri ebibuuzo byabwe Musa yasobola okubaddamu kubanga yali amanyi amateeka ga Katonda.

**Ekibuuzo: Amagezi gasobola gatya okukuyamba n'egayamba n'abalala?** (olw'okumanya engeri Katonda gyakwagala okubeeramu. Osobola okuba n'okumanya n'okusobola okwekenenya ensonga okuyamba n'abantu abalala okukola okusalawo okulungi.

4. **OBuvumu:** Jjukira Falaawo bwe yasindika eggye lye okulumba Isirayiri ku nnyanja emmyufu n'engeri abantu gye baali batiddemu. **“Musa naddamu abantu, “temutya muyimirire buyimirizi munnalaba obulokozi bwa Mukama bwa nnabaletera leero. (Okuva 14:13).** Okukkiriza kwa Musa kwa muletera obuvumu, era obuvumu bwe bwaletera abantu ba Israeri okuwa Katonda ekitiibwa n'okumwesiga.

**Ekibuuzo: Osobola otya okulaga obuvumu leero?** (Okunwerera ku kigambo kya Katonda mu buli mbeera; awaka, ku ssomero, mu bikolwa, n'emu mikwano gyo).

**Ekibuuzo: Oyinza otya okuwa Katonda ekitiibwa ekyamaddala?** (Okuwa Katonda ekitiibwa kusobola okuyigibwa n'okuzibwa ng'omuntu bwayiga eby'emizannyo, era nnakolanga bulungi.

Ebyawandiikibwa bigamba; **“Okungaanyanga abantu, abasajja, n'abakazi n'abaana abato ne munnagwanga wo ali munda w'enzigi zo, bawulire era bayige, era batye Mukama Katonda wammwe.....”** (Ekyamateeka 31:12).

**Ekibuuzo: Ngeri ki gy'oyinza okuwuliriza ekigambo kya Katonda?** (Okuwuliriza ekigambo kya Katonda mu kusoma ekigambo awaka, mu sande school, ku kkanisa ,okuyiga Baibuli, okusaba, okusoma ebitabo, okuwuliriza ennyimba, zonna ngeri ezenjawulo ez'okuwuliriza ekigambo kya Katonda.

**Ekibuuzo: Okutya Katonda kusobola kutya okukuyamba leero?** (Osobola okutegeera ekituufu n'ekikyamu. Ojja kuba n'okumanya okukola okusalawo obulungi n'okkuziyiza okola okusalawo obubi.

Wuliriza omwami ayitibwa Charles Colson bwayogera ku kutya Katonda, *“Twetaaga okumanya okutya Mukama- okusanikirwa okusindikirizibwa entiisa n'ekitiibwa ekigwana Katonda omutukuvu. Mu kutya Mukama amagezi mwe gasookera. Kukuwa endowooza entuufu ku bukulu bwa Katonda, n'obufuzi bwalina ku bitonde byonna; amaanyi n'engeri gy'okolamu ebintu bye byonna etuukiridde.....* (Colson; *The body* page 376).

Musa yalina okutya Katonda ng'asaanikiddwa entiisa n'ekitiibwa kya Katonda omutukuvu eyeraga Musa mu nnimi z'omuliro mu kisaka ekyaka omuliro. Era okutya Katonda kuno kwamusobozesa okuyimusa ebisanyizo Katonda by'eyetaaga Musa okusobola okulembera eggwanga lya Israeri.

Wuliriza Isaaya ky'agamba; nnabbi w'endagaano enkadde bye yayogera ku baana ba Israeri; **“Mukama n'ayogera nti kubanga abantu bano bansemerera ne banzisaamu ekitiibwa kya mu kamwa kaabwe era kya mu mimwa gyabwe naye omutima gwabwe baguntadde wala”** (Isa 29:13).

**Ekibuuzo: Okusenziira ku kyawandiikibwa ekyo, Katonda ayagala atya ggwe okumuwa ekitiibwa buli lunaku?** (Katonda ayagala ggwe okumuwa ekitiibwa si mu bigambo by'oyogera, naye engeri gy'okolamu ebintu).

## OMUSOMO # 8: YOSWA

### Okwejukanya

Ekibuuzo n’olunyiriri lwa wliki ewedde.

### Ekibuuzo eky’okubaganyaako ebirowoozo.

**“Wali oloneddwako okuba nga ggwe ovunanyizibwa ku puloojekiti oba kyonna ekikolebwa? Waweebwa buvunanyizibwa ki? Wawulira otya ng’owereddwa obuvunanyizibwa” (Joshua 1:9).**

### Ebisaanyizo:

**Obuvumu n’obukulembeze.**

### Ennyanjula:

Esonga y’obuddu n’okuwulira ebbanja nti wateekwa okubaawo ekikolebwa okusobola okubukomya okweyongera okusaasaana, kyali kimala okusindikiriza Abraham Lincoln okwenyigira mu by’obufuzi. Mu 1846, yalondebwa mu lukiiko ly’eggwanga lya America olwa wansi. Yayita mu kulemererwa emirundi ena okutuusa mu 1860, we yalondebwa ku bukulembeze bw’eggwanga lya America.

Okuva lwe yayingira mu offiisi y’obukulembeze, yalina ebirubirirwa bibiri; okukomya olutalo olw’omunda n’okuuma omukago. Newankubadde yawangulwa emirundi egiwerako, teyabivaako. Yatwala Baibuli nga eky’okulwanyisa mu bulamu bwe. “Ekitabo kino kukulu nnyo (Baibuli)... kye kirabo ekisinga Katonda kye yawa omuntu. Wekitali tetwandisobodde kumanya kirungi n’akibi”. Yamala kukyalira Gettysburg, n’alaba amalaalo g’enkumi n’enkumi z’abasirikale nalyoka akkiriza Yesu mu bulamu bwe. Okukkiriza kwe mu Yesu Kristo n’obukulembeze bwe byaleetera eggwanga okuyita mu lutalo olw’omunda. Lincoln yakkiriza nti yali aloneddwa mu “kiseera nga kino”.

Abraham Lincoln yasisinkana Yesu Kristo ng’amaanyi n’obuvumu bwe yali yetaaga okukulembera eggwanga. Olwa leero tugenda kulaba omuzira wa Baibuli omulala eyali yetaaga obuvumu okulembera eggwanga lya Israeri.

### Ebyafaayo bye:

Yoswa yali muyambi wa Musa eyali mu biseera ebyo aloneddwa okulembera Israeri oluvannyuma lw’okufa kwa Musa. Yoswa yali musajja eyalina okulembera eggwanga lya Isirayiri oliyingiza mu nsi ensuubize; Katonda gye yasubiza lbulayimu n’ezzadde lye. Olunaku nga lunaatera okutuuka Yoswa okufuuka omukulembeze wa Israeri, Katonda yamuwa ekiragiro kino; “..... **beera n’amaanyi guma omwoyo; kubanga oliyingiza abaana ba Israeri mu nsi gye nnabalayirira; nange n’abeeranga wamu naawe” (Ekyamateeka 31:23).**

Yoswa  
(Yoswa 1:1-9)

**“<sup>1</sup> Awo olwatuuka Musa omuweereza wa Mukama, bwe yamala okufa, Mukama n’agamba Yoswa, omwana wa Nuni, omuweereza wa Musa, ng’ayogera nti <sup>2</sup> Musa omuweereza**

wange afudde, kale kaakano golokoka osomoke omugga guno Yoludaani, ggwe n'abantu bano bonna, musingire mu nsi gye mbawa bo, abaana ba Isirayiri. <sup>3</sup> Buli kifo kye mlirinnyamu ekigere kyammwe, nkibawadde mmwe, nga bwe nnagamba Musa. <sup>4</sup> Okuva mu ddungu n'olusozi luno Lebanooni, okutuuka ku mugga omunene, gwe mugga Fulaati ensi yonna ey'Abakiiti, era n'okutuuka ku nnyanja ennene ku luuyi olw'ebugwanjuba, we waliba ensalo yammwe. <sup>5</sup> Tewelibeera muntu yenna aliyinza okuyimirira mu maaso go ennaku zonna ez'obulamu bwo; nga bwe nnabeeranga ne Musa, bwe ntyo bwe nnaabeeranga naawe.

<sup>6</sup> Ddamu amaanyi, guma omwoyo; kubanga ggwe olibasikiriza abantu bano ensi eno gye nnalayirira bajajja baabwe okugibawa. <sup>7</sup> Naye mala okuddamu amaanyi n'okuguma ennyo omwoyo, okwekuumanga okukola ng'amateeka gonna bwe gali, Musa omuweereza wange ge yakulagira; tokyamanga okugaleka ku mukono ogwa ddyo newandkubadde ogwa kkono, olyoke oweebwenga omukisa buli gy'onoogendanga yonna. <sup>8</sup> Ekitabo kino eky'amateeka tekivenga mu kamwa ko, naye onookirowoozangamu emisana n'ekiro, olyoke weekuumenga okukola nga byonna bwe biri ebiwandiidwamu; kubanga bw'onooterezanga bw'otyo ekkubo lyo, era bw'onooweebwanga omukisa bw'otyo. <sup>9</sup> si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi guma omwoyo; totyanga, so tweekanga, kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onoogendanga yonna. (Yoswa 1:1-9).

**Ekibuuzo:** Mu wiiki ntono eziyise tubadde twogera bingi ebikwata ku bisanyizo abazira baffe aba Baibuli bye balina. Ebisanyizo kye ki? (Ekisaanyizo y'embala enkulu oba ekikula omuntu kyalina).

**Ekibuuzo:** Yoswa yalina ebisanyizo ebikulu bina ebya musobozesa okulembera eggwanga lyonna erya Israeri. Alwooza bye biriwa? (Okukkiriza mu Katonda, okugondera Katonda, amaanyi n'obuvumu). Ka tweyongere obyogerako;

### Okukkiriza

#### **Ebibuuzo:**

1. **Bisuubizo ki Katonda bye yakola ne Yoswa, nga Isirayiri enaatera okusomoka omugga Yolodaani okutuuka mu nsi ensuubize?** (Nga Katonda bwe yabeeranga ne Musa, anaabeeranga naawe buli gyonaagendanga)
2. **Olowooza kino kyayamba kitya Yoswa okuyimusa okukkiriza mu Katonda?** (Yoswa yali amaze okulaba byonna Katonda bye yakola okuyita mu Musa. Ekisuubizo kya Katonda eri Yoswa kyamuyamba okumukakasa nti Katonda wa kukola nga bwayogedde)
3. **Okukkiriza kwetaagisa ki okuba nga kusaanidde ?** (Okukkiriza kwetaagisa bikolwa okuba nga kusaanidde)

Ekyawandiikibwa kigamba nti; **"bwe wabaawo ow'oluganda omusajja oba omukazi nga bali bwereere, ng'emmere eya buli lunaku tebamala, era omu ku mmwe bw'agamba nti mugende n'emirembe mubugume, mukkute naye ne mutabawa**

**omubiri bye gwetaaga; kigasa kitya? Era n’okukkiriza bwe kutyo, bwe kutabaako bikolwa, kwokka nga kufudde” (Yakobo 2:15-17).** Okukkiriza kwa Yoswa kwandibadde tekugasa eri Katonda n’abaana ba Israeri, singa Yoswa yali teyetegeese kukola Katonda kyamulagidde.

4. **Tuyinza tutya okulaga okukkiriza kwaffe leero?** ( Mu bikolwa; tulina okub nga tweteeseteese okulaga okukkiriza kwaffe mu ngeri gye tubeerawo, gye tusinzaamu, okusoma Baibuli, n’okugabana ebyo bye tulina n’abalala).

#### Okugonda

Yoswa yali mwegendereza okugondera amateeka ga Musa gonna ge yamuwa nga Katonda bwe yamulagira.

#### **Ebibuuzo**

1. **Lwaki kyali kikulu Yoswa okugondera ebyo Katonda bye yamulagira?** (Nga Musa, Yoswa yali mukulembeze w’eggwanga lya Isirayiri. Katonda yalonda Yoswa okukulembera nga kyakulabirako. Singa Yoswa agondera amateeka ga Katonda, bwe batyo abaana ba Isirayiri bonna balina okugonda).
2. **Katugambe nti oli mutendesi wa ttiimu ya basket ball, omuzannyo nga gugenda mu maaso, n’oyita emirundi egiwerako okukyusa enzannya. Era kaputeeni wa tiimu nagaana okuzannya enzannya gy’oyagala, Okola ki?** (Osobola okumugya mu muzannyo) Ng’omutendesi wa basket ball, Katonda tayagla ffe okuwulira obuwulizi byayogera ne tutabaawo ne kyetukola. Ekyawandiikibwa kigamba nti **“Naye mubeeranga bakozi ba kigambo so si bawulize buwulize” (Yokobo 1:22).**
3. **Oyinza otya okulaga obugonvu eri Katonda?** (Ebikolwa nate. Si kuwulira buwulizi Katonda kyagamba, naye okugoberera okuyita mu kola ekyo kyakugamba. Bwoba ojjukira Baibuli bweyogera ku kubeera omugonvu, kitegeeza “okumanya n’okufaanana Yesu”. Nga osa mu nkola ebiragiro bya Katonda, oagenda ofuuka mulungi mu byo, ng’ofanaanyizibwa n’okuvuga obulungi akagaali. Okugonda kikukyusa oagenda nga weyongerera okufaanana omwana we Yesu.

#### Amaanyi

1. **Katonda yagamba Yoswa nti yali wakuba atya ow’amaanyi?** (Ng’asoma, ayiga, akola era agondera amateeka ge).
2. **Osobola otya okufuuka ow’amaanyi leero?** (Amagezi gakufuula ow’amaanyi). Okumanya ekirungi n’ekibi, okubeerawo ng’okola ekituufu kitwala amaanyi mangi okusinga okwewaayo eri okola obubi.

#### Obuvumu

Yoswa yali anaatera okulembera eggwanga lya Isirayiri okubatwala mu nsi eyali ejjudde abalabe. Naye Katonda amulagira okuguma omwoyo. Katonda amukakasa Yoswa nti ajja kubeeranga naye buli wonna wanaagendanga.

## Ebibuuzo

1. **Balabe ki be tuisinkana olwaleero?** (Ekintu kyonna ekiyimirira okuwakanya ekigambo kya Katonda; ebirowoozo ebikyamu ku Katonda, okusendebwasendebwa okuyita mu nnyimba, n'obulango obwe byamaguzi ebitali bituufu).
2. **Oyinza otya okuguma omwoyo okusobola okubeerawo ng'amakubo ga Katonda bwe gali?** (Salawo okuyimirira ng'oli muvumu era ng'oli wamazima).
3. **Katonda yalagira atya Yoswa okukulembera abantu ba Isirayiri?** (Ng'abeera ekyokulabirako mu kukkiriza, okugonda, amaanyi n'obuvumu).
4. **Katonda akwagala atya okulembera abantu abalala leero?** (Beera kyakulabirako).

Bwoba olina omukisa okubeera omukulembeze, naye ng'olowooza nti omulimu gukuyinze obunene, jjukira Yoswa n'ebigambo Katonda bye yamugamba olunaku olwo ng'anaatera okulembera eggwanga lya Isirayiri okubayingiza ensi ensuubize. **Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi, guma omwoyo. Totya, togwamu maanyi, kubanga Mukama Katonda ali wamu naawe. Buli wonna w'onoogendanga".** (Yosw 1:9).

## OMUSOMO # 9: GIDYONI

### Okwejukanya

Ekibuuzo n’olunyiriri lwa wiki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga lwa leero:

**“Malayika wa Mukama namulabikira n’amugamba nti Mukama ali wamu naawe ggwe omusajja ow’amaanyi omuzira”. (Ekyabalamuzi 6:12).**

### Ebisaanyizo:

Okubeerawo n’obuvumu mu Mukama.

### Ekibuuzo ky’okubaganyaako:

**Wali olondeddwako okubela omukulembeze wa project ku ssomero oba mu kikolebwa kyonna?**

**Buvunannyizibwa ki bwe walina? Wawulira otya nga bakulonze?**

### Ennyanjula:

Ng’akula , Jim Elliot yali mukozi w’amaanyi, era nga muyizi mulungi, era nga munnyenye mu misinde. Naye era Eriyooti yalina okuyayaana okuweereza Katonda, era kino kyamusindikiriza ogenda okukola obumisaani mu South America. Elliot mu bigambo bye agamba nti “Lwaki omuntu awulira enjiri emirundi egiwera ebiri naye ng’abalala tebagiwulirangako wadde omulundi ogumu?”

Elliot yawulira eggwanga erimu eriri mu maserengeta ga America nga bayitibwa Aucas. Mu mwezi ogw’olubereberye 1956, Elliot ne banne abalala bana batuuka ku lubalama mu Acuator. Mu nnaku ezisookera ddala okulabagana n’Auras, Ellioti ne banne abana battibwa eggwanga lino ery’Abuca.

Jim Elliot yali musajja ng’awaddeyo obulamu bwe eri ekigendererwa kya Katonda, yatunuulira Katonda ku lw’ekyo ekiri ku bulamu bwe, n’amusaba n’amulindirira era ekisingira ddala obukulu, namugondera. Jim Elliot y’essa mu kifo ng’awaali ku lwa Katonda.

Embooji ya leero ekwata ku naggwano wa Baibuli nga naye yaliwo ku lwa Katonda.

### Ebyafaayo bye.

Waliwo ebiseera mu byafaayo bya Isirayiri ebityibwa ebiro eby’Abalamuzi. Ebiseera bino byaliwo wakati w’okufa kwa Yoswa n’obuweereza bwa Samwiri (omwana eyakulira mu yekaalu). Tujja mukyalirako mu kitundu kino). Waaliwo enkulungo y’ebikolwa erabikira ennyo mu biseera bino; abantu ba Isiraeiri nga tebawuliriza Katonda; ng’ebiseera ebimu bava ku Katonda ne basinza bakatonda b’amawanga amalala agaali gabetoloodde. Katonda yaganyanga abalabe ba Isiraeri okubaalisa akakanja. Kino kyabawalirizanga okuddamu okukaabirira Katonda okubalokola. Katonda yayimusangayo omulamuzi n’abanunula mu mikono gy’abalabe baabwe. Gidyoni y’omu ku balamuzi abo.



Ekyawandiikibwa kigamba nti ; “Era n’abemirembe egyo bonna ne bakunganyizibwa eri bajjajjaabwe; ne wabaawo emirembe emirala egibaddirira, abataamanya Mukama, newankubadde omulimu gwe yakolera Isiraeri. (Ekyabalamuzi 2:10).

**Ekibuuzo: Bukulu ki obuli mu kuyigiriza ekigambo kya Katonda mu maka?** (Basobole okutegeera Katonda yaani, bategeere emirimu gye, nabo bayigirize ebiragiro bya Katonda abaana baabwe.)

### Gidyoni

(Ekyabalamuzi 6 & 7)

**“6:1 Abaana ba Isiraeri ne bakola ekyali ekibi mu maaso ga Mukama; Mukama n’abagabula mu mukono gwa Midiyaani emyaka musanvu. <sup>2</sup> Omukono gwa Midiyaani ne guwangula Isiraeri, era olwa Midiyaani abaana ba Isiraeri kye baava beekolera obuyu obuli mu nsozi n’empuku n’ebigo.**

**<sup>3</sup> Awo olwatuuka Isiraeri bwe yamalanga okusinga, Abamidiyaani ne bayambukanga n’abamaleki n’abaana ab’ebuvanjuba; nabo baabayambukirako; <sup>4</sup> ne basiisira ewaabwe, ne bazikiriza ebibala by’ettaka okutuusa bw’otuuka e Gaaza, so tebaaleka kya kulya mu Isiraeri, newankubadde endiga, newankubadde ente, newankubadde endogoyi. <sup>5</sup> Kubanga baayambukira wamu n’ente zaabwe n’eweema zaabwe, baayingiranga ng’enzige okuba abangi, bo era n’engamira zaabwe tebyabalika; ne bayingira mu nsi okugizikiriza. <sup>6</sup> Isiraeri n’ajeezebwa nnyo olwa Midiyaani; abaana ba Isiraeri ne bakaabirira Mukama.**

**<sup>7</sup> Awo olwatuuka, abaana ba Isiraeri bwe baakabira Mukama olwa Midiyaani, <sup>8</sup> Mukama n’atuma nnabbi eri abaana ba Isiraeri n’abagamba nti bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti nabagya mu Misiri ne mbalinyisa era nabagya mu nnyumba y’obuddu; <sup>9</sup> era nabawonya mu mukono ogw’Abamisiri, ne mu mukono gw’abo bonna abaabajooga, ne mbagoba mu maaso gammwe, ne mbawa ensi yaabwe; <sup>10</sup> ne mbagamba nti nze ndi Mukama Katonda wammwe temutyanga bakatonda b’Amoli, be mutuulira munsu yaabwe, naye temuwulidde ddooboozi lyange.**

**<sup>11</sup> malayika wa Mukama najja n’atuula wansi w’omwera ogwali mu Ofula, kye kyali ekya Yowaasi omwabiezeri; ne mutabani we Gidyoni yali awuula engaano mu ssogolero agikise Abamidiyaani.**

**<sup>12</sup> Malayika wa Mukama n’amulabikira n’amugamba nti Mukama ali wamu naawe, ggwe omusajja ow’amaanyi omuzira.**

**<sup>13</sup> Gidyoni n’amugamba nti “ Mukama wange, oba nga Mukama ali wamu naffe, kale ekitubeesezzaako ebyo byonna kiki? Era ebikolwa bye byonna eby’ekitalo biri ludda wa bajjajjaffe bye baatubuulirako, nti Mukama teyatuggya mu Misiri?” Naye kaakano Mukama atusudde atugabudde mu mukono gwa Midiyaani.**

**<sup>14</sup> Mukama n’amutunuulira n’ayogera nti genda n’amaanyi go gano olokole Isiraeri mu mukono gwa Midiyaani; si nze nkutumye?**



<sup>15</sup> N'amugamba nti ai Mukama wange, Isiraeri ndimulokolera ku ki? Laba, baganda bange be basinga okuba abaavu mu Manase, nange ndi muto mu nnyumba ya kitange.

<sup>16</sup> Mukama n'amugamba nti mazima "ndibeera naawe, era olikuba Abamidiyaani ng'omuntu omu" .

**Ekibuuzo;**

**Gidyoni yalina ebisanyizo bina eby'amufuula "omulwanyani ow'amaanyi" era omulamuzi wa Isiraeri. Olowooza bye biriwa?** (Okubeerawo, amaanyi, obuvumu mu Katonda , n'obukkakamu).

Okubeerawo kwa Gidyoni.

**Ebibuuzo;**

1. **Nsonga ki emu eyaletera Katonda okulonda Gidyoni?** (Gidyoni yali mwetegefu okubeerawo okukolera Katonda. Yakkiriza obuyinza bwa Katonda ku bulamu bwe). Wadde Gidyoni yali teyekakasa bulungi, naye yakkiriza ekiragiro okuva eri Katonda. Yakkiriza okubeerawo olw'ekigendererwa kya Katonda gyali. Awo Katonda yali wa ddembe okufuula Gidyoni omulwanyani ow'amaanyi.
2. **Osobola otya okubeerawo ku lwa Katonda?** (Mu ndowooza yo; saba Katonda okuyamba omumanya engeri gyayinza okukozesaamu n'okuwa olukusa).
3. **Oyinda otya okuzuula engeri Katonda gy'ayagala okukozesaamu?** (Yongera omusaba okumanyisa, wuliriza kyaddamu mu kusaba, mu kyawandiikibwa, ekyo ky'oyagala era ky'onyumirwa mubulamu okukola).

Amaanyi ga Gidyoni

**Ebibuuzo**

1. **Wa Katonda we yalina okuwa Gidyoni amaanyi?** (Gidyoni yali atidde abalabe era nga yerowooza okuba omunafu).
2. **Katonda ayinza atya okufuula omuntu omunafu nga Gidyoni okubeera ow'amaanyi?** (Lowooza ku bunafu ng'oluzzi. Amaanyi ga Katonda agafuka mu luzzi okutuusa nga lutandise okulukuta). Tegaali maanyi ga Gidyoni naye ga Katonda. Gidyoni yakkiriza obuyinza bwa Katonda mu bulamu bwe, Katonda nafuka amaanyi ge mu bulamu bwe ng'omugga.
3. **Amaanyi gano ga mubiri?** (Amaanyi kiyinza okutegeeza obuvumu, embavu, empulira y'omuntu , obwongo oba ag'omubiri).
4. **Mulimu ki Katonda gwayinza okuweerako amaanyi?** (Okuyimirirawo ku lwa muyizi munno atulugunyizibwa, okugoberera amateeka ng'abalala bagamenya, okwewala ekibi). Katonda ajjakuwa amaanyi ku lwa buli kyonna kyayagala ggwe okukola.

Obuvumu bwa Gidyoni mu Mukama.

Obuvumu bwa Gidyoni tebawajirawo mu bwangu, Katonda yawa Gidyoni ekiseera okwetegekera omulimu omunenne.

## Ekibuuzo

1. **Singa oteekateeka okubeera omusomesa mu ssomero, ki kye wetaaga okuba omujjuvu nga tonnakkirizibwa kusomesa?** (Olina okusooka okumaliriza ekitono ennyo olusoma lumu “tendekero ly’abasomesa” – beera omuyambi w’omusomesa osobole okuzimba obuvumu mu ggwe okumala ekiseera). Ensonga ya kino eri nti osobola okufuna obumanyirivu mu kusomesa era n’okuzimba obuvumu nga tonnatandika genda mu kibiina kyo eky’abayizi. Mu ngeri yemu, Gidyoni yali yetaaga ekiseera okuzimba obuvumu.

Wuliiriza engeri Gidyoni gy’akuza obuvumu mu Katonda. Katonda yamugamba okumenya ekyoto kya bakatonda, azimbe ekyoto ekituufu eky’okusinza Mukama.

**“Awo Gidyoni n’atwala abasajja kkumi ku baddu be, n’akola nga Mukama bw’amulagidde; awo olwatuuka, kubanga yali atidde ab’ennyumba ya kitaawe n’abasajja ab’omu kibuga, n’atayinza kukola bwatyo emisana, kyeyava akola ekiro” (Ekyabalamuzi 6:27).** Gidyoni yagondera Katonda n’amuwa obuvumu naye bwali bwetaaga ekiseera okusobola okukula.

Eky’okulabirako ekirala engeri Katonda gyeyawa Gidyoni obuvumu’ <sup>33</sup>- **Awo Abamidiyaani bonna n’Abamaleki n’abaana ab’ebuvanjuba ne bakungaana wamu; ne basomoka, ne basiisira mu kiwonvu ekye Yezareeri.** <sup>34</sup> **naye omwoyo gwa Mukama ne gujja ku Gidyoni n’afuuwa ekkondere, Abiezeri n’akugaana wamu gyali (Ekyabalamuzi 6:33,34).** Katonda yali agambye Gidyoni bwe yasooka omulabikira nti alibeera wamu naye, kaakano Gidyoni yali atandise okuganya Katonda omujjuza amaanyi n’obuvumu.

Nga Gidyoni yetegekera olutalo n’enkumi n’enkumi z’amaggye g’abalabe, Katonda ye yakendeeza ggye lya Gidyoni okuva ku 22,000 okutuuka ku basajja 300. Awo Katonda n’agamba Gidyoni okugenda eri olusiisira lw’abalabe n’awuliriza abasajja nga bagamba. Gidyoni yawulira nnyo omusajja omu ng’agamba mukwano gwe ekirooto kye yali aloose, era gano ge gaali amakulu g’ekirooto.....”;

<sup>14</sup> **munne n’addamu n’ayogera nti ekyo kitala kya Gidyoni mutabani wa Yowaasi omusajja wa Isiraeri**

**so si kirala: mu mukono gw’oyo Katonda mw’agabudde Midiyaani n’eggye lyonna”.**

<sup>15</sup> **Awo olwatuuka Gidyoni bwe yamuwulira ng’abuulira ekirooto n’okutegeeza kwakyo, n’asinza, n’addayo mu lusiisira lwa Isiraeri n’ayogera nti, ‘mugolokoke! kubanga Mukama agabudde mu mukono gwammwe eggye lya Midiyaan”.** (Ekyabalamuzi 7:14-15).

## Ebibuuzo:

1. **Lwaki olwooza Katonda yakendeeza eggye lya Gidyoni osigala abasajja 300 ate ng’abalabe baabwe baali nkumi n’ankumi?** (Abasajja ba Gidyoni basobole okwesiga n’okukkiriza amaanyi ga Katonda.

Ng'amaze okukakasa mu bujuvu nti Katonda wakola ng'ekigambo kye bwekiri, Gidyoni yakulembera abasajja be okulumba enkumi n'enkumi z'eggye lya Midiyaani, era Katonda n'aleetera eggye lya Midiyaani okuwangulwa abasajja 300 bokka aba Gidyoni.

2. **Lowooza kw'ekyo kye wakola omulundi gwo ogusookera ddala. Kyakuwa buvumu ki okusobola okuwangula?** (Okuvuga eggaali, okuyita ebibuuzo).

### Obuwombeefu

“<sup>22</sup> **Abasajja ba Isiraeri ne balyoka bagamba Gidyoni nti tufuge ggwe ne mutabaniwo; kubanga otulokodde mu mukono gwa Midiyaani. <sup>23</sup> Gidyoni n'agamba nti nze sigenda kubafuga, so ne mutabani wange tagenda kubafuga; Mukama yanaabafuganga (Ekyabalamuzi 8:22-34)**”.

Gidyoni teyakozesa obuwanguzi ng'akakisa. Gidyoni yajjukira Katonda nga yalokodde Isiraeri m mukono gwa Midiyaani. Ekyo obuwombeefu kye kitegeeza. Okuteegera abalala kye bakola, oba ebirowoozo obikyusa obiza ku balala kye bakola.

### **Ekibuuzo:**

**Oyiza otya okusaamu Katonda ekitiibwa olw'obuwanguzi bwoba otuuseeko?** (Bw'oyita obulungi ebibuuzo, bw'owangula omupiira, oba ekitundu mu muzannyo gw'essomero; jjukira nti Katonda yakuwadde obusobozi.

Nga Gidyoni, tulina okuddiza Katonda ekitiibwa nga tubeera abawombeefu n'okumwebaza olw'obusobozi bwaba atuwadde okusobola okutuuka ku buwanguzi bwonna. Osobola okubeera n'obukakafu bwonna nti Katonda ajjakusobezesa okola ekintu kyonna kyaba akulagidde okole. "Katonda agamba nti Mukama ali naawe, omulwanyi ow'amaanyi.....genda mu maanyi g'olina...si nze nkulagidde?"

Kaakano ebisigadde ku mbooji y'okufa kwa Elliot yayitibwa "Okwonoona obulamu" eri abamu. Naye ebikumi n'ebikumi by'abavubuka mu nsi yonna nga bonna bakwatiibwako okwewaayo kwa Jim Elliot n'abalala bewaayo okufuuka ab'amamisaani mu bifo byabwe. Oluvannyuma mu balala, mukyala wa Ellioti – Elizabeesi Elliot yabeerera ddala mu b'Aucas abattira ddala bba.

Abakyala bano bewaayo n'ebayiga olulimi lwayo era bagenda mu maaso n'ebakyusa Baibuli mu lulimi luno abantu bano basobole okugisoma. Bangi ku bantu mu kitundu kino oluvannyuma bakkiriza Yesu ng'omulokozi waabwe.

**Ekibuuzo: Ngeri ki gy'osobola okubeerawo ku lwa Katonda olwa leero?** (Saba Katonda kyayagala ggwe okole leero, era omuganye okukozesa olw'ekigendererwa kye mu bulamu bwo.

## OMUSOMO # 10 SAMUSOONI

### Okwejukanya

Ekibuuzo n’olunyiriri lwa wiiki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

“Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi”. (Abafiripi 4:13).

### Ebisaanyizo:

**Amaanyi.**

### Ekibuuzo ky’okukubaganyako ebirowoozo.

**Singa ggwe osinga amaanyi mu nsi yonna, bintu bya kika ki byewandigakozesezza?**

### Ennyanjula:

Gladys Aylward yaddayo mu England okuva e China ku nkomerero y’omwaka 1940 ng’omumisaani atamanyiddwa. Alan Burgess eyali akola ku bazira mu ntalo ku radiiyo ya BBC, yamukyalira ng’asubira ng’omumisaani yali wakumubuulira ku bazira beyawulira abaali mu China. Yamuddamu nti Nedda. ‘Yali tamanyiiyo bazira bonna’.

“Ate ggwe, tewafunayo kisago oba nga bibiri?” Gladysi ayanukula nti “Mbuusabuusa oba abantu abawuliriza BBC basobola okulwooza nti waliwo kye nnakola eky’amaanyi.” Munnamawulire ayongerera omubuuza, “Tewasinsikanako bano Abajapaani abaali bawamba abantu?” Addamu nti “Nnabasinsikanako. Gladys y’alooza nti buba butasonyiwa singa agamba Alan Burgess nti Abajapaani bamukuba esasi ng’ali mu kisaawe ebweru wa Tsechow; ne bamukuba bbomu mu Yangcheng, n’okumpi ne Lingchuang. Wabula Abajapaani abamu baali balungi nga bw’omanyi.

Munnamawulire ayongerera okumubuuza;

“Ekitegeeza obulamu bwo mu China bwaliko obukuumi?” Gladys yalina okubeerako ne ky’akola. Addamu nti “Nnatwala abaana abamu mu kifo awakuumirwa abaana okuliraana Sian. Twalina okusomoka ensozi. Ensozi eza ddala! ddala ezo zaali nsozi za ddala. Olugendo lwali luzibu nnyo, nga tomala gatambula butereevu. Twalina okusala omugga ogwa Yellow. “Ogwo si gwe mugga ogumanyiddwa okufiiraamu abantu oguyitibwa; “Ennaku ya China?”

Burgess yatandika okwesisiwala nga Gladys bw’agenda mu maaso okunyonyola olugendo lwonna. “Ng’emmere eggwaawo? Nga temulina sente? Ggwe n’abaana 100 –ng’abasinga kubo bayigabuyizi okutambula – ne mutambula omwezi gumu okusomoka ensozi n’omugga ogwa Yellow, nga mugezaako okwewala emmotoka z’abajapaani ezireta n’abakubi ba bbomu?”

Mu Sian mwazuulibwa nga mulina ekirwadde kye enkaka, n’erubyamira n’endya nga mbi. Ddala abantu abawuliriza BBC balooza ng’olina kye wakola eky’amaanyi”.

Kituufu ddala Gladysi Aylward yatuuka ku buwanguzi obw’amaanyi. Leero tujja kusinsikana omuzira wa Baibuli amanyiddwa obulungi olw’amaanyi ag’enjulo. Bombi ensubuko zaabwe ez’amaanyi weeziri gy’etuli.

### Okwejukanya:

Eno y'enkulungo eraga obulungi ebya'faayo bya Isiraeri mu biseera by'abalamuzi. Abantu ba Isiraeri nga tebafaayo kuwuliriza Katonda era nga bawuguka ne batandikanga okusinzanga bakatonda abalala ab'amawanga aga betloodde. Katonda yaganyanga abalabe baabwe okubatabaala okumala ekiseera. Ekyo nno kyabaleeteranga okukyuka okuddanga eri Katonda nga bamukaabirira asobole okubawonya.

Ne Katonda y'agolokosanga omulamuzi okubanunula okuva mu mukono gw'abalabe baabwe. Samusooni yali omu ku balamuzi bano.

### SAMUSOONI

(Ekyabalamuzi 13:1-5, 24-25).

**<sup>1</sup> Awo abaana ba Isiraeri ne beeyongera nate okukola ekyali ekibi mu maaso ga Mukama; Mukama n'abagabula mu mukono gw'Abafirisuuti emyaka ana.**

**<sup>2</sup> Era waaliwo omusajja ow'e Zola, ow'ekika eky'Abadaani, erinnya lye Manowa; ne mukazi yali mugumba n'atazaala. <sup>3</sup> malayika wa Mukama n'alabikira omukazi n'amugamba nti lab anno, oli mugumba so tozaala; naye oliba olibuto, era olizaala omwana wa bulenzi. <sup>4</sup> kale nno weekuume, nkwegayiridde, oleme okunywanga ku mwenge newankubadde ekitamiza, so tolyanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu; <sup>5</sup> kubanga laba, oliba olibuto era olizaala omwana wa bulenzi so akamwano tekayitanga ku mutwe gwe; kubanga omwana aliba muwonge eri Katonda okuva mu lubuto; era ye alitanula okulokola Isiraeri mu mukono gw'Abafirisuuti".**

**<sup>24</sup> omukazi n'azaala omwana wa bulenzi namutuuma erinnya Samusooni; omwana n'akula, Mukama n'amuwa omukisa. 25 omwoyo gwa Mukama ne gusooka okumusindika mu Makedani, wakati wa Zola ne Esutaoli".**

### **Ebibuuzo**

- 1. Samusooni yali muwonge. Kitegeeza ki okuba omuwonge?** (Omuwonge y'akolanga endagaano okuweerezanga Katonda olw'ekigendererwa eky'enjawulo. Ebiseera ebimu kino kyategeezanga okwekumanga obutakolanga ebintu ebimu ebimenya endagaano ng'ali mu kiseera kino eky'okuweereza Katonda.
- 2. Baibuli egamba nti omwoyo gwa Mukama ne gumujjako n'amaanyi. Kino olwooza kitegeeza ki?** (Era ng'omwoyo omutukuvu bwe yawa Gidyoni amaanyi, omwoyo yatandika okuteekateeka Samusooni olw'omulimu ogw'okulokola aba Isirayiri mu mukono gw'Abafirisuuti).

Isiraeri yalina ebizibu n'Abafirisuuti okuviira ddala Yoswa bwe yakulembera eggwanga lya Isiraeri okusomoka omugga yoludaani okuyingira mu nsi ensuubize. Ensi ensuubize ye yali ensi ya Kanaani Katonda gye yayogera nti aligiwa ezzadde lya Ibulayimu. Ekizibu eri Aba Isirayiri kyali bano Abafirisuuti abaali mu nsi eno. Kakaano aba Isiraeri n'Abafirisuuti baali kabwa nango nga tebakolagana. Era batwala ekiseera nga

balwanagana okuviira ddala Samusooni nga tannazaalibwa yali muwonge olw'ekigendererwa eky'okulokola abaana ba Isirayiri mu mukono gw'Abafirisuuti.

### **Ekibuuzo;**

1. **Katonda yalondawo atya okulokola Isiraeri ng'akozesa Samusooni?** (Samusooni yalokola aba Isiraeri ng'akozesa omukono ogw'amaanyi eri Abafirisuuti) Bino by'ebimu ku by'okulabirako;
  - (a) **Awo Samusooni n'alyoka aserengeta e Timuna, ne kitaawe ne nnyina, bwe batuuka mu nsuku z'emizabbibu ez'e Timuna; era laba empologoma envubuka n'emuwulugumirako. 6 omwoyo gwa Mukama ne gumujjako n'amaanyi, n'agitaagulataagula nga bwe yanditaaguddetaagudde omwana gw'embuzi, so nga talina kintu mu ngalo ze, naye n'atabuulira kitaawe newankubadde nnyina ky'akoze (Ekyabalamuzi 14:5-6).**
  - (b) **Omulundi omulala Samusooni yali aweebwayo eri eggye ery'enkumi esatu (3,000) abasajja, nga assibiddwa emiguwa,"...omwoyo gwa Mukama ne gumujjako n'amaanyi n'emiguwa egyali ku mikono gye ne gifuuka ng'obugoogwa obwokeddwa omuliro, ebyali bimusibye ne biva ku mikono gye. 15 n'alaba oluba lw'endogoyi olubisi, n'agolola omukono gwe n'aluddira n'alussa abasajja lukumi. (Ekyabalamuzi 15:14-15).**

Kaakano Samusooni yakola ekintu kye siyinda kuwagira wadde **akatono eri amaka**; okusula n'omwenzi okwokya ennimiro n'okutta enkumi n'enkumi z'abantu. Jjukira ekigendererwa Samusooni kye yawawulirwako kwali okulokola aba Isirayiri okuva eri omulabe waabwe.

Samusooni yakola eby'obuzira bingi era ebiraga obuvumu naye wano waliwo ekintu ekikulu gyoli nange; Samusooni yamanya ensubuko y'amaanyi ge.

### **Ebibuuzo**

1. **Amaanyi ga Samusooni gaali gasibuka wa?** (Ekyawandiikibwa kigamba nti omwoyo gwa Mukama gwa mujjangako n'amaanyi).
2. **Katonda awa abantu amaanyi leero?** (Nga abakkiriza mu Yesu Kristo, ggwe nange tulina amaanyi ag'enjawulo okuyita mu mwoyo omutukuvu).

Omwoyo omutukuvu y'omu eyawa Samusooni amaanyi ag'asukulidde atuula mu mutima gy'abantu bonna abakkiriza Yesu okubeera omulokozi era Mukama waabwe.

3. **Waliwo enjawulo nnene ddala wakati wa Katonda engeri gye yasindikamu omwoyo eri Samusooni n'engeri gy'amusindikamu gy'oli nange leero. Omanyi bulungi enjawulo eno?** (Ka twogere ku bitundu nga bibiri mu byawandiikibwa ebisobola okunyonyola kino gyetuli).

(a) Wuliriza Dawudi kyagamba (eyali agenda okufuuka kabaka wa Isiraeri oluvannyuma) awandiika mu ndagaano enkadde **“Ontondemu omutima omulongoofu, ai Katonda, onzizeemu omwoyo omulungi munda yange”**. Tongoba w’oli so tonzinjaako omwoyo gwo omutukuvu (Zabbuli 51: 10-11)

(b) Wuliriza omutume Yokaana bwawandiika mu ndagaano empya; **“...Yesu n’ayimirira n’ayogerera waggulu, n’agamba nti omuntu bw’alumwa ennyonta aje gyendi anywe. 38 akkiriza nze ng’ekyawawabduujubwa bwe kigamba nti emigga gy’amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe. 39 ekyo yakyogera ku mwoyo gwe baali bageda okuweebwa abamukkiriza, kubanga omwoyo yali tannaba kugabibwa; kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa”** (Yokaana 7:37-39).

#### Ekibuuzo:

1. **Owulirawo enjawulo eri wakati w’ebitundu bino mu byawandiikibwa?** (Mu kyawandiikibwa ekisooka, Katonda yawa abantu omwoyo okumala ekiseera. Mu ky’okubiiri abantu kaakano bafuna omwoyo omutukuvu).

Mu biro eby’endagaano enkadde ne mu nnaku ez’asookera ddala ez’endagaano empya, Katonda ng’asa oba ng’aganya omwoyo omutukuvu okukyalira abantu okusobola okutuukiriza akigendererwa kye ku muntu. Ate era ng’asobola omukutwala okuva ku muntu ebiseera ebimu. Kino kyabaawo ku Samusooni.

Samusooni yayagala omuwala omufirisuuti ayitibwa Derira. Abakulembeze ba Bafirisuuti n’ebamutuukirira n’ebamusaba agezeeko okusendasenda Samusooni amubuulire ekyama amaanyi ge gye gava, basobole okumuwangula, ekyo ng’akikoze baali bakumuwa eby’obugagga bingi.

Derira ne yegayirira Samusooni buli lunaku okutuusa we yawulira ng’akooye okumwetayirira olutata; olwo n’alyoka omubuulira buli kimu. **“N’amubuulira byonna (ebyali mu) mutima gwe, namugamba nti akamwano tekayitanga ku mutwe gwange; kubanga ndi muwonge eri Katonda okuva mu lubuto lwa mmange; bwe ndibanga mmwereddwa, amaanyi gange ne galyoka ganvaako, ne nfuuka omunafu ne mba ng’omusajja omulala yenna”** (Ekyabalamuzi 16:17).

#### Ekibuuzo:

1. Lwaki Samusooni yali talina kusala nviiri ze? (Enviiri za Samusooni kaali akabonero ak’okungulu akamujjukiza endagaano gye yakola ne Katonda nga alayira okumuweereza). Enviiri bwe zaasalibwako, endagaano wakati wa Katonda ne Samusooni yali emenyeddwa era n’atwala omwoyo we eyali awa Samusooni amaanyi. Baibuli egamba **“ Derira bwe yalaba ng’amubuulidde byonna(ebibadde mu mutima gwe, n’atuma n’ayita abakungu ba Bafirisuuti ng’ayogera nti mwambuke omulundi guno gwokka, kubanga ambuulidde byonna (ebibadde mu) mutima gwe. Awo**



abakungu b'Abafirisuuti ne balyoka bayambuka gyali nga baleeta effeeza mu ngalo zaabwe. <sup>19</sup> n'amwebasa Ku maviivi ge, n'ayita omusajja namwa emivumbo egy'oku mutwe gwe omusanvu; n'atanula okumujeeza amaanyi ge ne gamuvaako. <sup>20</sup>. N'ayogera nti Abafirisuuti bakuguddeko Samusooni, n'azuukuka mu tulo twe nayogera nti naafuluma ng'obwedda, ne nnekunkumula. Naye yali tamanyi nga Mukama amulese (Ekyabalamuzi 16:18-20).

Naye ate bw'odda ku ndagaano empya, Katonda atuwadde omwoyo omutukuvu emirembe n'emirembe. Wuliriza Yesu kyagamba **"Nange ndisaba kitange, naye alibawa omubeezi omulala, abeerenga nammwe emirembe n'emirembe. Omwoyo ow'amazima, ensi gwetayinza kukkiriza; kubanga temulaba, so temutegeera; mmwe mmutegeera, kubanga anaabanga mu mmwe"** (Yokaana 14-16-17)

#### Ebibuuzo:

1. **Ofuna ddi omwoyo omutukuvu?** (Olunaku lw'osaba Yesu okuyingira mu bulamu bwo; omwoyo omutukuvu ajja n'abeera mu gwe).
2. **Omwoyo omutukuvu alituusa ekiseera n'akuleka?** (Omwoyo wa Katonda talikuleka).
3. **Ngeri ki ezimu z'etulinnamu amaanyi g'omwoyo omutukuvu?** (Wano waliwo ebitundu bina ebiva mu kyawandiikibwa).
  - (a) **"Omuntu ow'amagezi aba w'a maanyi; weewaawo omuntu alina okumanya ayongera obuyinza". Engero 24:5.** Ebyawandiikibwa bigamba nti amagezi maanyi n'okumanya buyinza.
  - (b) **"Okusaba kw'omutuukirivu kuyinza nnyo mu kukola kwakwo. (Yakobo 5:16).** Okusaba kulina amaanyi.
  - (c) **"Nyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi". (Abafiripi 4:13).** Yesu ajja kuwa amaanyi gonna okukola kyonna kyaba akulagidde: okukola okusalawo okulungi, amaanyi okusalawo okubeera mu ngeri Katonda gyatwagalamu.
  - (d) **"Eky'enkomerero mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu buyinza obw'amaanyi ge. "Mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyizenga okuyimirira eri enkwe za sitaani"..... (Abaefeso 6:10-11)**  
Ekigambo kya Katonda kigamba nti tuli mu lutalo tulwana n'omulabe era nti amaanyi ga Katonda gatuyamba okusobola okuyimirira.

Gladys Aylward y'esigama ku maanyi ga Katonda n'asobola okutuukiriza ekigendererwa ekyo ekyali ku bulamu bwe. Samusooni y'akozesebwa olw'amanyi ge amaanyi okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda. Mulina amaanyi mangi ng'abakkiriza kubanga amaanyi ga Katonda gatuula mu mmwe.



**Ekibuuzo: Oyinz otya okukozesa amaanyi go amangi ku lwa ga Katonda?**

## OMUSOMO # 11 LUUSI

Okwejukanya:

Ekibuuzo n’olunyirir lwa wiiki ewedde.

Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“Awo Luusi n’ayogera nti tonnagayirira kukuleka, n’okuddayo obutakugoberera; kubanga gy’onoogendanga, gye nnagendanga nze, era gy’onoosulanga gye nnaasulanga nze, abantu bo be bannaabanga abantu bange, era Katonda wo Katonda wange”. Luusi 1:16**

Ebisaanyizo: **Okwewaayo.**

Ekibuuzo eky’okubaganyako ebirowoozo.

Lowooza omu ku mikwano go. Lwaki omuntu oyo ye mukwano gwo? Lwaki omu ku mikwano gyo akulowooza okuba omuntu omulungi?

### **Ennyanjula**

Agnes Bojaxhiu y’azaalibwa mu 1910 mu Yugosloavia era mu 1928, y’asalawo okubeera omusisita. Ng’amaze ekiseera kitono ng’ali mu Ireland ekya Bungereza, y’asindikibwa okugenda okwegatta kifo kyabasisita ekiri mu Darjeeling mu mambuka ng’odda ebuvanjuba bwa Buyindi. Bwe yaweza emyaka 21, y’asalawo okuyitibwa Teresa.

Y’asooka na kusomesa essomo lya Geography (essomo erikwata ku nsi nga bwefaanana) mu ssomero ly’abawala e Calcutta. Naye ate waaliwo ebyetaago ebirala bingi mu kibuga ekyo. Waaliyo abantu bangi abatalina we babeera, wabula nga bakola gwa kusabiriza. Bamulekwa, n’abagenge abaabeeranga ku nguudo. Mu 1946, Teresa y’aleka omulimu gw’okusomesa n’atandika okulabirira abanaku mu bifo eby’akanyigo mu Calcutta. Mu 1948 y’afuna obutuuzo mu Buyindi. Mu 1950 y’atandika amaka ag’abamissaani nga basisita.

Omulimu gwe mu ntandiikwa gwali mu baana ng’abayigiriza okwerabirira n’okuyiga okusoma abisookerwako n’okuwandiiika. Y’asooka n’ayingiza abasooka mu 1949 n’abalala bangi baamwegattako mu myaka egy’addirira. Mu 1952, yatandika Kalighat gano gaali maka gaabo abantu abatalina ayamba era yateekawo ettwale ly’abagenge, okusobola okubayamba. Omwaka 2000 we gwatuukira abasista abasuka 3000 baali bamaze okusenga amaka gano, nga baddukanya n’ebifo ebirala mu nsi eziwerera ddala 100.

Y’abeeranga wamu n’abantu be yayambanga. Y’alabiriranga abantu bano kubanga baali bakyetaaga ate ng’atuusibira magoba. Obulamu bwe y’abuwaayo kwagala bantu n’akubakwatirwa kusaasirwa.

Tewaali n’omu yaweereza Yesu wa maama Teresa okwenkana ye. Okuyiga kwaffe okwa leero kukwata ku muzira wa Baibuli eyalaga okwewaayo n’ekisa erinnya lye Luusi.

Ebyafaayo bye.

Olugero lwa Luusi lutegekeddwa mu biseera by'Abalamuzi era bino byaliwo mu kiseera ekitono eky'emirembe ekyali wakati wa Isirayiri n'eggwanga lya Mowaabu.

### LUUSI

(Luusi 1:1-16, 2: 1-12, 4:13-17)

<sup>1.1</sup> Awo olwatuuka mu nnaku abalamuzi ze baalamuliramu , enjala negwa ku nsi. Awo omusajja ow'e Besirekemu Yuda n'agenda okutuula munsu ya Mowaabu, ye ne mukazi we, ne batabani be bombi.

<sup>2</sup> N'erinnya ly'omusajja lyali Erimereki, n'erinnya lya mukazi we Nawomi, n'erinnya lya batabani be bombi Maloni ne Kiriwoni, Abaefulaasi ab'e Besirekemu Yuda. <sup>3</sup> Awo Erimereki bba Nawomi n'afa, naye nasigalawo ne batani be bombi. <sup>4</sup> ne bawasa ku bakazi ba Mowaabu, erinnya ly'omu Olupa, n'erinnya ly'owokubiri Luusi; ne bamalayo emyaka nga kkumi. <sup>5</sup> awo Maloni ne Kiriwoni ne bafa bombi, omukazi n'afirwa abaana be bombi ne bba.

<sup>6</sup> Awo n'alyoka agolokoka ne baka baana be, addeyo ng'ava mu nsi ya Mowaabu; kubanga yali awulidde ng'ali mu nsi ya Mowaabu nga Mukama bwe yajjira abantu be ng'abawa emmere.

<sup>7</sup> N'ava mu kifo mwe yali, ne baka baana be bombi wamu naye; ne batambula ku kkubo okuddayo mu nsi ya Yuda.

<sup>8</sup> Awo Nawomi n'agamba baka baana be bombi nti mugende muddeyo buli omu ku mmwe mu nnyumba ya nnyina. Mukama abakole eby'ekisa, nga mmwe bwe kwakola abaafa era nange. <sup>9</sup> Mukama abawe okulaba okuwummula buli omuku mmwe mu nnyumba ya bba. N'alyoka abanywegera, ne bayimusa eddoozi lyabwe, ne bakaaba amaziga. <sup>10</sup> ne bamugamba nti nedda; naye tuliddayo naawe eri abantu bo”.

<sup>11</sup> Nawomi n'agamba nti “mukyuke nate, baana bange, kiki ekibaagaza okugenda nange? Nkyalina abaana mu lubuto lwange babeere ba bbammwe? <sup>12</sup> Mukyuke nate baana bange mweddireyo; kubanga nkaddiye mpitiridde okuba n'omusajja. Bwe nnayogera nti nsuibira, newankubadde nga mbeera n'omusajja ekiro kino, era ne nzaala abaana ab'obulenzi;

<sup>13</sup> Kale mwandibalindiridde okukula? Kyemuliva muleka okuba n'abasajja? Nedda, baana bange; kubanga nnumwa nnyo ku lwammwe, kubanga omukono gwa Mukama gwafuluma okulwana nange.

<sup>14</sup> Ne bayimusa eddoozi lyabwe, ne bakaaba nate amaziga; Olupa n'anywegera nnyazaala we, naye Luusi ne yeegatta naye.

<sup>15</sup> N'ayogera nti “laba”, “muggya wo azzeeyo eri abantu be n'eri Katonda we; naawe ddayo ogoberere muggya wo”.

<sup>16</sup> Awo Luusi n'ayogera nti “tonnegayirira kukuleta, n'okuddayo obutakugoberera; kubanga gy'onoogendanga , gye nnaagendanga nze, era gy'onoosulanga, gye nnaasulanga nze, abantu bo be bannabanga bantu bange, era Katonda wo Katonda wange”.

## **Ekibuuzo.**

**Bisaanyiizo ki ebibiri ebya Luusi ebiragibwa mu mbooji eno?** (Ekisa n’okwewaayo).

### Ekisa lya Luusi

**Ekibuuzo:** Luusi alaga atya ekisa eri Nawomi? (Luusi teyalina kugenda mu maaso okubeera ne Nawomi oluvannyuma lw’okufa kw’omwami we, naye yasalawo okubeera ow’ekisa eri Nawomi. Teyamulekerera) Ebyawandiikibwa bigamba “Mukama abakole eby’ekisa nga mmwe bwe mwakola abaafa era nange....”.

(Olunyiriri 8)

### Okwewaayo kwa Luusi

**Ekibuuzo:** **Luusi alaga atya okwewaayo eri Nawume?** [Luusi yali mwetegefu okweweerayo ddala eri Nawomi, eri abantu ba Isirayi n’eri Katonda wa Isiraeri].

“Gy’onoogendanga , gye nnaagendanga nze, era gy’onoosulanga, gye nnaasulanga nze, abantu bo be bannabanga bantu bange, era Katonda wo Katonda wange” (Olunyiriri 16). Okwewaayo Luusi kwawa Nawume kuviira ddala mu kika ky’okwagala okutuukiriza ekiragiro kya Katonda. **“Yagala muliranwa wo nga bwe weyagala wekka” (Abaleevi 19:18).** Luusi y’alooza Nawomi byayagala okubeera waggulu we bibye.

**Ekibuuzo: Ki ekitaali kyabulujjo ku kisa n’okweewayo kwa Luusi eri Nawomi?** [Aba Mowaabu n’Abayisirayiri baali balabe ab’olulango] Newankubadde nga kino kyali kiseera kya mirembe. Waali wakyaliwo obukyayi. Newankubadde amawanga gano abiri baali kaakano balinaawoko ku kalembekereza, y’ensonga lwaki Luusi yatwala Nawomi nga mukulu okusinga ebibye byeyali ayagala ng’omuntu.

Nawomi ne Luusi baagenda e Yuda baatuukira mu kabuga kye Beserekemu. Nawomi yalina ow’oluganda lwe eyali omukulu mu kika. Erinnya lye yali ayitibwa Bowaazi. Nawomi ne Luusi baali tebalina kantu. Kati olunaku lumu Luusi n’agenda okulonda engaano mu nnimiro eriranye ekibuga.

## **Ebibuuzo**

1. **Kyali kitya okuba nga Luusi asobola okulonda engaano mu nnimiro z’abantu abalala n’atafuna buzibu bwonna?** (Mu nnaku ezo, waaliwo etteeka nga likkriza abaavu okulonda engaano eba esigaddemu oluvannyuma lw’okungula).
2. **Ennimiro eno olowooza yali yaani Luusi mwe yalonda engaano?** (Luusi yali alonda engaano mu nnimiro ya Bowaazi).

Beserekemu kaali kabuga katono era nga bwekiri nti mu bubuga obutono buli muntu omanyama munne. Olunaku olwo lwennyini Bowaazi asisinkana Luusi bwe yali akola mu nnimiro. Olw’okuba yali mupya mu kitundu, Bowaazi yayagala okumanya kwe kwebuza. Bwe yakizuula n’amuyisa bulungi nnyo.

Luusi 2:8 awo Bowaazi n'alyoka agamba Luusi nti towulira, mwana wange? Togendanga kulonda mu nnimiro endala, so tovanga wano, naye obeeranga wano kumpi n'abawala bange. <sup>9</sup> Amaaso go gabe ku nnimiro gye bannakungulanga, naawe obagobererenga; sikuutidde balenzi obutakukomangako? Era ennyonta bwe neekulumanga, ogendanga awali ensuwa n'onywa ku ago abalenzi ge basenye.

<sup>10</sup> Awo n'avuunama amaaso ge, n'akutama, n'amugamba nti kiki ekindabizza ekisa mu maaso go, ggwe okunnekaanya nze kubanga ndi munnaggwanga?

<sup>11</sup> Bowaazi n'addamu n'amugamba nti bambuulidde ddala byonna bye waakakoze nnyazaala wo balo kasooka afa; era bwe waleka kitaawo ne nnyoko n'ensi gye wazaalirwamu, n'ojja mu bantu be wali tomanyi. <sup>12</sup> Mukama akusasulire emirimu gyo, era oweebwe empeera etebulako Mukama Katonda wa Isiraeri, gwe weeyuna wansi w'ebiwawaatiro bye.

<sup>13</sup> Awo n'ayogera nti ndabe ekisa mu maaso go, Mukama wange; kubanga onsanyusiza era kubanga oyogedde n'omuzaana wo eby'ekisa, newankubadde nga siri ng'omu ku bazaana bo.

<sup>14</sup> Awo obudde bwe bwatuuka okulya Bowaazi n'amugamba nti jjangu olye ku mmere okoze ennoga yo omwenge omukatuufu. N'atuula ku mabbali g'abakunguzi; ne bamuwa siyiri ensiike, n'alya n'akkuta n'alemwa.

**Ebibuuzo: Lwaki olwooza nti Bowaazi yali wa kisa eri Luusi? (Kubanga Luusi naye yayisa bulungi Nawomi ow'oluganda lwa Bowaazi).**

Bowaazi n'addamu "n'amugamba nti bambuulira ddala byonna bye wakakoze nnyazaala wo balo kasooka afa; era bwe waleka kitaawo ne nnyoko n'ensi gye wazaalirwamu, n'ojja mu bantu be wali tomanyiiko. Mukama akusasulire emirimu gyo, era oweebwe empeera etebulako Mukama Katonda wa Isiriyari gwe weeyuna wansi w'ebiwawaatiro bye.

Tewali bigambo birala bya bunnabbi byayogerwa nate. Bowaazi yagenda maaso okulabirira Luusi ne Nawomi, era oluvannyuma yawasa Luusi okuba mukazi we.

## **Ebibuuzo**

1. **Omanyi engeri Luusi ggwe nange gye twasasulwamu Katonda?** (Olw'ebisanyiiizo bye; ekisa n'okwewaayo, Katonda yamukoleramu okutwala enteekateeka ye ey'obulokozi eri ensi). Laba Katonda yawa Bowaazi ne Luusi omwana eyaatumibwa Obedi. Obedi n'azaala Yese.
2. **Omanyi mutabani wa Yesse yaani?** (Dawudi eyali agenda okufuuka Kabaka wa Isirayiri. Okuva mu lunnyiriri lwa Dawudi mwava omuntu ayitibwa Yusufu eyawasa omuwala ayitibwa Mariyaamu eyazaala Yesu; ayitibwa Kristo).

3. **Mazima ki amalala embooji eno getuwa nga gakwata ku Katonda naffe?** (Katonda alina enteekateeka n'ekigendererwa eri buli muntu. Katonda tanoonya banene, b'amaanyi oba bagagga bokka okutuukiriza ekigendererwa kye.

Embooji ya Luusi y'emu eraga ekisa n'okwewaayo. Ebyawandiikibwa bitukubiriza okwewaayo eri Katonda n'eri abalala.

4. **Ngeri ki endala eziyinza okulaga nti tweweereddeyo ddala eri Katonda?** (Okubeera ab'ekisa eri abalala nga Katonda bw'abadde gye tuli, okola okusalawo okulungi mu ngeri gy'okwatamu omubiri gwo, nga kino kitwaliraamu bintu ki by'oyingiza mu birowoozo byo.)
5. **Lwaki kikulu nnyo okusalawo obulungi ku bintu ki by'olina okuyinza mu birowoozo byo?** (Jjukira nti ebiyingira mu birowoozo bisagalayo. Kola ekisoboka okuteekayo ebyo byokka ebirungi era ebirongoofu mu bwongo). Wegendereze nnyimba ki z'owuliriza, bigambo ki ebizirimu, firimu ki z'olaba. Wandyagadde obukaawu, empisa embi bye biba bizannya mu birowoozo byo?

6. **Ngeri ki endala eziyinza okulaga okwewaayo eri abantu?**

- **“Okuwaayo obulamu bwo mu kusaba”....Bakolosaayi 4:2).** Mala ekiseera ne Katonda okuyita mu kusaba n'okusoma ekigambo kya Katonda.
  - **“Okusaamu kitaawo ne nnyoko ekitiibwa” (Okuva 20:12).** Ssaayo omutima eri okugonda n'okuwa abazadde ekitiibwa ne baganda bo bonna.
  - **Ssaayo omutima okwagala buli muntu munno, okuwangana ekitiibwa** (Abaruumi 12:10).
  - **“Ssaayo omutima okukola obulungi”.** Ekigambo kino kyesigwa, ne ku bino njagala ggwe okukakasizanga ddala, abakkiriza Katonda bajjukirenga okussaako omwoyo ku bikolwa ebirungi. Ebyo birungi, era bigase abantu (Tito 3:8). Mala ekiseera kyo ng'okola ekyo ekirungi.
7. **Oyinza otya okutegeera nti okusalawo oba ekikolebwa kirungi?** (Bwoba tokakasa mu kyosalawo oba kirungi, sokka wetegereze oba webuuze kubalala nga tonnakola kusalawo.

## OMUSOMO # 12: SAMWIRI

### Okwejjukanya

Ekibuuzo n’olunyiriri bya wliki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero-

“Omwana Samwiri ne yeeyongera okukula, n’aba muganzi wa Katonda era n’abantu”.

1Samwiri 2:26

Ebisaanyizo: **Obugonzu n’okwewaayo.**

Ekibuuzo eky’okubaganyako ebirowoozo

**Buvunanyizibwa ki bw’olina awaka?**

Eby’okola; oja kwetaaga;

1. Ejjiko
2. Butto
3. Amazzi
4. Ebirungo
5. Eccupa / jaaga

Teeka ebijjiko by’amazzi bibiri mu jaaga ogateko ebirungo. Ssaamu ebijjiko bibiri ebya butto mu jaaga. Bikako ekisaanikira osunde nnyo.

Yogera ku ekyo ekyaliwo nga butto n’amazzi bitekeeddwa wamu. Lwaki olowooza kino kyabaawo? (Tebikolebwa birungo bye bimu). Wadde butto n’amazzi birabikanga ebyetabudde bw’osunda jaaga, biddamu ne byeyawula bw’ossa wansi.

### Ennyanjula

Lin Huo-ping yayagala nnyo omwana omulenzi. Y’asaba nti “ai Katonda”, “nja kuwaayo omwana gy’oli okukuweereza singa mba nzadde mulenzi”.

Ddala Lin Huo-ping yanwerera ku kigambo kye; yawaayo omwana omulenzi okuweereza Katonda. Omulenzi bwe yakula okufuuka omusajja, yayagala erinnya erisika ekifaananyi ky’omulimu gwe ogw’okubuulira ekigambo kya Katonda ng’agabana okwagala kwa Katonda eri abantu be.

Erinnya lye y’alonda litegeeza “omukuumi”.

mu kuyigiriza kwe, yatandika amakkanisa mu mayumba mangi mu China. Amakkanisa gano gagendera ddala mu maaso, n’oluvannyuma lw’Abakominisiti okugezaako okugasanyaawo. Watchman Nee yakwatibwa Abakominisiti n’abeera mu kkomera okutuusa okufa, naye ebyo bye yawandiika bikyayigiriza abantu bangi okwetoolola ensi yonna. (Ekitundu kino kisimbuddwa okuva mu kitabo ky’abazira ekyawandiikibwa Dave ne Neta Jackson, Betyany House 1997, olupapula 93-94)

Watchman Nee teyeetabulatabula n'ensi emwetloodde. Leero okuyiga kwaffe kuli ku mulenzi atetaabulatabula n'ensi emwetloodde. Era tugenda okuzuula engeri gye yasaamu Katonda ekitiibwa ne Katonda engeri gye yamusaamu ekitiibwa.

Ebyafaayo bye:

Maama wa Samwiri yamuwongayo eri Mukama nga tannazaalibwa era yakula aweereza Mukama mu weema (yekaalu mu Yerusaleemi yali tennazimbibwa). Samwiri ye yali omulamuzi eyasembayo mu Isiraeri, era nnabbi Katonda gwe yakozesa okutongoza Kabaka wa Isiriyali eyasooka mu byafaayo.

SAMWIRI  
(1Samwiri)

Waliwo omusajja nga bamuyita Erukaana eyalina mukyala we Kaana. Naatamuzaalira baana. Olunaku lumu n'asaba eri Mukama ne yeeyama ng'agamba nti ..... **“Ne yeyaama obweyamo n'ayogera nti ai Mukama ow'eggye, bw'oliba ng'otunuulidde ennaku omuzana wo zalabye, n'onjijukira n'oteerabira muzaana wo, naye n'owa omuzana wo omwana ow'obulenzi, awo ndimuwa Mukama ennaku zonna ez'obulamu bwe, so n'akamwano tekaliyita mu mutwe gwe”.** (Samwiri 1:11)

**Ekibuuzo: Muzira ki omulala owa Baibuli eyawongebwa yo eri Mukama nga tannazaalibwa?** (Samusooni).

Katonda yaddamu okusaba kwe n'azaala omwana ow'obulenzi n'amutuuma erinnya Samwiri. Kaana n'akuuma obweyamo bwe eri Mukama; Samwiri bwe yakula n'amutwala mu yekaalu. N'amuleeta eri Eri Kabona n'agamba nti “Omwana ono gwe nasaba, eri Mukama yampa ebyo bye nnamusaba; 28 nange kyenvudde mmuwaayo eri Mukama, ng'akyali mulamu aweeredwa yo eri Mukama. Ye n'asinza Mukama eyo (1Samwiri 1:27-28).

**Ebibuuzo;**

1. **Kisanyiizo ki ekikulu ekisooka kye tumanyi ku Samwiri?** (Yasinza Mukama). Ng'akyali muto ddala ng'atanaategeera Katonda ye ng'omuntu, Samwiri yasinza Katonda.
2. **Tuzinza Katonda mu ngeri ki?** (Mu kusaba, okutendereza, okuyimba, endowooza n'empisa).

Waliwo enyiriri endala ssatu ezitulaga embala ya Samwiri.

- (a) **Eri kabona yalina batabani be babiri abatawa Katonda kitibwa naye Samwiri n'aweerezanga mu maaso ga Mukam.....” 1Samwiri 2:18),**
3. **Kiki ky'olaba ku w'oluganda omuto ng'ali ne mukulu we oba mwannyina?** (Ow'oluganda omuto ebiseera ebisinga ayiga empisa za mukulu we.



4. **Lwaki olowooza Samwiri teyayiga mpisa za bali abaali ba musinga obukulu?** (Ekyawandiikibwa kigamba Samwiri yabeeranga mu maaso ga Katonda ebbanga lyonna. (Samwiri 2:18).
5. **Bataata, lwaki kikulu nnyo okuyigiriza abaana ekigambo kya Katonda?** (Okufaanana nga Samwiri, basobole okuyiga okussaamu Katonda ekitiibwa n'okuyiga okukolanga nga ekigambo kya Katonda bwe kiri.

**2...omwana Samwiri n'akulira mu maaso ga Mukama (1Samu 2:2,6).** Samwiri teyaggalira Katonda bweru ng'abaana ba Eri ababiri bwe baakola; yakkiriza ebigambo bya Katonda n'ebiragiro bye.

6. **Abantu b'amaka go basobola batya okukulira mu kubeerawo kwa Mukama?** (Okusaba, okusoma Baibuli, okusinza).

**3 Omwana Samwiri ne yeeyongera okukula, n'aba muganzi wa Katonda era n'abantu (1Samwiri 2:26).**

7. **Baibuli egamba nti omwana Samwiri n'abeera muganzi eri abantu. Kino kitegeeza ki?** (Kino kitegeeza okuyimirira obulungi n'abantu abalala). Samwiri yali aweebwa ekitiibwa era nga buli omu amulowoozaako bulungi olw'okwewaayo eri okuweereza Katonda.
8. **Oyinda otya okweyongera okuganja mu bantu ba maka go n'abalala?** (Leka Samwiri abeere ekyokulabirako. Weekumire mu maaso ga Katonda, era kola ebyo ebinaakuletera bantu abalala okuwa ekitiibwa.
9. **Ngeri ki endala z'osobola okukozesa okumala ekiseera mu maaso ga Katonda?** (Leka Katonda abeere mu ndowooza yo ekiseera kyonna, weeweeyo okumuweereza n'obusobozi bwe yakuwa).

Waliwo ebisanyiizo ebirala ebya Samwiri bye tusobola okwogerako. Ebyawandiikibwa bigamba; **"Era Samwiri yali tannamanya Mukama, so n'ekigambo kya Mukama kyali tekinnamubikkulirwa (1Samuel 3:7).** Samwiri yamala obudde bwe bwonna ng'ayiga Katonda n'engeri y'omuweereza n'omugondera, naye yali tannamumanyira ddala ng'omuntu. Era yali tannategeerera ddala kigenderewa Katonda kye yalina ku bulamu bwe.

10. **Enteekateeka ya Katonda eri Samwiri yali ki?** Okulembera eggwanga lya Isirayiri n'okubaletera obubaka okuva eri Katonda).
11. **Lwaki kyali kikulu nnyo Samwiri okufuna obudde obumala okuyiga Katonda, engeri y'omuweereza n'omugondera?** (Okufaananako ne Musa, ne Yoswa, Samwiri yali ategekebwa okukwasaganya obuvunanyizibwa Katonda bwe yali anaatera okumukwasa okusobola omusanga nga yetegese bulungi).

12. **Lwaki kyali kikulu Samwiri okumanya Katonda ng'omuntu?** (Samwiri yali talina kumanyabumanya ebikwata ku Katonda, wabula okumanya Katonda). Samwiri yali akikiirira Katonda mu maaso g'abantu ba Isirayiri. Kyandibadde kizibu Samwiri okukola omulimu guno obulungi singa yali tatuute budde kumanya Katonda bulungi.
13. **Lwaki kikulu nnyo ggwe okufuna obudde obumala okuyiga Katonda, okuweereza, n'okugonda mu maaso ge?** (Okufaananako nga Samwiri, Katonda alina ekigendererwa n'enteekateeka eri obulamu bwo. Katonda ayagala okkuteekateeka olw'obuvunanyizibwa osobole obutuukiriza obulungi).
14. **Katonda alina kuyaayaana ki eri obulamu bwo leero?** (Katonda alina okuyaayana gy'oli osobole okumumany aggweng'omuntu).
15. Ebyawandiikibwa bigamba **"kubanga omuntu kulimugasa kutya okulya ensi yonna, naye ng'afiiriddwa obulamu bwe) Oba omuntu aliwaayo ki okununula obulamu bwe?" (Mattayo 16:26)** Osobola okubeera ne byonna eby'obugagga, osobola okola byonna ebirungi by'oyagala, obikolera abalala, osobola okuba omulungi mu by'emisannyo, osobole okuba nga weetooloddwa abantu abalungi, naye osigala oli mukalu mu bulamu singa oba toline nkolagana ne Katonda.

Nga Samwiri, Katonda ayagala okusinza kwo, okumuwa ekitiibwa, okuweereza kwo, n'okugonda kwo, naye kyasingira ddala okwagala kwe kusaba Yesu ayingire mu mutima gwo.

16. **Ggwe Yesu omumanyi ng'omuntu omu? Wali oggudewo olugi lw'omutima gwo eri Yesu n'omusaba okuyingira n'okubeera mu gwe?**

Yesu agamba **"Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula; omuntu yenna bw'awulira eddoozi lyange n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali era nnaalira wamu naye, naye nange (Okubikkulirwa 3:20).** Bwoba toggulangawo luggi, Yesu alindiridde okuyingira, era aliyingira n'atandika okukukyuusa mu ngeri ennungi.

## OMUSOMO # 13 (SAWULO EKITUNDU 1)

Okwejjukanya:

Ekibuuzo n'olunyiriri bya wiki ewedde.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

**“Weesigenda Mukama n'omutima gwo gwonna. So teweessigamanga ku kutegeera kwo ggwe; mwatulenga mu makubo go gonna, kale anaalungamyanga olugendo lwo” (Engero 3:5,6).**

Ebisaanyizo: **Okugonda n'okwewaayo.**

Ekibuuzo ekyokubaganyaako ebirowoozo.

**Singa oloneddwa ku bukulembeze bwa Uganda, Ki kye wandibadde osooka okukola?**

Ennyanjula

Kigambibwa nti “bwe yakizuula nti emmeeme ye yali yetaaga Yesu Kristo, kyamuviiramu okufuna okuyaayaana okutwala Yesu eri buli mmeeme”

Ku myaka 44, y'afuna obutawummula munda mutima yali alabye ebikumi ne bikumi by'emwoyo nga girokoka namakkanisa nga gasimbibwa. Naye emmeeme ye yali ebuguma n'okuyaayaana okutoogerekeka okutuukiriza okusuubiza kwa Mukama we; **ddala ddala mbagamba nti akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene....”(John 14:12)**

Bw'osoma ekitabo kya Charles Finney eyali mubuulizi w'enjiri wakati n'emyaka egisembayo egya 1800, yayogera ku mateeka ag'omwoyo agafuga amakungula g'emyoyo (abantu nga bafuna Yesu Kristo nga omulokozi waabwe) nti ga ddala, ageessigamwako okufaananako naago agafuga amakungula. Charles Finney agamba nti yali agenda kunoonya amateeka ag'omwoyo bwe gali era agagondere si songa kitwala muwendo ki.

Yatandiika okusomera ddala buli kitundu kyonna mu Baibuli ekikwata ku mwoyo omutukuvu. Buli lunaku yakeeranga essaawa kkumi nnemu oba nga tezzinnawera okusoma Baibuli n'okusaba okujjuzibwa omwoyo. Olunaku lumu akawungeezi bwe yali ayogera n'ekibiina ky'abawuliriza nga si balokole, yalaba okulimirizibwa nga kwewandiise kyenkana ku buli omu n'ayimirira ku lwa Yesu.

Nga wayiseewo ekiseera kitono oluvannyuma, yakyala e Kkoleya era yassiikuulibwa engeri eyenjawulo Katonda gye yafuka omukisa ku bantu b'e Kkoleya; bye yasinga okussaako essira lwe lunyiriri “si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange” (Zekka 4:6). Abantu b'e Kkoleya beewaayo eri omwoyo wa Katonda ne bafuna amaanyi ag'omwoyo.

Jonathan Goforth yali mu missaani mu China okuva mu 1888-1933 (ono tujja mwogerako mu bujjuvu mu musomo # 22).

Ono yali amanyi nti bwoba oyagala Katonda okukozesa ennyo, oline okweweerayo ddala gyali; Katonda asobole okukoleramu ennyo. Olwa leero tugenda kulaba Sawulo Kabaka ayasooka owa Isiraeri era tujja kuyiga engeri Katonda gy'asobola okola eby'amaanyi okuyita mufte.

#### Ebyafaayo bye:

Jjukira nti Samwiri ye mulamuzi eyasembayo mu Isirayiri. Samwiri bwe yakula nakaddiwa, yalonda abaana be ng'abalumuzi eri Isirayiri. Naye tebagoberera kya kulabirako kya Samwiri era tebaali beesimbu. Kati abakadde bonna aba Isiraeri baakungaana wamu ne bajja eri Samwiri ne bamugamba nti "abaana bo tebagoberera Katonda nga ggwe, kaakano tulondere kabaka atukulembere nga amawanga amalala". Samwiri naatwala okusaba kwa abakadde eri Mukama.

Katonda yakitegeera nti abaana ba Isirayiri bamuganye okuba kabaka, naddamu Samwiri namugamba nti bawulirize era obawe kabaka nga bwe basabye.

#### **Ebibuuzo:**

1. **Ki ekikwawula ku bantu abalala bonna ku nsi?** (Katonda yakubumba mu lubuto lwa maama wo, enjala z'engalo zo, ekikula kyo, omubiri gwo, obusobozi bwo byonna byakolebwa nga bikufuula wanjawulo okuva ku balala).
2. **Okutuukira ddala ku kiseera ekyo, ki ekyali kifuula Isiraeri okuba eyenjwulo okuva ku mmawnaga amalala gonna?** (Katonda ye yali kabaka waabwe).
3. **Lwaki kaakano baagaana Katonda okuba kabaka waabwe?** (Baali baagala okufaanana ng'amawanga amalala).

#### Sawulo (Ekitundu 1)

(1Samwiri 8:10)

**9:1 Awo waaliwo omusajja wa Benyamini, erinnya lye Kiisi, mutabani wa Abiyeeri, mutabani wa Zeroli, mutabani wa Afia.....<sup>2</sup> era yalina omwana erinnya lye Sawulo, omulenzi omulungi; so mu baana ba Isirayiri temwali muntu eyamusinga obulungi...(1Samwiri 9:1-2).**

Baibuli eraga bulungi engeri Katonda gyalagamu enteekateeka ye eri Samwiri okuwa Isirayiri kabaka. <sup>16</sup> "nti enkya nga mu kiseera kino nnaaweereza gyoli omusajja ava mu nsi ya Benyamini, era olimufukako amafuta okuba omukulu w'abantu bange Isirayiri, era ye alilokola abantu bange mu mukono gw'Abafirisuuti kubanga ntunuulidde abantu bange, kubanga okukaaba kwabwe kutuuse gye ndi. (1Samwiri 9:16).

Samwiri n'asanga Sawulo n'amugamba nti Katonda yali amulonze okuba kabaka wa Isirayiri nti ye yali omuntu Isirayiri gwe yali erindiridde. **9:21 Sawulo n'addamu n'ayogera nti "nze siri mubenyamini, ow'omu kika ekisinga obutono mu bika bya Isiraeri? n'ennyumba yange si ye esinga obutono mu nnyumba zonna ez'ekika kya Benyamini? Kale kiki ekikwozeza nange bw'otyo? (1Samwiri 9:21).**

**Ekibuuzo: Okuddamu kwa Sawulo kuwulikika nga okufaanana n’okwa balala mu Baibuli Katonda be yali alonze okuba abakulembeze ba bantu be? (Musa, Gidyoni).**

Oluvannyuma lwa Samwiri okuwa Sawulo ebiragiro n’amugamba nti **6 “awo omwoyo gwa Mukama gunajja ku ggwe n’amaanyi, n’olagulira wamu nabo, n’ofuuka okuba omuntu omulala. 7 Awo olunaatuuka, obubonero obwo nga bukutuuseeko, okukolanga ng’omukono gwo bwe gunaasanga bwe biri, kubanga Katonda ali naawe.**

**8 “Era ononkulemba n’oserengeta e Girigaali, nange, laba ndiserengeta gy’oli, okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa n’okusala ssaddaaka ez’ebiweebwayo olw’emirembe; olimalayo ennaku musanvu ndyoke njije gy’oli nkutegeeze by’oba okola.”**

**9 Awo olwatuuka bwe yakyusa emabega ge okuva Samwiri waali, Katonda n’amuwa omutima omulala; obubonero obwo bwonna ne butuukirira ku lunaku olwo”. (1Samwiri 10:6-9).**

**10:17 Samwiri nayita abantu n’abakungaanyiza eri Mukama e Mizupa; 18 n’agamba bwatyo abaana ba Isirayiri nti bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa Isirayiri nti naggya Isirayiri mu Misiri ne mbalokola mu mukono gw’abamisiri ne mu mukono gw’obwakabaka bwonna obwabajooganga;**

**19 naye leero mugaanyi Katonda wammwe, abalokola yennyini mu nnaku zammwe zonna n’obuyinike bwammwe; era mumugambye nti nedda naye saawo Kabaka atufuge. Kale nno kaakano mwe yanjule mu maaso ga Mukama ng’ebika byammwe bwe biri, era ng’enkumi zammwe bwe ziri.**

**20 Awo Samwiri n’asembeza ebika byonna ebya Isirayiri, ekika kya Benjamini ne kitwalibwa. 21 n’asembeza ekika kya Benjamini ng’ennyumba zaabwe bwe zaali, ennyumba ey’Abamateri n’etwalibwa; Sawulo mutabani wa Kiisi n’atwalibwa; naye bwe baamunonya, ne batayinza kumulaba, 22 Awo ne beeyongerera okubuuza Mukama nti “ekyasigaddeyo omusajja ow’okujja eno?”**

Mukama n’addamu nti laba, yeekwese mu bintu. (1Samu 10:17-21).

**23 Ne badduka mbiro ne bamuggyayo, awo bwe yayimirira mu bantu ng’asinga abantu bonna obuwanvu okuva ku bibegabega bye n’okwambuka. 24 Awo Samwiri n’agamba abantu bonna nti mulabe oyo Mukama gw’alonze nga tewali amwenkana mu bantu bonna? Abantu bonna ne boogerera waggulu nti kabaka abeere omulamu. (1samwiri 10:17-24)**

**Ebibuuzo:**

- 1. Musa, Gidyoni, ne Sawulo baali bafanaaganya ki? (Baali bantu ba bulijjo mu kusooka abatekkiririzaamu nti baali basobola okola ekyo Mukama kye yali abagambye).**
- 2. Lwaki Katonda yalonda Sawulo okubeera kabaka? Katonda yamanya nti Sawulo yalina ebisanyizo by’okubeera omukulembeze ow’amaanyi.**
- 3. Katonda yakola ki okusobola okuyamba Sawulo okubeera kabaka? (Katonda yamuwa omwoyo gwe okusobola omuyamba okutuukiriza ebyo Katonda bye yali ayagala akole).**

4. **Ki ekyo ekyali kiziyiza Sawulo okukkiriza nti yali asobola okubeera kabaka ow'amaanyi?** (Sawulo yali teyekkiririzaamu, yatuuka n'okwekweka bwe baali bannatera okumulaga abantu nga kabaka).
5. **Kiki ddala ekyali kimulemesezza?** (Okukkiriza kwe n'obwesige bwe mu Katonda) Sawulo teyesiga nti Katonda yali avunanyizibwa okumuyamba amusobozese okubeera omukulembeze ow'amaanyi.
6. **Lowooza ku Musa, Gidyoni, ne Sawulo? Kya kulabirako ki ekya abakulembeze abaloneddwa Katonda kye batuyigiriza leero?** (Okufaananako Musa, Gidyoni ne Sawulo, osobola okolera Katonda eby'amaanyi). Baibuli egamba nti **"Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna; mwatulenga mu makubo go gonna, kale anaalungamyanga olugendo lwo (Engero 3:5,6).**
7. **Katonda ayinza atya okukozesa okumukolera eby'amaanyi?** (Jjukira, gaba maanyi ga Katonda agakolera mu ggwe okutuukiriza ekigenderewa kye). Katonda yakutonda ng'oli wa njawulo okusobola okutuukiriza ekigendererwa kye okuyita mu ggwe. Kubanga engeri gye yakukola, ne wa gy'akutadde, tewali ayinza okukola ggwe kye yakutondera okukola.
8. **Ggwe olina kukola kitundu ki mu mulimu?** (Omulimu gwo kwe kubeerawo kwo, okwesiga n'okugondera Katonda). Saba Katonda akubuulire kyayagala omukolere era asobole okuyamba okutuuka ku buwanguzi.

Sawulo muzira wa Baibuli. Yakolera Katonda eby'amaanyi nga bwe tunaabyogerako mu kuyiga okuddako. Nate era tujja kwogera ne ku nsobi ze yakola mu kusalawo kwe. Ensobi Sawulo n'abantu ba Isirayiri ze bakola era n'engeri Katonda gye yakola okuyita mu kusalawo okwo okuwa abantu be omukisa.

## **OMUSOMO # 14 SAWULO (Ekitundu 2).**

### Okwejjukanya:

Ekibuuzo n’olunyiriri ebya w iiki ewedde.

### **Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:**

Kyokka mutyenga Mukama mumuweerezenga mu mazima n’omutima gwammwe gwonna; kubanga mulwooze ebigambo bye yabakolera bwe byenkana obukulu (Samwiri 12:24).

### Ekibuuzo ekyokubaganyaako ebirowoozo.

Olondeddwa okuba kaputeeni wa tiimu yo ey’ebyemizannyo. Oweereddwa ebiragiro nga birambulukufu bulungi ebikwata ku buvunanyizibwa bwo. Singa osalawo okubivaako n’okola ebibyo, biki ebiyinza okuva mu nsalawo yo?

### Ebyafaayo:

Mukama yamanya abantu ba Isirayiri nga bamuganyi okuba kabaka. Mukama n’alagira Samwiri okufuka amafuta ku Sawulo okubeera kabaka wa Isiraeri asooka. Sawulo yatutumuka nnyo mu bantu ba Isiraeri. Nga Sawulo amaze okukasibwa okuba Kabaka, yayogera eri eggwanga lyonna erya Isirari.

#### Sawulo(Ekitundu 2)

(ISamwiri 12:12-25.)

**<sup>12</sup> Awo bwe mwalaba nga Nakkasi kabaka w’abaana ba Amoni ng’atabadde, ne mugamba nti nedda, naye kabaka ye alitufuga; Mukama Katonda wammwe nga ye kabaka wammwe. <sup>13</sup> Kale nno kaakano laba Kabaka gwe mulonze era gwe musabye; era, laba Mukama ataddewo Kabaka okubafuga. <sup>14</sup> Bwe munaatyanga Mukama ne mumuweerezanga ne muwuliranga eddoozi lye ne mutajeemeranga kiragiro kya Mukama, mmwe era ne Kabaka abafuga ne mugobereranga Mukama Katonda wammwe, kale; <sup>15</sup> naye bwe mutaawulirenga ddoozi lya Mukama, naye ne mujeemeranga ekiragiro kya Mukama, awo omukono gwa Mukama gunaalwananga nammwe nga bwe gwalananga ne bajjammwe.**

**<sup>16</sup> Kale nno kaakano muyimirire buyimirize mulabe ekigambo kino ekikulu Mukama ky’anaakolera mu maaso gammwe. <sup>17</sup> leero siga makungula engaano? Nasaba Mukama aweereze okubwatuuka n’enkuba, awo munaamanya ne mulaba ng’obubi bwammwe bunene bwe mwakola mu maaso ga Mukama nga mwesabira kabaka.**

### **Ebibuuzo:**

- 1. Lwaki abantu batya nnyo Mukama ne Samwiri olw’okubwatuka n’enkuba mu biseera eby’amakungula. (Enkuba yali tetonnyangako mu biseera eby’amakungula).**



2. **Samwiri yatuukiriza ki olw'enkuba okutonnya?** Wadde nga mu kiseera kino Israeri yali erina kabaka, Samwiri yayagala abantu ba Isiraeri bamanye nti Katonda akyafuga era balina omugondera.

**18 Awo Samwiri n'asaba Mukama; Mukama n'awereeza okubwatuka n'enkuba ku lunaku olwo; abantu bonna ne batya nnyo Mukama ne Samwiri.**

**19 Abantu bonna ne bagamba Samwiri nti sabira abaddu bo eri Mukama Katonda wo tuleme okufa; kubanga twongedde ku bibi byaffe byonna n'ekibi kino, okwesabira kabaka.**

**20 Samwiri n'agamba abantu nti temutya; okukola mwakola ekibi kino kyonna; naye temukyamanga obutagobereranga Mukama, naye muweerezenga Mukama n'omutima gwammwe gwonna;**

**Ekibuuzo: Ebigambo bya Samwiri byaleetera ki abantu ba Isiraeri okutegeera?**  
(Nti baali bononye okugaana Katonda okubeera kabaka waabwe).

**21 so temukyamanga; kubanga kwekwandibadde okugoberera ebitaliimu ebitayinza kugasa newankubadde okulokola, kubanga tebiriimu. 22 kubanga Mukama taayabulirenga bantu be olw'erinnya lye ekkulu; kubanga Mukama yasiima okubeefuulira yekka eggwanga. 23 era nze kiddire eri nze okusobya ku Mukama nga ndekayo okubasabira; naye naabayigirizanga ekkubo eddungi eggolokofu. 24 Kyoka mutyenga Mukama mumuweerezanga mu mazima n'omutima gwammwe gwonna; kubanga mulwooze ebi gambo bye yabakolera bwe byenkana obukulo.**

**25 naye bwe muneeyongerera nga okukola ebibi, mulizikirira mmwe era ne kabaka wammwe.**

**Ebibuuzo:**

- 1. Samwiri ki kyalagira abaana ba Isiraeri okukola?** (Obutakyamanga kuva ku Mukama naye wabula bamuweerezenga n'omutima gwabwe gwonna).
- 2. Kya kuyiga ki Samwiri kyatuyigiriza leero ku kusaba?** (Atuyigiriza okusabira abo abakyanye okuva ku Mukama)
- 3. Samwiri atuyigiriza ki leero ku okuteeka obwesige bwaffe mu bantu okusinga Katonda?** (Eggwanga lyaffe liba ligwa mu katyabaga singa tukyama okuva ku Katonda).
- 4. Bubonero ki obulabula bw'olaba obulaga nti eggwanga lyaffe liwabye okuva ku Katonda?** (Soma okuyita mu mateeka ekkumi ate kwata olupapula lw'amawulire soma oyite mu lupapula olusooka, olabawo ki?)

**Nga akulembere okuyiga, twala akiseera okulembere ekibiina mu kusaba; eggwanga lyaffe lisobole okuva mu bubu lidde eri Katonda.**



Isiraeri okusalawo okugaana Katonda okubeera kabaka waabwe si kwe kwali okuteesa kwa Katonda. Samwiri yakimanya nti singa abantu basa obwesige bwabwe mu Sawulo okusinga Katonda, kyali kya kubaviiramu obuzibu kwe kubajjukiza. Twakamala okulaba okusalawo okubi okw'eggwanga lya Isiraeri. Leka tulabe oba Sawulo yasobola okwekuuma ebiragiro bya Katonda. Ka tusome 1Samwiri 13:7-14 era tulabe ki ekyabaawo.

### **Okusalawo kwa Sawulo:**

Yonasaani mutabani wa Sawulo yali alumbye olusiisira lw'Abafirisuuti. Abafirisuuti nga bakunganyiza eggwe eddene, nga lisinga obunene eggwe lya Isiraeri. Abasajja aba Isiraeri bwe balaba nga embeera nzibu era nga bali mu mattigga, abantu beekweka n'abala ne badduka. Sawulo n'abasajja be baali mu kifo ekiyitibwa Girugaali.

**<sup>7</sup> Era abamu ku Baebbulaniya baali basomose Yoludaani ne bagenda mu nsi ya Gaadi ne Gireyaadi; naye Sawulo yali ng'akyali e Girugaali, abantu bonna ne bamugoberera nga bakankana.**

**<sup>8</sup> N'amala ennaku musanvu ng'ebiro bwe byali Samwiri bye yateekawo; naye Samwiri nga tanajja e Girugaali, abantu be basaasaana nga bamuvaako. <sup>9</sup> Sawulo n'ayogera nti "Ndeetera wano ekiweebwayo ekyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe".**

**Ekibuuzo: Ojjukira okuva mu kuyiga kwa wiki eyagwa ki Samwiri kyeyagamba Sawulo okukola e Gilugaali?** (Samwiri yagamba Sawulo obutawaayo kiweebwayo eri Katonda okutuusa nga amaze okutuuka kubanga kyali kiragiro ekivudde eri Katonda).

**Awo olwatuuka nga kyajje amale okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa, laba, Samwiri n'ajja; Sawulo n'afuluma okumusisinkana amulamuse.**

**<sup>11</sup>.Samwiri n'ayogera nti okoze ki? Sawulo n'ayogera nti kubanga n'alabye ng'abantu basaasaanye nga banvaako so naawe nga tojja mu biro ebyatekebawo n'Abafirisuuti nga bakungaanidde e Mikiimasi; <sup>12</sup> kyennavudde njoger nti Abafirisuuti bannaaserengeta e Girugaali okulwana naye, so sinnaba kwegayirira kisa kya Mukama; kye nnavudde neegumikiriza n'empaayo okiweebwayo ekyokebwa. <sup>13</sup> Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti wakoze kya busirusiru; tokutte kiragiro kya Mukama Katonda wo kyakulagigira; kubanga kaakano Mukama yandinywezezza obwakabaka bwo ku Isiraeri ennaku zonna.**

**<sup>14</sup> naye kaakano obwakabaka bwo tebuliba bwa lubeerera; Mukama yeenonyerezza omusajja alinganga omutima gwe ye, era Mukama amutaddewo okuba omukulu w'abantu be, kubanga tokutte ekyo Mukama kye yakulagira (1Samwiri 13:7-14).**

**Ebibuuzo:**

- 1. Lwaki yali alagidde Sawulo okulinda okutuusa nga atuuse balyoke baweeyo ssaddaaka eri Mukama? (Mukama yayagala okumugondera ddala).**
- 2. Samwiri yakola kulabula ki eri Sawulo n'abantu ba Isirayiri nga Sawulo amaze okufuuka kabaka? (Yabalabula okutya Mukama n'omuweereza mu bwesigwa n'omutima gwabwe gwonna. Singa bagenda mu maaso okuva ku Mukama, eggwanga lyonna lyali lya kusaanawo).**
- 3. Omanyi ebyava mu Sawulo obutaagondera Katonda bwe byali? (Samwiri yagamba Sawulo nga bwe yali ajeemedde Katonda, Mukama yali amuganye okubeera kabaka wa Isirayiri.**

4. **Lwaki olowooza nti ekikolwa kya Sawulo kyamuviiramu ebikaawa?** (Kabaka aloneddwa Katonda yali alina okubeera eky'okulabirako eri Isirayiri yonna engeri omuntu gy'atambulira mu bulamu obugondera Katonda. Katonda yali yetaaga omusajja anaba omugonvu ddala).

Sawulo yali muzira wa Baibuli. Yakolera Katonda ebintu bingi eby'amaanyi. Naye n'abazira basobola okola okusalawo okubi; era baba nabo balina okusisinkana ebyo ebiva mu kusalawo obubi.

5. **Kitegeeza ki okusasula omutango olw'ebikilwa byaffe?** (Okututwala nga tuvunanyizibwa olw'okusalawo kwe tukola).
6. **Lwaki kikulu nnyo okuyiga okwettika obuvunanyizibwa?** (Buli kusalawo kw'okola, waliwo omuntu omulala gwe kukosa oba gwe kukola obulungi). Mu kuyiga okwettika obuvunanyizibwa, otandika okuzimba mu gwe embeera ey'okumanya ekituufu n'ekikyamu, okumanya empisa ezikkirizibwa ne zitakkirizibwa).
7. **Osobola otya okuyiga okuba ow'obuvanyizibwa?** (Nnyweza obuvunanyizibwa bwo kubanga bulina engeri gye butuuka ku balala, n'ebintu ebikulu gy'oli; okugeza, by'olina okola bwe bitakolebwa, tewali asobola kufuna mukisa ogwo naawe kennyini osobola ogufiirwa).
8. **Tuyiga ki mu kikulwa kya Sawulo eky'obutagonda leero?** (Nga Sawulo bwe yasisinkana ebyo ebiva mu kusalawo kwe okubi, naffe singa tukola okusalawo okubi tubisisinkana).

Bulijjo tekiba kyangu okola okusalawo okulungi. Bw'osisinkana obuzibu mu kusalawo, jjukira ebigambo bya Samwiri; **“kyokka mutyenga Mukama mumuweerezenga mu mazima n'omutima gwammwe gwonna; kubanga mulwooze ebigambo bye yabakolera bwe byenkana obukulu” (1Samwiri 12-24)**

## OMUSOMO # 15 DAWUDI: KABAKA MUNDA

### Okwejjukanya:

Ekibuuzo n’olunyiriri ebya wiki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“..... naye Mukama tatunuulira maaso ge newankubadde embala ye bweri empanvu; kubanga amuganye:kubanga Mukama talaba nga abantu bwe balaba kubanga abantu batunuulira okufaanana okwo kungulu naye Mukama atunuulira mutima” (1Samwiri 16:7).**

Ebisaanyizo: Omutima ogulinga ogwa Katonda.

### Ennyanjula:

Lumu byali biseera bya bunnyogovu kabaka omuluumi ayitibwa Licinius (250-325AD), yakola enteekateeka ey’okusanyaawo abakristaayo bonna mu bwakabaka bwe. Ekibinja ky’abasirikale be ekyali kisinga obulungi ekyayitibwanga “eky’okubwatuka” nga kikulemberwa omukulu ayitibwa Sempronius. Ekibinja kino mu mwaka ogwo kyakola olusiisira mu kibuga ekiyitibwa Sebaste.

Kabaka Licinius yakitegeerako nti abamu ku basirikale be abaali baweerera ddala amakumi ana baali bafuuse bakristaayo, yawa ekiragiro babambule engoye zonna babase wakati mu bunnyogovu.

Okumpi awo waaliwo ennyumba n’alagira omuliro gukumibwe, ebbugumu libeere munda mu nnyumba; era bategeke n’emmere emmala eri buli mujaasi yenna eyali omwetegefu okwegaana okukkiriza ayingire mu nnyumba.

Obudde bwe bwasemberera okuziba, bangi ku bajaasi bano ne basembera wamu okusigala nga babuguma ne begattirawamu mu ssaala nga bagamba nti Ayi Mukama, abamegganyi amakumi ana bavuddeyo okulwana ku lulwo. Ayi Mukama bawe obuwanguzi.

Mu kiro, omu ku bo n’awulira nga takyasobola kweyongerayo n’ava mu butiti n’ayingira mu nnyumba. Eyali akulira ekibinja Sempronius n’abaali bakuuma nga balaba. Abalala abasobola basigala basaba ayi Mukama, abamegganyi amakumi ana bavuddeyo okulwana ku lulwo. Ayi Mukama bawe obuwanguzi.

Nga bukedde, essaala yaabwe yali eddiddwamu; mu kiro Sempronius akulira ekibinja, yawulira okulumirizibwa olw’obwesigwa bw’abasajja be wakati mu butiti, yayimirira mu maaso g’abasajja be n’alangerira nga bwafuuse omukristaayo. Naye yeyambula engoye zonna n’atambula wakati mu butiti okwegatta ku b’oluganda mu Kristo. We bwakeerera enkya, emwoyo amakumi ana nga gyetolooddwa ekitiibwa gyayimirira mu maaso g’ekitiibwa kya Yesu Kristo nga kibikuliddwa. Nga ne yali akulira ekibinga ng’abeegasseeko.

Sempronius y’akitegeera nti Katonda yali ayagala omutima gwe. Leero tujja kuisinkana omulenzi Katonda gwe yalonda okuba kabaka mu kifo kya Sawulo olw’omutima gwe.

### Ebyafaayo bye

Kubanga Sawulo yali aganye ekigambo kya Mukama, ne Katonda yali amuganye okuba kabaka wa Isirayiri. Samwiri agamba Sawulo; awo Samwiri n'amugamba nti” **Mukama akuyuzizzaako obwakabaka bwa Isirayiri leero, n’abuwa muliraanwa wo akusinga obulungi**” (1Sam 15:28).

### Dawudi (Ekitundu 1) (1 Samwiri 16:1-12)

**Awo Mukama n’agamba Samwiri nti ‘olituusa wa okunakuwalira Sawulo nze nga mmaze okumugaana okuba kabaka wa Isiraeri? Jjuza ejjembe lyo amafuta ogenda, naakutuma eri Yese omubesirekemu; kubanga neerabidde kabaka mu batabani be”.**

**<sup>2</sup> Samwiri n’ayogera nti “nnyinza ntya okugenda? Sawulo bw’alikiwulira, alinzita”. Mukama n’ayogera nti twala ente enduusi ogende nayo oyogere nti nzize okuwaayo ssaddaka eri Mukama.**

**<sup>3</sup> N’oyita Yese ajje ku ssaddaaka, nange ndikulaga bw’olikola; era olinfukira amafuta ku oyo gwe ndikwatulira erinnya.**

**<sup>4</sup> Awo Samwiri n’akola enkya Mukama kye yayogera n’ajja e Beserekemu. Abakadde b’ekibuga ne bajja okumusisinkana nga bakankana ne booger anti “ozze mirembe”?**

**<sup>5</sup> n’ayogera nti mirembe; nzizze okuwaayo ssaddaka eri Mukama; mwetukuze mujje nange tugende ku ssaddaaka.**

**<sup>6</sup> Awo olw’atuuka nga batuuse n’atunuulira Eriyaabu n’ayogera nti mazima Mukama gw’afukako amafuta ali mu maaso ge.**

**<sup>7</sup> Naye Mukama n’agamba Samwiri nti totunuulira maaso ge newankubadde embala ye bw’eri empanvu; kubanga mugaanyi; kubanga Mukama talaba ng’abantu batunnulira okufaanana okw’okungulu, naye Mukama atunnulira mutima.**

**<sup>8</sup> Awo Yese n’alyoka ayita Abinadaabu n’amuyisa mu maaso ga Samwiri. N’ayogera nti so n’oyo Mukama tamulonze. <sup>9</sup> Awo Yese nayisaawo Samma. N’ayogera nti so n’oyo Mukama tamulonze. <sup>10</sup> Yese n’ayisa mu maaso ga Samwiri musanvu ku batabani be. Samwiri n’agamba Yese nti Mukama talonze abo. <sup>11</sup> Samwiri n’agamba Yese nti abaana bo bonna bali wano? N’ayogera nti ekyasigaddeyo omuto, era laba alunda endiga. Samwiri n’agamba Yese nti tuma bamukimel kubanga tetuutuule okutuusa lw’anajja eno.**

**<sup>12</sup> N’atuma n’anuyingiza. Era yali mummyufu n’amaaso ge nga malungi era eyeegombewwa okutunuulira. Mukama n’ayogera nti Golokoka omufukeko amafuta; kubanga ye wuuyo”.**

**Ekibuuzo: Singa ggwe wali Samwiri, wandironze Dawudi okuba kabaka? (Mu kusooka omutunuulira nandibadde mulowoozaako luvannyuma).**

Yese bwe yakimanya nti omu ku batabani be yali anaatera okufuulibwa kabaka – n’atumya batabani okujja okuyimirira mu maaso ga Samwiri. Nkakasa nti Yese yategeka mutabani we asinga obukulu, obunene n’amaanyi mu maaso ga Samwiri awo nno nalyoka alindirira Samwiri omutikkira obwakabaka. Naye si bwe kyali. Samwiri ng’amaze okubalaba bonna abayita mu maaso ge; temwali Katonda gwe yali alonze – teyamulabamu mu basajja naye yalaba mulenzi!

Dawudi si ye yali omunene, omukulu, era ow’amaanyi asinga mu maka ga Yese – ye yali asinga obuto, emyaka nga 12. Mu maaso ga kitaawe ne ku lukalala nga taliiko – taata teyamulowoozanako okola omulimu ogwo. Mu ndabika ye Dawudi yali tafaanana kuba kabaka. Naye Katonda yali amukebedde munda nga amulabamu kabaka.

**Ekibuuzo: Katonda akozesa nkola ki okumanya omuntu kyali?** (Katonda atunuulira mutima).

Ka tusinginkane Dawudi mutabani wa Yese eyava mu kabuga akatono akayitibwa Beserekemu, aloneddwa Katonda okuba kabaka wa Isirayiri. Bwe weyongera okutunuulira Dawudi, oyinza omulabamu ebisanyizo Katonda by’ayagala gwe okuba nabyo.

1. Omusajja alina omutima ogulinga ogwa Katonda.

Dawudi ayanjulwa gye tuli ng’omusajja alina omutima ogulinga ogwa Katonda. (1Samwiri 13;14).

**Ekibuuzo: Kitegeeza ki “omuntu okuba n’omutima ogulinga ogwa Katonda?”** (Kwe kubeera ng’olina ebisanyizo n’obubonero obufaanana obwa Katonda. Okubeera mu ngeri essanyusa Katonda, embala ya Katonda okulabikira mu bulamu bwo; okubeera omubaka we).

Dawudi yategeera engeri Katonda gy’ayagalamu omuntu okubeera mu bulamu ng’agondera Katonda. (Jjukira okugonda kukuyamba okubeera mu bulamu Katonda bw’ayagala, ng’otabula olugendo olw’okufuukira ddala nga ye).

2. Obuvunanyizibwa:

Dawudi yali musumba. Kino Katonda kye yagamba Dawudi okuyita mu Nasanayiri nnabbi “kale nno bw’otyo bw’oba ogamba omuddu wange Dawudi nti bw’atyo bw’ayogera Mukama ow’eggye nti nakuggya ku kisibo ky’endiga, ng’ogoberera endiga, obeere omukulu w’abantu bange, owa Isiraeri. (2Sam 7:8).

**Ebibuuzo:**

**1. Buvunanyizibwa bwa kika ki Dawudi bwe yayiga okuva mu kubeera omusumba?** (Ekisibo kyali mu mikono gye okiriisa n’okukirabirira. Omusumba amanya endiga ze zonna).

Kaakano Katonda yawa Dawudi ekisibo ekijja akirabirire – be bantu ba Isiraeri.

**2. Endiga ziraba zitya omusumba?** (Endiga zimanyi eddoboosi ly’omusumba, era zanguwa okuddamu bwe ziwulira eddoboosi lye. Endiga tezisobola kuddamu okutuusa nga zitegedde omusumba n’eddoboosi lye. Kino kibaawo oluvannyuma lw’omusumba okuzimba obwesigwa mu kisibo kye).

3. **Musumba ki omulala Baibuli gwe tugamba ko?** (Yesu Kristo). Yesu agamba nti “**nze musumba omulungi; era ntegeera ezange, n’ezange zintegeera (Yokaana 10:14).** Baibuli egamba nti tuli bantu ba Katonda, endiga eze ddundiro lye (Zab 100:3). Katonda akulabirira ng’omusumba bw’alabirira ekisibo).

Obuvumu:

**Ekibuuzo:** **Lwaki kitwala buvumu okubeera omusumba?** (Omusumba alina okukuuma ekisibo eri abalabe). Dawudi ng’amaze okumatiza kabaka Sawulo okumukkiriza okulwana ne Goliyaasi, yagamba nti Dawudi n’agamba Sawulo nti **omuddu wo yakuumanga endiga za kitaawe; awo bwe wajjanga empologoma oba eddubu n’eggya omwana gw’endiga mu kisibo, ne nfulumanga ne ngigoberera ne ngikuba ne ngiwonya nga ngiggya mu kamwa kayo; awo bwe yangolokokerangako ne ngikwata ku kirevu kyayo ne ngikuba ne ngitta (1Samwiri 17:34-35).**

**Ekibuuzo:**

Yesu yalaga atya obuvumu? (Yawaayo obulamu bwe ku lw’endiga ze – ffe).

4.Omuweereza:

**Ekibuuzo:**

1. **Kitegeeza ki okubeera omuweereza?** (Omuweereza asisinkana eby’etaago by’abalala, era alowooza ku by’abalala okusooka). Dawudi yeyogerako ng’omuweereza ate Katonda amwogerako ng’omuweereza we.
- **Lwaki Katonda alowooza nti okubeera omuweereza kikulu nnyo?** (Ekyawandiikibwa kyogera nti 2:5 “**Mwe mubeerengamu okulowooza kuli, era okwali mu Kristo Yesu 6 oyo bwe yasooka okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombewwa okwenkanankana ne Katonda.(Abafirip 2:5-7).**
- Yesu era agamba “**na buli ayagala okuba ow’olubereberye mu mmwe annaabanga muddu wammwe ng’omwana w’omuntu bw’atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, okuwaayo obulamu bwe ekinunulo eky’abangi (Matt 20:27-28).**

Kikulu nnyo nti Yesu yakifuula nkulungo y’okuyigiriza kwe era y’engeri gye yatambuzaamu obulamu bwe. Ye nsonga lwaki muliweebwa omukisa bwe mukola nga bwe nkola.

Okusaamu Katonda ekitiibwa

Omusumba alina okubeera awamu n’ekisibo emisana n’ekiro. Dawudi yalina obudde mu kiro okufumintirizanga n’okulowoozanga ku bukulu n’obulungi bw’ebitonde bya Katonda. Kirabika nga kyali kitangaala ky’emmunyeenye mu kiro Dawudi kwe yasinziira okuwandiika ebigambo bino,<sup>3</sup> “**Bwe ndowooza eggulu lyo, omulimu gw’engalo zo, omwezi n’emmunyeenye, <sup>4</sup> bye walagira; omuntu kye kiki, ggwe okumujjira?” (Zabuli 8:3-4)**

Dawudi y’ategeera bulungi nti Katonda ali waggulu era ku ntikko y’ebitonde byonna.

**Ebibuuzo:**

1. **Olw'obwesigwa bwa Dawudi kisuubizo ki Katonda kye yakola eri Dawudi?** (Dawudi yalina omutima ogulinga ogwa Katonda; Katonda n'atuuka n'omugamba nti **"n'ennyumba yo n'obwakabaka bwo birifuuka bya nkalakkalira ennaku zonna mu maaso go; entebe yo erinywezebwa ennaku zonna"** (2Samwiri 7:16). Katonda yasubiza Dawudi nti muzukulu we aliba kabaka emirembe gyonna.
2. **Katonda yakuuma atya ekisuubizo kye eri Dawudi?** (Isaaya nnabbi w'endagaano enkadde yayogera ku Yesu ng'agamba **"Okufuga kwe n'emirembe tebirikoma kweyongeranga ku ntebe ya Dawudi ne ku bwakabaka bwe, okubunyweza, n'okubwanirira n'omusago n'obutuukirivu okuva leero n'emirembe n'emirembe"**(Isaaya 9:7). Maama wa Yesu Maliyamu yali muzukulu wa Dawudi, ne Yusufu (taata wa Yesu ku nsi). Ng'ezzadde lya Dawudi, Yesu yalina eddembe okutuula ku ntebe ey'obwakabaka bwa Isiraeri.
3. **Nga Dawudi, osobola otya okubeera n'omutima ogulinga ogwa Katonda?** (Yiga era oyimuse munda mu ggwe okuwa Katonda ekitiibwa). Ebisanyizo ng'okugonda, obuvunanyizibwa, obuvumu, n'okubeera omuweereza bye bisanyizo Katonda by'ayagala ggwe ozimbe mu bulamu bwo. Oyinza obutalabika nga kabaka mu ndabikayo, naye osobola okuba kabaka okusinziira ku ekyo ekiri munda mu ggwe. Katonda ayinza obutakusaba kuba kabaka, naye akusaba okubeera omulenzi oba omuwala alina omutima ogulinga ogugwe.



## OMOSOMO # 16: DAWUDI (Ekitundu 2)

### Okwejjukanya:

Ekibuuzo n’olunyiriri bya wiiki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

“Mu nsi mulina ennaku; naye mugume nze mpangudde ensi.” (Yokaana 16:33.)

Ebisaanyiizo: Obuvumu, okussaamu Katonda ekitiibwa.

### Ekibuuzo ky’okubaganyaako ebirowoozo:

**Singa oba olina eddimu eddene awaka nga tewali n’asobola kuyamba.ate lirina okuggwa era lye taagibwa enkeera. Osobola otya olikwasaganya?**

### Ennyanjula:

Barcelona, Spain, 1992 mu mizannyo gy’olimpiki egibeerawo mu biseera ebye bugumu. **Derek** Redmond owa England yali assuubira okutwala omuddaali gw’emisinde egya mita ebikumi bina. Wakati mu mbiro, Redmond y’alabika nga akola bulungi. Nga yeteekateeka okwenyiga mu kifo ekinnamusobozesa okutuuka ku buwanguzi, amangu ago Redmond yava mu kisinde ky’abaali badduka n’akwata okugulu kwe emabega, n’aggwa emabbali. Ekirooto kya Redmond eky’okufuna omuddaali gwa zaabu kyali kiguddemu emissanvu. Naye teyewaayo eri okulemererwa. Yenna ng’atunula bulumi obwaleetebwa oluvannyuma kye y’amanya nti ebinywa byali byesibye. Redmond yali mummativu okumalako e misinde.

Yasituka okuva wansi, be yali adduka nabo nga bamulese yaadi nga kikumi, yaddukira mu bulumi okusobola okutuuka ku kaguwa. Buli luta lwe yakubanga nga lulaga bulumi bwerere. Ekibiina kyonna ne kimwegattako nga balinga abuwulira obulumi bwe yali ayitamu. Wabula ye awatali kubuusabuusa yalina okuyaayaana okumalako emisinde. Yali mugumu mu kusalawo kwe, naye okugulu nga tekusobola kuwagira bulungi kusalawo kwe. Yageezaako okugenda mu maaso, amaaso gonna nga gamutunuulidde.

Mu kiseera ekyo ng’alaba mutabani we aggwa wansi, taata wa Redmond, Jim y’abuuka n’ava waali era yewagannya okutuuka awaddukirwa. Abakuumi bagezaako omuziyiiza naye n’awogganira waggulu, “Oyo mutabani wange! “Bamuleka n’ayitawo n’agenda awaali waddukirwa asobole okuyamba mutabani we. Ng’atuuse waali, Derek yayimusa omukono, Jiimu n’agukwata n’agamba nti ‘Tolina kola kino”.

Derek n’addamu nti “Nnina.....”, taata y’addamu nti “kale tuddukire wamu”.

Taata yakwata omukono gwa mutabani we n’agusa ku bibegabega bye. N’akwata omukono gwe ogwa ddyo era n’amukulembere okutuuka ku kaguwa. Nga taata amuddukira ku lusegere, **Derik** yafuba n’amaliriza emisinde. Nga bali wamu mpola mpola omwana ne taata basobola okutuuka ku nkomerero awaali akaguwa. Ekibiina mu kwewuunya basituka ne bawoggamira waggulu. Ekifaananyi ekyakwatibwa abakubi b’ebifaananyi ne bannamawulire kyalagibwa ensi yonna. Kyakwata nnyo ku mitima gy’abantu mu byafaayo by’emizannyo gya Olimpiki.



Ebyava mu misinde egya mita ebikumi ebina ebitongole by'alaga nti Redmond Derek yali tamazeeko misinde.

Derek Redmond y'agwa okugwa okunene. Naye okugwa nga kunaatera okubeerawo, taata we y'ajja n'agamba nti "Tujja kuddukira wamu".

Olwa leero tujja kweyongera okusisinkana Dawudi eyalina ekizibu ekinene naye olw'okuyambibwako taata we ow'omuggulu yasobola okuwangula ekizibu kino:

Ebyafaayo bye:

Abafirisuuti n'aba Isiraeri baali balabe ba lulango. Balwanagana okuviira ddala mu biro bya Yoswa n'eggwanga lya Isiraeri we basomokera omugga Yoludaani ne balinnya mu nsi ensuubize. Nga banyiiize olw'okuwangulwa okwali kubaatusiddwako Isiraeri, nate baddamu okwetegeeka okulumba Isiraeri. Laba ekiwonvu ekiri wakati w'obusozi bubiri obunene. Abafirisuuti bakunganya eggye lyabwe ne basimba olusiisira ku lusozi olumu. Kabaka Sawulo n'eggwe lya Isiraeri ne basimba ensiisira zaabwe ku lusozi olulala. Ensiisira **zombi ne yimirira** okwolekana, nga zituniraganye okumala ennaku naye nga tewali kye zikola.

Olunaku lumu ku makya, enjuyi zombi nga zitunuuliganye Abafirisuuti bajjaye omulwanyi waabwe omuzira Goliyaasi. Yali musajja muwanvu nga asussa fuuti omwenda. Goliyaasi yayimirira nawogganira wagguli eri Isiraeri ng'agamba nti Mulonde omusajja gwe tunaalwana naye. Singa asobola okulwana nange nanzitta, tunnaafuuka baddu bammwe; naye singa muwangula n'emutta, munnaafuuka baddu baffe. Nga bamaze okuwulira kino, Sawulo n'Abalsiraeri bonna abaali naye baawanika- ani ayinza okuyimirira okwolekera naggwano ono? Okumalira ddala ennaku amakumi ana Goliyaasi yavangayo buli kumakya n'olweggulo okubasoomooza.

Olumu ku nnaku ezo, taata wa Dawudi Yese, yamutuma okugenda mu lusiisira lwa Isiraeri, okumanya ebifa mu lutalo. Dawudi yatuuka mu lusiisira nga amaggye g'Ab Isiraeri n'Abafirisuuti golekanye Dawudi yadduka okutuuka mu lutalo naabuza baganda be. Ng' akyayogera, Goliyaasi nawogganira waggulu nga bulujjo mu bigambo eby'okusoomooza. Aba Isiraeri bwe bamulaba, bonna ne badduka mu kutya okungi.

Dawudi ne Goliyaasi  
(ISamwiri 17:32-49.)

<sup>32</sup> Dawudi n'agamba Sawulo nti omuntu yenna aleme okuggwamu omwoyo ku lulwe, omuddu wo anaagenda n'alwana n'Omufirisuuti oyo.

<sup>33</sup> Sawulo n'agamba Dawudi nti toyinza kuisinkana na mufirisuuti oyo okulwana naye; kubanga ggwe oli mulenzi bulenzi, naye musajja mulwanyi okuva mu buto bwe.

<sup>34</sup> Dawudi n'agamba Sawulo nti omuddu wo yakuumanga endiga za kitaawe; awo bwe wajjanga empologoma oba ddubu n'eggwe omwana gw'endiga mu kisibo'

<sup>35</sup> ne nfulumanga ne ngiboberera ne ngikuba ne ngiwonya nga ngiggya mu kamwa kaayo; awo bwe yangolokokerangako ne ngikwata ku kirevu kyayo ne ngikuba ne ngitta.

<sup>36</sup> omuddu wo yakuba empologoma era n'eddubu; n'omufirisuuti atali mukomole aliba ng'emu ku zo kubanga asoomoozezza eggye lya Katonda omulamu. <sup>37</sup> Dawudi n'ayogera nti Mukama eyamponya mu njala z'empologoma ne mu njala z'eddubu, alimponya ne mu mukono gw'omufirisuuti oyo. Sawulo n'agamba Dawudi nti genda, era Mukama anaaba naawe.

<sup>38</sup> Awo Sawulo n'ayambaza Dawudi ebyambalo bye, n'amutikkira enkuufiira ey'ekikomo ku mutwe gwe, n'amwambaza ekizibaawo eky'ekikomo. <sup>39</sup> Awo Dawudi ne yeesiba ekitala kye ku byambalo bye, n'ageezaako okutambula; kubanga yali tannaba kubyegezaamu. Awo Dawudi n'agamba Sawulo nti siyinja kugenda ne bino; kubanga sinnabyegezaamu. Dawudi n'abyeyambulamu. <sup>40</sup> N'addira omuggo gwe mu mukono gwe, ne yeerondera amayinga amaweeweevu ataano mu kagga, n'agateeka mu nsawo ey'omusumba gye yalina, mu ndyanga ye; n'envuumuulo ye yali mu mukono gwe; n'asemberera omufirisuuti.

<sup>41</sup> Awo omufirisuuti n'ajja n'amusemberera Dawudi; n'omusajja eyatwalanga engabo n'amukulembera. <sup>42</sup> Awo omufirisuuti bwe yamagamaga n'alaba Dawudi, n'amunyooma; kubanga nga yali mulenzi, era mummyufu, n'amaaso ge nga malungi. <sup>43</sup> Omufirisuuti n'agamba Dawudi nti nze ndi mbwa n'okujja n'ojja gye ndi n'emiggo? Omufirisuuti n'akolimira Dawudi eri bakatonda be.

<sup>44</sup> Omufirisuuti n'agamba Dawudi nti jjangu gye ndi ngabire omubiri gwo ennyonyi ez'omubbanga n'ensolo ez'omu nsiko.

<sup>45</sup> Awo Dawudi n'agamba omufirisuuti nti ojja gyendi n'ekitala n'olunyago n'effumu; naye nze njija gy'oli mu linnya lya Mukama ow'eggye, Katonda w'eggye lya Isiraeri ly'osoomoozezza. <sup>46</sup> Leero Mukama anaakugabula mu mukono gwange; era naakukuba ne nkuggyako omutwe gwo; era naagabira ennyonyi ez'omu bbanga n'ensolo ez'omu nsiko emirambo egg'eggye ery'Abafirisuuti; ensi zonna zitegeere nga mulimu Katonda mu Isiraeri; era <sup>47</sup> ekibiina kino kyonna kitegeere nga Mukama talokola na kitala na ffumu; kubanga olutalo lwa Mukama, naye anaabagabula mu mukono gwaffe.

<sup>48</sup> Awo olwatuuka omufirisuuti bwe yagolokoka n'asembera okusisinkana ne Dawudi, awo Dawudi n'ayanguwa n'adduka mbiro eri eggye okusisinkana n'omufirisuuti. <sup>49</sup> Awo Dawudi n'ayingiza engalo ze mu nsawo ye n'aggyamu ejjinja n'alivuumuula n'akuba omufirisuuti ekyenyi; ejjinja ne liyingira mu kyenye kye n'agwa nga yeevuunise.

Katwogere ku bintu eby'amazima bisatu ebiva mu mbooji ya Dawudi ne Goliyaasi:

1. Waliwo amaanyi mangi mu linnya lya Katonda:

“Awo Dawudi n'agamba omufirisuuti nti ojja gyendi n'ekitala n'olunyago n'effumu; naye nze njija gy'oli mu linnya lya Mukama ow'eggye, Katonda w'eggye lya Isiraeri ly'osoomoozezza”.

(1Samwiri 17:45).

**Ebibuuzo:**

1. **Njawulo ki eriwo wakati mu ngeri Dawudi gye yakwatamu olutalo n'amaggye; erya Bafurusuuti nerya Isiraeri?** (Aba Isiraeri n'Abafirisuuti bassa obwesige bwabwe, essubi n'obuvumu mu bantu – eri Abafirisuuti baali beesiga omuntu omu. Dawudi ye obwesige yabussa mu kitaawe ow'omuggulu okumuyamba).
2. **Katonda asobola atya okukola eby'amaanyi okuyita mu ggwe?** [Bw'okola ebyo ebiweesa Katonda ekitiibwa, ng'okusigala ng'okkiriza Katonda ne bwoba oyigannyizibwa, Katonda naye ajja kuwa ekitiibwa okuyimirira kwo]

2.Okussa obwesige mu Katonda kuleeta obuvumu.

**“Awo bwe wajjanga empologoma oba eddubu n'eggya omwana gw'endiga mu kisibo ne nfulumanga ne ngigoberera ne ngikuba ne ngiwonya nga ngiggya mu kamwa kaayo.. ...”**(1Samwiri 17:34).

**Ebibuuzo**

1. **Okwesiga Katonda kusobola kutya okuwa obuvumu?** (Okwesiga Katonda kukuwa obuvumu n'amaanyi okusobola okukozesa emikisa egya buli lunaku, wamu n'okola ku bisoomooza).
2. **Ki ky'osobola okusaba Katonda akuweere obuvumu?** (Embeera yonna esobola okulumba obulamu bwo; obuwanguzi mu mizannyo, okuyita mu ndwadde ne mukwano gwo oba omuntu wa awaka; okuyimirirawo ku lw'ekyo ekituufu).

Okussa obwesige mu Katonda kukuwanguza ebizibu eby'amaanyi.

**“Era ekibiina kino kyonna kitegeere nga Mukama talokola na kitala na ffumu; kubanga olutalo lwa Mukama , naye anaabagabula mu mukono gwaffe.....”.** (1Samwiri 17:47).

**Ebibuuzo**

1. **Kizibu ki eky'amaanyi ky'oyinza okulowoozaako mu Baibuli Katonda mwe yayambira abantu be?** (Musa n'abaana ba Isiraeri nga bali ku nnyanja emyufu. Gidyoni n'abasajja ebikumi bisatu nga basisinkanye enkumi n'enkumi za Abamidiyaani; Dawudi ne Goliyaasi).
2. **Bizibu ki ebyefuudde binnaggwano mu bulamu bwo?** (Ekizikiza, okutya embwa, kugeezaako kuzannya muzannyo ku ssomero).

Osanga waliwo omuntu gw'omanyi nga alumwa obulwadde, osanga bazadde bo oba omu ku bazadde ba mikwano gyo obufumbo bwabwe bw'ayulikamu. Waliwo abalenzi n'abawala abamu basisinkana obwavu, balumwa enjala, n'entalo.

3. **Osobola otya okutwalaganya nnaggwano wo?** [Okusookera ddala tegeera nti ebiseera ebimu ojja kuisinkana ebizibu ]. Yesu agamba nti mu **“nsi mulina ennaku**

**naye mugumu kubange nze mpangudde ensi” (Yokaana 16:33).** Katonda w’amaanyi okusinga ekizikiza, abafumbo okwawukana n’obulwadde. Katonda w’amaanyi okusinga bannaggwano omwenda abatambula nga bakutte amaffumu.

Ebiseera ebimu kizibu okutegeera lwaki ebintu ebizibu bibeerawo. Waliwo enyiriri ennungi mu kitabo kya Isaaya 45:2-3, **“ndikukulemba ne ntereeza ebifo ebitali bisende; ndimenyaamenya enzigi ez’ebikomo ne ntemaatema ebisiba eby’ebyuma; era ndikuwa obugagga obw’omu kizikiza n’ebintu ebyakwekebwa ebiri mu bifo eby’ekyama...)**

Katonda asobola okuleeta obugagga okuva mu bifo eby’ekizikiza era ne mu kiseera ekizibu ennyo.

**Derek Redmond** ekyamubaako tekyaleeta muddaali gwa zaabu naye wabula akaseera aka zaabu mu bulamu bwe. Katonda asobola okufuula ekintu ekibadde ekibi ekirungi. Ebiseera ebimu, kitwala okusooka okuyita awazibu obugagga bunu okuzuulibwa.

Leka tufune ekyokuyiga okuva ku Dawudi; ba n’obuvumu, weesige erinnya eririna amaanyi amangi erya Mukama.

## OMUSOMO # 17 DAWUDI (Ekitundu 3)

### Okwejjukanya

Ekibuuzo n’olunyiriri lwa 84iki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“Ontondemu omutima omulongoofu, ai Katonda; onzizeemu omwoyo omulungi munda yange”.**

**( Zab 51:10).**

Ebisaanyizo: **Okwenenya; omutima oguboneredde.**

### Ennyanjula:

“Emmeeri yali emaze ebbanga erisukka mu wiki mu muyaga gw’amambuka ga Atlantic. Ku lunaku

Olw’ekkumi n’olumu omugoba wa mmeeri John Newton yali akooye, yasigala awavugirwa okusobola ogeezaako okukuuma emmeeri ereme okuwaba. Okuva ku ssaawa musanvu okutuuka ekiro ku ssaawa mukaaga yali ali awavugirwa emmeeri.

Amayengo nga geyongera okutabuka, Newton yafuna ekiseera okulowooza. Obulamu bwe bwalabika nga buli mu mattigga era nga busaanawo nga emmeerei egeezaako okulwanagana n’amayengo. Okuviira ddala ku myaka kkumi n’agumu yali obulamu abumaze ku mazzi. Abalunnya baali bamanyiddwa olw’empisa zaabwe embi, naye ate Newton yali y’ekoledde erinnya n’ettutumu olw’okuvoola Katonda, obukaawu n’okweyisa ng’ensolo eri balunnya banne.

Newton y’agaana maama we bye yali amuyigiriza ebikwata ku Baibuli, era yali awabiza abalala bangi mu butakkiriza. Amazima waali tewakyali ssuubi Nuutoni okudda eri Katonda. Wadde ng’ebyawandiikibwa bituufu. Wabula ebirowoozo bya Newton by’atandika okudda eri Kristo.

Ku lunaku olwo ngaali w’agobera emmeeri, nga 21.03.1748, lwe lunaku Newton yajjukira ekiseera nagamba nti ddala yali Katonda okuva waggulu emulokola okuva mu mazzi amawanvu. Ekisa kya Katonda kyokka eky’ewuunyisa kye kyali kisobola okutwala omulunnya, omukaawu, omuvvoozi era omusuubuzi w’abaddu ne kimukyusa okufuuka omwana wa Katonda.

Wadde Nuutoni y’agenda mu maaso n’omulimu gwe ogw’ogokugoba emmeerei, n’okusuubula abaddu okumala ekiseera, obulamu bwe bwakyusibwa. Ku myaka 39, Yokaana Newton y’atandika emyaka 43 egy’okubuulira enjiri ya Yesu Kristo. Ku Ssande akawungeezi mu lukungaana lwe, Newton yayiia oluyimba olwamutwala mu kyawandiikibwa n’okuyiga kw’akawungeezi. Oluyimba luno lumanyiddwa nnyo leero: Newunya ekisa kye ekingi ekyalokola nange. Bwe nnali nga mbuze Yesu y’anzawuula omuzibe ne ndaba.

Yokaana Newton bwe yali abuze, Katonda y’amuzawuula. Yali amanyi bulungi obubi bwe ne Katonda engeri gye y’amulokolamu okuva mu bubu. Leero tugende okuwulira emboozu y’omuntu

eyakola ebintu ebibi ennyo n'engeri Katonda gye y'amulokolamu, era n'engeri gye yakwatamu ensonga nga Katonda amaze omulokola.

### Ebyafaayo bye

Olunaku lumu Dawudi (ng'amaze okufuuka kabaka) y'atuma Yowaabu (omukulu mu maggye) n'eggye lyonna erya Isiraeri okugenda ku lutalo. Naye Dawudi y'asigala mu Yerusaalemi.

### Dawudi ne Basuseba (2Samwiri 11 ne 12, Zabbuli 51)

**11:2 Awo plwatuuka akawungeezi Dawudi nagolokoka n'ava ku kitanda kye n'atambula waggulu ku nnyumba ya kabaka; era ng'ayima ku nnyumba n'alaba omukazi ng'anaaba; era omukazi yali mulungi nnyo okutunuulira. <sup>3</sup> Awo Dawudi n'atuma n'abuuza omukazi bwali. Ne wabaawo eyayogera nti oyo si Basuseba muwala wa Eriyaamu, mukazi wa Uliya omukiiti?**

**<sup>4</sup> Awo Dawudi n'atuma ababaka n'amutwala; n'ayingira gyali n'asula naye; (kubanga yali alongoosebwa obutali bulongoofu bwe;) omukazi n'addayo mu nnyumba ye (2Samwiri 11:2-4).**

### **Ekibuuzo:**

**Mu kuyiga emabega okukwata ku Sawulo (Omusomo # 14) twayogera ku bulamu obulina embalirira. Ojjukira nti okubeera omuntu ow'embalirira kitegeeza? [Okuba ng'ovunanyizibwa olw'engeri gy'okola okusalawo].**

Nga Kabaka, Dawudi buli kye yayogera "nga kigonderwa". Nga omu ku bantu ba kabaka, singa agamba nti "Jjangu wano" ng'ojja. Nga kabaka Dawudi yali talina gw'avunanyizibwa kuwa mbalirira (okujjako Katonda) olw'ebikolwa bye era sirowooza nti y'ebuuza ku Katonda ku nsonga eno. Era Dawudi kye yakola kyali kibi nnyo. Yayigiza Basuseba mu bikolwa ebitali birungi wadde yali akimany nti yali mukazi wa Uliya. Ekirala kye yakola ekikyamu, Dawud y'afuna obubaka okuva ewa Basuseba nga bugamba nti "Dawudi ojjukira ekiro kiri lwe wampita okuyingira olubiri? Ogenda kufuuka taata!"

Dawudi yamanya nti kyakoze kibi nnyo n'ayagala agezeeko okibikako. Nayita Uliya akomewo eka okuva mu lutalo abeere ne mukazi we Basuseba. Dawudi yali assuubira Uliya anaalooza nti omwana anaaba wuwe ne Basuseba, aleme okuzuula ekyali kibaddewo. Naye Uliya teyagenda ka.

### **Ekibuuzo:**

**Lwaki olowooza Uliya yali talina kudde ka? Yali mwesimbu eri mikwano gye ne kabaka. Y'akirowooza nga si kituufu abajaasi abalala bonna nga bali mu lutabaalo nga yekka y'akomyewo eka.**

Awo Dawudi y'aloozaayo ekirala. N'atuma Uliya okuddayo ku lutalo ne bbaluwa ya Yowaabu ng'emulagira okuteeka Uliya mu kifo olutalo we lwali nga lukambwe nnyo affe. Jjukira nti ekigambo kya kabaka kirina okolebwa. Yowaabu n'akola nga Dawudi bwe yamugamba. Uliya n'afa.

11:26 **Awo muka Uliya bwe yawulira bba ng'afudde n'akungubagira bba we. 27 Awo bwe yamala okwabya olumbe, Dawudi n'atuma n'amuleeta ewuwe, n'aba mukazi we n'amuzaalira omwana ow'obulenzi. Naye ekigambo Dawudi kye yakola ne kinyiiza Mukama.**

**Ekibuuzo:**

**Lwaki Dawudi kye yakola kyanyiiza Mukama?** (Dawudi yali kabaka Katonda gw'alonze. Kabaka yalina okubeera ekyokulabirako eri abantu bonna aba Isirayiri; omusajja atya Katonda era ng'agondera ekigambo kye). Mu kino Dawudi yali mukyamu, ate n'ageezaako okibikirira.

Wuliriza engeri Katonda gye yaddamu ku lw'ekikolwa kya Dawudi.

2Samwiri 12:1-13

**1. Awo Mukama n'atuma Nasani eri Dawudi. N'ajja gyali n'amugamba nti waaliwo abasajja babiri mu kibuga kimu, omu nga mugagga ne munne nga mwavu. 2 Omugagga yalina endiga n'ente nnyingi nnyo nnyini; 3 naye omwavu teyalina kantu wabula akaana k'endiga akaluusi. Ke yagula n'akalera; ne kanywa ku ndeku ye, ne kagalamira mu kifuba kye ne kaba gy'ali nga muwala we.**

**4 Awo ne wajja omutambuze eri omugagga oyo, n'alema okutoola ku ndiga ze ye ne ku nte ze yee, okufumbira omutambuze eyajja gyali, naye n'atwala omwana gw'endiga ogw'omwavu, n'agufumbira omusajja azze gyali.**

**5 Awo Dawudi n'asunguwalira nnyo omusajja; n'agamba Nasani nti Mukama nga bwali omulamu, omusajja eyakola ekyo asaanidde okufa; 6 era alizaawo omwana gw'endiga emirundi ena, kubanga teyalina kusaasira.**

**7 Awo Nasani n'agamba Dawudi nti ye ggwe. Bwatyo bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti nakufukako amafuta okuba kabaka wa Isiraeri ne nkuggya mu mukono gwa Sawulo; 8 ne nkuwa ennyumba ya Mukama wo, ne bakazi ba mukama wo ne mbakuwa mu kifuba kyo, ne nkuwa ennyumba ya Isiraeri neya Yuda; n'ebyo singa bibadde bitono, nandikwongeddeko bino na bino. 9 kiki ekikunyoomezza ekigambo kya Mukama okukola ebiri mu maaso ge ebibi? Osse Uliya omukiiti n'ekitala n'otwala mukazi we okuba mukazi wo, n'omutta ..... Awo Dawudi n'agamba Nasani nti nnyonnonye Mukama, ..... (2Samwiri 12:1-13)**

**Ebibuuzo;**

- 1. Dawudi yakola ki oluvannyuma lw'okuzuula okwonoona kwe?** (Yayatula ekibi kye – ebirowoozo bye ebikyamu, n'ebikolwa bye ebikyamu n'asaba Katonda omusonyiwa). Dawudi ng'avunanyizibwa olw'ebikolwa bye. Era Dawudi y'aweewba ekibonerezo ku lw'ekyo kyeyakola.
- 2. Bwaba Katonda y'asonyiwa Dawudi, lwaki ate amubonereza?** (Dawudi yali yetaaga okuvananyizibwa olwe bikolwa bye). Era Dawudi y'abonerezebwa olw'ebyo bye yakola.



3. **Lwaki abazadde bo ebiseera ebimu balina okubonereza oba okukangavula?**  
(Tulina okutegeera era n'okumanya nti buli bwe tukola obubi ebivaamu tebiba birungi. Awataba mbalirira, tetusobola kuyiga okwawula ekibi okuva ku kirungi, n'okumanya ekyo ekikkirizibwa ekituufu ne mpisa ez'obwa Katonda.
4. **Dawudi yayiga ki mu lugero lwa Nasani?** (Yakkiriza okukemebwa okwagala okutwala ekitaali kikyee ne kimuleetera obutafa ku mateeka ga Katonda nga yerewoozaako yekka).

Dawudi ng'amaze okukyalirwa nnabbi yakkiriza nti yali ayonoonye mu maaso ga Katonda. Oluvanyuma y'awandiika Zabbuli. Leka ekibiina kisome Zabbuli 51.

1. Onsaasire ai Katonda, mu kisa kyo; mu bulungi obw'okusaasira kwo sangula ebyonoono byange byonna.
2. onnalize ddala mu bibi bwange, onnongoose mu kwonoona kwange.
3. Kubanga njatula ebyonoono byange, n'ekibi kyange kiri mu maaso gange bulijjo.
4. Gwe, ggwe weeka gwe nnayonoona, ne nkola ekibi mu maaso go; obeere omutuukirivu  
bw'oyogera. Osinga omusango bw'osala.
5. Laba, nze natondebwa mu bubu, ne mu kwonoona mmange mwe yanzaalira.
6. Laba ggwe oyogala eby'omunda eby'amazima, era mu mwoyo ogutalabika onommanyisa  
amagezi.
7. Ontukuze n'ezoobu, nange naaba mulungi; onnaze, nanage naaba mutukuvu okusinga  
omuzira.
8. Ompulize essanyu n'okwesiima; amagumba ge wamenya gasanyuke.
9. Okise amaaso go mu bibi byange, osangule ebyonoono byange byonna.
10. Ontondemu omutima omulongoofu, ai Katonda, onzizeemu omwoyo omulungi mu  
nda  
yange.
11. Tongoba w'oli, so tonzijaako omwoyo gwo omutukuvu.
12. Onkomezeewo essanyu ery'obulokozi bwo; onnyweze n'omwoyo ogw'eddembe.
13. Ne nyoka njigiriza amakubo go aboonoonyi; n'abalina ebibi balikyukira gy'oli.
14. Omponye mu musango gw'omusaayi ai Katonda, ggwe Katonda ow'obulokozi bwange;



olulimi lwange luliyimba nnyo obutuukirivu bwo.

15. Ai Mukama, yasama emimwa gyange; n'akamwa kange kalyolesa ettendo lyo.

16. Kubanga tosanyukira ssaddaaka; naawankubadde, ebiweebwayo ebyokebwa tebikuwoomera.

17. Ssaddaaka za Katonda ye mmeeme emenyese; omutima ogumenyese era oguboneredde, ai  
Katonda, tooguyayenga.

### **Ekibuuzo**

1. **Ki Dawudi kye yezuulako nga ye?** [Dawudi yakizuula nti omutima gwe tegwali mulongoofu v10].

2. **Dawudi yazuula ki ku Katonda?** (Katonda yekka ye yali asobola okumulongoosa).

Dawudi yazuula ekintu kimu Katonda kye yali ayagala okuva gy'ali, kwe kuwulira ennaku ey'obwa Katonda. Okunakuwalira ekibi okuleetera omuntu okwenenya – okuyaayaana okuleka okwonoona akole ebyo ebisanyusa Katonda (v17).

3. **Ngeri ki nze naawe gye tuyinza okufaanana Dawudi?** [Emitima gyaffe simirongoofu era nze oba ggwe bwe tukola ebintu ebikyamu oba bwe tubeera n'ebirowoozo ebibi].

4. **Katonda ayagala ki okuva eri gwe nange?** [Katonda ayagala ffe okubeera n'okunakuwala okw'obwakatonda, n'okukyuka okuva mu bubu nga twatula ebibi byaffe n'okusaba okusonyibwa].

5. **Katonda ayagala ggwe okuuma amakubo go nga malongoofu. Kino osobola ku kikola otya?** [Ng'oteleka ekigambo kya Katonda mu mutima gwo].

Zabbuli 119:9-11 egamba nit "omuvubuka analongoosanga atya ekkubo lye? nga yegendereza ng'ekigambo kyo bwe kiri. N'omutima gwange ggonna nkunoonyeza: nkwegayiridde, nneme okukyama okuleka bye walagira. Nterese ekigambo kyo mu mutima gwange, nneme okwonoona mu maaso go".

## OMUSOMO # 18: SULEMAANI (EKITUNDU 1)

### Okwejjukanya

Ekibuuzo n’olunyiriri lwa wiiki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“Aweereddwa omukisa omuntu alaba amagezi. N’oyo afuna okutegeera. 14 kubanga obuguzi bwago businga obuguzi obwa ffeeza, namagoba gaago gakira zaabu ennungi”. (Engero 3:13-14).**

Ekisaanyizo: **Amagezi**

### Ekibuuzo eky’okubaganyaako ebirowoozo.

**Singa Katonda akugambye nti, nsaba kyonna kyoyagala nange naakukiwa, wandisabye ki?**

### Ennyanjula:

Y’azaalibwa mu buddu ku ffaamu mu Missouri, George Washington Carver y’akuzibwa bannanyini ffaamu oluvannyuma lwa maama we okuwambibwa n’okuttibwa.

Ng’omulenzi omuto, yayiga nti ebirime bisobola okozesebwa okola eddagala, engoye , ssabbuuni, era nga n’ebisigalira n’abyo byali bya mugaso.

Yakwaza emisomo gye mu Iowa State College eyo gye yasomera ebya sayansi mu bulimi n’obulunzi. Carver bamuyita okusomesa mu tendekero lya Tuskegee mu Alabama, eno nno gye yamalira ddala ebbanga lyonna ery’omulimu ogwo.

Carver agamba nti: “Nkitegeera nti Katonda alina omulimu nze gwenina okola. Era omulimu ogwo gwali gwa kukyusa bulamu n’ebiseera by’abantu ebyomu maaso n’ensi ye ng’akozesa obugagga bw’obutonde obwe kyama. Y’azukukanga essaawa kkumi n’abeera yekka n’ebintu bye yali asinga okwagala; ebirime ne Katonda. Agamba nti; “Tewali kiseera kirala kye nnina okutegeerera ddala Katonda kyategeeza okola nange nga mu ssaawa ez’oku makya ng’abalala bakyebase,wensinga okuwulirira Katonda n’entegeka ze”.

Yali akkiriza nti enkolagana ne Katonda mu bintu byonna gwe musingi gwokka ogw’obulamu obujjudde. Yakitegeera nga Katonda yali amuwadde enkola gy’asobola okozesa n’afuna emigaso egissuka mu bisatu (300) egiri mu kawo. Yawagira okulima ng’okuyusakyusa ebirime okusobola okulongoosa ku bugimu bw’ettaka era n’okomya okwesegama ku nnima y’amaserengeta ey’okusimba ppamba yekka. Y’amaliriza n’okuzuula ebikumi n’ebikumi by’emigaso mu makolero egya kawo ne lumonde.

George Washington Carver y’asaba Katonda amuwe amagezi – engeri y’okozessaamu ebyo Katonda bya’tuwadde nga ekigendererwa kye bwe kiri. Okuyiga kwaffe okwa leero kuli ku muzira wa Baibuli eyasaba Katonda amagezi.

### Ebyafaayo bye:

Dawudi ne Basuseba, omwana waabwe asooka yafa, ne bazaala ow'okubiri ne bamutuuma Sulemaani. Ku nkomerero y'obulamu bwa kabaka Dawudi, yayita Basuseba mu kisenge kye mu maaso ge n'akola ekirayiro kino **"Nga Mukama bwali omulamu eyanunula emmeeme yange okugiggya mu kabi konna, 30 mazima nga bwe naakulayirira Mukama, Katonda wa Isiraeri, nga njogera nti Sulemaani mutabani wo y' alirya obwakabaka oluvannyuma lwange, era y'alituula ku ntebe yange mu kifo kyange.**  
(1Bassekabaka 1:29-30).

Sulemaani (Ekitundu 1)

1Bassekabaka 3:3-14

**<sup>3</sup>.Sulemaani n'ayagala Mukama, ng'atambulira mu mateeka ga Dawudi kitaawe; kyokka yaweerangayo ssaddaaka era yayokeranga obubaane ku bifo ebigulumivu.**

**<sup>4</sup>.Awa Kabaka n'agenda e Gibyoni okuweerayo ssaddaaka, kubanga ekyo kye kyali ekifo ekigulumivu ekikulu; Sulemaani n'aweerayo ku Kyoto ekyo ssaddaaka ezookebwa lukumi. <sup>5</sup> Mukama n'alabikira Sulemaani e Gibyoni mu kirooto ekiro; Katonda n'ayogera nti saba kye mba nkuwa.**

**<sup>6</sup> Sulemaani n'ayogera nti wamukola bulungi nnyo omuddu wo Dawudi kitange, nga bwe yatambula mu maaso go mu mazima ne mu butuukirivu ne mu bugolokofu bw'omutima wamu naawe; era wamuterekera ekisa kino ekinene kubanga omuwadde omwana ow'okutuula ku ntebe ye, nga bwe kiri leero.**

**<sup>7</sup>.Era nno, ai Mukama Katonda wange, ofudde omuddu wo kabaka mu kifo kya Dawudi kitange; nange ndi mwana muto; simanyi kufuluma newankubadde okuyingira. <sup>8</sup>.Era omuddu wo ali wakati mu bantu bo be walonda, eggwanga eddene, era tayinzika kubalibwa newankubadde okugattibwa obungi.**

**<sup>9</sup>.Kale muwe omuddu wo omutima omutegeevu okusalanga emisango gy'abantu bo, njawule mu ebirungi n'ebibi; kubanga ani ayinza okusala emisanga gy'eggwanga lyo lino ekkulu?**

**Ebibuuzo**

1. **Sulemaani yasaba ki Katonda? [Amagezi]**

2. **Lwaki Sulemaani yasaba amagezi? [ Yakimanya nti yali yetaaga obuyambi okola omulimu omulungi ogw'okulemba abantu ba Katonda].**

**<sup>10</sup>.Awo ebigambo ebyo ne bisanyusa Mukama, kubanga Sulemaani asabye ekyo.**

**<sup>11</sup>.Katonda n'amugamba nti kubanga osabye kino, so teweessabidde kuwangaala; so teweessabidde bugagga, so teweessabidde bulamu bwa balabe bo; naye weessabidde obutegeevu okwawulamu emisango; 12 laba, nkoze ng'ekigambo kyo bwe kiri; laba nkuwadde omutima omugezigezi era omutegeevu, obutabangawo akwenkana okusooka ggwe, so n'oluvannyuma lwo tewaligolokoka ankwenkana. Era nkuwadde n'ebyo by'tasabye, obugagga n'ekitiibwa, obutabangawo mu bakabaka n'omu akwenkana ennaku zo zonna.**

<sup>14</sup> Era bw'onootambuliranga mu makubo gange, okukwatanga amateeka gange n'ebiragiro byange, nga kitaawo Dawudi bwe yatambula, awo ndyongera ku nnaku zo.

**Ebibuuzo;**

1. **Bitundi ki Baibuli by'egamba nti Sulemaani yali yetaaga amagezi?** [Okulamula abantu n'obwekanya]. Jjukira amagezi kwe kumanya ekituufu okusinziira ku Katonda n'okussa mu nkola okumanya okwo.
2. Bantu ki bolowoozaako ebetaaga amagezi? [Omukulembeze w'eggwanga, abakola amateeka, abalamuzi, abasomesa, n'abazadde].

**Ng'omukulembeze w'okuyiga kuno, twalayo akadde, okulembere abantu mu kusaba, eggwanga lyaffe lisabire abakulembeze, abasomesa, abasumba, abazadde, n'abaana baffe amagezi.**

Amagezi ga Sulemaani:

Engero kitabo mu Baibuli ekibangula mu mpisa ez'obwakatonda.

3. **Empisa kye ki?** [gwe mutindo oba minzaani okusinziirwa okugerageranya ekituufu ne kikyamu. Sulemaani ye yasinga okuwandiika engero. Bino Kabaka Sulemaani by'ayogera ku bukulu bw'amagezi.
  - (i) Otegeera okutya Mukama (omusaamu ekitiibwa) n'okufuna amagezi mu byawandiikibwa
4. **Ngeri ki emu ey'okuwa Katonda ekitiibwa?** [Bwoba osaamu Katonda ekitiibwa owuliriza kyayogera].
5. **Owuliriza otya Katonda?** [Ng'osoma ekigambo, okufumintiriza, okusaba, okuwuliriza abazadde, n'ebirala].
  - (ii) Mu kutya Mukama mwe muva okumanya ekyo ekituufu (eky'amazima) n'ekyo ekikyamu ekitali kituufu).
  - (iii) **Kale lw'olitegeera obutuukirivu n'omusango, n'ebyensonga, weewaawo buli kkubo eddungu (Engero 2:9)** . Bw'okola okusalawo kukasa ekkubo mwogenda okutambulira. Ekigambo kya Katonda kiraga ekkubo etuufu.
6. **Bitundu ki ebimu bye wetaaga okola okusalawo obulungi ?** [Okubeera omwesimbu, ebintu by'osalawo okwenyigiramu, ebintu ebibeera mu bwongo bwo).
  - (iv) **Okuteesa kunaakulabiriranga okutegeera kunaakuumanga (Engero 2:11).** Ojja kuba otegeera bulungi ekyo ekituufu. Ojja kuba n'okumanya okunakusobozesa okwekuuma obutakola kusalawo bubu. Oli wa ddembe okukola okusalawo kwonna oba kulungi oba kubi. Wabula tolina ddembe ku kusalawo ku ebyo ebiva mu ngeri gy'osalawo.

7. **Singa oba ku line ye mmere ku ssomero, n’osalawo okusindika abalala. Biki ebiyinza okuva mu ekyo?** [Basobola okusindika emabega ku line oba okusindikiriza nga bwobadde okola].
- (v) **Omuntu alina okutegeera alungamya amagenda ge (Engero 15:21).** Amagezi galikutaasa obutegatta n’abantu abatafaayo kukola kituufu wabula ne bakola ekikyamu.
8. **Lwaki kikulu okufuna emikwano emirungi?** Mikwano gyo gikola kinene nnyo gy’oli. Mikwano gyo girina okuba nga girina okukkiriza kwe kumu naawe mu Katonda. Era nga basobola okuyamba n’okuzaamu amaanyi okola okwagala kwa Katonda.
9. **Ofuna otya amagezi?** Waliwo engeri ssatu ezofunamu amagezi:  
 (i) Kkiriza ekigambo kya Katonda, manya ki ekiri mu Baibuli.  
 (ii).Tereka amateeka ge, yiga era wejjukanye enyiriri za Baibuli  
 (iii) Saba Katonda amagezi (Engero 2:1-6).
10. **Amagezi gasobola gatya okukuyamba ?** (Amagezi galeeta okuwabula n’osobola okola okusalawo obulungi).

## OMUSOMO # 19 SULEMAANI (EKITUNDU 2)

### Okwejjukanya

Ekibuuzo n’olunyiriri l bya wiiki ewedde.

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero.

**Kubanga omuntu kulimugasa kutya okulya ensi yonna, naye ng’afiiriddwa obulamu bwe?**

**(Matt 16:26).**

Ebisaanyizo: Obwesigwa.

### Ennyanjula.

Little Hattie May Wiatt y’abeeranga mu nnyumba okumpi n’ekkanisa mwe twasinzizanga mu biseera ebyo e Berks ne Mervin, kati awali ekkkanisa y’abakkiriza. Yali kkanisa ntono ate nga erimu abantu bangi, obutiikiti obwakuyingizanga walina obufunanga nga bukyali ddala olyoke obeere mu kusaba. Okusaba kw’abaana n’akwo kwabangamu abaana bangi ddala ng’okusaba okulala kwonna; olumu n’ajja ku kkanisa okwetaba mu kusoma kwa Sabiiti, n’asanga abaana abawerako nga bali bweru. Baali batabuddwa nga tebalina we benyiga, olw’abo abangi abaali munda mu kisenge kya Sunday School, ne little Little Hattie May Wiatt eyali abeera okumpi awo, yali aleese ebitabo bye n’ekiweebwayo kye, ng’ayimiridde ku mulyango; ng’alooza oba addeyo oba alindeko ayingire oluvannyuma. N’amukwata mu mikono gyange ne muteeka ku kibegabega kyange, nga yekute ku mutwe gwange n’amusitula okuyita mu kibiina ky’abantu ne mutuusa mu kisenge kya Sande School, ne mutuusa mu ntebe mu kkoona awaali ekizikizazikiza.

Enkeera ku makya bwe n’akirira okugenda ku kkanisa nga nva eka n’ayita kumpi n’awaka waabwe, yali agenda ku ssomero ng’ali mu luguudo. Bwe twasisinkana, ne mugamba “Hattie, tugenda kufuna ekisenge ky’abaana ekinene mu bwangu” n’addamu mu bigambo bye nti “ka nsuubire. Omujuzo mungi ntya n’ogendayo obw’omu”. Ne muddamu nti “bwe tunaafuna ensimbi ezeetaagisa okuzimba ekisenge ky’abaana tugenda kuzimbira ddala ekyo ekigazi ekimala abaana bonna, era tugenda kutandika okunganya ensimbi mu bwangu ddala”.

Little Hattie May Wiatt yafa (mu 1886). Yali aterese sente attaano mu musanvu (57) ze y’aleka asonze okusobola okuzimba ekisenge ky’abaana. Ng’omukolo ogw’okuziika guwedde, maama we yankwasa akasawo akatono nga munda mulimu sente ezo 57. N’atwala sente ezo ne nzivungisa ne nzanjula mu kkanisa, nga bwe twali tufunye ekirabo ekisooka mu kuzimba ekisenge ky’abaana. Little Hattie May Wiatt eyali agenze mu nsi eyaka ze yali akunganyiza ku kuzimba. Navungisa sente zino ne nzitunda. Awamu zzaavaamu ddoola 250 ate sente 54 abaali baziguze baazikomyawo. Nazikwata ne nziteeka mu kifo buli omu wazirabira obulungi, mu kuzitunda twasobola okufuna ensimbi ezaali zimala okugula ennyumba eyali eddako mu bukiika obwa kkono obw’ekkanisa e Berks ne Mervine.

Little Hattie May, omuwala omuto eyali asoma, yali tava mu maka magagga, wabula obulamu bwe obw'obwesigwa bwakozesebwa Katonda. Mu 1912, okusinziira ku sente 57, ekkansa y'akulira ddala okussuka abantu 5,600. Ennyumba eyagulibwa oluvannyuma lw'okutunda sente 57 yamala n'efuuka ebibiina ebisookera ddala okola Temple University mu Philadelphia P.A Samaritan Hospital, kati eddwaliro lya Temple University), eryatandiikibwa ekkansa lyali liweereza abantu abassuka mu mitwalo essatu buli mwaka, ng'ojjeeko okulabirira abaavu. Era abavubuka abato abawerera ddala 2,000 baatendekebwa okubuulira amawulire amalungi olw'omusingi ogwasimbibwa Little Hattie May Wiatt eyawaayo sente 57 ng'entandiikwa.

Bino byasimbulwa mu byafaayo bya sente 57, obubaka obwabuulirwa Russel Conwell mu kkanisa ye eya Grace Baptist (Temple) eri ekibiina mu 1912.

Little Hattie May yali mwesigwa n'ekyo Katonda kye yali amukwasizza. Leero tujja kweyongera okusisinkana kabaka Sulemaani. Sulemaani bwe yabanga omwesigwa n'ekyo Katonda kye yamukwasa, Katonda yamusangamu ekitiibwa. Naye tujja ku kizuula nti Sulemaani yamala n'asuula obwesigwa, Katonda naye nalekeerawo okumuwa ekitiibwa.

Sulemaani (Ekitundu 2)  
(1Bassekabaka 10:23).

**Awo kabaka Sulemaani n'asinga bakabaka bonna ab'ensi obugagga n'amagezi.**

**Ka twogere ku by'amaanyi kabaka Sulemaani bye yakola:**

Yekaalu:

Taata wa Sulemaani yayagala okuzimbira Mukama Yekaalu mu Yerusaalemi okuviira ddala Aba Isiraeri nga bakava mu Misiri, yekaalu yali weema ennene ddala eyakolebwa Musa nga akulembera abaana ba Isiraeri mu ddungu. Naye Katonda yali agambye Dawudi nti si ye yali ow'okuzimba yekaalu naye mutabani we Sulemaani agamba: **“nti omanyi Dawudi kitange nga teyayinza kuzimbira linnya lya Mukama Katonda we ennyumba olw'entalo ezaamwetooloola enjuyi zonna, okutuusa Mukama lwe yabateeka wansi w'ebigere bye.** <sup>4</sup> Naye kaakano Mukama Katonda wange ampadde emirembe enjuyi zonna; tewali mulabe newankubadde akabi akajja.

<sup>5</sup> Era, laba nteeseza okuzimbira erinnya lya Mukama Katonda wange ennyumba, nga Mukama bwe yagamba Dawudi kitange nti **“mutabani wo gwe nditeeka mu ntebe yo ng'adda mu bigere byo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba.** (1Bassekabaka 5:3-5).

Oluvannyuma lw'emyaka 430 Isiraeri y'afuluma Misiri, kabaka Sulemaani y'atandika okuzimba y'ekkaalu. Sulemaani yawaliriza abasajja 30,000 okuzimba yekaalu. Yazimbibwa bbulooka ennene ez'amayinja n'embaawo ez'emivule. Ku abo waaliwo abalala 70,000 abettisi era n'abalala 80,000 abasazi b'amayinja, n'abalala 330,000 abaali balabirira abasajja ku mulimu. Yekaalu yalina fuuti 90 obuwanvu; 30 obugazi; fuuti 45 obugulumivu. Sulemaani yazimbira yekaalu emyaka musanvu.

## Olubiri Iwa Sulemaani

Sulemaani era y'ezimbira olubiri. Kyamutwalira emyaka 13 okusobola okumaliriza olubiri. Lwazimbibwa bbulooka ez'amayinja, embaawo ez'emivule. Obuwanvu lwaliko fuuti 150, obugazi fuuti 75, obugulumivu fuuti 45.

### **Ebibuuzo**

1. **Ki ky'olaba ku lubiri Iwa Sulemaani ne yekaalu ya Katonda?** [Ebbanga Sulemaani lye y'amala ng'azimba olubiri kyenkana lyakubisaamu emirundi ebiri eryo ery'azimba yekaalu, era n'alwo lwali lusinga yekaalu emirundu nga ebiri].
2. **Kino kukubuulira ki ku Sulemaani?** [Osanga omutima gwe gwali gutandise okufuna amalala]. N'obugagga bwonna, n'amagezi gonna, ndowooza y'allowooza nti kaakano yali teyetaaga Katonda nga wali mu kusooka nga yakafuuka kabaka.

## Ebirungi bya Sulemaani

(1Bassekabaka 10:1-10)

<sup>1</sup> Awo kabaka omukazi w'e Seeba bwe yawulira ettutumo lya Sulemaani olw'erinnya lya Mukama, n'ajja okumukema n'ebibuuzibwa ebizibu. <sup>2</sup> n'ajja e Yerusalemi ng'alina abaddu bangi nnyo n'eggamira ezeetisse eby'akaloosa n'ezaabu nnyingi nnyo n'amayinja ag'omuwendo omungi; awo bwe yajja eri Sulemaani, ateesa naye ebyo byonna ebyali mu mutima gwe.

<sup>3</sup> Awo Sulemaani n'amutegeeza byonna bye yamubuza. Tewaali kingu ekyakwekebwa kabaka ky'atamutegeeza. <sup>4</sup> Awo kabaka omukazi w'e Seeba bwe yamala okulaba amagezi gonna aga Sulemaani n'ennyumba gye yazimba. <sup>5</sup> n'emmmere ey'okummeza kw'abaweezeza be n'ebyalalo byabwe yalinnyirangako okugenda mu nnyumba ya Mukama, kale nga temukyasigadde mwoyo mu ye.

<sup>6</sup> N'agamba kabaka nti ekigambo kye nnawulirira mu nsi yange kyali kya mazima eky'ebikolwa byo n'amagezi go. <sup>7</sup> Era naye sakkiriza bigambo ebyo okutuusa lwe najja amaaso gange ne gakhiraba; era laba, saabuulirwa kitundu; amagezi go n'omukisa gwo bisinga ettutumo lye nnawulira. <sup>8</sup> Abasajja bo balina omukisa, abaddu bo bonna balina omukisa, abayimirira mu maaso go ennaku zonna ne bawulira amagezi go. <sup>9</sup> Mukama Katonda wo yeebazibwe akusanyukira okukuteeka ku ntebe ya Isiraeri; kubanga Mukama yayagala Isiraeri emirembe gyonna. Kyeyava akufuula kabaka okukola eby'ensonga, n'ebuyobutuukirivu.

<sup>10</sup> Awo n'awa kabaka zaabu, talanta kikumi mu abiri, n'ebyakaloosa bingi nnyo nnyini n'amayinja ag'omuwendo omungi; tewajja lwa kubiri bya kaloosa bingi ebyenkanidde awo ng'ebyo kabaka omukazi w'e Seeba bye yawa kabaka Sulemaani.

### **Ebibuuzo**

1. **Ki kabaka omukyala kye yazuula ku kabaka Sulemaani bwe yamukyalyira?** [Yali Katond eyamuwa buli kimu kye yalina].



2. **Ofuna kya kuyiga ki ku Katonda?** [Obusobozi bwo, byonna byolina, buli ddala ly'otuukako n'omukka gw'osa byonna biba birabo okuva eri Katonda].

Amagezi ga Sulemaani.

**Ensi yonna ne banoonya amaaso ga Sulemaani okuwulira amagezi ge, Katonda ge yali atadde mu mutima gwe. Ne baleeta buli muntu ekirabo kye, ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu n'ebyambalo n'ebyokulwanyisa, nebya kaloosa, embalasi, n'ennvumbu, ebyasalibwa ebya buli mwaka. (1Bassekabaka 10:24-25).**

3. **Ki abantu abakyaliranga Sulemaani kye balwoozanga okuba eky'obugagga ekisinga mu byonna?** [Magezi] Buli omu ey'ajja okumulaba yali mugagga. Baali balina buli kya bugagga kyonna kye bagala. Kye baali basing okwagala gaali magezi kubanga baali bakizuumde nti amagezi ga muwendo okusinga ebirala byonna.
4. **Ojjukira bulungi okuviira ddala ku wiiki ewedde mu kuyiga engeri nze naawe gyetuyinza okufuna amagezi?** [Kkiriza ekigambo, manya era otegeere Baibuli bwegamba. Tereka amateeka ga Katonda, wejjukanye enyiriri eziri mu Baibuli: saba Mukama amagezi (Engero 2:1-6).

Obugagga bwa Sulemaani

**(1Bassekabaka 10:26-27)**

**Sulemaani n'akungaanya amagaali n'abasajja abeebagala embalaasi; era yalina amagaali lukumi mu ebikumi bina n'abasajja abeebagala embalaasi kakumi mu enkumi bbiri be yateeka mu bibuga eby'amagaali n'awaali kabaka e Yerusalem. <sup>27</sup> Kabaka n'afuula ffeeza okuba ng'amayinja mu Yerusaalemi, n'emivule n'agifuula okuba ng'emisukamooli egiri mu biwonvu olw'obungi.**

5. **Sulemaani y'afuuka atya omugagga?** [JJukira nti Katonda y'amuwa obugagga si lwa kuba nti y'abusaba, naye ye yasaba magezi].
6. **Kino kikuyigiriza ki ku Katonda ky'ayagala ffe okutwala ng'ekyomuwendu?** [Katonda atwagala okutwala amagezi okuba eky'omuwendu okusinga obugagga n'ekitiibwa].
7. **Ojjukira okuva mu kuyiga kwaffe ku Dawudi ne Sawulo Katonda kyasubira era kye yeetaaza abo balonze nga bakabaka?** [Abetaaza okugondera ddala Katonda]. Naye Sulemaani n'atagondera ddala Katonda].

Obutagonda bwa Sulemaani.

<sup>1</sup> Era kabaka Sulemaani n'ayagala abakazi bangi bannagwanga wamu ne muwala wa Falaawo, abakazi ab'oku Bamowaabu n'abamoni n'Abaedomu, n'Abasidoni, n'Abakiiti.

<sup>2</sup> Ku mawanga Mukama ge yagambako abaana ba Isiraeri nti temugendanga mu bo so tebajjanga bo mu mmwe; kubanga tebalirema kukyusa mutima gyammwe okugoberera bakatonda baabwe; Sulemaani ne yeegata nabo ng'abagala.

<sup>3</sup> Era yalina abakazi lusavvu, abambejja, n'abazaana ebikumi bisatu; bakazi be ne bakyusa omutima gwe. <sup>4</sup> Kubanga olwatuuka Sulemaani ng'akaddiye bakazi be ne bakyusa omutibwa gwe okugoberera bakatonda abalala; omutima gwe ne gutatuukirira eri Mukama Katonda nga bwe gwali omutima gwa Dawudi kitaawe.

<sup>5</sup> Kubanga Sulemaani n'agoberera Asutaloosi, katonda omukazi ow'Abasidoni, ne Mirakomu omuzizo gw'Abamoni. <sup>6</sup> Era Sulemaani n'akola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi, n'atagoberera ddala Mukama nga Dawudi kitaawe bwe yakola. (1Bassekabaka 11:1-6).

**8. Katonda yali alabudde ki abaana ba Isiraeri obutakikola?** [Obutawasanga mu ggwanga eddala

lyonna abasinza bakatonda abalala]. Katonda y'amanya nti emitima gyabwe gyali gisobola okuwaba

ne gidda eri bakatonda abalala.

**9. Lwaki kyali kikulu ddala Sulemaani obutakola ekyo?** [Kabaka bwagoberera bakatonda abalala,

eggwanga lyonna lijja kubagoberera].

**10. Olowooza Katonda y'addamu atya eri obutagonda bwa Sulemaani?** [Y'amujjako obwakabaka mu

kifo kye n'azaamu kabaka Dawudi].

**11. Kabaka ki omulala Katonda gwe yajjako obwakabaka olw'obutagoberera makubo ge n'omutima**

**gwe gwonna?** [(Sawulo)].

Sulemaani yaafuuka kabaka kubanga yaali mutabani wa Dawudi eyali afuuse kabaka olw'obutagonda bwa Sawulo eri amateeka ga Katonda. Nga Sawulo, Sulemaani y'ajeemera Katonda, nga Sawulo, Sulemaani yaafiirwa obwakabaka kubanga yalemererwa okugoberera Katonda.

**12. Sulemaani yakola biki eby'amaanyi?** [Sulemaani yali muzira ow'amaanyi mu Baibuli. Yali kabaka wa

Isiraeri okumalira ddala emyaka amakumi ana, yalina amagezi n'obugagga okusinga abasajja abaali

babaddewo naabalibaawo. Yatuuka ku byonna omutima gwe bye gwayaayaanira okukola].

**13. Ki ekirala Sulemaani ye kyesalawo okukola?** [Yasalawo obutagondera Katonda nakyuka okumuvaako].

**14. Olwaleero ki ky'osobola okuyigira ku Sulemaani?** [Mu byonna, Katonda ayagala kugonda]. Jjukira

eky'okulabirako kya Sulemaani. Tokkirizanga kuyayaana kwo okulemesa okugonda eri Katonda).



## OMUSOMO # 20 ERIYA (EKITUNDU 1).

### Okwejjukanya

Ekibuuzo n'olunyiriri bya wiiki ewedde.

### Olunyiriri ly'okuyiga kwa leero

**Era Akabu mitabani wa Imuli n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi okusinga bonna abamuusooka (1Bassekabaka 16:29-30).**

Ebisanyizo: Okuyimirira ku lwa Katonda.

Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebirowoozo:

**Wandiwulidde otya singa buli muntu akwetoolodde akola bibi byereere? Wandibagambye ki?**

### Ennyanjula

Nga 31.10.1571, y'atimba ekiwandiiko ku wankaali w'ekkeziya katolika mu **Wittenburg**, Bugirimaani.

Ekiwandiiko kino kyatimbibwa buli omu asobole okukisoma, era nga kinyonyola nti ebyali bikolebwa mu ekkezeziya (yokka eyaliwo) mu nnaku ze byali tebikwatagana na kigambo kya Katonda. Y'ayogera ku buliyake n'okuwaba okwali kulemesa omuntu owa bulijjo okutegeera nti omuntu alokoka lwa kukkiriza Kristo yekka.

Mu kutya Mukama okw'amazima mu 1505, yegatta ku kigo ne mu kigo gye yali yasigala alina endowooza nti Katonda yali tatuukikako mu butukuvu bwe, era kyali kizibu nnyo okutuuka ku mutindo gwe ogw'okutuukirira. Olunaku lumu bwe yali asoma Baibuli, y'asanga olunyiriri olugamba nti, "**kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikulibwa okuva mu kukkiriza okutuuka mu kukkiriza nga bwe kyawandikibwa nti naye omutuukirivu anaaba nga mulamu lwa kukkiriza (Baruumi 1:17).**

Y'akkiriza omulimu gwa Kristo ogwakolebwa ku musalaba olw'okusasulira ekibi.

Y'atandika okubuulira n'okuyigiriza ku University ye Wittenburg, era abantu baawulira obubaka bwe. Ng'alabikanga anafuya amaanyi g'ekkezeziya n'ogiremesa okufuna ensimbi ,ekiragiro ky'afulumu nga yali wa kulabikako mu lukiiiko olukulu olufuga ekkezeziya asangulewo byonna bye yali ayogedde.

Bwe yagaana ne bamulangirira okuba omumenyi w'amateeka. Mikwano gye gy'amutwala ne gimukweka. Ngali eyo, Martin Luther y'akola omulimu ogwali omunene ogw'okuvvunula Baibuli mu lugirimaani n'agimala.

Martin Luther yayimirira ku lwa Katonda newankubadde obubaka abakungu tebayagla buwuliriza era bwamuleetera emitawaana. Okuyiga kwaffe leero okuva mu Baibuli kutwanjulira omuzira wa Baibuli omulala eyayimirira ku lwa Katonda wadde okuyimirira kwamuleetera emitawaana.

### Ebyafaayo bye.

Eriya yali nnabbi- Nnabbi abeera mwogezi wa Katonda gwe y'alondanga okuleeta obubaka eri abantu. Emirundi egisinga nnabbi akubiriza abantu okudda eri okusinza Katonda.

Katonda y'atuma Eriya okuleeta obubaka eri omusajja erinnya lye AKabu, eyali kabaka wa Isiraeri mu biseera ebyo. Nga tetunnasisikana Eriya twagala okudako emabega Katono tusobole okutegeera lwaki Katonda y'atuma Eriya okwogera ne kabaka Akabu.

Bwoba ojjukira okuva mu kuyiga kwaffe okuwedde Katonda yanyigira Sulemaani.

**<sup>9</sup> Mukama n'asunguwalira Sulemaani kubanga omutima gwe gwakyuka okuva ku Mukama Katonda wa Isiraeri eyali yakumulabikira emirundi ebiri . <sup>10</sup> era eyamulagia olw'ekigambo ekyo aleme okugoberera bakatonda abalala, naye n'atakwata ekyo Mukama kye yalagira.**

**<sup>11</sup>.Mukama kyeyava agamba Sulemaani nti kubanga okoze kino so tokutte ndagaano yange n'amateeka gange bye nnakulagira, sirirema kukuyuzaako obwakabaka ne mbuwa omuddu wo.**

**(1Bassekabaka 11:9-11).**

### **Ebibuuzo**

- 1. Mateeka ki abiri agasooka ku mateeka ekkumi?** (Kuva 20:3-6).
  - (a) Tobanga na bakatonda balala we ndi
  - (b) Teweekoleranga ekifaananyi ekyole, newandkubadde ekifaananyi eky'ekintu kyonna kyonna, ekiri waggulu mu ggulu, newankubadde ekiri wansi ku ttaka, newankubadde ekiri mu mazzi agali wansi w'ettaka; tobivuunamiranga ebyo, so tobiweerezanga.
- 2. Sulemaani yakuuma amateeka gano?** [Mu kusooka yagakuuma, naye oluvannyuma natandika okusinza bakatonda ba bakyala be].
- 3. Ekifaananyi kye ki?** [Kye kibumbe oba ekintu kyonna omuntu kyakoze okudda mu kifo kya Katonda n'akisinz]).
- 4. Lwaki okusinza ebifannanyi kwa mutawaana?** [Ebifaananyi biwugula emitima gyaffe okugiggya ku Katonda; abantu batandika okuwa obudde ebintu bino okusinga Katonda].

Kino kyakulabirako ka tugambe ofuna ddoola emu mu wiki; birowoozo ki ebisooka okujja?

Okuwa sente 10 eri Katonda, oba mubwangu olowooza ku ki kyogenda okugula? Si songa ekintu

kikulu kwe nkana wa mu bulamu bwo, Katonda ayagala okuba omukulu asinga byonna.

- 5. Lwaki Katonda ayagala okuba omukulu asinga byonna oba bonna?** [Singa Katonda aba nga si yasinga mu bulamu bwaffe, awo nno obulamu bwaffe tubuwaayo eri ebyo bye tulowooza okuba ebisinga obukulu].

Eky'okulabirako ekirala, ki ekibeerawo singa buli muntu ayagala okuzannya omupiira okusinziira ku mateeka ge nga ye? Kika ki eky'omuzannyo ekinabeerawo? Oba singa

omusomesa agamba, “leero osobola okuyisa omuntu yenna nga bwoyagala. Singa oyagala okulwanira mu lunyiriri lw’okufuna emmere oba okulaba mu kamwa omukulu w’essomero-terina buzibu. mbeera ki enebeera mu ssomero? Kajja kuba kavuyo? Namitawaana?]

Kaakano katulabe lwaki Eriya yasisinkana Akabu:

### **Eriya (Ekitundu 1)**

Mu biseera Sulemaani mweyabeerera kabaka, Isiraeri yayawukanamu ebitundu bibir: Isiraeri eyo mumambuka nga ekibuga kyayo ekikulu nga kiyitibwa Samariya ne Yuda eyomumaserengeta ekibuga kyayo ekikulu Yerusalemi.

Kaakano Sulemaani ye yaali kabaka wa Isiraeri yonna awamu; amambuka namaserengeta, nga kitaawe Dawudi bweyafuga. Sulemaani ng’amazze okufa mutabani we Lekobowaamu namuddira mu bigere okuba kabaka wa Isiraeri yonna. Lekobowaamu yali kabaka waggume era abantu tebamwagala. Kaakano abantu ba Isiraeri basalawo okwerondera Yerobowaamu okubeera kabaka waabwe, omu ku bakungu ba Sulemaani. Yuda yokka ye yasigala nga enyweredde ku Lekobowaamu.

Katonda yasubiza Yerobowaamu nti singa yali amugondedde n’akwata amateeka nga Dawudi, yali wa kufugira ebbanga ddene. Naye Yerobowaamu teyawuliriza katonda, Katonda n’agamba Yerobowaamu nti “**naye okoze ekibi okusinga bonna abakusooka n’ogenda newekolera bakatonda abalala n’ebifaananyi ebisaanuse okunsuguwaza, n’onsuula ennyuma wa mabega go. (1Bassekabaka 14:9).** Lekobowaamu teyayawukana ku Yerobowaamu, naye nakyusa Yuda okuva ku Mukama, era newabeerawo olutaalo wakati wa Lekobowaamu ne Yerobowaamu.

Lekobowaamu bwe yafa mutabani we Abiyaamu n’atanula okufuga Yuda. “**N’atambulira mu bibi byonna ebya kitaawe bye yakola okumusooka; n’omutima gwe tegwatuukirira eri Mukama Katonda we ng’omutima gwa Dawudi kitaawe. (1Bassekabaka 15:3).**

Oluvannyuma nga Abiyaamu afudde, mutabani we Asa n’atanula okufuga Yuda, era n’afugira emyaka 41. Yali kabaka mulungi; “Asa n’akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga Dawudi kitaawe bwe yakola.

Nga tukomyewo mu Isiraeri, oluvannyuma lwa Yerobowaamu okufa mutabani we Nadabu n’atanula okufuga nga kabaka wa Isiraeri. N’afugira emyaka ebiri. “**N’akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi, natambulira mu kkubo lya kitaawe ne mu kyonoono kye kye yayonoonesha Isiraeri.**(1Bassekabaka 15:26).

Omusajja ayitibwa Baasa n’atta Nadabu, n’atanula okufuga Isiraeri “**nakola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi n’atambulira mu kkubo lya Yerobowaamu ne mu kwonoona kwe kweyonoonesha Isiraeri (1Bassekabaka 15:34).** Amangu ddala nga Baasa afuuse kabaka, n’atta abantu bo mu maka ga Yerobowaamu bonna olw’ebibi Yerobowaamu bye yakola ne bye yaleetera Isiraeri okukola. Baasa n’afugira Isiraeri emyaka <sup>24</sup>, ne babeera nga mu ntalo

ebiseera byonna eby'okufuga kwaabwe. Baasa bwe yamala okufa mutabani we Era n'atanula okufuga Isiraeri n'afugira emyaka ebiri.

Zimuli omu ku bakungu be n'amutta n'atanula okufuga nga Kabaka. Amangu ago Zimuli ng'amaze okufuuka kabaka n'atta buli omu eyali mu maka ga Baasa olw'ebibi Baasa ne mutabani we Era bye baali bakoze era ne bye bakozeza Isiraeri yonna.

Zimuli n'afugira ennaku musanvu, abantu bwe bawulira nti Zimuli ase Era, ne balangirira Omuli okubeera kabaka. Eyali omukulu w'eggye, era Omuli n'atta Zimuli olwe byali ebibi bwe yakola mu maaso ga Mukama nga kitaawe Yerobowaamu bwe yakola. Omuli y'afugira emyaka 12 **“Omuli n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi n'alagira ekyejo okusinga bonna abaamusooka (1Bass 16:25).**

Bano batutuusa ku Akabu, **“Era Akabu mutabani wa Omuli n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi okusinga bonna abamusooka” (1Bassekabaka 16:30).**

**Ekibuuzo:**

1. **Ki kyolabye ku bakabaka abasing be twakogerako wano?** [Ebiseera ebisinga mutabani wa kabaka y'addiranga kitaawe mu bigere, okuleka Asa eyali kabaka omulungi, buli kabaka eyaddangako ng'akola ebibi okusinga gw'addidde mu kifo].
2. **Lwaki olowooza nti ebintu byatambula mu ngeri eno?** [Ng'omwana nga taata] Ebisinga abaana ab'obuwala n'obulenzi baba bayiga nga balaba bazadde baabwe bwe bakola. Abalenzi bakula balaba nga bayiga okuva ku bakitaabwe.
3. **Abaana, lwaki mulowooza nti bataata bammwe ba baleeta mu kuyiga Baibuli kuno?** [kubanga baba baagala okuyiga nga bo bakola ng'ekyokulabirako okubalaga obukulu, bw'okuyiga ekigambo kya Katonda]. Olaba, wetaaga omutindo kw'osobola okupimira empisa; okumanya ekituufu n'ekikyamu. Yesu Kristo ye mutindo Katonda gwe y'atuwa tusobole okumanya okubeera mu bulamu obisingira ddala obulungi.

Ebintu byonna ebibi bakabaka ba Isiraeri bye baakola okutuukira ddala ku Akabu, wabula Akabu n'akola ebibi okusinga bonna n'asunguwaza Katonda. Wano Eriya w'alabikira, Katonda nga amutumye okusisinkana kabaka Akabu olw'okuleka amateeka ge.

## OMUSOMO # 21 ERIYA (EKITUNDU 2).

Okwejjukanya:

Ekibuuzo n’olunyiriri lwa wliki ewedde.

Olunyiriri ly’okuyiga kwa leero; (1Bassekabaka 17:1)

**Awo Eriya omutisubi, eyali ku abo abaatuula e Bireyaadi, n’agamba Akabu nti Mukama Katonda wa Isiraeri nga bw’ali omulamu gwe nnyimirira mu maaso ge, tewaabenga musulo newandkubbade enkuba mu myaka gino, wabula ng’ekigambo kyange bwe kiri.**

Ebisaanyizo: Obuvumu mu Mukama, n’obuvumu mu ku kkiriza.

Ekibuuzo ky’okulowoozaako:

**Singa omu ku mikwano gyo akwagala okole ekintu ekikyamu, omugamba ki?**

Okuddako emabega ku kuyiga kwa leero.

Mutabani wa Imuli Akabu yakola ebyali ebibi okusingira ddala bonna abamusooka n’anyiiza Katonda okusinga bonna. Akabu yawasa omuwala erinnye lye Yezebeeri eyali muwala wa kabaka w’ensi eyali ebaliraanye era y’asendasenda kabaka n’atandika okuweereza Baari n’okumusinja.

Katonda y’atuma nnabbi Eriya okuleetera kabaka Akabu obubaka, **“Mukama nga bwali omulamu gwe nnyimirira mu maaso ge, tewaabenga musulo newankubadde enkuba mu myaka gino, wabula ng’ekigambo kyange bwe kiri”.** (1Bassekabaka 17:1) Awo Eriya n’ava mu maaso ge n’agenda n’eyekweka.

Nga wayiseewo emyaka essatu oluvannyuma, Katonda n’agamba Eriya okugenda okusinkana Akabu. Nga tewali nkuba okumalira ddala emyaka essatu, enjala yali nnyingi mu Samariya (ekibuga ekikulu mu bwakabaka obw’omumambuka bwa Isiraeri Akabu mwe yali abeera.

Akabu y’atuma Obadiya eyali omukungu mu lubiri okugenda okunoonya emmere, Obadiya yali mukkiriza w’amaanyi mu Katonda. Mukazi wa Akabu Yezebeeri bwe yali agenda mu maaso ng’atta bannabbi ba Katonda buli gwe yasanga , Obadiya y’akweka mu kyama bannabbi abawerera ddala 100 mu mpuku era y’abatwaliranga emmere n’amazzi. Obadiya bwe yali atambula n’asisinkana ne Eriya; n’amugamba nti **genda obuulire mukama wo nti laba Eriya ali wano (1Bassekabaka 18:8).**

Ennyanjula:

Wayanjulirwa Watchman Nee mu kuyiga emabega (Omusomo # 12: Samwiri).

Bino bye bikwata ku buvumu bwe yalina mu Katonda:

Waaliiwo okujaguza mu luwummula mu kyalo kya China ekiyitibbwa Mei-hua omwali n’okuwaayo ssaddaaka eri bakatonda. Watchman Nee yali n’ekibiina eky’ababuulizi abato abaagezaako okugabana enjiri mu bikuubo ng’okujaguza kugenda mu maaso. Naye nga tewali awuliriza nga bonna baddamu nti: “ffe tulina Katonda owaffe; Ta-wanga (ekitegeeza kabaka ow’amaanyi). Embaga ye eba ya nnaku bbiri era okumalira ddala emyaka 286, Ta-wanga



abadde asindika omusana awatali kulemererwa ku nnaku z'embaga. "Omubuulizi y'abaddamu mu bigambo bye nti "mbasuubiza kaakano, Katonda owaffe nga ye Katonda ow'amazima agenda kutonnyesa enkuba ku lunaku lw'embaga ya Ta-wanga."

Amangu ago abantu be kyalo bonna ne baagala balabe ne bagamba "ye katulabe. Bwenettonya ku mbaga ya Ta-wanga nga tumanya nti Yesu Katonda ddala tunnaamuwuliriza."

Ku lunaku lw'embaga ya Ta-wanga omusana gwali gwaka bulungi nnyo nga bulijjo, Watchman nnawulira okwagala okusaba Katonda enkuba etonnye naye nnawulira eddobozi etono nga ligamba nti "Ali ludda wa Katonda wa Eriya?"

Watchman ne banne baali bavvunama okwebaza Katonda olw'ekyenkya, enkuba ne tandika okuvaamu obutondo, n'etonnya n'effukumukira ddala mu bungi.

Amangu ago abamu ku bantu bokukyalo ne batandika okulekaanira waggulu, "Yesu Katonda ddala!". Abasinza ba Ta-wanga, wadde balemera ku kutwala omukolo gw'ekifaananyi mu maaso, naye enguudo zonna zaali zijjudde amataba. Ne bonna abaali mu nyiriri ng abatambula baatandika okuseerera.

Ekifaananyi kyabwe kyagwa. Ekyalo kyonna mu kiseera kino baali bayayaana okuwulira enjiri. (Ekitundu kino kisimbuliddwa nga kiva mu mbooji y'abazira ekyawandiikibwa Dave ne Neta Jackson Bethany mu 1997 olupapula 98 -100.

Mu kuyiga kwa leero kwa Baibuli, tujja kuwulira okuva eri "Katonda wa Eriya" nga Watchman Nee bweyakola ne kyalo kya Mei-hau.

Eriya (Ekitundu 2)  
(1Bassekabaka 18:16-39)

**<sup>16</sup> Awo Obadiya n'agenda okusisinkana Akabu; Akabu n'agenda okusisinkana Eriya. <sup>17</sup> Awo olwatuuka Akabu bwe yalaba Eriya, Akabu n'amugamba nti ggwe wuuno, ggwe ateganya Isiraeri?**

**Ekibuuzo: Lwaki Akabu yalamusa Eriya mu ngeri bweti?** [Waaliwo enjala ey'a maanyi mu Isiraeri kubanga enkuba yali tetonnya okumalira ddala emyaka essatu, era Eriya yali agambye nti enkuba teri tonnya okujjako ng'ekigambo kye bwe kiri. Emyaka ejo essatu Akabu yalina mu buli ggwanga oba obwakabaka omuntu eyali anoonya Eriya. Akabu ekyeeya yali akineza Eriya].

**<sup>18</sup> N'addamu nti nze sinnateganya Isiraeri; naye ggwe n'ennyumba ya kitaawo, kubanga mwaleka ebiragiro bya Mukama, n'ogoberera Babaali.**

**Ekibuuzo: Bubaka ki Eriya bwawa Akabu?** [Ensonga lwaki enjala eno ebaddewo lwakuba mwalekerawo okusinza Katonda, ne musinza ba katonda abalala].

**<sup>19</sup> Kale nno tuma okungaanyize gye ndi Isiraeri yenna ku lusozi Kalumeeri ne bannabbi baBaali ebikumi bina mu ataano ne bannabbi ba Baaseri ebikumi bina abalya ku mmeeza ya Yezebeeri.**

**<sup>20</sup> Awo Akabu n'atumira abaana ba Isiraeri bonna n'akungaanyiza bannabbi ku lusozi Kalumeeri.**

**<sup>21</sup> Awo Eriya n'asemberera abantu bonna, n'ayogera nti mulituusa wa okutta nga n'aga nga mulowooza wabiri? Mukama oba ye Katonda, mumugoberere, naye oba Baali kale mumugoberere ye. Abantu ne batamuddamu kigambo.**

**<sup>22</sup> Awo Eriya n'agamba abantu nti nze nzekka nze nsigadde wo nnabbi wa Mukama, naye bannabbi ba Baali abasajja ebikumi bina mu ataano.**

**<sup>23</sup> Kale batuwe ente bbiri; beeroboze ente emu okuba eyaabwe, bagitemeeteme, bagiteeke ku nku, so tebateeka muliro wansi; nange naalongoosa ente ey'okubiri ne ngiteeka ku nku, ne siteeka muliro wansi. <sup>24</sup> Kale mmwe mukaabirire erinnya lya Katonda wammwe, nange naakabirira erinnya lya Mukama, kale Katonda anaddamu n'omuliro oyo abe Katonda. Awo abantu ne baddamu ne booger nti oyogedde bulungi.**

**<sup>25</sup> Awo Eriya n'agamba bannabbi ba Baali nti mweroboze ente emu okuba eyammwe; musooke okugirongoosa; kubanga muli bangi; mukaabirire erinnya lye Katonda wammwe, naye temuteeka muliro wansi. <sup>26</sup> ne baddira ente gye baaweebwa, ne bagirongoosa, ne bakaabirira erinnya lya Baali okuva enkya okutuusa ettuntu, nga boogera nti Ai Baali tuwulire. Naye ne wataba ddooboozi newankubadde addamu n'omu. Ne babuuka awali ekyoto ekyakolebwa.**

**<sup>27</sup> Awo olwatuuka mu ttuntu Eriya, n'abaduulira n'ayogera nti mwogerere waggulu; kubanga Katonda; oba afumitiriza oba akyamye oba ali mu lugendo oba mpozzi yeebase, kimugwanidde okumuzuukusa. <sup>28</sup> Ne boogerera waggulu ne beesala n'obwambe n'amafumu ng'engeri yaabwe bwe yali okutuusa omussaayi lwe gwakulukutira ku bo. <sup>29</sup> Awo olwatuuka ettuntu bwe lyali limenyese, ne balagula okutuusa ekiseera eky'okuwaayo ekitone eky'akawungeezi, naye ne wataba ddooboozi newankubadde addamu n'omu newankubadde assaayo omwoyo.**

**<sup>30</sup> Awo Eriya n'agamba abantu bonna nti munseemberere; abantu bonna ne bamuseemberera. Naddaabiriza ekyoto kya Mukama ekyali kisuuliddwa. <sup>31</sup> Awo Eriya n'addirira amayinja kkumi n'abiri ng'omuwendo bwe guli ogw'ebika by'abaana ba Yakobo eyajjirwa ekigambo kya Mukama nga kyogera nti Isiraeri lye linaabanga erinnya lyo. <sup>32</sup> N'azimba amayinja okuba ekyoto mu linnya lya Mukama, n'asima olusalosalo okwetooloola ekyoto, obunene bwalwo oluggyamu ebigerero bibiri eby'ensigo.**

**<sup>33</sup> n'atindikira enku, n'atemaatema ente, nagiteeka ku nku. N'ayogera nti mujjuze amapipa ana amazzi, mugafuke ku kiweebwayo ekyokebwa ne ku nku.**

<sup>34</sup> Awo n'ayogera nti mukole bwe mutyo omulundi ogw'okubiri; ne bakola bwe batyo omulundi ogw'okubiri. N'ayogera nti mukole bwe mutyo omulundi ogw'okusatu; ne bakola bwe batyo omulundi ogw'okusatu.<sup>35</sup> Amazzi ne gakulukuta okwetooloola ekyoto; n'ajjuza olusalosalalo amazzi.

<sup>36</sup> Awo olwatuuka mu kiseera eky'okuwaayo ekitone eky'akawungeezi Eriya nnabbi n'asembera n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wa Ibulayimu, owa Isaaka ne Isiraeri, kitegeerebwe leero nga ggwe Katonda mu Isiraeri, era nga nze ndi muddo wo, era nga nkoze bino byonna lwa kigambo kyo.

<sup>37</sup> Mpulira Ai Mukama, mpulira abantu bano bamanye nga ggwe, Mukama ggwe Katonda, era ng'okyusizza emitima gyabwe okuddayo.

<sup>38</sup> Awo omuliro gwa Mukama ne gugwa ne gwokya ekiweebwayo ekyokebwa n'enku n'amayinja n'enfuufu, ne gukombera ddala amazzi agaali mu lusalosalalo.

<sup>39</sup> Awo abantu bonna bwe baakiraba ne bavuunama amaaso gaabwe; ne boogera nti Mukama ye Katonda; Mukama ye Katonda.

**Ebibuuzo;**

1. **Eriya yakola ki okubassa mu lukontana?** [Nti Katonda wa Isiraeri yali era ye Katonda yekka era nti Baali teyali Katonda]. Abantu bwe balaba ekyo Katonda kye yakola ku lunaku olwo, ne bakitegeera nti baali bamwerabidde era bajjukira Mukama nti ye Katonda yekka.
2. **Oyiga ki mu lukontana lwa Eriya?** [Ebiseera ebimu kyangu nnyo okwerabira Katonda]. Tutwalibwa ebintu bingi nga okubeera ku ssomero, emirimu gy'awaka, emikwano, n'ebikolebwa ebirala ne twerabira nti twetaaga okufuna ebiseera ne Katonda.

Essomero, emikwano, n'ebirala byonna biba bikulu naye Katonda byonna yabituwa tusobole okubinyumirwa n'okumwebaza olw'ebyo byonna by'akoze gye tuli. Naye Katonda tayagala bifuuke bikalu nnyo gye tuli bituuke n'okutwala ekifo kye mu bulamu bwaffe.

3. **Olowooza bisanyizo ki ebibiri Eriya bye yalina?** [Okukkiriza n'obuvumu mu Katonda]. Eriya y'alina okukkiriza okwannamaddala mu Katonda. Katwogere ku bisanyizo ebibiri Eriya byeyalina:  
(i)Eriya yalina okukkiriza okwannamaddala mu Katonda.  
Eriya yakola kyonna Katonda kye yamulagira okukola.
4. **Lwaki kyali kyetaagisa obuvumu n'okukkiriza Eriya okusisinkana Akabu?** [Akabu yali anoonyezza Eriya wonna era ng'agambye abantu bonna emitawaana gyonna gyali gisibuka ku Eriya. Yeyaali aleese ekyeeya, ate era Yezebeeri ne Akabu baali batta buli eyali ayitibwa nnabbi wa Katonda gwe basanganga].

5. **Ddala leero kitwala buvumu okubeera omukkiriza?** [Yee, kubanga oyinza okufuuka ekisekererwa wonna olw'okuyimirawo ku Iwa Katonda. Mu bitundu ebimu eby'ensi kiyinza okuba eky'omutawaana okumaanyisa abantu nti oli mu kristaayo].

abali  
Ng'omukulembeze w'ekibinja, twala ekiseera okulembera abantu bano mu kusabira abo mu nsi yonna nga bayiganyizibwa olw'okukkiriza kwabwe.

(ii) Eriya y'alina obuvumu obwa ddala mu Mukama.

6. **Eriya yalaga atya obuvumu bwe yalina mu Katonda?** [Eriya n'ekigendererwa y'atambula n'agenda mu kifo bannabi ba Katonda gye baattirwa n'asoomooza, n'adduulira, n'okunyiiza bannabbi ba baali ebikumi bina mu ataano abaalina ebitala eby'obwogi n'amafumu].

7. **Osobola otya okuba n'obuvumu mu Katonda?** [Osobola okuba omugumu ng'omanyi nti kyonna Katonda kyayogera kiba ky'amazima].

Eriya yali muvumu nti kyonna Katonda kye yamugamba kyali kituufu ate nga kirungi. Mu kuyiga kwaffe okuddako tujja kweyongerera okulambulula engeri Eriya gye yazimba obuvumu naawe engeri gy'oyinza okuzimba obuvumu bunno mu Katonda

## OMUSOMO # 22 ERIYA (EKITUNDU 3).

Okwejjukanya:

Ekibuuzo n’olunyiriri bya wliki ewedde.

Olunyiriri ly’okuyiga kwa leero.

**Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw’ayogera Mukama w’eggye. (Zekkariya 4:6).**

Ebisaanyizo.

Obuvumu mu Mukama, okuyimirirawo ku lw’ekyo ekituufu.

Okukubaganya ebirowoozo

**Bataata : Nyonyola ebiseera Katonda bye yagabirira oba bwe y’akuyisa mu kintu ekitaali kyangu n’asobola okuzimba obuvumu mu ggwe.**

**Abaana: Nyonyola ekiseera maama wo oba taata wo webakuyamba okuyita mu kiseera ekyali ekizibu; ogeza; obulwadde, omulimu gw’ekibiina ku ssomero, akatambi ka firimu.**

Ennyanjula

“Mukwano, singa mwe nange twetwalira ekitiibwa kya Katonda, tuba basiru ng’ekinyonyi kino ki nkonkona miti nga bwe naabanyonyola. Nkonkona miti y’abuuka n’agenda waggulu ku ntiko y’omuti n’atandika ogusima erudda emirundi esatu. Amangu ago waaliwo okumyansa n’okubwatuka okwakuba omuti ne gugwa mu bibajjobajo. Ekinnyonyi kino kyali kibukidde ku muti oguliraanyeevo mu kutya n’okwewuunya okwe kitalo olw’ekyo ekyali kibaddewo; Nga kiyimiridde ku muti, kyali kirindirira ki ekiyinda okuddako, wabula kaali kasirikiro kokka. Ekinnyonyi kyasanyuka mu nda mu kyo mu kuseka okwe kimpowooze nga kigamba nti; ddala ddala ani ayinza okukirowooza nti enkonkona za mirundi essatu n’omumwa gwange ne muva amaanyi ago gonna agasuula n’omuti!

Eno yaali mbooji y’omusajja eyasalawo okukozesa ekyawandiikibwa; **si lwa maanyi so si lwa buyinza wabula lwa mwoyo gwange, bw’ayogera Mukama ow’eggye(Zakkaliya 4.6).**

Yewandiisa mu college ya Knox mu Toronto,Canada era ku lunaku lwe olusookera ddala mu kibuga, y’agenda mu bifo eby’omugoteko n’asaba Katonda amutemere ekkubo asobole okutwala enjiri eri abantu abalina obwetaavu; era ku ssande ye eyasooka ku nkya y’amusanga abuulira mu kkomera. Mu kuggulawo olusoma lwa college, ssenkulu wa college y’amubuuza amaka ameka ge yali akyalidde mu luwummula olw’ebugumu, mu bigambo bye y’amuddamu nti: “Lwenda mu nkaaga”.

Olumu ng’ateeseteese okwogera mu kifo ekimu ku lwe ssande; y’alina ensimbi nga ntono zaali zisobola kugula tikiti emukomya mu kkubo nga tezimutuusa we yali agenda okubuulira. Ng’amaze okusaba Katonda amukulembere, y’agula tikiti ye n’atuuka mu kifo we yali emukomya. Awo y’atandika okutambula olugendo olusigadde; mayiro nga kkumi.

Ng'atambuddeko mayiro munaana, y'asanga ekibiina ky'abasajja nga bakola oluguudo. N'atandika okunyumya n'abo n'abalengeza: "erinnya lyokka wansi w'eggulu ery'atuweebwa okutulokola," era y'abaaniriza okujja enkeera okumuwuliriza. Ekyasinga omusanyusa, abasinga kubo bajja ate omu n'alokoka.

Teyatya kuyingira mu buyumba obwali mu bifo ebyali ebizibu ennyo, era y'awangula emwoyo egiwera ng'agireeta eri Kristo. Bangi ku bo abaali bamenyese, ab'empisa ensiwuufu. Ekiro kimu bwe yali mu luguudo olwali lulimu abantu abazibu ennyo, owa poliisi n'amusanga, y'amubuuza nti; "obuvumu obuggya wa obugenda mu bifo ebiringa ebyo? Ffe tetusobola kugendayo okujjako nga tuli babiri oba basatu." Y'amuddamu nti "nange sitambula omu, bulijjo waliwo gwe mbeera naye".

Jonathan Goforth y'amala n'afuuka omu missaani mu China okuva mu 1888-1933. Olunaku olumu y'abatiza abantu abawerera ddala lwenda nkaaga (960). Buli kyamagero kyonna kye yalaba Katonda ng'akola kyamuleetera okuzimba obuvumu mu Katonda. Jonathan y'azuula ekinnyonyi kiri kye kitasobola kuzuula – nti yali tasobola kola byonna bye y'akolera Katonda mu China awatali maanyi ga Katonda kolera mu ye. Leero tugende kulaba engeri Katonda gye yazimba obuvumu mu Eriya, nga amaanyi ge amangi gakolera mu bulamu bwe.

#### Okuddako emabega ku lw'okuyiga kwa leero.

Ku lw'ekigambo kya Eriya yaziyiza enkuba okutonnya mu Isiraeri okumalira ddala emyaka essatu. Ku lw'ekigambo kya Eriya, Katonda yasindika omuliro okwokya ekiweebwayo nga ssaddaaka okulaga Isiraeri nti ye yekka ye Katonda ddala. Ku lw'ekigambo kya Eriya y'atonnyesa enkuba ku ttaka ekkalu erya Isiraeri.

Eriya yali muvumu mu Katonda y'akimanya nti kyonna kyonna Katonda kye y'amugamba okwogera kyali kya kutuukirira, era nga kyakubaawo nga bwe yali amugambye.

#### **Ekibuuzo:**

**Eriya y'alina bukakafu ki nti enkuba teyali ya kutonnya?** Yakimanya atya nti Katonda yali wa kusindika omuliro okwokya ekiweebwayo nga ssaddaaka bwe y'asomooza bannabbi ba baali? Yalina bukakafu ki nti Katonda yali wa kusindika enkuba nate? Eriya yasobola atya okuzimba obuvumu obwo mu Katonda? [katutunuulire ebintu ebye mirundi ebiri ebyaleetera Eriya okuzimba obuvumu bwe yasisinkana Akabu ne banabbi ba Baali]

Eriya (Ekitundu 3)  
( 1Bassekabaka 17).

#### Eriya ne binnamungona

<sup>17:1</sup> Awo Eriya omutisubi, eyali ku abo abaatuula e Gireyaadi, n'agamba Akabu nti Mukama Katonda wa Isiraeri nga bwali omulamu gwe nnyimirira mu maaso ge, tewaabenga musulo newankubadde enkuba mu myaka gino, wabula ng'ekigambo kyange bwe kiri.

<sup>2</sup> Awo ekigambo kya Mukama ne kimujjira nga kyogera <sup>3</sup> nti va wano okyuke ogende obuvanjoba weekweke awali akagga Kerisi akoolekera Yoludaani. <sup>4</sup> Awo olwatuuka onoonyweranga mu kaagga, era ndagidde bannamungoona okuliisiza eyo.

<sup>5</sup>Awo n'agenda n'akola ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali; kubanga yagenda n'abeera awali akagga Kerisi akoolekera Yoludaani. <sup>6</sup> Awo bannamungoona ne bamuleeteranga emmere ne nnyama enkya, n'emmere n'ennyama akawungeezi, n'anywanga mu kagga.

<sup>7</sup> Awo olwatuuka ddaki akagga ne kakala olw'obutaba nkuba mu nsi.

### **Ebibuuzo:**

1. **Wa Katonda gye yalagira binnamungoona okuliisiza Eriya?** [Ekifo kirambikiddwa bulungi mu kagga mu kiwonvu(3-4)].
2. **Lwaki olowooza Katonda y'agamba nti zaali zirina kuba nnamungoona okuliisa Eriya si buli kinnyonyi kyonna?** [Eriya asobole okimanyira ddala nti Katonda kye yali ayogedde kirina okutuukirira].

Baibuli etugamba nti ekiseera kyatuuka akagga ne kakala kubanga enkuba yali tetonnya. Jjukira Katonda y'asuubiza waali tewajja kuba nkuba okumalira ddala emyaka essatu. Olowooza Eriya y'atandika obuusabuusa?

### Eriya ewa Nnamwandu

<sup>8</sup>Awo ekigambo kya Mukama ne kimujjira nga kyogera <sup>9</sup> nti golokoka ogende e Zalefaasi ekya Sidoni, obeere eyo; laba ndagidde omukazi nnamwandu ali eyo okukuliisanga. <sup>10</sup> Awo n'agolokoka n'agenda e Zalefaasi; awo bwe yatuuka ku wankaaki w'ekibuga, laba omukazi nnamwandu ng'ali eryo ng'alonda enku, n'amuyita n'ayogera nti nkwegayiridde, nkimira otuzzi mu kibya nnywe. <sup>11</sup> Awo nga agenda okugakima, n'amuyita n'ayogera nti Nkwegayiridde, ndeetera akamere mu mukono gwo.

<sup>12</sup> N'ayogera nti nga Mukama Katonda wo bw'ali omulamu, sirina mugaati wabula olubatu lw'obutta mu ppipa n'otufuta mu kasumbi; era laba, nsennya enku bbiri nnyingire neefumbire nze n'omwana wange, tubulye tufe.

<sup>13</sup> Awo Eriya n'amugamba nti totya; genda okole nga bw'oyogedde; naye sooka obunfumbiremu akagaati okaleete gye ndi, oluvannyuma weefumbire wekka n'omwana wo. <sup>14</sup> Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti e ppipa eyo teri kendeera so n'akasumbi k'amafuta tekaliggwawo, okutuusa ku lunaku Mukama lw'alitonnyesa enkuba ku nsi.

<sup>15</sup> Awo n'agenda n'akola nga Eriya bw'ayogedde. Omukazi naye n'ennyumba ye ne baliira ennaku nnyingi. <sup>16</sup> Eppipa ey'obutta teyakendeera so n'akasumbi k'amafuta tegaggwawo g'ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yayogerera mu Eriya.

<sup>17</sup> Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo omwana w'omukazi oyo nnyini nnyumba n'alwala, n'endwadde ye n'enyiikira bw'eti n'atabaamu nate na mukka. <sup>18</sup> Awo n'agamba Eriya nti nfaayo ki eri ggwe, ggwe omusajja wa Katonda? Wajja gye ndi okunjijukiza ekibi kyange n'okutta omwana wange!



<sup>19</sup> N'amugamba nti mpa omwana wo. N'amuggya mu kifuba kye n'amusitula n'amulinyisa mu nju gye yabeerangamu n'amuteeka ku kitanda kye ye. <sup>20</sup> n'akaabira Mukama, n'ayogera nti ai Mukama Katonda wange, oleese ekibi ne ku nnamwandu ansuza ng'otta omwana we? <sup>21</sup> Ne yeegolola ku mwana emirundi essatu; n'akaabira Mukama n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wange, nkwegayiridde, obulamu bw'omwana ono bumuddemu nate.

<sup>22</sup> Mukama n'awulira eddoboosi lya Eriya, obulamu bw'omwana ne bamuddamu nate, n'alama.

<sup>23</sup> Awo Eriya n'addirira omwana n'amuserengesa ng'amuggya mu kisenge n'amuleeta mu nnyumba n'amuwa nnyina; Eriya n'ayogera nti laba, omwana wo mulamu.

<sup>24</sup> Awo omukazi n'agamba Eriya nti kaakano mmanyi ng'oli musajja wa Katonda, era ng'ekigambo kya Mukama mu kamwa ko ge mazima.

### **Ebibuuzo:**

1. **Eriya bwe yatuuka ku wankaaki w'ekibuga ki ekyabaawo?** [Mu bukakafu obw'ekitalo nnamwandu yali awo, n'eppipa y'obutta, n'akasumbi k'amafuta tebyakalira].
2. **Lwaki olowooza Katonda y'aganya omwana wa nnamwandu okufa?** [Nga Eriya asaba Katonda y'akomyawo obulamu bw'omwana! Oba nga waaliwo okubusabuusa kwonna mu ndwooza ya Eriya nti Katonda yali wakola nga bwe yayogera, kwamalibwawo ekyamagero kino].
3. **Olowooza lwaki Katonda y'aganya ebintu bino ebitali bya bulijjo okubeera mu bulamu bwa Eriya?** [Kyonna ekyabangawo kyazimbiranga ku kinaakyo obuvumu mu bwa Eriya mu Katonda. Katonda wa Isiraeri gwe yali aweereza, y'atema ekkubo ye okusobola okulumba kabaka Akabu ne bannabbi ba Baali okukomyawo obuvumu bwa Isiraeri okuddamu okwesiga Katonda].

### **Obuvumu mu Katonda.**

4. **Mu lukontana luno ne kabaka, ki ekyabaawo nga Eriya ayimirira n'anywerera ku ekyo ekyali ekituufu mu maaso g'abantu ba Isiraeri?** [Okuva mu ekyo eggwanga lyonna erya Isiraeri lyakomyawo okukkiriza kwalyo mu Katonda. Katonda ye yeraga eri Eriya, naye neyongera okukkiriza n'okwesiga Katonda era n'ayimirira ku bigambo bye].
5. **Lwaki olina okuyimirira ku lwekyo ekituufu wadde abalala bayinza okuvaamu?** [Kijja kuyamba n'abalala okiyimusa oba okweyongera obuvumu mu Katonda].
6. **Abazadde bo bakuyamba batya okweyongera okebeera n'obuvumu mu bo?** [Emmere ebeerawo ku mmeeza bulijjo, engoye ez'okwambala bulijjo zibeerawo, era waliwo n'akasolya k'ennyumba mwosula].
7. **Lwaki kikulu ggwe okweyongera okwesiga abazadde bo?** [Bwe baba bakuyigiriza osobola okubawulira].



8. **Ba taata, buvunanyizibwa ki bwe mulina abaana okusobola okweyongera obasaamu obwesige?** [Mubayigirize ekyo ekituufu era eky'amazima n'obayamba okuyiga okusalawo obulungi].
9. **Oyinza otya okweyongera okuzimba obwesige mu Katonda?** [Buli lw'ewenyigira mu dduyiro, omubiri gweyongera amaanyi n'obugumu. Buli bwe wenyigira mu ebyo ebyongera okuzimba okukkiriza ogeza ng'okola okusalawo okulungi, weyongera amaanyi n'obwesige mu kukkiriza kwo]. Katonda akuwa omwaganya okweyongera okuzimba okukkiriza kwo osobole okufuuka omuntu ye gwayagala obeere.

## OMUSOMO # 23: YOBU

Okwejjukanya ng'oli eka  
EBibuuzo n'olunyiriri .

Olunyiriri ly'okuyiga kwa leero.

“.....kubanga abo abanzisaamu ekitiibwa bennasangamu ekitiibwa...”.(1Samwiri 2:30)

Embala y'ekisaanyizo : Obwesimbu

Okubaganya ebirowoozo

1. **Oli waka essaawa 7-11 oluvannyuma lw'okuva ku ssomero. Muli babiri mwekka mu sitoowa era munno nga tategedde, n'assuula ddoola 20 mu kkubo ng'afuluma oluggi. Okola ki?**
2. **Ka tukyusemu embeera; waliwo ffirmu gy'oyagala okulaba, naye bazadde bagamba ng'owulira bulungi nti tolina kujiraba. Ku lw'okutaano ekiro ogenda mu nnyumba ya mukwano gwo okusulayo, mukwano gwo aleeta ffirmu eyo yennyini gy'otokkirizibwa kulaba; akugamba nti “eno ffirmu nnungi nnyo, bazadde bange bangamba nti nsobola ogigaba ekiro kino, ka tujjirabe”. Okola ki nga ggwe?**

**Ebibuuzo:**

1. **Obwesimbu kye ki?** [Mu nyinnyonyola ennyangu obwesimbu kwe kwewaayo okola ekyo ekituufu].
2. **Obwesimbu bukulagira kola ki?** [Obwesimbu bukulagira okola okusalawo okutuufu era weyongerenga okusalawo obulungi].

**Ennyanjula**

Mu 1924, essuubi lya England erisingayo okuwangula omuddaali gwa zaabu mu mbiro eza mita kikumi mu mizannyo gya olimpiki egyali mu Paris Bufalansa. Embiro zino bazitegeka ku ssande, **Eric** n'agamba nti “Nze sisobola kudduka ku ssande; luno luba lunaku lwa kusinza Katonda, si lwa mirimu oba mizannyo, naddala gye ndi”.

Abakungu ba Bungereza baagezaako okulaba nga enteekateeka eno ekyusibwa, naye tekyasoboka. Abantu abamu bamuyita omusiru abalala ow'enkwe. Naye Eric yanywerera ku kisuubizo kye yali akoze okuwa ekitiibwa olwa ssande ng'olunaku lwa Mukama olw'okuwummulirako.

Ng'eno oludduka olusooka lugenda mu maaso, Eric ye yali ayogera mu kkanisa eya Scottish, ku kwewaayo kwe eri Yesu Kristo.

Wadde sigye gyali emisinde gye gye yetanira, Eric yasobola okudduka embiro za mita ebikumi ebina n'atuuka ku ludduka oliddirira olusembayo. Oludduka olusembayo nga lunaatera, omutendesi y'amukwasa akabaluwa akaaliko obubaka nga bugamba nti: **“Kubanga oyo anzisaamu ekitiibwa gwe nnaawanga ekitiibwa (1sam 2:20).** Eric y'awangula embiro zino newankubadde nga si zeyali yetegekedde okudduka – mu byafaayo by'ensi.

*(Ekitundu kino kisimbuliddwa mu mboozi z'abazira ekyawandiikibwa Dave ne Neta Jakison)  
Bethany House 1997, olupapula 81-88.*

Mu 1981, emboozi ya Eric Lidell y'aleetebwa mu ffirmu ey'okugaba ebirabo by'abawanguzi eyitibwa 'amaggaali g'omuliro).

Obwesimbu bugamba nti kola okusalawo okutuufu ate weekuumire mu kusalawo okwo. Eric Lidell yali musajja mwesimbu. Mu kuyiga kuno tujja kusionkana omuzira omulala owa Baibuli eyali omusajja omwesimbu.

Yobu  
(Yobu 1:2-3)

<sup>1.1</sup> Waaliwo omusajja mu nsi Uzzi, erinnya lye Yobu, era omusajja oyo yatuukirira era nga wa mazima, era ng'atya Katonda ne yeewalanga obubi. <sup>2</sup> N'azaalirwa abaana ab'obulenzi musanvu n'abo buwala basatu. <sup>3</sup> Era ebintu bye byali endiga kasanvu, n'engamira enkumi ssatu n'emigogo gy'ente ebikumi bitaano, n'endogoyi enkazi ebikumi bitaano, n'abaddu bangi nnyo nnyini; omusajja oyo n'aba mukulu okusinga abaana bonna ab'ebuvanjuba.

<sup>4</sup> Batabani be ne bagendanga ne bafumbanga embaga mu nnyumba ya buli muntu ku lunaku lwe; ne batumanga ne bayitanga bannyinaabwe abasatu okulya n'okunywa nabo. <sup>5</sup> Awo olwatuuka ennaku z'embaga yaabwe bwe zaayitawo, Yobu n'atumanga n'abatukuzanga n'agolokokanga enkya mu makya, n'awangayo ebiweebwayo ebyokebwa ng'omuwendo gwabwe bonna bwe gwali; kubanga Yobu yayogera nti mpozzi batabani bange boonoonye, ne beegaana Katonda mu mutima gyabwe. Bwatyo Yobu bwe yakolanga olutata.

<sup>6</sup> Awo olunaku lwali lumu abaana ba Katonda ne baja okukkika mu maaso ga Mukama, ne setaani naye n'ajjira mu bo. <sup>7</sup> Mukama n'agamba setaani nti ova wa? Awo Setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti nva kuddingana mu nsi n'okutambulatambula omwo eruuyi n'eruyi.

<sup>8</sup> Mukama n'agamba setaani nti olowoozezza ku muddu wange Yobu? Kubanga tewali amufaanana mu nsi, omusajja eyatuukirira era ow'amazima, atya Katonda ne yeewala obubi.

<sup>9</sup> Awo setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti Yobu atiira bwereere Katonda?

<sup>10</sup> Tomukomedde lukomera okumwetoolola ye n'ennyumba ye ne byonna byalina, enjuyi zonna? Owadde omukisa omulimu gw'engalo ze, n'ebintu bye byaze mu nsi. <sup>11</sup> Naye kaakano golola omukono gwo okome ku byonna by'alina kale alikweganira mu mukono gwo.

<sup>12</sup> Mukama nagamba Setaani nti laba, byonna byalina biri mu mukono gwo: kyokka ku ye yenyini togolola mukono gwo. Awo Setaani n'ava awali Mukama.

<sup>13</sup> Awo olunaku lwali lumu batabani be ne bawala be bwe baali nga baliira era nga banywera omwenge mu nnyumba ya muganda waabwe omukulu. <sup>14</sup> omubaka najja eri Yobu nayogera nti ente zibadde nga zirima, n'endogoyi nga ziziriraanye nga zirya; <sup>15</sup> Abaseba nebazigwako

nebazitwala; weewaawo, basse abaddu n’obwogi bw’ekitala; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira.

<sup>16</sup> Yali ng’akyayogera, omulala n’ajja naye nayogera nti omuliro gwa Katonda gugudde nga guva mu gguu, era gwokezza endiga n’abaddu be gubazikirizza; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira.

<sup>17</sup> Yali ng’akyayogera, omulala najja naye nayogera nti Abakaludaaya beefudde ebibiina bisatu, ne bagwa ku ngamira, era bazitutte, weewaawo, era basse abaddu n’obwogi bw’ekitala; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira.

<sup>18</sup> Yali ng’akyayogera, omulala najja naye nayogera nti batabani bo ne bawala bo baali nga baliira era nga banywera omwenge mu nnyumba ya muganda waabwe omukulu: <sup>19</sup> kale, laba, embuyaga nnyingi ne zijja nga ziva mu ddungu, ne zikuba ensonda ennya ez’ennyumba, negwa ku balenzi era bafudde; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira.

<sup>20</sup> Awo Yobu n’agolokoka n’ayuzza omunagirowe gwe n’amwa omutwe ‘avuunama ku ttaka n’asinza;

<sup>21</sup> nayogera nti nava mu lubuto lwa mmange nga ndi mwereere, era ndiddayo nga ndi mwereere: Mukama yeyawa, era Mukama agyeewo; erinnya lya Mukama lyebazibwe.

<sup>22</sup> Mu ebyo byonna Yovu teyayoonanga, so teyavuma Katonda busirusiru.

Yobu 2.1 Awo nate olunaku lwali lumu abaana ba Katonda ne bajja okukiika mu maaso ga Mukama, ne setaani naye n’ajjira mu bo okukiika mu maaso ga Mukama. <sup>2</sup> Mukama n’agamba setaani nti ova wa? Setaani n’addamu Mukama n’ayogera nti nva okuddingana mumsi n’okutambulatambula omwo wano ne wali.

<sup>3</sup> Mukama n’agamba setaani nti olowoozezza ku muddu wange Yobu? Kubanga tewali mumsi amufaanana, omusajja eyatuukirira era ow’amazima, atya Katonda ne yeewala obubi: era akwanywezeza obutayoonona bwe, newankubadde nga wasaakiriza gy’ali okumuzikiririza obwereere.

## Ebibuuzo

1. **Baibuli enyonyola etya ku Yobu?** [Yobu yali musajja mutuukirivu ate nga mugagga). Naye ne bwe yafiirwa byonna bye yalina, ng’otwaliddemu n’abaana be, n’agumira obulwadde bwonna, Yobu yasigala nga mwesimbu]
2. **Yobu y’akuuma atya obwesimbu bwe?** [Yobu yakola ekyyo ekituufu awatali kya kunenyezebwa, kubanga yawa ekitiibwa obuyinza bwa Katonda n’eyewala ekibi). Yobu y’akimanya nti Katonda amwetaaga, okumwesiga n’akola ekyyo ekituufu] Katonda yetaaga abantu okukuuma omutindo gw’obwesimbu.
3. **Ani akola omutindo ogw’obwesimbu?** [Yesu Kristo ye mutindo gw’obwesimbu bwaffe].

4. **Katonda atugamba atya ku Yesu?** [Katonda atubuulira ebikwata ku Yesu okuyita mu kigambo kye; Baibuli].
5. **Tumanya tutya nti Baibuli ntuufu?** [Waliwo enyiriri ssatu ezisobola okutuyamba]:
  - (i) **“Kigambo n’afuuka omubiri, n’abeerako gye tuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng’ekyoyo eyazaalibwa omu yekka kitaffe), ng’ajjudde ekisa n’amazima. (Yokaana 1:14)** Baibuli egamba nti Yesu ajjudde amazima.
  - (ii) **“Ne kino kye kigambo kye twawulira ekyava mu ye kye tubuulira mmwe, nga Katonda gwe musana, so mu ye ekizikiza temuli n’akatono. (1Yokaana 1:5).** Baibuli bweyogeera ku kitangaala eba etegeeza mazima.
6. **Oba nga waliwo kitangaala n’amazima byokka mu Yesu, waliwo omwaganya gw’ekintu kyonna nga ekizikiza, n’obukyamu?** [Nedda buli kulwooza, ndwooza, kigambo oba kikulwa kyonna Yesu ky’alina oba ky’akola ky’amazima era kisonga ku mazima].
  - (iii) **“Nze kkubo, n’amazima n’obulamu....” Yokaana 14:6** “Yesu yennyini y’agamba nti ye kkubo, ge mazima n’obulamu. Bwaba Yesu nga Katonda, ate Baibuli kigambo kya Katonda, osobola okusa obwesige mu kyonna Baibuli kyekugamba nti mazima.
7. **Waliwo obukakafu obulala bwonna obulaga nti Baibuli y’amazima?** Waliwo ebyawandikibwa bina ebisobola okuyamba okuddamu ekibuuzo kino:

**“Buli ekyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw’okuyigirizanga, olw’okunenyanga, olw’okutereezanga olw’okubuulira okuli mu butuukirivu”. (2Timoseewo 3:16)**

- (i) Baibuli yawandiikibwa mu banga lya myaka 1500. Naye ate Baibuli erina ekinyusi ky’obubaka kimu: okuyayaana n’enteekateeka ya Katonda okulokola omuntu okuva mu kibi. Baibuli byegamba bikwatagana bulungi , tebirina ngeri yonna ya butanwa. Batono nnyo ku basajja bano ababeera mu biseera ebimu buli omu ne munne. Ebiseera abasajja bano webawandiikira, tebaalina na kirowoozo nti omulimu gwabe gulikunganyibwa wamu okukola ekyo leero ekiyitibwa Baibuli. Tewali bukakafu bwonna mu Baibuli obulaga nti abawandiisi baali balimba era nga bagunja ekintu kyonna okusobola okukwatagaa n’ebyo ebiriwo mu nsi. Kino kitegeeza nti Baibuli mu bulamba bwayo mazima mmereere.
- (ii) Baibuli era egamba nti **“Katonda kitangaala era mu ye temuli kizikiza nakatono (1Yok 1:5).** Jjukira nti ekitangaala kitegeeza mazima. Nga Katonda bwali ekitangaala tekisobola okulimba (Abaebbulaniya 6:18).
- (iii) **“Buli kigambo kya Katonda kikemebwa.....”(Engero 30:5).** Ekigabo kya Katonda tekisobola kukulengeza ekyo kyonna ekitali mazima.

- (iv) **“Ekigambo kyo kyonna kyonna mazima; n’emisango gyo egyensonga gyonna gyonna gibeerera emirembe gyonna” (Zabbuli 119:160).** Ekigambo kya Katonda kyali kituufu bwe kyawandiikibwa, era kituufu ne leero, era kijja kuba kituufu n’olwenkya.

Engeri endala gye tusobola okuwa obukakafu nti Baibuli y’amazima bwe bunnabbi obwatuukirira nga bwe tunaalaba nga tuyiga ku Isaaya.

Ebyawandiikibwa bigamba nti mu byonna Yobu bye yayitamu, Yobu yasigala nga mwesimbu (Yobu 2:3). Yobu yandibadde asobola okusalawo obutasinza Katonda, obutamuwa kitiibwa, n’okumunenya mu kiseera ekyo ekizibu kye yayitamu. Yandibadde asuula obwesimbu bwe.

8. **Tusobola tutya okumanya ekituufu era nti kino kye kintu ekituufu okukola?** [Osobola okumanya ekituufu kubanga Katonda y’abikkula amazima ge okuyita mu buntu bwa Yesu Kristo, n’ekigambo kye; Baibuli].
9. **Leero osobola otya okukuuma n’okubeera omwesimbu?** [Bwoba osanga akaseera akazibu okusalawo saba Katonda okuyambe okukola okusalawo okulungi].
10. **Bataata, musobola kukola ki okuyamba abaana okubeera abeesimbu?**

## OMUSOMO # 24: NEKKEMIYA

Okwejjukanya ng'oli awaka.  
**Ebibuuzo n'olunyiriri.**

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

“..... ai Mukama Katonda w'eggulu, Katonda omukulu ow'entiisa, akwata endagaano n'okusaasira eri abo abamwagala ne bakwata ebiragiro bye; okutu kwo kuwulire nno, n'amaaso go gazibuke, owulire okusaba kw'omuuddu wok we nsaba mu maaso go mu biro bino emisana n'ekiro , olw'abaana ba Isiraeri abaddu bo, nga njatula ebibi eby'abaana ba Isiraeri .....”

**(Nekemiya 1:5-6).**

Embala: **Okusaba**

Baibuli ejjudde abantu abayigirizanga nga bo bennyini kyakulabirako.

- **Muzira ki owa Baibuli eyafuna okuganja eri Katonda olw'obutabako kya kunenyezebwa?** Nuwa n'alaba okuganja eri Mukama nga talina kabi mu mirembe gye.
- **Muzira ki mu Baibuli awa eky'okulabirako nga agonda?** (Okuva eri Ibulayimu tuyiga okugonda).
- **Muzira ki mu Baibuli atuyigiriza okuba n'obuvumu?** (Yoswa).
- **Muzira ki owa Baibuli eyagoberera Katonda n'omutima gwe gwonna?** (Dawudi yagoberera Katonda n'omutima gwe gwonna).

Okuyiga kwa leero kukwata ku musajja ow'okusaba.

### Ennyanjula

Y'atandika amaka ga bamulekwa agaasooka mu England. Y'abeeranga mu bulamu obw'okukkiriza Katonda; ng'asobola okutuula ng'alindirira Katonda olw'okulya okulina okuddako, nga tewali mmere mu nyumba, kubanga yakimanya nti Katonda asobola okugabirira, ate ekyo Katonda y'akikolanga bulijjo. Abaana tebbabalwako kya kulya bulijjo, baalinnanga ebyo ebyetaagisanga bulijjo. Bulijjo waabeerangawo abantu abatuufu, okulabiriranga bamulekwa. Bulijjo baabanga n'ensimbi ezisobola okugula ettaka ery'etaagisanga. Waabeerangawo ensimbi ezimala okumaliriza ebizimbe ebyali nga byetaagisa. Yalina okukkiriza mu Katonda ne Katonda y'asaamu ekitiibwa okukkiriza okwo.

Mu myaka 63 geyamala mu buweereza bw'okukkiriza, ebyavaamu nga bikyakakyuka. Amasomero 72 ge yatandika wonna awamu ngalina abayizi 121,683. Amaka ga bamulekwa nga gabeeramu bamulekwa abawerera ddala 10,000. Kikkirizibwa nti bamulekwa 2, 813 bava mu ttendekero nga bamaze okukkiriza era baifuluma ne bagenda ne baleeta abalala bangi ddala eri Kristo.

Ettendekero lino era bagaba Baibuli 281,000, endagaano empya ezikunnukiriza akakadde kamu n'ekitundu (1.5m), obupapula obw'enjiri obuwerera ddala 111,000,000. Abamissaani bikumi na bikumi baafunanga obuyambi bw'ensimbi. Yo ng'ekkanisa y'asindika aba misaani 63 ebweru w'eggwanga. Yatandika amakkanisa amalala kkumi.

Teyali mugagga, era teyaddukanya buweereza bwe ku mutindo gw'ebyenfuna. Ekyenjawulo ge mazima nti yali tayogera bwogezi nti Katonda agabirira oluvannyuma, wabula yayogeranga nga tekinnabaawo.

Yayogeranga ku buweereza bwe mu biseera nga tewali nnyo ky'amaanyi kyabaddewo; ng'atamanyiddwa, era nga n'obuweereza bwe nga tebunnagaziwa nti ajja kwesigama ku bugabirizi bwa Katonda olw'okuwanirira n'okugaziwa kw'obuweereza. Y'agamba okwogera kuno kwali kwa kuba bukakafu eri abatakkiriza era n'okuzaamu amaanyi abo abakkiriza. Bino yabyogeera ku lubereberye ng'obuweereza tebungula.

George Muller yali musajja wa kusaba. Mu kuyiga kwa leero tujja kuisinkana omuzira wa Baibuli eyakkiriza nti okusaba kukulu; okwesabiranga bulijjo, okusabiranga abalala era n'okusabiranga omulimu Katonda gwe yali amuwadde okola.

#### Ebyafaayo bye:

Mu 606 Yesu nga simuzaale, Katonda yawa nabbi Yeremiya obubaka abutwale eri abantu bonna aba Yuda ne bonna abaali mu Yerusaleemi. Kino kye kigambo Yeremiya kye yayogera gye bali "Katonda abatumiddenga bannabbi olutata. Bazenga babalabula okulekeera wo okuweereza n'okusinza bakatonda abalala. Naye temufuddeyo kuwulira bannabbi. Ne mugenda mu maaso okusinza bakatonda bano. Kale nno Mukama ow'eggye agambye nti agenda kuleka kabaka Nebukadduneeza kabaka wa Babulooni okuzikiriza Yerusaleemi n'okubatwala mu bunyage mu Babulooni okumuweereza okumala emyaka 70 (Yeremiya 25: 1-12).

Wadde nga Yekaalu, bbugwe w'ekibuga ne wankaaki byali bizikirizibwa, Katonda teyaleka bantu be mu bunyage mirembe gyonna. Katonda yassuubiza Abayuddaaya nti ng'emyaka nsavu (70) giweddeko, yali wa kubakungaanya okuva mu mawanga gonna ne mu bifo byonna gye baali batwalibwa mu bunyage, abakomyewo mu Yerusaleemi (29:10-14).

Mu mwaka 559, Kuulo kabaka wa Buperusi (leero awali Iraani), okusobola okutuukiriza ekigambo kya Mukama kye yayogera okuyita mu Yeremiya ng'alangirira mu bwakabaka bwonna obw'ensi abakkiriza Abayuddaaya okubeerayo okubakkiriza nate okomawo mu Yerusaleemi ekya Yuda basobole okuzimba nate yekaalu ya Mukama. Kaakano Katonda yatandika okubakungaanya okudda mu Yerusaleemi, nga batuuse, batandika okuzimba Yekaalu mu 534 nga Yesu simuzaale, emyaka nsavu (70) oluvannyuma nga bamaze okuva mu bunyage e Babulooni.

Nekkemiya yali musajja Muyudaaya eyali abeera mu Buperusi mu biseera kabaka Alutagizeragizi mwe y'abeerera ku bwakabaka. Era yaweerezanga mu lubiri. Nekkemiya y'afuna olukusa okuva eri kabaka okugenda e Yerusaleemi. Y'atuuka mu Yerusaleemi mu



mwaka ogwe 445 nga Yesu simuzaale , n'akulembera abantu okuddamu okuzimba bbugwe w'ekibuga.

**Nekkemiya**  
(Nek 1:3-11).

Nekkemiya nga akyali mu Buperusi, yasisinkana abasajja abaali bavudde mu Yuda. Nekkemiya yali yesunga okuwulira ebikwata ku ba Yudaaya abasigala mu Yerusaalemi.

**<sup>3</sup>Ne bangamba nti ekitundu ekifisseewo abasigadde mu busibe eyo mu ssaza balabye ennaku nnyingi n'okuvumibwa: era bbugwe wa Yerusaalemi amenyese menyese, n'emiryango gyakyo gyokeddwa omuliro.**

**<sup>4</sup> Awo olwatuuka bwe nnawulira ebighambo ebyo ne ntuula ne nkaaba amaziga ne nnakuwalira ennaku ezimu, ne nsiiba ne nsaba mu maaso ga Katonda w'eggulu, <sup>5</sup> ne nyogera nti nkwegayiridde, ai Mukama Katonda w'eggulu, Katonda omukulu ow'entiisa, akwata endagaano n'okusaasira eri abo aba mwagala ne bakwata ebiragiro bye: <sup>6</sup> okutu kwo kuwulire nno, n'amaaso go gazibuke, owulire okusaba kw'omuuddu wo kwe nsaba mu maaso go mu biro bino emisana n'ekiro, olw'abaana ba Isiraeri abaddu bo, nga njatula ebibi eby'abaana ba Isiraeri bye twakwonoona: wewawo, nze ne nnyumba twakwonoona. <sup>7</sup> Twakola eby'obukyamu ennyo gyoli, so tetwakwata biragiro ne wankubadde amateeka ne wankubadde emisango bye walagira omuddu wo Musa.**

**<sup>8</sup> Nkwegayiridde, jjukira ekigambo kye walagira omuddu wo Musa ng'oyogera nti bwe munnaasobyanga, naabaasaanyizanga ddala mu mawanga: <sup>9</sup> naye bwe munnaakomangawo gyendi ne mukwatanga ebiragiro byange ne mu bikolanga, newankubadde ng'abammwe abaagobebwa nga banaabanga ku nkomerero y'eggulu, naye naaba kungaanyanga okubaggyayo, ne mbaleetanga ku kifo kye nneeroboza okutuza omwo erinnya lyange.**

**<sup>10</sup> kale bano be baddu bo era be bantu bo be wannunula n'obuyinza bwo obungi n'omukono gwo ogw'amaanyi. <sup>11</sup> Ai Mukama, nkwegayiridde okutukwo kuwulire nno okusaba kw'omuuddu wo n'okusaba kw'abaddu bo abasanyuka okutya erinnya lyo: owe omuddu wo omukisa leero, omuwe okusaasirwa mu maaso g'omusajja ono.**

**Ka twogere ku ngeri Nekkemiya bwali eky'okulabirako ng'omusajja ow'okusaba.**

**Ebibuuzo**

- 1. Bani Nekkemiya be yasabira?** [Nekkemiya y'asabira eggwanga lyonna, ng'ayatula ebibi bye baali bakoze mu maaso ga Katonda].

Essaala ya Nekkemiya yali erambulula ekyo kyennyini Katonda kye yali agambye Sulemaani "...abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga be basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo amabi, kale

**naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe". (2Ebyomumirembe 7:14).**

2. **Ensi yaffe yetaaga kuwoonyezebwa mu ki?** (Ebibi bye tukoze mu maaso ga Katonda, ne engeri gye tweyisizzaamu obubi, amateeka ge tumenye).

3. **Ki ky'olwooza Katonda kyasobola okola singa abantu bayimirirawo ne basabira eggwanga mu mazima nga Nekkemiya bwe yasabira Isiraeri?**

[Ng'akulembera, bwe kiba kisoboka, kulembera abantu mu kusabira eggwanga). Waliwo ebirowoozo ebiwereddwa mu kusabira eggwanga mu musomo ogukwata ku lunaku lw'eggwanga olw'okusaba emabega w'ekitabo kino].

4. **Ojjukira omuzira wa Baibuli atuyigiriza amaanyi agali mu kusaba?** [Essaala ya Eriya yasiba enkuba obutatonya okumalira ddala emyaka esatu].

5. **Nekkemiya yali amanyi nti amaanyi agali mu kusaba ye Katonda. Katonda alaba atya okusaba kwaffe leero?** [Okusaba kwo kukulu nnyo era kw'amaanyi]. Katonda ayagala okuwulira okusaba kwo.

Nekkemiya yasabanga mu buli mbeera yonna. Ng'asaba Kabaka alukusa okugenda e Yerusalemi okuzimba bbugwe w'ekibuga, yayimiriramu wakati mu kwogera okusaba mu bufunze ddala Katonda ow'eggulu. (Nekkemiya 2:1-5).

6. **Okusaba ebbanga lyonna kulina kuba kuwanvu nnyo?** [Nedda].

7. **Ofuna kuyiga ki mu kusaba kwa Nekkemiya?** [Tulina okusaba mu buli mbeera yonna ekiseera kyonna].

8. **Lwaki olwooza Katonda yawa Nekkemiya byonna bye yasaba?** [Katonda yalina omulimu ogw'enjawulo gwe yali ayagala amukolere]. Nekkemiya naye yakizuula nti Katonda yaddamu kusaba kwe silwakuba yaali mulungi, naye lw'akuba yali wa kisa gyali].

Nekkemiya y'afuna okuwakanyizibwa mu mulimu Katonda gwe yamuwa okola okuva eri abalabe ba Isiraeri. (Nekkemiya 2;10).

Olwokuba okuwakanyizibwa abalabe kwali kw'amaanyi mu kuddamu okuzimba bbugwe wa Yerusalemi, Nekkemiya yagenda mu maaso n'okusaba okutuusa o kumaliriza omulimu). (Nekkemiya 6:6-9).

9. **Ofuna kuyiga ki mu kyokulabirako kya Nekkemiya okukuuma omuliro gw'okusaba.?** [Tulina okusaba abutakoowanga ng'atusabira ebyo ebiriwo].

10. **Nekkemiya y'asaba amaanyi asobole okumala omulimu gw'okuzimba bbugwe. Mulimu ki ogw'enjawulo Katonda gwakuwadde okola?** [Okubeera omwana

omuwulize era omugonvu, okuyiga obuvunanyizibwa bwo, okubeera omuyizi omunyiikivu, okozesa obusobozi bwo mu ngeri eweese Katonda ekitiibwa].

Nekkemiya yali musajja eyakkiriza nti okusaba kukulu era n'asaba obutakoowa; ng'asabira abalala nga yesabira, ng'asabira n'omulimu Katonda gw'amuwadde okola.

11. **Ani oba ki ky'osobola okusabira leero?** [Sabira abalala bonna abakwetoloode, abantu be ggwanga lyo, baagale Katonda ne baliraanwa baabwe.  
Saba Katonda akuyambe osobole okozesa obusobozi bwakuwadde mu byonna by'okola okuleetera Katonda ekitiibwa].

## OMUSOMO # 25: ISAAYA

Okwejjukanya eka  
**Ebibuuzo n’olunyiriri.**

Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“Ne mpulira eddoozi lya Mukama nga lyogera nti naatuma ani, era anaatugendera ani? Ne ndyoka njogera nti nze nzuuno; ntuma nze.” (Isaaya 6:8)**

**Embala:** okuba abetegefu era abalina obuvumu okwogera ekigambo kya Katonda.

Ennyanjula:

Nga 23<sup>rd</sup> Jan 1996, Joe Wright, omusumba mu Central Christian Church mu Wichita, KS yali omwozezi omuyite mu lukiiko lw’eggwanga olusooka. Ng’omwozezi, musumba Wright yafuna omukisa ogw’okulemba olukiiko luno mu kusaba . Kuno kwe kwali okusaba kwe:

Kitaffe ow’omuggulu, tujja mu maaso go leero nga tusaba otusonyiwe, otukulembere, era otulunganye. Tumanyi ekigambo kyo kigamba nti zibasanze abo abayita ekibi ekirungi; naye ekyo kyennyini kye tukoze. Twava dda ku kugeregeranya okw’omwoyo ne tukyusa ebyo ebikulu mu bulamu bwaffe. Twatula nti:

Tuvodde amazima g’ekigambo kyo ne tugayita amakubo ag’enjawulo agatutuusa ku kintu kimu. Tusinzizza bakatonda abalala ne tukiyita eby’obuwanga mu bungi bwabyo. Tuganyiza okuwaba ne tukiyita engeri endala ey’okubeerawo mu bulamu. Tunyunyuse abaavu ne tukiyita akazannyo (akafuna).

Tulagajalidde abali mu bwetaavu ne tukiyita okwewala emitawaana.

Tugabye empeera eri obugayaavu ne tukiyita okufaayo eri abalala.

Tusse abaana abatannazaalibwa ne tukiyita okusalawo kwaffe okulungi.

Tuwagidde abajjamu embuto ne tukiyita eky’ensonga.

Tulagajalidde okangavula abaana ne tukiyita okuzimba obuvumu mu bo.

Tukozesezza bubi obuyinza ne tukiyita okutegeera eby’obufuzi.

Twegombye eby’obugagga bya bannaffe, ne tukiyita okuyayaana.

Tujuzza ebbanga obusiwuufu bw’empisa n’ebifaananyi eby’obuseegu ne tukiyita eddembe ly’okweyogerera.

Tunyoome ebyali eby’omuwendo mu bajjajaffe okumala ebbanga eddene ne tukiyita obugunjufu .

Tukebere ai Mukama, omanyem emitima gyaffe leero, tukeme olabe oba nga mu nda mu ffe mulimu obubi. Tulongoose okuva mu buli kibi, otufuule ab’eddembe. Lungamya era owe omukisa abasajja n’abakazi bano abatumiddwa wano abantu b’eggwanga, era abawuliddwa gwe kennyini okufuga eggwanga Kansas ery’amaanyi. Bawe amagezi go okufuga, era leka okusalawo kwabwe ku tutwale ku kinyusi kw’okwagala kwo.

Nsaba mu linnya ly’omwana wo, omulokozi omulamu, Yesu Kristo Amina.

Joe Wright yakimanya nti essaala ye yali yakuleeta obutakwatagana. Era ddala bwe kyali. Omu ku bakiise y’afuluma ng’okusaba kukyagenda mu maaso. Abalala batandika okolokota okusaba kuno. Naye mu wiiki ezaddirira oluvannyuma lw’okusaba kwe, Central Christian yafuna amasimu agasukka mu 5,000 nga ku go kwaliko 47 gokka agataawagira kusaba kwe. Ekkanisa

eno ebadde effuna okusaba okuva mu nsi yonna nga baagala okufuna ku kiwandiiko ky'okusaba kuno; okuva mu Buyindi, Africa ne Kkoleya.

**Joe Wright** yali mwetegefu okwogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu. Leero tujja kuisinkana omuzira wa Baibuli eyali omwetegefu okwogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.

### Isaaya

#### Ebyafaayo bye

Isaaya ng'erinnya lye litegeeza Mukama alokola; yali nnabbi wa Katonda eyakolera ddala obuweereza bwe okutuuka mu mwaka ogwa 700 nga Yesu tannazaalibwa. Isaaya y'alabula abantu ba Yuda (obwakabaka obwomu mambuka ga Isiraeri) ng'agamba nti singa bagenda mu maaso okujeemera Katonda kwali kwa kubaaleetera okutwalibwa mu bunyage mu mukono gwa Nebukadduneeza e Babulooni. Isaaya agenda mu maaso okulagula nti oluvannyuma lw'ebiseera ebigere baali baakomezebwawo mu nsi yaabwe okuva mu bunyage. Bino byonna by'abaawo oluvannyuma lw'emyaka kikumi nga Isaaya amaze okulagula.

Isaaya abikkula omusango gwa Katonda eri Isiraeri n'amawanga gonna ag'ensi. Okuyita mu bye yawandiika alaga enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi eyali ey'okutuukirira mu Yesu Kristo.

#### Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebirowoozo:

**Ki ky'olwoosa ekinnaaba kigenda mu maaso mu ggwanga mu omwaka ogujja? Ate mu myaka ekkumi egiddako? Ate mu myaka ensaavu okuva kati?**

#### Ennyanjula:

Emu ku nsonga esobola okutuyamba okutegeera Baibuli nti y'amazima bwe bunnabbi obwatuukira.

#### **Ebibuuzo:**

1. **Obunnabbi kye ki?** [Obunnabbi buba bubaka obuva eri Katonda – gasobola okuba amazima omusumba gayogera ku ssande ku makya, oba nga bwetunaakizuula mu kuyiga kuno, ku kulagula ebyo eby'omu maaso ebigenda okubaawo].
2. **Katonda ayogera atya obubaka bwe?** [Katonda alonda bantu ba bulijjo nga ggwe nange; naye ebiseera ebimu Katonda ayita bannabbi (jjukira Eriya) okubeera ababaka, era abatuma okutwala obubaka eri abantu bayagala okubuwulira].
3. **Tuyinza tutya okumanya nti obunnabbi obuweereddwa buva eri Katonda?** [Buli bunnabbi oba okulagula ebiri mu Baibuli by'atuukirira – singa ekiseera kyabwo okutuukirira kiba kituuse]. Ebimu ku bintu ebyatugambibwa nti bijja kutuukirira tebinnabaawo, naye bijja kutuukirira.

Wadde Isaaya yaliwo emyaka 700 emabega nga Yesu tannabaawo, y'alagula bingi ebikwata ku Yesu, obulamu bwe, okuzaalibwa kwe, obuweereza bwe okufa kwe n'okuzuukira kwe. Ka twogere ku bumu ku bunnabbi obwatuukirizibwa Yesu.

**Obunnabbi bwa Isaaya ku kuzaalibwa kwa Yesu**

**Isaaya 7:14 “Mukama yennyini kyaliva abawa akabonero, laba omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, alizaala omwana wa bulenzi, era alimutuuma erinnya lye Immanueri.**

**Ekibuuzo:**

**Omanyi erinnya Immanueri kye litegeeza? [Immanueri litegeeza Katonda ali naffe].**

Okutuukirira kw’obunnabbi (Lukka 1:26-31)

<sup>26</sup> “**Awo mu mwezi ogw’omukaaga malayika Gabulyeri n’atumibwa Katonda mu kibuga kye Ggaliraaya erinnya lyakyo Nazaleesi, <sup>27</sup> eri omuwala atamanyi musajja eyali ayogerezebwa omusajja erinnya lye Yusufu, ow’omu nnyumba ya Dawudi, n’erinnya ly’omuwala Malyaamu. <sup>28</sup> Awo n’ayingira omumwe, n’agamba nti mirembe ggwe aweereddwa ennyo ekisa, Mukama ali naawe.**

<sup>29</sup> **Naye ye ne yeeralikirira ekigambo ekyo, n’alooza okulamusa okwo bwe kuli. 30 Awo malayika n’amugamba nti totya Malyamu, kubanga olabye ekisa eri Katonda. <sup>31</sup> Era, laba oliba olubuto, olizaala omwana ow’obulenzi olimutuuma erinnya Yesu.**

**Ekibuuzo:**

**Omanyi erinnya Yesu kye litegeeza? [Litegeeza Katonda alokola].**

Obunnabbi bwa Isaaya obw’olunyiriri lwa Yesu (Isaaya 9:6-7)

<sup>6</sup> “**Kubanga omwana atuzaaliddwa ffe, omwana ow’obulenzi aweereddwa ffe, n’okufuga kunaabanga ku kibegabega kye; n’erinnya lye liryitibwa nti wa kitalo, ateesa ebigambo, Katonda ow’omaanyi, Kitaffe ataggwawo, Omukulu ow’emirembe.**

<sup>7</sup> **okufuga kwe n’emirembe tebirikoma kweyongeranga ku ntebe ya Dawudi, ne ku bwakabaka bwe, okubunyweza, n’okubuwanyirira n’omusango n’obutuukirivu okuva leero n’emirembe n’emirembe.**

Okutuukirizibwa kw’obunnabbi buno (Lukka 2:11; Lukka 1:32 – 33)

<sup>11</sup> “**Kubanga leero azaaliddwa gye muli omulokozi mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo Mukama waffe.**

<sup>32</sup> **oyo aliba mukulu, aliyitibwa mwana w’oyo ali waggulu ennyo. Era Mukama Katonda alimuwa Entebbe ya Dawudi jjajjaawe. 33 era anaafuganba ennyumba ya Yakobo emirembe n’emirembe, so obwakabaka bwe tebuliggwaawo.**

**Ebibuuzo:**

- 1. Dawudi y’ani ebyawandiikibwa gwe byogerako? [Dawudi y’omu eyafuuka kabaka wa Isiraeri – Katonda gwe yasubiza nti omu ku bazzukulu be alituula ku ntebe ye emirembe n’emirembe].**

2. **Ekibuga kya Dawudi kyali kiyitibwa kitya?** [Beseerekemu].
3. **Yesu y'azaalibwa wa ?** [Beseerekemu]
4. **Yesu abeera atya muzzukulu wa Dawudi?** [Mama wa Yesu, Malyamu, ne Yusufu bba bombi baali bazzukulu ba Dawudi). N'olwekyo Yesu mu mateeka ng'alina eddembe okutuula ku ntebe].

Obunnabbi bwa Isaaya obukwata ku bulamu n'obuweereza bwa Yesu (Isaaya 61:1).

**“Omwoyo gwa Mukama Katonda guli kunze; kubanga Mukama anfuseeko amafuta okubuulira abawombeefu ebigambo ebirungi; antumye okusiba abalina emitima egimenyese, okulangirira eddembe eri abawambe, n'abasibe okuggulirwawo ekkomera”.**

Okutuukirira kw'obunnabbi buno (Makko 1:10-11, Lukka 7:21-22).

<sup>10</sup>“Amangu ago bwe yava mu mazzi, n'alaba eggulu nga liyulise, n'omwoyo ngali ng'ejjiba ng'akka ku ye <sup>11</sup> n'enddoozi ne lifuluma mu ggulu erigamba nti ggwe mwana wange gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo.

<sup>7:21</sup> “Awo mu kiseera ekyo n'awonya bangi endwadde n'okubonaabona ne dayimooni, n'abazibe b'amaaso bangi n'abawa okulaba. <sup>22</sup> Yesu n'addamu nabagamba nti mugende, mubuulire Yokaana ebyo bye mulabye, ne bye muwulidde; abazibe b'amaaso balaba, abalema batambula, abagenge balongoosebwa, abagavvu b'amatu bawulira, abafu bazuukira, abaavu babuulirwa enjiri”.

**Ekibuuzo:**

1. **Ebyawandiikibwa bitegeeza ki bwe byogera ku “buwambe” oba “obusibe”?** ([aibuli eyogera ku kibi ng'obusibe n'abantu abali mu busibe bw'ekibi ng'obuwambe].
2. **Mawulire ki amalungi ebyawandiikibwa ge byogerako?** [Yesu ye mulokozi eyafukibwako amafuka okulokola abantu okuva mu kibi].
3. **Abaavu be baani?** (Be bantu abatalina bintu bisobola bafuula bagagga – okuyayaana okuwulira amawulire amalungi n'okukkiriza Yesu mu mitima gyabwe ng'omulokozi).

Obunnabbi bwa Isaaya obukwata ku kuboonaabona bwa Yesu (Isaaya 53:7).

**“Yajoogebwa, naye ne yeetoowaza n'atayasamy kamwa ke, ng'omwana gw'endiga ogutwalibwa okuttibwa, era ng'endiga esirika mu maaso g'abo abasigalako ebyoya; weewaawo teyayasamy kamwa ke”.**

Okutuukirira kw'Obunnabbi buno: ( Mattayo 27:12-14)

<sup>12</sup> “Bakabona abakulu n'abakadde bwe baamuloopa, n'ataddamu n'akatono. <sup>13</sup> Awo Piraato n'amugamba nti towulira bigambo bino bye bakulumiriza bwe biri? <sup>14</sup> teyamuddamu na kigambo na kimu, owessaza n'okwewuunya ne yeewuunya nnyo.

### **Ekibuuzo:**

**Linnya ki ku mannya mu Baibuli eryogera ku Yesu (Akaliga ka Katonda).**

Obunnabbi bwa Isaaya obukwata ku kufa kwa Yesu (Isaaya 53:5).

“Naye yafumitibwa olw’okusobya kwaffe, yabetetebwa olw’obutali butuukirivu bwaffe: okubonerezebwa kw’emirembe gyaffe kwali ku ye, era emiggo gye gye gitowonya”.

### **Ekibuuzo:**

**Isaaya awa nsonga ki ku lwaki Yesu yakomererwa? (Kulw’ebibi n’ebyonoono byaffe).**

[Okukomererwa ku musalaba kwali tekunnabaawo mu biseera Isaaya we yabeererawo].

Obunnabbi bwa Isaaya obukwata ku kuzuukira kwa Yesu.

**“Aliraba ku ebyo ebiva mu kulumwa kw’obulamu bwe, era birimumala; olw’okumumanya omuweereza wange omutuukirivu aliweesa bangi obutuukirivu, era alyetikka obutali butuukirivu bwabwe”. (Isaaya 53:11).**

Okutuukirira kw’obunabbi buno ( Mattayo 17:22-23)

<sup>22</sup>“Bwe baali nga bakyatudde e Ggaliraaya, Yesu n’abagamba nti omwana w’omuntu agenda okuweebwayo mu mikono gy’abantu; <sup>23</sup>balimutta, ne ku lunaku olw’okusatu alizuukizibwa. Ne banakuwala nnyo.

### **Ebibuuzo**

1. **Singa okasuka omupiira ne ggwaasa eddirisa mu butanwa, oba olina kola ki ekyetaagisa?** [Oyinja okwetaaga okusasula omuwendo ogusobola okulizaamu].
2. **Singa omuntu aza omusango ogwa naggomola omulamuzi aba amwetaagisa kola ki?** [Okusasula omutango oba okugenda mu kkomera okusobola okola ekibonerezo].

Mu buli kyakulabirako kye twakogerako waaliwo ekibonerezo ekyaweebwa, era omuntu oyo kyali kimwetaagisa okukola ekibonerezo mu bikolwa. Era kye yakola kya mutwalira omutango.

Mubiro eby’endagaano enkadde, omuntu bweyayoononga, oba bweyazanga omusango eri Katonda, ng’abonerezebwa, era kyali kyetaagisa mu mateeka okusasulira omusango gwe. Era okusasula kuno kwali nga mungeri yakuwaayo ssaddaaka. Abantu bangi mu nnakku ezo baali balimi, ssaddaaka eyali yetaagibwa yali erina kubeera yakisolo. Ebisolo ebyo byategeezanga mmere era nfuna ya mulimi, kaakano okuwaayo ssaddaaka kyabeera nga kitundu ku nfuna ye era yalina okusasulanga omuwendo.

Bwe tukola ekibi, Baibuli etugamba nti tetukola kibi ku ffekka na ffeka, naye n’eri Katonda! Era ekibonerezo kyetufuna okuva mu kibi kuba kwawukana ne Katonda – emirembe gyonna!

Eryo lye limu ku mateeka ga Katonda. Kubanga ekibi kiwakanya Katonda ataggwaawo, era ng’asobola okusasula ali omu yekka ye Katonda. Naye olw’okuba nga tuli bantu, muntu munaffe yasobola okola ekibonerezo; ye nsonga lwaki Katonda yatuma Yesu gye tuli, eyali Katonda



ddala, ate mu ngeri yeemu nga muntu ddala. Yesu ye yekka asobola okusasula omutango gw'ekibi kyo ne kyange.

Tewali muwendo gwa bikolwa birungi gusobola kusasula mutango. Yesu bwe yafa ku musalaba, Katonda y'akkiriza okufa kwe ng'okusasula omutango ogwali gubanjibwe ggwe nange.

Era eri abantu abo bonna abakkiriza Yesu ng'omwana wa Katonda, era ne bamwanniriza mu mitima n'obulamu bwabwe ng'omulokozi, ajja kusobola okumala nabo ebiseera byonna mu butaggwaawo eri mu ggulu.

Kubanga ebigambo bya Isaaya byalina kutuukirira mu Yesu Kristo, kati osobola okimanya nti Baibuli kyonna kyeyogera kiba mazima. Osobola n'okumanya nti ali ddala ekyo kyayogera nti akiri; omwana wa Katonda era ekkubo lyokka ery'obulokozi n'okolagana ne Katonda.

## OMUSOMO # 26: YEREMIYA

Okwejjukanya awaka.  
Ebibuuzo n’olunyiriri.

Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“Kale nno weesibe ekimyu oyimuke obagambe byonna bye nkulagira; tokengeterwanga eri bo, nnemme okukukengenterera mu maaso gaabwe-<sup>18</sup> kubanga laba, nkufudde leero ekibuga ekiriko enkomera, era empagi ey’ekyuma era bbugwe ow’ekikomo eri ensi yonna, eri bakabaka ba Yuda, eri abakulu baayo, eri bakabona baayo, neri abantu ab’omu nsi.” (Yeremiya 1:17-18).**

Embala : Embalirira

Ennyajula

Yaazaalibwa mu Bujirimaani mu 1906. Ku myaka 14, yagamba nti ayagala kubeera minister era oluvannyuma y’asoma ebikwata ku Baibuli (theology) mu kibuga Berline era yegatta ku Union Seminaliyo mu New York.

Mu kiseera Hitler mwe yafugira Bujirimaani, Abajirimaani bangi nga mulimu n’abakristaayo – bakkiriza enfuga y’Abanazzi awatali kwebuuzwa kwonna. Naye Dietrich Bonhoeffer yalaba akabi akagirimu, nayamba okussaawo “ekkanisa eyatula”. Yayatulanga ng’agamba nti Yesu yekka ye Mukama era okuvunamira Hitler kuba kusinza bifaananyi. Ng’ali wamu n’abasumba abalala 6,000, yagaana okusosola omuntu yenna olw’okuba omuyudaaya.

Nga 9<sup>th</sup> April 1945, yattibwa wamu ne banne abalala bangi nga wasigaddeyo ekiseera Bujirimaani okwewaayo okomya ssematalo ow’okubiri. Ebiwandiiko bye ne kati bikyasomebwa wangi ddala.

*(Ekitundu kino kiva mu mboozzi z’abazira ekyawandiikibwa Dave ne Netta Jackson Bethany House 1997 page 21-24).*

Dietrich Bonhoeffer yayimirira ku lwa Katonda wadde yayasula na bulamu bwe. Leero tujja kusisinakana omuzira wa Baibuli omulala eyayimirira ku lwa Katonda n’assa obulamu bwe ku mulamwa.

Ebyafaayo

Yeremiya yali nnabbi wa Katonda mu Yuda obwakabaka ku luuyi lwa Isiraeri eya maserengeta. Obuweereza bwe bwatandika mu 626 nga tannazaalibwa okumalira ddala emyaka 40. Yeremiya yayogera nnyo ku musango gwa Katonda eri Yuda n’amawanga amalala agetooloodewo olw’obubi bwabwe.

Yeremiya yakubiriza abantu okulekerawo okusinza bakatonda abalala batandike okukwata amateeka ga Katonda. Obubaka bwe abakulembezze ba Yuda tebaabwagala era kino kyateeka obulamu bwe mu mattigga.

**Ekibuuzo:**

## Ebigambo bya Yereimiya bikola amakulu leero oba bikola nga byafaayo? [Katulabe]

### Yereimiya

17 “Kale nno weesibe ekimyu oyimuke obagambe byonna bye nkulagira; tokengeterwanga eri bo, nnemme okukukengenterera mu maaso gaabwe .<sup>18</sup> kubanga laba, nkufudde leero ekibuga ekiriko enkomera, era empagi ey’ekyuma era bbugwe ow’ekikomo eri ensi yonna, eri bakabaka ba Yuda, eri abakulu baayo, eri bakabona baayo, neri abantu ab’omu nsi” (Jeremiah 1:17-18)

#### **Ekibuuzo:**

**Bintu ki by’olina okukolako awaka, ku ssomero, n’emikwano gyo oba ne mubyokola ebirala?** [Obuvunannyizibwa, eddembe, olulimi olutuufu, engeri y’okwatamu abantu abataali batutumufu, n’engeri y’okukozeesamu obudde bwo].

Olina okusalawo engeri gy’onokwatamu embeera nga zino. Waliwo okuyiga kwa mirundi ebiri kw’osobola okuyiga okuva ku Yereimiya okusobola okkuyamba okukwatamu embeera zino mu ngeri Katonda gyayagalamu.

(i) Okweteekateeka

(ii) Okumalirira okuyimirira ku lwa Katonda wadde ng’abalala sibasanyufu.

### Okweteekateeka

#### **“Weetegeke”**

#### **Ebibuuzo**

1. **Weetegekera otya ebigezo ku ssomero?** [Ng’osoma, weejukanya, okubaganya ebirwoozo n’emikwano gyo, okuwuliriza mu kibiina, n’okugoberera ebyo ebiba bikulagiddwa].

2. **Weetegekera otya omuzannyo gw’omupiira?** [Okwegezaamu, okuwuliriza omutendesi, okumanya ebikwata ku gwogenda ovuganya naye, n’okola dduyiro okusobola okuuma omubiri nga mulamu].

Okwetegekera ekintu, osooka okufuna okumanya ku kyo. Otegeka obwongo okusobola okuddamu ebigezo, otegeka omubiri okusobola okuzannya omupiira, ate era olina okwetegeka

mu mwoyo okusobola okwanganga embeera nga bwe zijja okulumba.

3. **Osobola otya okwetegeka mu mwoyo eri embeera ze twogeddeko emabega?** [Weetegeke, manya ekigambo kya Katonda kye kyogera ku mbeera ezo].

4. **Ekigambo kya Katonda kisobola kuyamba kitya mu mbeera ezo?** [Ekigambo kya Katonda kisobola okulunganya, okuwa amaanyi n’okumanya engeri gy’osobola okwatamu embeera ezo mu ngeri entuufu]. Katonda tasobola kujjukisa mu bwongo bwo

ekyo ekitaalimu. Okufuna amaanyi ga Katonda, weweeyo okussa ekigambo kya Katonda mu bwongo bwo.

Okumalirira okuyimirira ku lwa Katonda

**“Kubanga, laba, nkufudde leero ekibuga ekiriko enkomera, era empagi ey’ekyuma, era bbugwe ow’ekikomo eri ensi yonna, eri bakabaka ba Yuda , eri abakulu baayo eri bakabona baayo, n’eri abantu ab’omu nsi. (Yeremiya 1:18)**

Ka twogereko ku mbeera z’oyinza okusisinkana ku ssomero n’emikwano gyo, oba ebikolebwa n’ekyo Baibuli kyegamba ku kuyimirira ku lw’ekigambo kya Katonda.

1. Ng’okyaliko ku ssomero oluvannyuma lw’okusoma, omu ku baana ayingirawo naye abalala nga  
tebamwagala. Abaana b’oli nabo batandika omusomooza n’omusosonkereza.

**Ekibuuzo: Okola ki?** [uno lwe lunyiriri lwa Baibuli oluyinza okukuyamba mu mbeera eno]: “ buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kamwa kammwe, naye ekirungu bwe kinaabangawo olw’okuzimba nga omuntu bwe yetaaga, abawulira kibawenge ekisa.” (Abaefeeso 4:29)

2. Ekibinja kya mikwano gyo batudde beetooloodde emmeeza balya kyamisaana, naye nga boogera  
agagambo agabi.

**Ekibuuzo: Osobola otya okwataganya embeera eyo** [Kino Baibuli kye yogera ku mbeera ng’eno] “Newankubadde eby’ensonyi, newankubadde ebinyumizibwa eby’obusiru, newankubadde okubalaata, ebitasaana, naye waakiri okwebazanga”. (Abaefeeso 5:4).

3. Gwe okulembedde ttiimu ya sayanzi ku ssomero. Waliwo ekirabo ekinene eri abasatu abasinga. Okizuula nti omu ku baana mu kibiina kyo taloneddwa ku ttiimu. Wamusisinkanye mu ssande school ne mufuuka ba mukwano. Akyali mupya ku ssomero ate ng’alabika ebintu abikwata mpola mu kibiina. Banno abalala ku ttiimu bakusabye omuleke wabbali.

**Ekibuuzo: Okola ki?** [Jjukira emboozzi eno esobola okuyamba] (Makko 12:28-31).

**<sup>28</sup> Awo omu ku bawandiisi n’ajja nawulira nga beebuuzaganya bokka na bokka, n’amanya ng’abazzeemu bulungi, n’amubuuza nti tteeka ki ery’olubereberye ku gonna**

**<sup>29</sup> Yesu n’addamu nti ery’olubereberye lye lino nti wulira Isiraeri; Mukama Katonda waffe, Mukama ye omu; <sup>30</sup> era yagalanga Mukama Katonda wo n’omutima gwo gwonna, n’obulamu bwo bwonna, n’amaanyi go gonna. <sup>31</sup> Ery’okubiri lye lino nti yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Tewali tteeka ddala erisinga ago obukulu.**

4. Ssande school yakubissa bu T-shirt. Olunaku olusooka, ogyambala, abamu ku baana ku ssomero  
bakusekerera ng’otambula.

**Ekibuuzo: Ogenda mu maaso n’okwambala T-shirt eyo? [kino Baibuli kyegamba] <sup>38</sup> kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze, n’ebigambo byange mu mirembe gino egy’obwenzi era emibi, n’omwana w’omuntu alimukwatirwa ensonyi.( Makko 8:38)**

Ebiseera bingi abantu baleka okugoberera ekigambo kya Katonda olw’okutya okukyayibwa. Mu kuyiga amabega Omusomo 21: Eriya ekitundu 2), twayogera nti si kyangu okuyimirira ku lwamakubo ga Katonda abasinga ge bakyawa. Naye bye tuganyulwa okuva mu kuyimirira bisinga okusomooza n’okusosonkereza okuyinza okubawo.

### **Ekibuuzo**

- 1. Ani aganyulwa mu kuyimirira ku lw’ekigambo kya Katonda? [Ka twogere ku kyokulabirako kyaffe].**
- 2. Omulenzi oba omuwala atamanyiddwa aganyulwa atya mu kuyimirira ku lw’ekigambo kya Katonda? [Baganyulwa kubanga baba bamanyi nti mu byonna waliwo afaayo nti era waliwo ow’omukwano]. Engeri gyoyolesaamu okwagala kwa Katonda esobola okubeera eky’okulabirako eri abalala.**
- 3. Abalala baganyulwa batya sing atewetaba mu kukozeza olulimi olukyamu? [Buli lwe wewala okwonoona ebirowoozo byo ng’osaamu ebigambo ebikyafu era ebitagasa, oba oleetera abalala okumanya nti owa Katonda ekitiibwa]. Buli lw’oyimirira kulwa Katonda, oba oyamba omulala okola okusalawo nate naye okuyimirira nga ggwe.**
- 4. Omuntu omulala afuniramu wa singa oyambala T-shirt? [Bwoyogera amazima ne bwegaba nga si bangi abagagala, oba ogondera era ng’osanyusa Katonda]. Katonda asobola okukola okuyita mu ggwe okuyamba abalala wadde nga toyogedde kigambo.**
- 5. Lwaki okulowooza kwa Katonda tekwetanirwa nnyo mu mbeera ezimu? [Emu ku nsonga ereeta kino ebiseera ebimu endowooza ya Katonda eyawukana nnyo n’okulowooza kwaffe].**  
Ebyawandiikibwa bigamba nti kubanga ebirowooza byange si birowoozo byammwe, so n’amakkubo gammwe si makubo gange bw’ayogera Mukama.

Olwokuba nga tetutegeeranga ndowooza ya Katonda tekitegeeza nti tulina kusalawo obutamugondera. Olina okukola okusalawo oba otambula n’ogubiina oba oyimirira kulw’ekyo Katonda kyagala.

- 6. Kya kuyiga ki ky’ofuna mu ky’okulabirako kya Yereimiya? [Yereimiya yewaayo okussa obulamu bwe mu mitawaana bwe yasalawo okubeera omwesigwa okwogera obubaka bwa Katonda]. Wadde ggwe oyinza obutetantala kola ekyo kyennyini, naye ng’omukkiriza olina okubeera omwesigwa nga wekuuma ekigambo kya Katonda.**

## OMUSOMO # 27 SADDULAAKI, MESAKI, NE ABEDUNEEGO.

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n’olunyiriri:

Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero:

**“Bwe kinaaba bwe kityo, Katonda waffe gwe tuweereza ayinza okutuwonya mu kikoomi ekyaka n’omuliro; era anaatuwonya mu mukono gwo, ai Kabaka. <sup>18</sup> Naye bwe kitaabe bwe kityo, tegeera ai kabaka , nga tetugenda kuweereza bakatonda bo, newankubadde okusinza ekifaananyi ekyaka zaabu kye wayimiriza”.** (Daniel 3:17-18)

**Embala:** Obwesigwa

Ekibuuzo eky’okulowoozaako:

**Lowooza omu ku mikwano gyo. Ki ekimufuula mukwano gwo? Kisanyizo ki ekikulu ky’alina ekyakusikiriza mubeere bamukwano?**

Ennyanjula

Waaliwo ekitundu ekyalabikira mu by’emizannyo nga kiraga mu myaka egiyise Ted William – abamu gwe balowooza okuba asinga okuzannya baseball, mu nsi yonna. Ekitundu kino kyali kiraga obulamu bwe obwali buteyagaza (Era yamala n’afa mu July 2002).

Kyalagibwa bulungi mu kitundu kino nti ekintu ekyali kisinga obukulu mu bulamu bwa Ted William bwe busobozi bwe yalina n’okulaba okwenjawulo byamusobozesa okubeera omukubi ow’amaanyi. Yasinza nnyo obusobozi bwe mu mubiri n’omuzannyo gwa baseball. Gw’amalirawo ddala ebirowoozo n’okwewaayo kwe.

Ekitundu era kiraga Ted William obukyaayi bwe yalina ku Katonda kubanga y’alowooza nti yali atwala obulamu bwe n’obusobozi bwe mu mubiri.

**Ebibuuzo:**

- 1. Ki ky’olaba ku musajja ono ng’alina obukyaayi ku Katonda olw’okutwala obusobozi bwe?** (Tewali mu kitundu kino wonna walaga nti omuzannyi wa baseball ono nti yebazaako ku Katonda olw’omuwa obusobozi n’okumufuula omuzaanyi omulungi owa baseball).
- 2. Oyinza kunnyonnyola otya obwesigwa?** [Kwe kwewaayo mu bwesimbu].

Mu mbooji yaffe eya Baibuli leero tugenda kuisinkana abavubuka basatu, okufaanako nga Ted William, baaweebwa obusobozi nga buva eri Katonda. Naye abalenzi bano bakitegeera nti obusobozi tebwali nsonga newankubadde obulamu bwabwe; ekyali kisinga obukulu kwe kuba abeesigwa eri Katonda.

Ebyafaayo byabwe.

Mu myaka nga 600 (nga Yesu tannazaalibwa), Nebukadduneeza kabaka wa Babulooni yajja e Yerusaalemi n'akirumba. Yawamba kabaka wa Yuda awamu n'ebimu ku bintu bya yekaalu ya Katonda.

Kabaka Nebukadduneeza y'alagira omukulu w'abalaawe okutwala e Babulooni abamu ku balenzi okuva mu lulyo olulangira n'abakungu abalala.

### **Ebibuuzo:**

1. **Singa obadde Kabaka Nebukadduneeza, busobozi ki bwe wandyagadde abalenzi bano okuba nabwo?** (Abalenzi bano baali b'amaanyi, nga balungi ate nga balabika bulungi era nga banguwa okutegeera).

Okumalira ddala emyaka esatu nga bayigirizibwa olulimi n'empisa za Abakaluddaaya n'ebyo byonna bye baalina okumanya n'okwetaaga okusobola okuweereza kabaka Nebukadduneeza. Baaweebwa n'amanya amalala. Bana ku balenzi bano baatumibwa Danyeri, Saddulaaki, Mesaki Abeduneege, era Katonda yabayamba okuyiga n'okutegeera byonna bye bayigirizibwa.

Okuyita mu bino byonna baasigala nga beesigwa era abawulize eri Katonda wa Isiraeri naye obwesige n'obuwulize eri Katonda byali by'akugezesebwa.

### Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege (Danyeri 3)

<sup>1</sup>Nebukadduneeza kabaka yakola ekifaananyi ekyo zaabu, obuwanvu bwakyo emikono nkaaga, n'obugazi bwakyo emikono mukaaga, n'akiyimiriza mu lusenyi lwa Dduula mu ssaza ery'e Babulooni. <sup>2</sup> Awo Nebukadduneeza kabaka natuma okukunganya abaamasaza, n'abamyuka, n'abafuga, n'abalamuzi, n'abawanika, n'abakungu, n'abamateeka, n'abakulu bonna ab'omu masaza bajje eri ekifaananyi Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza bwe kiriwongebwa. <sup>3</sup> Awo abamasaza, n'abamyuka, n'abafuga, n'abalamuzi, n'abawanika, n'abakungu n'abamateeka, n'abakulu bonna ab'omu masaza, ne bakungana olw'okuwonga ekifaananyi Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza; ne bayimirira mu maaso g'ekifaananyi Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza; ne bayimirira mu maaso g'ekifaananyi Nebukadduneeza kye yayimiriza.

<sup>4</sup> Awo omulangirizi n'ayogera waggulu nti mmwe mulagirwa, mmwe abantu, amawanga, n'ennimi, <sup>5</sup> bwe munaawulira eddobozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekondeere, na buli ngeri yonna evuga, ne mulyoka muvuunama ne musinza ekifaananyi ekyo zaabu Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza.

<sup>6</sup> Era buli anaalema okuvuunama n'okusinza mu kiseera ekyo alisuulibwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro.

<sup>7</sup> Awo abantu bonna bwe baawulira eddobozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, na buli ngeri yonna evuga, abantu bonna amawanga, n'ennimi ne balyoka bavuuunama ne basinza ekifaananyi ekyo zaabu Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza.

<sup>8</sup> Awo mu biro ebyo Abakaludaaya abamu ne bajja, ne baloopa Abayudaaya. <sup>9</sup> Ne baddamu be bagamba Nebukadduneeza kabaka nti ai Kabaka, obeerenga omulamu emirembe gyonna. <sup>10</sup> Ggwe , ai kabaka, wateeka etteeka, nti buli anaawulira eddoozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere, na buli ngeri yonna evuga anaavuunama n'asinza ekifaananyi ekya zaabu. <sup>11</sup> era buli anaalema okuvuunama n'okusinza alisuulibwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro. <sup>12</sup> Waliwo Abayudaaya abamu be wakuza mu bigambo eby'essaza ery'e Babulooni, Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege; abasajja abo, ai kabaka tebakulowoozezza tebaweereza bakatonda bo, so tebasinza kifaananyi kya zaabu kye wayimiriza.

<sup>13</sup> Awo Nebukadduneeza n'alyoka asunguwala ne yeejuumuula n'alagira okuleeta Saddulaaki, Mesaki, ne Abedineego. Awo ne baleeta abasajja abo mu maaso ga kabaka. <sup>14</sup> Nebukadduneeza n'addamu n'abagamba nti mmwe Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneege, mukigenderedde bugenderezi obutaweereza katonda wange n'obutasinza ekifaananyi kya zaabu kye nnayimiriza. <sup>15</sup> Kale nno, bwe munakkiriza nga muwulidde eddoozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere, na buli ngeri yonna evuga, okuvuunama n'okusinza ekifaananyi kye nnakola, kale naye bwe mutaasinze mu kiseera ekyo munaasuulibwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro, era Katonda aluwa oyo anaabawonya mu mikono gyange?

<sup>16</sup> Saddulaaki, Mesaki, ne Abedineego ne baddamu ne bagamba kabaka nti Ai Nebukadduneeza, tekitugwanira kukuddamu mu kigambo ekyo. <sup>17</sup> Bwe kinaaba bwe kityo, Katonda waffe gwe tuweereza ayinza okutuwonya mu kikoomi ekyaka n'omuliro; era anaatuwonya mu mukono gwo, ai kabaka. <sup>18</sup> Naye bwe kitaabe bwe kityo, tegeera, ai kabaka, nga tetugenda kuweereza bakatonda bo newankubadde okusinza ekifaananyi ekya zaabu kye wayimiriza.

<sup>19</sup> Awo Nebukadduneeza n'alyoka yeejuumuulira ddala, n'engeri yamaaso ge n'ewaanyisibwa Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege; n'ayogera n'alagira ekikoomi kyake emirundi musanvu okukira bwe kyali kyase. <sup>20</sup> N'alagira ab'amaanyi abamu ab'omu gye lye okusiba Saddulaki, Mesaki, ne Abeduneege, okubasuula mu kikoomi ekyaka n'omuliro. <sup>21</sup> Awo abasajja abo ne balyoka babasiba nga bambadde seruwale zaabwe, n'ebizibaawo byabwe, n'eminagirowo gyabwe, n'engoye zaabwe endala, ne babasuula wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro. <sup>22</sup> Awo kubaka yabakuutiirira ddala, n'ekikoomi nga kyase nnyo, ennimi z'omuliro ne zitta abasajja abo abaakwata Saddulaaki, Mesaki, ne Abedineego ne bagwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro, nga basibiddwa.

<sup>24</sup> Awo Nebukadduneeza kabaka n'alyoka yeewuunya, n'ayanguwa n'agolokoka n'ayogera n'agamba nti abakungu be nti tetusudde basajja basatu nga basibiddwa wakati mu muliro? Nebaddamu ne bagamba kabaka nti mazima ai kabaka.

<sup>25</sup> N'addamu n'ayogera nti laba, nze ndaba abasajja bana nga basumuluddwa, nga batambulira wakati mu muliro, so nga tebaliiko kabi; n'okufaanana kw'owokuna kulinganga omwana wa Katonda.



<sup>26</sup> Nebukadduneeza n'alyoka asemblera ku mulyango gw'ekikoomi ekyaka n'omuliro; n'ayogera nti Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege, mmwe abaddu ba Katonda ali waggulu ennyo, mufulume mujje wano. Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneege ne balyoka bafuluuma wakati mu muliro. <sup>27</sup> Abamasazza, n'abamyuka, n'abafuga, n'abakungu ba kabaka ne bakungaana ne balaba abasajja abo ng'omuliro teguyinzizza mibri gyabwe, so n'enviiri ez'oku mitwe gyabwe nga tezisiridde, so n'engoye zaabwe nga teziwaanyisibwa, so n'olusu lw'omuliro nga terubabaddeeko.

<sup>28</sup> Nebukadduneeza n'ayogera nti Katonda wa Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneege yeebazibwe, atumye malayika we, era awonyezza abaddu be abamwesize ne bawaanyisa ekigambo kya kabaka, ne bawaayo emibiri gyabwe, baleme okuweereza newankubadde okusinza Katonda yenna, wabula Katonda waabwe bo. <sup>29</sup> kyenva nteeka etteeka, nga buli bantu n'eggwanga n'olulimi, abanaayogeranga obubi bwonna ku katonda wa Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneege, balitemebwatemebwa, n'ennyumba zaabwe zirifuulibwa olubungo, kubanga tewali Katonda mulala.

<sup>30</sup> Kabaka n'alyoka akuza Saddulaaki, Mesaaki ne Abeduneege, mu ssaza ery'e Babulooni.

#### **Ebibuuzo:**

1. **Lwaki olwooza Katonda yawonya Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneege okuva mu kikoomi?** [Kubanga basalawo nga bawulize eri Katonda nga sibetegefu kusinza kifaananyi Nebukadduneeza kyeyasimba mu kisenyi].
2. **Lwaki olwooza Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneege baasalawo okusigala nga bawulize eri Katonda, ate nga baali bamaanyi nti baali bakuttibwa olw'ebwesigwa bwabwe?** [Baakitegeera nti Katonda yali abawadde obulamu, okumanya n'okutegeera n'obusobozi ebyabasobozesa okubawa okuweereza obulungi kabaka].

Era baakitegeera bulungi nti Katonda akyayira ddala okusinza ebifaananyi. Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege baakimanya nti tebalivuunamira bakatonda balala kubanga okusinza kwo kusigala nga kwa Katonda yekka.

3. **Kisanyizo ki ekiraga ow'omukwano omulungu?** [Ekisanyizo ekimu ekiraga Ow'omukwano omulungu bwe bwesigwa]. Yoyo abeera mukwano gwo buli lunaku -Ne bwe luba nga sirulungi.

Omanyi nti olina ow'omukwano omulungu asinga emikwano gyonna. Erinnya lye ye Yesu. Yesu asigala nga mwesigwa gyoli si nsonga olunaku lufaananye luya gyoli. Ye abeera mwetegefu okumala obudde naawe.

4. **Bintu ki ebisinga okutwala ebirowoozo byo?** [Omulimu gw'essomero, emizannyo, n'emirimu emirala, emikwano].
5. **Bino bifuuka bitya ebikulu okusinga Katonda?** [Singa otandika obiraba nga bikulu mu bulamu bwo okusinga Katonda.]
6. **Oyinza otya okukuuma Katonda nga mukulu okusinga byonna?** [Singa ebintu birabika nga bisinga Katonda obukulu, jjukira nti ye Katonda aba mesigwa gyoli ebbanga lyonna].
7. **Katonda abadde atya ow'omukwano omwesigwa eri ggwe neri abantu bonna?** [Baibuli egamba nti Yesu yawaayo obulamu bwe ku lwaffe tusobole okubeera naye mu ggulu olunaku olumu]. Ekisinga obukulu kiri nti Yesu kino yakikola wadde nga kyali kitugwanidde oba tekitugwanidde.
8. **Oyinza otya okuba ow'omukwano omwesigwa leero?** (Ng'olina okwagala, okisa era ng'okola ekyo ekituufu).

## OMUSOMO # 28: DANYERI.

### Okwejjukanya.

Ekibuuzo n’olunyiriri by’okuyiga kwa wiiki ewedde?

### Olunyiriri lw’okuyiga kwa leero.

“Awo Danyeri bwe yamanya ng’ebiwandiikiddwa bissibbwako akabonero, n’ayingira mu nnyumba ye; (era amadirisa ge gaali goolekedde Yerusalemi); n’afukamiranga ku maviivi ge emirungi esatu buli lunaku, n’asaba, ne yeebaza mu maaso ga Katonda we, nga bwe yakolanga edda”. (**Danyeri 6:10**)

Embala: Obwesigwa/ okwewaayo.

### Ekibuuzo ekyokubaganyaako ebirowoozo.

**Di lwe walemera ku ekyo kyewali omanyi okuba ekituufu wadde ng’abalala tebaakkiriziganya naawe?**

### Ennyanjula.

John Bunyan yaazaalibwa mu 1628. Ekanisa entongole mu England ye y’afuganga amakkanisa amalala gonna. Gavumenti ya **Bungereza** yayisa etteeka nga ligamba nti ekanisa yokka emanyiddwa mu butongole ababuulizi baayo be balina okubuulira. Naye John y’abuuliranga mu makkanisa amatono ag’etongodde. Teyali kitundu ku kkanisa eri emanyiddwa. Yakimanya nti singa agenda mu maaso n;okubuulira yali wa kukwattibwa. Naye era yali akimanyi nti singa alekera awo okubuulira olw’okutya, abakkiriza abapya mu makkanisa gano bandibivaako kuba tebaal kitundu ku kkanisa emanyiddwa mu butongole. Olunaku olumu John yaweebwa ekiragiro okulekerawo okubuulira naye yakijeemera. Yaddamu nti ye alina kugondera Katonda. Era bamukwata ne bamusa mu kkomera.

Yamala mu kkomera emyaka kkumi n’ebiri. Ng’ali eyo yawandiika ekitabo kye ekimanyiddwa ennyo olugendo lw’omutambuze (*kyajjibwa mu kitabo embooji y’abazira ekya Dave ne Neta Jakison. Bethany House, 1997, pp 21-24.*)

John Bunyan yeewaayo okugondera Katonda wadde yali akimanyi nti kimusa mu mitawana. Okuyiga kwa leero kukwata ku muzira wa Baibuli omulala eyakola okwewaayo eri Katonda wadde kwali kumusa mu mitawaana.

### Ebyafaayo:

Danyeri yali muvubuka muto eyawambibwa n’atwalibwa mu bunyage e Babulooni kabaka Nebukadduneeza bwe yalumba ekibuga kya Yerusalemi ekya Yuda mu maserengeta ga Isiraeri mu myaka 600 (Yesu nga tannazaalibwa). Danyeri yali munywanyi w’abazira be twalabye mu kuyiga kwaffe okwawedde – Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneege.

Danyeri  
(Danyeri 6:1-23)

<sup>1</sup>Daliyo yalaba nga kirungi okukuza, mu bwakabaka abaamasaza kikumi mu abiri, abalibuna obwakabaka bwonna; <sup>2</sup> nga waggulu waabwe eriyo abakulu basatu, omu ku abo nga Danyeri; abaamasaza abo babalenga omusolo mu maaso gaabwe, kabaka aleme okufiirwa. <sup>3</sup> Awo Danyeri oyo n'agulumizibwa okusinga abakulu n'abamasaza, kubanga omwoyo omulungi ennyo gwali mu ye; era kabaka yali alowooza okumuwa okufuga abwakabaka bwonna. <sup>4</sup> Abakulu n'abamasaza ne balyoka banoonya ensonga eneesinga Danyeri mu bigambo, eby'obwakabaka; naye ne batayinza kulaba nsonga newankubadde akabi; kubanga yali mwesigwa, so ne watalabika mu ye kwonoona kwonna newankubadde akabi. <sup>5</sup> Awo abasajja abo ne booger a nti tetugenda kulaba nsonga eneesinga Danyeri oyo, we tutaligiraba eri ye mu bigambo eby'amateeka ga Katonda we.

<sup>6</sup> Awo abakulu abo n'abaamasaza ne bakungaana eri kabaka, ne bamugamba bwe bati nti kabaka Daliyo, obenga omulamu emirembe gyonna. <sup>7</sup> Abakulu bonsatule ab'obwakabaka abamyuka n'abamasaza, abakungu n'abafuga, bateesezza wamu okuteeka etteeka lya kabaka n'okulagira ekiragiro ekinywevu, nga buli anaasabanga Katonda yenna oba muntu yenna ennaku amakumi asatu, wabula ng'asabye ggwe, ai kabaka, alisuulibwa mu mpuku ey'empologoma. <sup>8</sup> Kale ai Kabaka, lagira ekiragiro ekyo, era osse akabonero ko ku biwandiikiddwa ebyo, bireme okuwaayisibwa, ng'amateeka ag'Abameedi n'Abaperusi bwe gali, agatajjulukuka. <sup>9</sup> kabaka Daliyo kyeyava assa akabonero ke ku biwandiikiddwa n'ekiragiro.

<sup>10</sup> Awo Danyeri bwe yamanya ng'ebiwandiikiddwa bissibbwako akabonero n'ayingira mu nnyumba ye (era amadirisa ge gaali gagguddwawo mu nju ye nga goolekedde Yerusalemi), n'afukamiranga ku mavivi ge emirundi esatu buli lunaku, n'asaba ne yeebaza mu maaso ga Katonda we, nga bwe yakolanga edda. <sup>11</sup> Awo abasajja abo ne bakungaana ne basanga Danyeri ng'asaba era nga yeegayirira mu maaso ga Katonda we. <sup>12</sup> Ne balyoka basembera, be boogera mu maaso ga kabaka ku kiragiro kya kabaka; nti tewassa kabonero ko ku kiragiro, nga buli asaasabanga Katonda yenna oba muntu yenna ennaku amakumi asatu, wabula ng'asabye ggwe, ai Kabaka, alisuulibwa mu mpuku ey'empologoma? Kabaka n'addamu n'ayogera nti ekigambo kya mazima, ng'amateeka ag'Abameedi n'Abaperusi bwe gali agatajjulukuka.

<sup>13</sup> Ne balyoka baddamu ne boogerera mu maaso ga kabaka nti Danyeri oyo, ow'omu baana ab'obunyage bwa Yuda, takulowooza, ai kabaka, newankubadde ekiragiro kye wassaako akabonero ko, naye asaba emirundi esatu buli lunaku. <sup>14</sup> Awo kabaka bwe yawulira ebigambo ebyo, nanyiiga nnyo n'ateeka omutima gwe ku Danyeri okumuwonya; n'azibya obudde ng'ategana okumulokola.

<sup>15</sup> Awo abasajja abo ne bakungaana eri kabaka, ne bagamba kabaka nti tegeera nti ai kabaka, nga lino lye tteeka ery'Abameedi n'Abaperusi, nti tewabanga kiragiro newankubadde etteeka kabaka ly'anyweza eriwaanyisikika.

<sup>16</sup> Kabaka n'alyoka alagira, ne baleeta Danyeri, ne bamusuula mu mpuku ey'empologoma. Kabaka nayogera n'agamba Danyeri nti Katonda wo gw'oweerezanga bulijjo, oyo naakuwonya.

<sup>17</sup> Ne baleeta ejinja, ne baliteeka ku mulyango gw'empuku, kabaka n'alisaako akabonero ke ye, era n'akabonero ak'abaami be; ekigambo kyonna kireme okuwaanyisibwa eri Danyeri. <sup>18</sup> Kabaka n'lyoka agenda mu lubiri lwe ekiro ekyo n'atalya mmere; so tebamuleetera bivuga mu maaso ge; otulo ne tumubula.

<sup>19</sup> Awo kabaka n'akeera nnyo mu makya n'agolokola, n'ayanguwa n'agenda ku mpuku ey'empologoma. <sup>20</sup> Era bwe yasembera ku mpuku awali Danyeri n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ery'ennaku, kabaka n'ayogera n'agamba Danyeri nti gwe Danyeri, omuddu wa Katonda omulamu, Katonda wo gw'oweerezanga bulijjo ayinza okuwonya eri empologoma?

<sup>21</sup>. Danyeri n'alyoka agamba kabaka, obenga mulamu emirembe gyonna. <sup>22</sup> Katonda wange yatumye malayika we, n'aziba emimwa gye'empologoma, ne zitankola bubi; kubanga mu maaso ge nalabika nga siriko kabi; era ne mu maaso go ai kabaka, sikolanga kabi.

<sup>23</sup> Kabaka n'alyoka asanyuka nnyo nnyini n'alagira okuggyamu Danyeri mu mpuku. Awo Danyeri n'aggibwa mu mpuku, so mpaawo kabi konna akaumulabwako, kubanga yali yeesize Katonda we.

Daliyo yafuga obwakabaka obunene mu masekati g'ebuvanjuba nga buweza ebikumi n'ebikumi bya mayiro, nga mulimu amassaza agassuka mu kikumi mu abiri agaali geetaaga abagafuga. Danyeri ye yali wanjawulo nnyo okuva ku bafuzi abalala bonna aba kabaka kubanga y'alina omwoyo omulungi ennyo muye. Era kabaka yali ateekateeka kumufuula afuge obwakabaka bwonna.

#### **Ebibuuzo:**

1. **Bisanyizo ki Danyeri bye yalina ebyamufuula omwesigwa?** [Danyeri yali mwesimbu, eyeesigika, eyeesigamwako ate afaayo eri omulimu gwe].

Leeka twogereko ku bisanyizo nga bibiri ebya Danyeri ebisobola otuyamba okubeera abeesigika era abeesigaamwako mu buvunanyizibwa bwaffe.

#### Okubeera Omwesimbu

**Abakulu n'abaamasaza ne balyoka banoonya ensonga eneesinga Danyeri mu bigambo eby'obwakabaka; naye ne batayinza kulaba nsonga newankubadde akabi; kubanga yali mwesigwa, so ne watalabika mu ye kwonoona newankubadde akabi. (Danyeri 6:4)**

Ebyawandiikibwa bigamba nti Danyeri yali musajja mwesimbu nnyo.

2. **Bintu ki ebimu omuntu byayinza okwesigamako okola?** [Emirimu egyabulijjo, okutuukira mu budde, okubeera eky'okulabirako ekirundi eri bato bo].
3. **Osobola otya okubeera omwesigwa mu buvunanyizibwa bwo?** [Beera eyesigamwako era eyeesigika mu buvunanyizibwa bwo].

Ebyawandiikibwa bigamba nti Danyeri teyali mulagajavu ku mulimu gwe.

4. **Obulagajavu kitegeeza ki?** [Obutafaayo oba obugayaavu]. Danyeri teyali mulagajavu ku mulimu gwe.
5. **Oyinza otya okwewala obutafaayoe eri obuvunanyizibwa bwo?** [Omulumu gwo gukole nga mulungi, gukole mu biseera ate mu bujjuvu].
6. **Lwaki kikulu gwe okubeera eyeesigika era eyeesigamwako mu ekyo kyowereddwa okukola?** [Obudde nga butuuse olyesigibwa ekimala okuweebwa obuvunanyizibwa obusingako obukulu].

Katulabeyo eby'okulabirako nga bisatu lwaki obwesimbu bukulu:

- (i) Essomero lyo litegese omukolo ogwokusonda ensimbi okusasulira okulongoosebwa kw'omulenzi mu kitundu alina obwetaavu. Omu ku muyizi munno mu kibiina akwasiddwa omulumu gw'okubala ensimbi ezo, **wandyagadde omuyizi oyo kubeera nabisanyizo ki?** [kubeera omwesimbu].
- (ii) Omutendesi wo asabye mwerondemu abantu bagende baleetere ttiimu yammwe eby'okunywa oluvannyuma lw'okuzannya baseball. **Omuntu oyo wandyagadde abeere n'abisanyizo ki?** [Nga yeesigamwako].
- (iii) Mulina omulumu gwe mukola ogwa ttiimu ku ssomero era omutindo gwamwe gusinziira ku buli otukiriza obuvunanyizibwa bwe. Kisanyizo ki kyewandyagadde omuntu oyo okuba nakyo. [Nga yeesigamwako]

Okwewaayo eri Katonda

**“Awo abasajja ne boogera nti tetugenda kulaba nsonga eneesinga Danyeri oyo, bwe tutaligiraba eri ye mu bigambo eby'amateeka ga Katonda we”. (Danyeri 6:5)**

7. **Ngeri ki ennya ez'okwewaayo eri Katonda?** [Gondera Katonda, mwebaze, weesige Katonda, weereza Katonda]. Katwogera ku bino:
  - (i) Danyeri yali yewaddeyo okugondera Katonda. Baibuli egamba, **“Awo Danyeri bwe yamanya ng'ebiwandiikiddwa bissibbwako akabonero, n'ayingira mu nnyumba ye era amadirisa ge gaali gaguddwawo mu nju ye nga goolekedde Yerusaalemi. N'afukamiranga ku mavivi ge emirundi esatu buli lunaku, n'asaba ne yeebaza mu maaso ga Katonda we, nga bwe yakolanga edda (Danyeri 6:10).**
8. **Oyinza otya okwewaayo eri Katonda?** [Jjukira eky'okulabirako kya Danyeri ofune okukomeebwako okutyanga Katonda okusinga abantu].
  - (ii) Danyeri yaagenda mu maaso n'okwesigama ku Katonda.
9. **Oyinza otya okwebaza Katonda?** [Webaze Katonda olw'obusobozi byonna bwakuwadde n'olwo omukisa gwakuwadde obukozesa].
  - (iii) Daniel yeyongerera okwesigama ku Katonda.

10. **Lwaki tulina okusaba Katonda atuyambe?** [Danyeri yakimanya nti okusobola okukola omulimu obulungi, yali yetaaga okusaba amagezi n'okutegeera). Naffe tukole tutyo.

(iv Danyeri yagenda mu maaso okuweereza Katonda. Baibuli egamba, **Awo Kabaka n'akeera mu mukya n'agolokoka, n'ayangula n'agenda ku mpuku ey'empologoma.**

**Era bwe yasembera ku mpuku awali Danyeri, n'ayogerera waggulu n'eddoboosi**

**ery'ennaku; kabaka n'ayogera n'agamba Danyeri nti ggwe Danyeri omuddu wa Katonda omulamu, Katonda wo gw'oweerezanga bulijjo, ayinza okukuwonya eri empologoma? (Danyeri 6:19-20)** Ne kabaka yennyini yali amanyi embala ya Danyeri ey'okuweereza Katonda bulijjo. Yali ng'akiraba mu ngeri Danyeri gye yabeerangamu mu bulamu obwa bulijjo.

11. **Abantu basobola batya okumanya nti oweereza Katonda?** (Mu ngeri gyobeeramu, gye weeyisaamu, gyoyogeramu negyokolamu ebintu).

## OMUSOMO # 29: YONA.

Okwejjukanya:

Omulumu gw'awaka: Ebibuuzo n'olunyiriri bya wiki ewedde.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

**“Naye Yona n’agolokoka okuddukira e Talusiisi okuva mu maaso ga Mukama”. (Yona 1:3)**

Embala: Okugondera okwagala kwa Katonda.

Ekibuuzo ekyokubaganyaako ebirowoozo

**Di oba biseera ki we wawulira nga toyagala kukola bazadde bo bye bakulagira ? Wamala n’obikola? Wawulira otya ng’obikola?**

Ennyanjula

Olunaku olumu olwa December, ng’omuvubuka, y’awulira okuva mu ggulu “Genda ku lwange mu China”. Oluvannyuma lw’okuyitibwa, yava mu maka ga bakadde be agajjudde essanyu agaali mu Yorkshire, England n’agenda mu kifo ekyali kijjuddemu abaavu abeereere ekiyitibwa Drainside okukolera omusawo nga bwayiga ebitonotono ebikwata ku by’obusawo n’okweyongerera okumanyiira obulamu obw’okubeera obw’omu n’emitawaana gyosanga mu nsi etali yiyo ng’alinayo mukwano gwe omu yekka Katonda.

Yayiga nti Katonda akwata ku bantu okuyita mukusaba. Yawaayo ebyetaago bye byonna eri Mukama we. Omusawo gwe yali akotera mu Drainside yali yerabidde okumusasula. Naye yajjukira nti mu China yali talina n’omu ow’okusaba ekintu kyonna okujjako Katonda, ekyo kyamusindika okusaba Katonda ajjukize omusawo okumusasula.

Oluvannyuma lwa wiiki ssatu, omusawo yajjukira. Ku ssaawa nnya olw’omukaaga ekiro n’amusasula ne wiiki eddala ez’omumaaso. Kaakano teyalina nsimbi zokka za kusasula nnyumba wabula ne z’emirimu gyeyali agenda okola obukozi. Okussuka kwekyo, Katonda yali amukakasizza nti awulira era addamu okusaba era akwata ku mitima gy’abantu. Yalina okweyongerayo e China! Ekintu kye yakola! Ku nnyanja kwaliko omuyaga ogw’enjawulo naye nga Katonda abalokolanga okumalira ddala emyezi etaano n’ekitundu gye yamala ng’ali mu lugendo agenda e China. We yatuukira mu Shanghai waaliwo olutalo olw’omunda olwali lugenda mu maaso. Omuliro, enjala, embeera ezitiisa, zonna omuvubuka ono yazilwanyisizanga mu kusaba. Ku maviivi naye nga mu byonna Katonda amulokola.

Mu 1865, yava ku kuweereza ku lubalama lw’omugga mu bibuga n’ayingira munda mu China eyali obukadde bw’abantu. Bwe yaliko mu luwummula mu Brighton, England, y’aggulawo akawunti ye mu Banka: Yassaako pawunda kkumi ze ddoola ataano mu linnya lya “China Inland Mission”. Ekirubiirirwa kye ekikulu kwali kufuna abakozi abiri mu bana.

Mu kufa kwe mu 1905, J. Hudson Taylor, omumissani eyasooka okuyingira munda mu **China** yalaba okusinga aba missani abawera olunaana n’aba China abakkiriza abaweera ddala 125,000 munda eyo mu China.



Ng'alina emyaka kkumi namukaaga Taylor y'asanga enzikkiriza nga nnafu nnyo era n'awulira nga tayagala nnyo kujjenyigiramu. Yalooza nti waakiri okuvuga engamira, n'ogenda okuyigga n'okunyumirwa obulamu. Yayagala okwetwalira obulamu nga bweyaloozanga. Leero tujja kusisinkana omusajja ayitibwa Yona naye eyayagala okwata ebintu nga bwalooza. Naye era nga J.Hudson Taylor, bwe yakkiriza okubeerawo ku lwa Katonda – yafuuka omuzira-wadde yalina ko obugayaavu.

Yona  
(Yona 1:1-3)

<sup>1</sup>.Awo ekigambo kya Mukama kyajja eri Yona, omwana wa Amittayi, nga kyogera <sup>2</sup> nti golokoka, ogende e Nineeve ekibuga ekyo ekinene okirangirire, kubanga obubi bwabwe bulinnye butuuse mu maaso gange. <sup>3</sup> Naye Yona n'agolokoka okuddukira e Talusiisi okuva mu maaso ga Mukama, n'aserengeta e Yopa n'alaba ekyombo nga kigenda e Talusiisi, awo n'abawa empooza yaakyo n'asaabala omwo agende nabo e Talusiisi ave mu maaso ga Mukama.

**Ebibuuzo**

1. **Ojjukira bulungi amakulu g'ekigambo omuzira?** [ye muntu eyegombewo olwo bulungi n'obuwanguzi bwe oba omuntu alina obuvumu obungi].
2. **Okusenziira mu kyawandiikibwa kye twakasoma ekikwata ku Yona, amakulu g'ekigambo muzira gatuukira bulungi ku Yona?** [Si bulungi nnyo]. Katonda yagamba Yona okugenda mu kibuga kya Nineeve okugamba abantu okukyuka okuleka obubi naye mu kifo kyogondera Katonda agende e Nineeve, Yona yagezaako okudduka okuva mu maaso ga Katonda.

Mu bazira baffe bonna mu Baibuli omwaka guno, Yona yayinza okuba omuntu ayinza okuba nga tumufaanana nnyo. Yasinga okuba atatwala kuyitibwa ng'ekikulu, era tujja kutunuulira engeri Katonda gye yasobola okutuukiriza ekigendererwa kye okuyita mu Yona. Newankubadde nga Yona teyayagala kubeera kitundu ku nteekateeka ya Katonda.

Omuzira atatwala bintu ng'e kikulu.

**Ekibuuzo;**

1. Lwaki oloooza YoNa yadduka okuva mu maaso ga Katonda? [Ka twogere ku nsonga nga ssatu]:
  - (i) Osanga Yona yali teyekakasa nti alina obusobozi okola Katonda kye yali amugambye okukola.

**Ekibuuzo:**

Ojjukirayo abazira abalala mu Baibuli abaal tebekakasa busobozi kukola ekyo Katonda kye yabatuma okola? [Musa, Katonda bwe yamugamba ogenda okujja abaana ba Isiraeri e Misiri, Gidiyoni; Katonda bwe yamulagira okulokola aba Isiraeri mu mukono gwa Midiyaani]. Ng'olese Musa ne Gidiyoni obutekakasa n'okwagala okugaana, Katonda yabakozesa omulimu omunene mu ebyo bye yayagala okolera mu bo.

**Ekibuuzo**

**Ki abazadde, abasomesa oba omutendesi kye bakugamba okola naye nga tewekakasa nti osobola okikola?** [Okutwala obuvunanyizibwa obuzibu; okwolesa obukugu mu maaso ga ttiimu yonna, okuwa alipoota mu bigambo mu maaso g'ekibiina kyo].

**Ekibuuzo:**

**Lwaki olowooza ggwe gwe basabye okola ekyo?** [Okukuzimbamu obuvumu, okukuyamba okumanya ekyo ekisuubirwa oba ekyetaagisa okuva mu ggwe].

- (ii) Osanga Yona teyayagala bwagazi okukola ekyo Katonda kye yamulagira.

**Ekibuuzo**

**Lwaki olowooza nti Yona teyayagala genda e Nineeve?** [Nineeve kyali mu nsi ya Bwasuuli eggwanga erinyoomebwa era omulabe w'Abayudaaya]. Abayudaaya bangi abalooza nti obulokozi bwali bwabwe bokka, era teri muntu yenna atali muyudaaya eyali ekitundu ku kulokoka. Waliwo obukakafu mu kitabo kya Yona anti Yona yali akiwulidde mu ngeri eno.

**Ekibuuzo**

**Lwaki kizibu ffe okuyamba abantu abamu olwa leero?** [Okutawanyizibwa olw'ogenda mu mirirwaano gyaffe, obutayagala kwegatta n'abantu abamu abenjawulo ku ffe waakiri omulala agende abayambe].

- (iii) Osanga Yona yali atidde ekyo Katonda kye yali amugambye.

**Ekibuuzo**

- 1. Nsonga ki Yona zayinza okuba nga yalina okutya?** [Yona alabika yalooza nti singa agenda e Nineeve bandimukoze obukyamu oba n'okumutta). Kubanga yali Muyudaaya. Osanga yalooza nti singa ayogera Katonda kye yali ayagala ayogere, bandibadde bamusekerera. Oba nti yandibadde alemererwa].
- 2. Ojjukirayo abazira abamu mu Baibuli nga nabo ebiseera ebimu batyanga emirimu gyabwe?** [Sawulo eyekweka nga banaatera okumufukako amafuta g'okuba kabaka; Eriya yadduka oluvannyuma lw'olukontana ne bannabbi ba Baali, bwe yakitegeerako nti Akabu ne Yezebeeri baali baagala ku mutta, Gidyoni yagamba nti yasinga obunafu n'obuto mu baganda be bonna, Musa yayagala Katonda mu kifo kye atume mu omulala].
- 3. Ojjukira omulimu gwe wasooka okutya okukola kubanga walooza nti ojja kulemererwa?** Ensonga yonna Yona gye yalina olw'obutagenda, oluvannyuma yamala n'agenda. Baibuli egamba "<sup>1</sup>Awo ekigambo kya Mukama ne kijja eri Yona omulundi ogw'okubiri nga kyogera nti <sup>2</sup>golokoka, ogende e Nineeve ekibuga ekyo ekinene, okibuulirire okubuulira kwe nkugamba. <sup>3</sup> Awo Yona n'agolokola n'agenda e Nineeve nga Mukama bwe yamugamba. Era Nineeve kyali kibuga kinene nnyo nnyini olugendo lwa nnaku ssatu okukibunya. <sup>4</sup> Yona n'asooka okuyingira mu kibuga n'atambula olugendo lwa lunaku lumu n'ayogerera waggulu n'agamba nti ennaku amakumi ana bwe ziriyaawo, Nineeve kirizikirira. <sup>5</sup> Abantu ab'omu

**Nineeve ne bakkiriza Katonda ne balangirira okusiiba ne bambala ebibukuutu, bonna okuva ku mukulu okutuuka ku kabaka ow'e Nineeve". (Yona 3:1-5)**

Yona: Omuzira Omugonvu

**"Naye nze naakuwa ssaddaka yange n'eddoboozi ery'okwebaza; naasasula obweyamo bwange"  
(Yona 2:9).**

### **Ekibuuzo**

1. **Lwaki olwooza Yona yagenda e Nineeve oluvannyuma?** [Yona yamala nagondera Katonda].
2. **Okugonda kitegeeza ki?** [Kitegeeza omuntu okukkiriza okolera wansi w'omuntu omulala, omuwagira, n'omuyimusa]. Mu ngeri endala Yona yagamba Katonda nti "njakubeerayo ku lulwo".

Emabegako mu kuyiga, nayogedde nti Katonda yasobola okukola bye yalina okukola okuyita mu Musa wadde teyalina buvumu, okuyita mu Gidyoni wadde nga yali attide, n'okuyita mu Yona wadde teyasooka kugonda.

3. **Katonda y'asobola atya okutuukiriza bye yakola okuyita mu Musa, Gidyoni, Yonna n'abalala?** [Kubanga Katonda ali waggulu wa byonna, era akola ng'okuteesa kwe bwe kuli]. Mu ngeri endala Katonda alina obusobozi okukolera mu muntu yenna okutuukiriza ekyo kyaba ayagadde okukola nga tayingiridde ddembe lye ery'okwesalirawo. Naye nga Musa, Gidyoni ne Yona, Katonda ayagala ogambe nti, kikulu nnyo ggwe okubeerawo ku lwa Katonda okusinga okuba n'ebwokwekwaswa ebingi.

Katonda akimanyi nti okugonda si kintu kyangu gwe okikola ebiseera ebimu.

4. **Lwaki ebiseera ebimu kiba kizibu okukola Katonda kyayagala okole mu mbeera ezimu?** [Osanga ebiseera ebimu oyinza okutya omulimu ogukuweereddwa okola; ogeza okugabana okukkiriza kwo mu Yesu nga muli mulugendo n'abavubuka b'oli nabo. Osanga toyagala kulaba waluganda lwo nga mulwadde nnyo ali mu ddwaliro].

### **Abazira ba Baibuli**

5. **Ki ekyo kyokka Katonda ky'akwetaaza okola mu mbeera nga zino?** [Okubeerawo kwo]

Katonda teyasaba Yona kuwangula, wabula yali amwetaaza kuba mu kifo we yali amwagalira. Ye ajja kuwa obusobozi era ajja kuyamba okuwangula singa obeera mu kifo wakwagala.

6. **Ani Baibuli gwe yogerako nti ye yakola ennyo okulokola Nineeve?** [Si Yona, Baibuli egamba nti abantu ba Nineeve bakkiriza Katonda].
7. **Ki Katonda kyeyali yetaaga Yona akole?** [Katonda yali amwetaaga kugenda bugenzi we yali amwagala akole ekyo kye yali amulagidde]. Ye Katonda yali wa kutandikira awo.
8. **Osabye Katonda okubuulira ki kyagala omukolele leero?** [Nga tumaliriza okuyiga kuno, gwe taata wo oba taata wo omulala mukwatagane musabire wamu. Musabe Katonda ababuulire ki kyayagala mumukolere-era musabe Katonda okubayamba okumaliriza ekyo kyayagala mumukolere.

OKWEBAZA  
EBISEERA EBY'OKWEBAZA N'OKUWAAYO.

**“Mumwebazenga Mukama, mukaabirenga erinnya lye; mumanyisenga ebikolwa bye mu mawanga.**

**Mumuyimbirenga, muyimbenga okumutendereza; mwogerenga ku by'amagero bye byonna”.**

**( Zabbuli 105: 1-2)**

Okwebaza kuba kusiima ekyo kye tuba tuweereddwa. Katulwooze ku ekyo kye tuba tufunye okumala ekiseera. Soma olunyiriri luno wammanga:

Ensi ya Mukama n'okujjula kwayo; ensi zonna, n'abo abazituulamu..... (Zabbuli 24:1).

**Ebibuuzo**

1. **Buli kyonna ky'olina kiva wa?** [Buli kintu kyonna kye tulina kiva eri Katonda yaba akituwadde].

2. **Waliwo omuntu eyali agabye okusinga Katonda?**

**“Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutagwaawo”.** (Yokaana 3:16). Katonda atuwa obulamu obutaggwaawo ng'ekirabo.

- **“Naye nga bwe kyawandiikibwa nti eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawuliranga, n'ebitayingiranga mu mutima gwa muntu byonna Katonda bye yategekera abamwagala”** (1Cor 2:9). Katonda atugabirira okusinga nga bwe tulwooza.

Katonda akakasa abakkiriza (abo abasembeza Yesu Kristo mu bulamu bwabwe okuba omulokozi era Mukama w'obulamu bwabwe) nti olunaku lumu balibeera naye emirembe gyonna mu maka ge mu ggulu. NAYE ebiseera ebimu twerabira ekisuubizo ekirala Katonda ky'akola gye tuli.

.....**”Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo mubungi”** (John 10:10). Yesu agamba nti takoma ku kuwa buwi butuuzze mu ggulu wabula era n'okukuwa obulamu obusingira ddala obulungi nga bwe kisoboka mu ggulu. Katonda atuwa ekyo ekisingirayo ddala mu nsi zombi.

**Ebibuuzo:**

1. **Bantu ki abakugabiridde?** [Abazadde abakulaga okwagala kwa Katonda; abasomesa abakuyamba okuyiga mu ssomero; omutendesi akuyamba okuzannya emizannyo; abantu abaweereza mu bitongole ebikuuma ddembe]. Lowooza ku bwe kiri ekirungi omuntu okutwala obudde okubeerako ne kyakuwa.

Tuweereddwa bingi nnyo, era kaakano tulina bingi eby'okwebaza.

2. Mu gwomwenda nga 11,2001, olunaku abasajja lwe baabuusa ennyonyi mu kizimbe kya World Trade Centre mu New York – ki ekyaliwo eky’okwebaliza Katonda? [Katonda teyaganya kuzikiriza kw’amaanyi kusinga kw’okwo okwaliwo. Abantu bangi batadde obulamu bwabwe mu Kristo okuba omulokozi waabwe; abantu beyongera okwagala eggwanga lyabwe n’okuwaayo, okuzibwa obuggya mu bulamu obw’okusaba n’okujjumbira okungaana].
3. **Waliwo obulwadde obw’amaanyi mu bantu be wammwe. Ki kyoyinza okwebaliza Katonda?** [Obulamu bwolina, okwagala kwa Yesu mu bikolwa abantu nga bakuyamba, essuubi ly’obulamu bw’omu maaso obulungi].
4. **Ttiimu yammwe eyemizaanyo yakola bubi mu liigi. Ki ky’oyinza okwebaliza Katonda?** [Obulamu mu mibiri okusobola okuzannya, okuyiga n’okula mu kutegeera omuzannyo, okuyiga okuva mu luzannya ebyo by’osobola okukozesa awalala, okwefuga, okugumikiriza, n’okuba n’ekisa].
5. **Tunuulira okwetoolola awaka wo. Ki ky’oyinza okwebaliza Katonda?** [Abantu bo, olina amaka, engoye ez’okwambala, emmere ey’okulya n’obulamu].
6. **Tunuulira okwetooloka ekkana. ki ky’oyinza okwebaliza Katonda?** [Yesu Kristo, omusumba wo, ekifo aw’okusinziza].
7. **Singa osanga omuntu atalina wa kubeera, n’akugamba nti “nze ki kye nyinza okwebaliza Katonda?”** (Katonda akola ku byetaago byo; abantu bafaayo okukuyamba – teweerabiddwa,okyalina omukisa okuddamu okusituka.

Tulina bingi nnyo eby’okwebaza. Naye mu kitundu eky’okubiri eky’okwebaza , tujja kwogera ku kuwaayo.

8. **Waliwo engeri nga ssatu ez’okuwaayo. Olowooza ze ziriwa?**
  1. Tusobola okuwaayo ebiseera byaffe
  2. Tusobola okuwaayo obusobozi bwaffe
  3. Tusobola okuwaayo ensimbi zaffe.
9. **Lwaki tulina okuwaayo?** Baibuli egamba; **“Mwaweeba buwa, nammwe muwenga buwa (Matt 10:8).** [Waayo kubanga naawe waweebwa buwa].  
Baibuli egamba; **“naye kye njogedde kino nti Asiga entono, alikungula ntono; era asiga ennyingi, alikungula nnyingi. Buli muntu akolenga nga nga bw’amaliridde mu mutima gwe; si lwa nnaku, newankubadde olw’okuwalirizibwa; kubanga Katonda ayagala oyo agaba n’essanyu. (2 Abakolinso 9:6-7).**
10. **Tuwaayo ddi?** [Buli lwe wabeerawo omukisa ,n’obusobozi]. Baibuli egamba; **“mugabirenga abatukuvu bye beetaaga; (Abaruumi 12:13) kiseera kyonna kiba kituufu okuwaayo.**

**11. Osobola otya okozesa obusobozi bwo, ebiseera byo, n'ensimbi zo okuwaayo?**

Nsobola okozesa obusobozi bwange:

- Awaka - okuyamba okutegeeka eby'awaka.
- Ku ssomero - okuyamba ku bayizi bannange mu sayansi.
- Ku kkanisa - okuyimba mu kwaya.
- Mu kitundu - okuyamba abakadde

Nsobola okozesa ebiseera byange:

- Awaka - okola emmirimu egya bulijjo
- Ku ssomero - okuyamba okungaanya ensimbi za pulojekiti.
- Ku kkanisa - okuyambako mu ssande school
- Mu kitundu - okwenyigira mu kuyamba okuwaayo ebiseera ku lwabo abali mu bwetaavu.

Nsobola okozesa ensimbi zange:

- Awaka - okugulira abantu bange abawaka ekirabo eky'enjawulo
- Ku ssomero - okugulira mukwano gwo eky'emisana
- Ku kkanisa - okuwaayo ekimu eky'ekkumi mu kkanisa.
- Mu kitundu - okuwaayo eri abantu abalina obwetaavu.

AMAZAALIBWA  
OLUNAKU OLUTASOBOLWA KWERABIRWA NG'ENKEERA MAZAALIBWA.  
(Bya mukiise John McCain.)

Mwenna mujje abeesigwa, abajjudde essanyu era abawanguzi.

Twayimba katono okukirako akuba akaama, amaaso gaffe nga goolekedde amaddirisa ag'emitayimbwa okulaba akabonero konna ak'obukuumi.

Abasanyufu era abawanguzi? Nga twambadde engoye eziyuliseyulise ng'abawambe mu lutalo. Neetoolooza amaaso ne gagukira ku basajja nga bali mu kkomera mu mambuka ga Vietnamese. Amataala nga gaaka waggulu, gye gaali gawanikiddwa, abasajja bano baalabika ng'abamaze ennaku nnyingi nga tebalya era nga bakoowu nga bafaanana okubeera eb'eggye ery'okumazzi.

Twakankana olw'empewo n'obunnyogovu obw'ekiro n'olusujja olwali lukute abamu ku ffe. Abasajja abamu baali bewetamu olw'okutulungunyizibwa n'abalala nga bawenyera.

“Jangu ggwe, jjangu gwe e Beserekemu, jjangu omulabe, azaaliddwa kabaka wa Bamalayika”

Ffenna nga tulabika ennaku! Naye ku lunaku olukeesa amazaalibwa mu 1971, twali tuli wamu omulundi gwaffe ogw'asookera ddala oluvannyuma lw'emyaka musanvu nga buli omu ali ku lulwe atulugunyizibwa mu mikono gy'omulabe omukambwe!

Twali tukuuma amazaalibwa agaali ag'enjawulo ennyo eri buli kinnoomu ku ffe.

Mu myaka egyayita twalinanga okungaana kw'amazaalibwa mu mambuka ga Vietnamese, naye nga tegaalimu bulamu nga g'afuuka akaddaala ka Baviyetinaamu akakozesebwanga okutuukiriza ebigendererwa byabwe nga bbo.

Gano ge gaali amazaalibwa gaffe nga ffe tuvunanyizibwa; nga byonna ffe twakkirizibwa obikwataganya. Wabula twalimu okutya nti akadde konna abaali batuwambye nga basobola okwekyusa.

Nali nkwasibwa omulimu og'okuvunanyizibwa ku by'okusinza n'okusaba omukulu waffe ayitibwa Col. George “Bud” Day, USAF. Nga tuyimba oluyimba “Mujje mmwe abeesigwa”, n'atunula wansi ku mpapula kwe nali mpandiise ennyiriri ezimu okuva mu Baibuli nga zoogera ku kuzaalibwa kwa Yesu.

E wiiki emu emabega n'ajjukira engeri Col. Day gye yali asabye Baibuli okuva eri omuddumizi mu lusiisira olwo. Ne bamuddamu nti mu mambuka ga **Viyetinaamu** mwali temuli Baibuli. Wabula oluvannyuma lw'ennaku nnya, omuddumizi w'olusiisira yajja munda mwetukunganira n'alangirira nti; Tuzuuddeyo Baibuli emu mu Hanoi, era mufune omuntu gwe mugiwa asobole okukoppamu ennyiriri okumala eddakiika entonotono.



Col. Day yali asabye nze okukikola mu bwangu ddala, n'ayita mu kitabo aba Vietnamese kye baali batadde ku mmeeza ebweru w'olugi lw'ekomera mu lujja. Nakoppololamu ennyiriri ezikwata ku mazaalibwa okutuusa omukuumi lwe yajja n'atwala Baibuli.

Okungaana kwategekebwa mu ngeri ennyangu ennyo. Oluvannyuma lw'okusaba essaala ya kitaffe, twayimba ennyimba z'amazaalibwa, abamu ku ffe twayimbira waggulu amaloboozi gaffe ne gakwatagana n'ebirowoozo by'okujjukira obulumi bwe tuyitamu. Buli wakati wa luyimba nga nsoma ekitundu ky'okuzaalibwa kwa Yesu.

**“Malayika nabagamba nti temutya; kubanga, laba, mbaleetera ebigambo ebirungi eby'essanyu eringi eririba eri abantu bonna: kubanga leero azaaliddwa gyemuli Omulokozi mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo Mukama waffe” (Lukka 2:10-11).**

Capt. Quincy Collins eyali akulemba kwaya mu ttendekero ly'amaggye agomubbanga emabegako ye yakulemba ennyimba. Mu kusooka twayimbira mu kutya, nga tukyajjukira ekiseera omwaka nga ggumu emabega abakuumi ba Viyetinaamu ey'amambuka lwe batuggwako nga tuli mu kusaba ne bakuba abasajja abaali batukulemba mu kusaba, ne babawalula paka munda. Abasigala ku ffe twamalira ddala emyezi kkuminagumu nga tuli mu nvuba. Mazima ddala amazaalibwagano ku ludda olulala kwali kujaguza okw'okuddayo mu kkomera lyaffe mu Hanoi.

Buli kusinza bwe kwagendanga mu maaso, tweyongeranga okufuna obuvumu era n'okuyimba kweyongeranga okuba okulungi. “Ai ekibuga ekinyoomebwa ekya Beserekemu”, “laba bamalayika bayimba nga balanga”, “Ekiro mu ttumbi”. Amaloboozi gaffe gajjula munda mu kkomera, ffenna nga tuli wamu tugabana ebigambo ebyo ebikwata ku mwana omuwere ng'ali “mu kiraalo awatali wadde obuliri”.

Ku nkomerero ekiseera kyatuuka okuyimba olusinga obuganzi; Ekiro eky'akasiirikiriro! Wonna nga tewali kanyego mu kutangaala okwe kitalo.....!

Ekitundu ku basajja bano baali balwadde nga tebasobola n'akuyimirira. Baatuula wansi mu kifo ekyali ekigulumivu nga kiri ku kkomera erya wakati. Bulangiti zaffe entono ezaaliwo nga bazibiise okwetooloola ebibegabega ebyali bijugumira eby'abo abaali abalwadde ennyo okusobola obaziyiza empewo. Ne bano nabo baali batwekaliriza amaaso nga bwe tuyimba oluyimba:

“Maama emberera, omwana omuwere omutukuvu era ayagalwa.....”

Nga tukulukusa amaziga mu byenyi byaffe ebitali bimmwe. Mu bwangu ddala twali emyaka enkumi bbiri era nga tuli kitundu ku nsi ekyesudde ekiyitibwa Beserekemu. Newankubadde olutalo, wadde okutulugunyizibwa oba kkomera wadde ebyaasi nga tebisobola kunafuya essubi ery'azaalibwa mu kiro ekyo ekyakasirikiriro.

“Weebakire mu mirembe egy'eggulu, weebakire mu mirembe egy'eggulu.....”.

Twali twerabidde ebiwundu byaffe, enjala yaffe n’obulumi bwonna! Twayimusa essaala zaffe ez’okwebaza omwana Kristo ku lw’amaka n’abantu baffe, ku lw’eggwanga lyaffe. Waaliwo okuwulira obukakafu nti emigugu gyaffe waliwo agtitudiddeko. Mu kifo ekyategekebwa okukyusa abasajja okubafuula ensolo ez’omutawaana. Twanywera buli omu ku munne, nga tugabana essanyu lye twali tumaze okufuna.

Abamu kuffe twasobola okolayo engeri eyefaanyiriza ebirabo. Munaffe omu ye y’alina ekintu eky’omuwendo – ekigoye ekya ppampa. Waaliwo we yali azzuudde empiso ettunga n’ewunzi era n’ageezaako okukola enkofiira gye yawa Bud Day. Abasajja abamu bawanyisiganya obupapula obuliko amannya. Abalala baali bakozesa amajjiiko g’ekkomera okutakula obupapula obwali buwandiikiddwako ekyo buli omu kye yali ayagaliza munne. Twanyisiganya obupapula obwo nga buli omu aliko akaseko ku matama n’okulukusa amaziga naye nga gakwebaza!

Aba Vietnamese abakuumi bakuuma obuntu bulamu, tebaatutawanya. Wabula baatulabira nga mu mitayimbwa gy’amaddirisa. Nayagala nnyo balabe obwesigwa bwaffe, essanyu lyaffe n’obuwanguzi bwaffe.

Omukiise McCain y’amalira ddala emyaka ettaano n’ekitundu mu kkomera ly’omu nambuka nga Viyetinaamu mu biseera ng’olutalo lugenda maaso.

#### Mujje mwenna

#### Mujje mmwe mwenna Abeesigwa

Mu kutuma Yesu ku nsi, taata yali ategeka okukola endagaano empya n’abantu bonna. Yesu bwe yayiwa omusaayi ggwe ku musalaba ggwe nange twaweebwa engeri empya ey’okuyingiramu mu kubeerawo kwa Katonda ayinza ebintu byonna.

Katonda bwe yakola endagaano n’abantu b’omu ndagaano enkadde, yateranga okukyusa amannya gaabwe.

Ibulaamu y’afuuka Ibulayimu (taata wamawanga), Yakobo y’afuuka Isiraeri (Omulangira ali ne Katonda).

Mu buli ngeri amannya gaabwe gakyusibwanga okulaga enkyukakyuka y’embala yaabwe n’enkolagana empya wakati wabbwe ne Katonda.

Bw’ofuuka omuKristaayo, naawe ofuna erinnya eppya. Bw’okkiriza Yesu okuyingira mu bulamu bwo, omwoyo gwo guweebwa obulamu obuggya guba guzeemu nate okuzaalibwa, okukyusibwa okuva mu kubeera omwonoonyi n’ofuuka omutukuvu. Eyali ali ewala nnyo ne Katonda, kati oba osembedde kumpi ku ntebe ye ng’omwana (ow’obuwala oba omulenzi).

Oluyimba luno : “Mujje mmwe abeesigwa” lulaga omutima Katonda gwalina gyetuli. “Mujje mmwe abeesigwa. Mujje mutunuulire kabaka wa bamalayika. Mulabe ekitangaala eky’ekitiibwa kye. Mujje mmwe abamaze okufuuka abaana bange, muwe ekitiibwa omwana wange.

Okuddamu kwaffe kuba kwa kumwaniriza n’okuyimusa amaloboozi ag’okutendereza n’okusinza.

Mujje mmwe mwenna abeesigwa.

Mujje mmwe mwenna abeesigwa.  
Mujje mmwe mwenna abeesigwa, abalina essanyu era abawanguzi.  
Mujje mmwe mujje mmwe e Beserekemu.  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumuweyanze  
Kristo Mukama!

Ekitangaala ekye kitiibwa, okwaka okw'obutaggwaawo.  
Ataakyawa mutindo gwaffe guno ogw'obuntu.  
Omwana wa taata, ekigambo kya Katonda;  
Katonda ddala ayambadde omubiri,  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumuweyanze  
Kristo Mukama!

Muyimbe bamalayika ennyimba ez'okutendereza  
Muyimbe mwenna abatuuze ab'omuggulu waggulu  
Ekitiibwa kidde eri Katonda oyo ali waggulu ennyo  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumuweyanze  
Kristo Mukama!

Weewaawo Mukama tukulamusa ggwe azaaliddwa ku makya gano ag'essanyu!  
Yesu ekitiibwa kidde gy'oli, kigambo kya kitaffe,  
kaakano alabikira mu mubiri!  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumweyanze  
Mujje nno tumuweyanze  
Kristo Mukama!

## OMUSOMO OGUKWATA KU MAZUUKIRA OGUSOTA

Lumu waaliwo kabaka eyali ow'amaanyi era nga wa kitiibwa, ensi y'obwakabaka bwe ng'ettulugunyizibwa ogusota omukalabakalaba. Ng'ebinnyonyi ebiriibwa ensolo oba nnyonyi zinaabyo, ogusota guno gwanyumirwanga nnyo okulumba ebyalo nga gubisiza omukka ogwokya omuliro. Abantu abaakosebwa nga tebalina ayamba baddukanga ne bava mu maka gaabwe agaali gookya ng'omuliro naye mukutambula nga bagwa mu mba zaagwo. Abo nno be gwaliirangawo mu bwangu, baabanga ba mukisa okusinga abo begwatwalanga mu nfo yaagwo olwo nno gulyoke gubalye mu biseera byagwo eby'eddembe!.

Kabaka y'akunga batabani be n'abambowa, n'abakulembere mu lutabaalo okwolekera ogusota guno. Buli kiseera lwe baagutuusangako ebisago nga guddayo mu nfo yaagwo eyali enEEKUSIFU eyo munda mu nsozi. Mu biseera mwe gwabanga guwonera, obwakabaka bwabangako n'emirembe okumalira ddala ekiseera. Awo nno kabaka yagambanga abantu nti; "muddemu amaanyi ogusota ogwo lumu gujja kutiibwa". Olumu omu ku batabani ba kabaka yali yebagadde embalaasi ng'ayita mu kibira mu biseera eby'akasirikiro, n'awulira ayita erinnya lye. Agenda okutunula bwati ng'ogusota guli mu bisikirize by'emiti gwezize ku lwazzi! Negumwolekeza amaaso agaalabika nga mazito negumutunuulira nga gutaddeko n'akaseko ku bwenyi bwagwo okulaga omukwano.

Ogusota negulyoka gugamba omulangira nti "totya, siri kitaawo kyandowooleza okuba". Omulangira n'agubuuza nti "kale oli ki? Ng'omutabaazi yasowolayo ekitala nga bwagezaako okulabiriza embalaasi ye eyalabika nga ettidde ereme okudduka.

Ne gumuddamu nti: "Nze ndi ssanyu. Tuula ku mugongo gwange ojja kuwira ekyo ky'otolowoozangako. Jjangu kaakano, nze sirina kigendererwa kya kutuusaako bulabe. Wabula noonya mukwano; oyo ayinza okubuuka nange mu bbanga. Wali olooseko ng'obuuka mu bbanga. Tewegombangako kuttumbiira mu bire?" Akasana kaali kaaka ku bigalagamba by'ogusota nga byonna bitemagana ng'ekyuma mu langi eyakiragala. "Bwoba oyagala osobola okuleeta ekitala kyo olw'okwekuuma, naye nkukasa nti tewali kintu kyonna kisobola kukutuukako".

Omulangira bwe yakuba ekifaananyi ng'attumbiira waggulu w'ensozi eziriko ekibira, ekyo kyasendasenda omutima gwe mpola n'ava ku nsolo gye yali yebagadde. Ogusota gwafulumya ebiwaawaatiro byagwo ebyali ebinene obulungi bisobole okola ng'entebe ey'okutuulako,. Omulangira yafuna waatuula nga walungi. Olw'agawawaatiro aganene, ogusota gwasinziiramu katono emirundi ng'ebiri ne gubuuka mu bbanga. Nga gumaze okutumbiira gwalekeera awo okusaka amaanyi g'empewo. Omulangira we yali yewuunya nnyo mu ssanyu ey'ekitalo!

Okuva n'olwo , yagendanga okusisinkana ogusota naye mu kyama, kubanga nga tasobola kubuulira kitaawe, baganda be , newankubadde abambowa engeri gye yali afuuseemu mukwano gw'omulabe waabwe. Omulangira ono y'atandika okuba ow'enjawulo ku balala bonna. Nga ebibakosa tebikyamukosa. Ebizibu byabwe tebikyali bibye. Ne bweyabanga tali na gusota, nga takyalina biseera bya kumala n'egyo egyali mikwano gye. Wabula ng'abeera yekka.

Olususu lw'amagulu ge lwatandika okufuna ebikalappwa bwe yalinyanga ku mugongo gw'omusota, era n'engalo ze zatandika okukaluba n'okolobola. Yatandika okusabika engalo ze okusobola okukweka ebikuyiro bye yali afunye. Mu kutya y'atandika okizuula nti ebizibu byali bigenda byeyongerera bweyongezi, yasalawo obutaddayo kugenda nate eri ogusota.

Naye oluvannyuma lwa wiiki nga bbiri, ate yaddayo okunoonya ogusota ng'awulira munda mu ye atulugunyizibwa okwaka. Kino kyabeerawo emirundi egiwereko ddala. Ne bweyagezaako okumalirira obutaddayo nga tekisoboka. Mu buguminkiriza n'okusirikirira ogusota gwo gwamulindiriranga.

Ekiri kimu ekyali ekinyogovu nga teri n'amwezi, ogusota gwakola olulumba eri ekyalo ekyali kyebase. Gwakuba ekitangaala okuyita mu busolya bw'obuyumba obw'essubi nga kiva mu nnyindo zaagwo; gwabwatuka mu ssanyu bwe gwalaba abantu nga battidde era nga badduka okuva mu maka gaabwe agaali gaaka omuliro. Nga gukozesha obwangu obw'ekitalo, nate gwasindika omuliro okwetooloola abantu b'ekyalo n'olulumba olwali oluzibu ennyo. Omulangira eyali atudde ku mugongo gwago, y'abikka amaaso ge ng'ageezaako okwewala okulaba abantu abaali bafudde mu bungi ddala! Naye ebiwoobe n'evvumbe ly'abantu abaali mu kikaliriro ky'omuliro byamukuba entiisa nnene nnyo! Ensingo y'ogusota yali mpaavu nnyo yakunuukiriza amagumba n'emikalo gy'abantu gwo ne gutandika okulya! Omulangira ye yasigala awuninkiridde ku mugongo gye yali attudde!

Mu biseera ng'obudde bunaatera okukya, omulangira y'ava ku musota neyebbirira mpola okuddayo mu lubiri, mu luguudo olw'olekera ewa kitaawe bulijjo lwabanga lwereere. Naye mu kiro kino, wonna waali wajjudde abantu abaali batiidde nga badduse okuva mu maka gaabwe ne bajja mu lubiri awaali weetooloddwa ogusenge gw'obukuumi. Omulangira ng'atambula okuyita mu bakyala abaali betooloodde nga bakaaba, bakuba ebiwoobe olw'abaana baabwe abaali babulidde mu kamwa k'omulabe. Abamu ku bano abaakosebwa, baali bafunye ebisago eby'amaanyi, nga bookeddwa omuliro nga tebasobola na kutambula, baabaleetera ebigaali mwe baabatambuliza.

Omutima gw'omulangira y'awulira nga gutaaguddwataaguddwa. Obulumi bwabwe bwaleeta amaziga mu maaso ge, ng'awulira ensonyi mu mmeeme ye. Yeebuza: "Naye afuuse ki kino?" Mu kiseera ekyo yawulira ng'ayagala okuba ow'eddembe okuva ku gusota.

Osanga kitaawe mu magezi ge gonna, yandisobodde omuyamba. Wabula omulangira y'atya nti singa ayogera amazima kyali kisobola okutambula kitaawe, kabe kasinge okumuzaalukuka, okumuwangangusa oba n'okuttibwa.

Olubiri lwaggwamu akabugutaano olw'abantu abaalina okulabirirwa. Omulangira yaageezaako okuyita mu kibiina asobole okuyingira yeggalire mu kisenge kye, naye abamu ku bakawoonawo baamutunuulira ne bamusongamu olunwe.

Omukazi omu yaaleekanira waggulu ng'agamba nti; "N'omulangira ono yabaddeyo; namulabye ku mugongo gw'omusota. Abalala nabo banyenya emitwe nga bakakasa n'obusungu. Ng'ajjudde okutya, omulangira yatunuulira kitaawe, kabaka yali mu lujja ng'akutte omwana eyali

avvaamu omusaayi. Kabaka yatunuulira obulumi abantu be bwe baali bayitamu ng'amaaso agolekenyiza naago omulangira. Mutabani yagezaako okudduka ng'asuubira nti mu kiro ekyo yali agenda kubula avveewo, naye abakuumi tebamuganya. Baamukwata ng'alinga omubbi. Baamukomyawo mu kisenge ekinene taata mwe yatuulanga ku ntebe ey'obwakabaka. Abantu okuva mu buli nsonda baagolokokera ku mulangira nga bagamba nti:

Mugobe agende! Yawulira omu ku baganda be ng'agamba nti: mubaage!" Amaloboozi amalala gayogerera waggulu nga gagamba nti; "mwookye!

Kabaka bwe yayimuka okuva mu ntebe ye; amabala g'omusaanyi nga gonna gajjudde ekyambalo kye eky'obwakabaka, ekibiina kyonna kyasirika nga kirindirira ekiragiro okuva ewa kabaka. Omulangira yali takyasobola kutunuulira kabaka mu maaso. Yatunula wansi ng'atunuulira amayinja agakolawo.

Kabaka yamulagira aggyeko ebyo byonna bye yali yesabise yenna engalo. Omulangira yasa ekiragiro mu nkola mpolampola, ng'atya okulaga ebikuyiro byonna ebyamuliko eri obwakabaka bwonna. Okuswaala kwe yali amaze okufuna kwali tekumumala? Yayagala okufa okwamangu aleme kulinda kweyongerako kusingawo. Oluvuuvuumo lwatandika okuyita mu kibiina nga balaba omubiri gw'omulangira gwamera ebigalagamba oludda olwa wakati mu mugongo.

Kabaka yatambula ng'ayolekera omulangira waali. Omulangira yaguma, ng'ekiseera kyonna asubira ekikonde okufubutuka ennyuma we, wadde nga kitaawe yali tamukubangako.

Wabula taata yamunywegera bunywegezi n'akaaba ng'amukutte. Mu kwewuunya nga tekikirizika, omulangira yaziika amaaso ge mu kibegabega kya kitaawe. Kitaawe y'amubuuzza; "mwana wange wandyagadde okusumululwa okuva mu busibe bw'ogusota? Yaddamu nga takyalina ssuubi: "Ekyo nkyagadde emirundi mingi naye tewakyali ssuubi nate". Kabaka yamuddamu nti : "Toli wekka, tosobola kuwangula gusota guno ng'oli omu wekka". Omwana yaddamu kitaawe nti: Taata sikyali mwana wo, kati ekitundu ndi kisolo ng'asinda businzi".

Naye taata we n'amugamba nti; "Omusaayi gwange gwe gutambulira mu misuwa gyo. Obulangira bwange bwateekabwa munda mu mmeeme yo. Ekyo tewali ayinza okukikugyako".

Ng'amaaso gakyalimu maziga nga taata akyamunywegedde, omulangira yawulira kabaka ng'ayogera eri ekibiina: "Ogusota mukalabakalaba. Abamu bagwa mu nkwe zaagwo, abalala bagwa mu bukambwe bwago. Wajja kubeerawo okusaasira eri abo bonna abaagala okubeera ab'eddembe. Ani omulala ku mmwe ayali avugiddwa ogusota guno?

Omulangira yayimusa omutwe asobole okulaba omuntu yenna avvaayo mu kibiina. Ekyamwewuunyisa, yalaba muganda we omukulu eyali atenderezabwa mu bwakabaka bwonna olw'okulwanyisa ogusota mu ntabaalo n'olwebikolwa bye ebirala bingi ebirungi ng'avvaayo. Abalala beeyongerera okujja, abamu ng'abakulukusa amaziga, abalala nga betooloolera mu buswaavu obungi.

Omumbejja mwannyina eyali amanyiddwa olw'okuyimba obulungi naye yajja; mu maziga amangi n'aggyamu obugatto bwe okulaga ebigalagamba ebyali ku bigere bye.

Bonna kabaka yabanywegera.

Nabagamba nti: “Kino kye kyokulwanyisa kye tulina ekisinga amaanyi; mazima! Tewali kuddayo kwekweka nate. Ng’oli omu tosobola kulwanyisa gusota guno. Nga muli wamu, mujja kuwangula, kubanga buli omu afuna amaanyi okuva ku munne. Era mmwe aberowooza nti kulwammwe mwekka musobola okuwangula enkwe n’obutego bw’ogusota, mwegendereze nnyo, kubnga muyinza okuba nga mmwe muddako okugwa. Mmwe abamaze okugwa mu katego, mulina okuyaayaana ennyo okufuna eddembe okusinga embuuka z’omulabe. Olutabaalo lwo lukyali lw’amaanyi ate era lukyatwala ku budde nga buwanvu. Okumalira ddala ebbanga mulina okusalawo okusimbira ogusota ekkuuli okutuusiza ddala nga mulekedde awo okugenda gye guli.

Omumbejja yabuuza nga bwatunuulira ebigere bye ebyereere:”Amagalagamba gano nago galituvvaako ne gagenda?

Kabaka y’amuddamu nti :”Nedda mwana wange, naye bijagenda binnafuwa mpola. Era olunaku lumu ng’ogusota gumaze okuttibwa, byonna ebirabikanga ebigalagamba bijja kubulira ddala. Omu mu kibiina y’awogganira waggulu ng’ayogera “Ogusota okufa” n’abalala bonna ne bamwegattako: “Ogusota okufa! Kabaka abeere omulamu emirembe gyonna.

Katonda kabaka ow’amaanyi abaagala. Wadde nga ggwe nange tusalawo ebiseera ebimu okubuuka n’ogusota. Atwagala. Olunaku lumu, emyaka nga enkumi bbiri egiyise, Katonda yatutumira amazima (Yokaana 14:6). Omwana we, Yesu Kristo; omusajja yekka ataavugibwako gusota, ffe tusobole okubeera ab’eddembe okuva mu maanyi g’ogusota. Era ku lunaku Yesu lw’eyagenda ku musaalaba, yawangula ogusota.

Eri bonna abakkiriza amazima: ne bagamba: ffa ggwe ogusota! Wangaala kabaka” okusaasira kwa Katonda okuli ku ggwe kujja kutandika okunnafulya ebigalagamba.

Ku lunaku olwo ofuuka mulangira oba mumbejja wa kabaka. Naye ate bwoddamu n’asalawo okubuuka n’ogusota, n’oyatula envuga zo ezekyama, era akusonyiwa era akusobozeseza ddala okulondawo okuba ow’eddembe okuva ku gusota.

Olunaku lumu, ogusota gulizingibwako gusibibwe enjegere, guliba tegukyasobola kulumya muntu yenna nate, era olibeera ne kabaka emirembe n’emirembe, era ebigalagamba byonna wonna w’ebiri biribula!

*Bya Merinda Reinicke okuva mu kitabo Engero eziyamba omuntu okula.*



EKY'OKUYIGA KUKUSABA OKWENJAWULO  
(Olunaku lw'eggwanga olw'okusaba)

**“Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabe ne mponya ensi yaabwe” (2Ebyomumirmbe 7:14).**

Olukiiko lw'eggwanga ly'America olwa wansi lwategekayo olunaku oluyitibwa “Olunaku lw'eggwanga olw'okusaba mu 1952. Lwe lunaku olwayawulibwa abantu bonna aba America nga basabibwa okusabira eggwanga lyabwe, abakulembeze n'abantu bonna.

Leero tugenda kusabira abantu mu bibinja bitaano:

- Gavumenti.
- Ekkansa, obuweereza n'ebitongole
- Emmirimu n'amakkolero
- Amaka gaffe.
- Okwesabira nga ffe.

Ebirowoozo oba eby'okulabirako eby'abantu ba ssekinoomu mu buli kibinja baweebwa okulowooza ku bantu ab'okusabira. Era baweebwa ekyawandiikibwa nga kimu oba bibiri okusobola okuyamba ku buli kibinja okulowooza ku ki eky'okubasabira.

Nga mukungaanye buli omu ne mutabani we oba muwala we oba ng'ekibinja ky'amaka ag'enjawulo, Ka twewombeke, tuve mu bubi tukole obulungi, era mukowoole Mukama, naye anaatuwulira okuva muggulu, anaasonyiwa ebibi byaffe era anaawonya ensi yaffe.

**(Wuliriza ebigambo byange ai Mukama....( Zab 5:1).**

Ku lwa Gavumenti yaffe

**“Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi, newankubadde okuyimirira mu kkubo ly'abo abalina ebibi, newankubadde okutuula ku ntebe yabanyooma. Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa; era mu mateeka ge mw'alowooleza emisama n'ekiro”. (Zab 1:1-2).**

Saba abakulembeze baffe basabe Katonda okubayamba okukola okusalawo era oyimirire nabo, wadde nga si batutumu.

- Abakulembeze b'enfuga eya federo: pulezidenti, abakiise mu lukiiko lw'eggwanga awamu n'abakulembeze bonna abalonde.
- Abakulembeze ab'omu kitundu: Gavana, abakiise b'enkiiko zombi olusooka, n'olwokuntiko, meeya, n'abalala.
- Ekitongole ekiramuzi: kkooti enkulu eye'ggwanga.
- Eggye ly'eggwanga: Ery'omubanga, ery'okumazzi, n'eryokuttaka.



**“Naye Peetero n’abatume nebadamu nebagamba nti, kigwana okuwulira Katonda okusinga abantu!” (Ebikolwa 5:29).**

Amakkanisa n’obuweereza bw’ebitongole.

**“Tuleme okudiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula, nga tetuzirise”.**

**(Abaggalatiya 6:9)**

Eggwanga lyaffe lyetaagira ddala okumanya nti eriyo Katonda omu, era y’attekawo omutindo ogw’amazima eri abantu bonna. Sabira:

- Omusumba wo, ekkanyisa yo, n’abasomesa bo, ekibiina kyo, enzikkiriza yo; ekigambo kya Katonda kinaayogerebwa n’obuvumu era awatali kuswaala, era ekkansa eneeba entukuvu era ekitangaala mu kizikiza ekikutte ensi.
- Obuweereza bw’ebitongole by’owagira oba ebiyamba amaka go i.e Salvation Army, Focus on the Family, Christian Camp, Practice Ministries; obulamu bw’abantu busobole okukyusibwa. Ekigambo kya Katonda kisobole okutekeebwa mu nkola.

Ku – lw’abo abali mu kkomera n’abayigganyizibwa;

**“Beera n’amaanyi, guma omwoyo, totya so tobatekemukira; kubanga Mukama Katonda wo ye wuuyo agenda naawe; taakulekenga so takwabulirenga” (Ekyamateeka 31:6).**

- Ebiseera bingi, abantu abali mu kkomera olw’ebikolwa ebikyamu, betaaga okuwaayo emitima (ebirowoozo n’engeri gye balwooza) okulongoosebwa, balekere awo okuzza emisango nate. Yesu yekka yasobola okukyusa omutima gw’omuntu. Sabira emitima gyabwe okukyusibwa.
- Abantu abamu “bafuulibwa abaddu” mu kukusa ebiragalalagala, okunywa omwenge oguyitiridde, okuba n’enzikkiriza etali ntuufu ku Katonda ne babeera mu makkomera oba obuwambe. Yesu yekka y’alina ekisumuluzo ekisumulula enjegere ezikutte abantu bano mu busibe. Basabire okusumululwa.
- Ebiseera ebimu abakristaayo basekererwa, banyoomebwa, mu bitundu ebirala eby’ensi, abakkiriza ebiseera ebimu batekeebwa mu makkomera, ne baatusibwako obuvunne, oba emmirimu gyabwe, amaka gaabwe oluusi n’abantu baabwe nebitwalibwa okubajjibwako. Basabire okusobola okuba obulungi, Katonda asobole okuweebwa ekitiibwa mu bigambo byabwe n’ebikolwa.

Okusabira abantu ab’omukitundu n’ebyo’obuwangwa.

**“Balina omukisa abo abeeukuuma bye yategeeza, abamunoonya n’omutima gwonna. Weewaawo, abo tebakola ebitali bya butuukirivu; batambulira mu makubo ge. Watukutira ebiragiro byo, tubikwatenga nnyo”. (Zabbuli 119:2-4).**

Buli lunaku tutwalibwa ebyo bye tulaba, bye tusoma, bye batugamba oba bituufu oba bikyamu, oba bya bwakatonda oba nedda.

Sabira ebyo ebitutwala ebibi, ebitali bya bwakatonda n’ebikyamu bikome, ebituufu, ebirungi era eby’obwakatonda binaalabika, binaawulirwa, binaasomebwa, era byogerebwe.

Kaakano, londako ekibinja kimu oba bibiri okuva ku lukalala luno, osabire abantu abagwa mu ttuluba eryo:

- Eby'emirimu n'amakkolero - empuliziganya, ensimbi,amateeka, ebikolebwa mu makkolero.
- Emirimu gy'omu kitundu - ebitongole ebiyambi, poliisi.
- Eby'enjigiriza - abatendesesi, abayizi, abasomesa
- Ebyasayansi - okunoonyereza n'okulakulana.
- Ebyamawulire - Terefayina, radiyo, empapula z'amawulire
- Ebisanyusa abantu - Firimu, ennyimba, okuba ebitabo, ebyemizannyo.

#### Amaka

**“era onooyagalanga Mukama Katonda wo n’omutima gwo gwonna, ne mmeeme yo yonna, n’amaanyi go gonna. Era ebigambo bino bye nkulagira leero binaabanga ku mutima gwo; era onoonyiikiranga okuyigiriza abaana bo, era onoobyogerangako bw’onootuulanga mu nnyumba yo, era bwonootambuliranga mu kkubo, era bw’onoogalamiranga, era bw’onoogolokokanga”.**

**(Ekyamateeka 6:5-7).**

- Katonda yategeka amaka nga galina okubeera amazima n’amakubo ge we gayigirizibwa. Sabira abazadde, naddala bataata okulembera amaka gaabwe nga ekyakulabirako Katonda n’abazira ba Baibuli kye batulekera.
- Sabira abantu bamaka go, mikwano gyo, mirirwannwa gyo, bokolanabo mu ttiimu, amaka agatabanguse, naba abatalina maka.

#### Okweza obuggya ng’omuntu.

**“Onkebere , ai Katonda, omany e omutima gwange; onkeme, omany ebirowoozo byange; olabe ng’ekkubo lyonna ery’obubi liri mu nze. Era onnungamyanga mu kkubo eritakoma”**

**[Ekituufu n’ekyamazima) (Zabbuli 139:23-24).**

- Saba Katonda akulage ebitundu mu ggwe ebitamuleetako kaseko ku matama, omusabe okuyambe okuteereza ebitundu ebyo.
- Sabira abantu bonna mu ggwanga lyo, banoonye Katonda, bakyuke bave mu kulowooza okola obubi, balowooze okukola obulungi.

**“Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwetusaba ekintu nga bw’ayagala, atuwulira”**

**(1Yokana 5:14).**

*Okuyiga kuno kuva mu Dallas Leadership Prayer Breakfast Guide . 1997.*

## KISEERA KYA BUJULIZI

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero:

**“Ye n’addamu nti oba ng’alina ebibi simanyi ekigambo kimu kye mmanyi nti nnali muzibe wa maaso, naye kaakano ndaba” (Yokaana 9:25).**

### Ennyanjula

Mu 2001, nayambako mu kusaawo essomo eriyitibwa: **okuwa obujulizi** mu kkanisa y’omu kitundu e Dallas, TX, okusobola okuyamba abantu okuyiga okuzimba n’okugabana ebibakwatako –engeri gye batandika enkolagana yaabwe ne Yesu Kristo. Ekiseera eky’embooji y’engeri gye tufunzaamu essomo lino, naye ng’ekigendererwa kiba kikyali kye kimu-okuyamba abalala okusobola okujjulira amaanyi ga Yesu Kristo agakyusa obulamu bwabwe.

Ekiseera ekisinga okubeera eky’omuwendo ng’ate kakulu nnyo ggwe n’ abaana mu kuyiga Baibuli, ye taata oba omwana omulenzi oba omuwala okugabana obujulizi obw’olugendo lwabwe ne Yesu Kristo

Buli lwe musalawo okola kino ng’ekibinja kiba kiseera kya kusooka kubikka ku Baibuli, ebitabo ebirala ne musooka muwuliriza. Kiba kiseera kirungi eky’okuberako awamu. (Ebisinga tunaabiraba mu kumaliriza essuula eno).

### Kiseera kyabujulizi

Yokaana 9:1-25

**<sup>1</sup>“Bwe yali ng’ayita, n’alaba omuntu eyazaalibwa nga muzibe wa maaso. <sup>2</sup> Abayigirizwa be ne bamubuuza nga bagamba nti Labbi, anni eyayonoona, ono oba abazadde be, kye kyamuzaaza nga muzibe wa maaso? <sup>3</sup> Yesu n’addamu nti ono teyayonoona, newankubadde abazadde be, naye emirimu gya Katonda girabikire ku ye. <sup>4</sup> Ffe kitugwanira okukola emirimu gy’oyo eyantuma, obudde nga misana. Ekiro kijja omuntu mw’atayinziza kukolera. <sup>5</sup> Bwe mba mu nsi, ndi musana gwa nsi. <sup>6</sup> Bwe yamala okwogera bw’atyo, nawanda amalusu ku ttaka, n’atabula ettaka n’amalusu, n’amusiiga ettaka n’amalusu, n’amusiiga ettaka ku maaso, <sup>7</sup> n’amugamba nti genda, onaabe mu kidiba kya Sirowamu (okutegezebwa kwakyo nti eyatumibwa). Awo n’agenda, n’anaaba, nakomawo ng’alaba.**

**<sup>8</sup> Awo baliraanwa be ne n’abaamulabanga edda ng’atudde ng’asabiriza, ne bagamba nti si ye wuuno eyatuulanga ng’asabiriza? <sup>9</sup> Abalala ne bagamba nti Nedda, naye afaanana naye. Ye n’agamba nti nze nzuuno.**

**<sup>10</sup> Awo ne bamugamba nti kale amaaso go gaazibuka gaty? <sup>11</sup> Ye naddamu nti omuntu ayitibwa Yesu yatabula ettaka, n’ansiiga ku maaso, n’agamba nti genda ku Sirowamu, onaabe awo ne ngenda, ne nnaaba, ne nzibula. <sup>12</sup> Ne bamugamba nti ali ludda wa oyo? N’agamba nti simanyi.**

**<sup>13</sup>.Ne bamutwala eri Abafalisaayo oli eyali edda omuzibe wa maaso. <sup>14</sup> Naye lwali lwa ssabbiiti olunaku olwo, Yesu lwe yatabulirako ettaka. <sup>15</sup> Awo Abafalisaayo ate ne bamubuuza bwe yazibula. N’abagamba nti yansiiga ettaka ku maaso, ne nnaaba, ne nzibula.**

**16 Awo Abafalisaayo abamu ne bagamba nti omuntu ono si wa Katonda, kubanga takwata ssabbiiti. Naye abalala ne bagamba nti omuntu alina ebibi ayinza atya okukola obubonero obwenkanidde wano? Ne wabaawo okwawukana mu bo.**

**17 Awo ne bamugamba nate omuzibe wa maaso nti ggwe omuyita otya, kubanga yakuzibula amaaso? Naye n'agamba nti ye nnabbi. 18 Kale Abayudaaya tebakkiriza bigambo bye, nga yali muzibe wa maaso n'azibula, okutuusa lwe baamala okuyita abazadde b'eyazibula 19 ne bababuuza nga bagamba nti ono ye mwana wammwe mmwe gwe mugamba nti yazaalibwa nga muzibe w'amaaso? Kale kaakano alaba atya?**

**20 Abazadde be ne baddamu nebagamba nti tumanyi ng'ono ye mwana waffe, era nga yazaalibwa nga muzibe wa maaso. 21 naye bw'alaba kaakano tetumanyi so n'eyamuzibula amaaso ffe tetumumanyi bw'ali mumubuuze musajja mukulu, aneeyogerera yekka. 22 Abazadde ekyaboogeza bwe batyo kubanga baali batya Abayudaaya baali nga bamaze okulagaana nti buli muntu anaamwatulanga okuba Kristo, agobebwenga mu kkungaaniro. 23 Abazadde kye baava boogera anti musajja mukulu, mumubuuze ye. 24 Awo ne bayita omulundi ogw'okubiri oli omuntu eyali omuzibe w'amaaso ne bamugamba nti gulumiza Katonda; ffe tumanyi ng'omuntu oyo alina ebibi. 25 Ye n'addamu nti oba ng'alina ebibi simanyi, ekigambo kimu kye mmanyi nti nnali muzibe wa maaso, naye kaakano ndaba.**

#### Okuwa obujulizi bwo.

Ekirowoozo eky'okuwa obujulizi bwo kisobola obutaba kyangu eri bonna. Oyinza okutya okulemererwa oba tomanyi kya kwogera. Ye nsonga lwaki nzisizaawo ekitundu kino eky'okwogera kukuwa obujulizi nga tuli ffenna wamu. Buli omu kuffe alina kyayinza okwogera, engeri y'okuyigamu okuwa obujulizi bwo kisobola okuba nga kye kyetaagisa okutwala amawulire amalungi aga Yesu Kristo mu bulamu bw'omuntu omulala.

#### Kaakano .....obujulizi bwe buliwa?

Mpa obujulizi bwo singa oba obuuziddwa ekibuuzo ekyo, oyinza kukiddamu otya? "Sirowooza nga nina nnyo obujulizi obw'okwogera" "Watya nga nina obujulizi naye nga si bulungi nnyo era si bwe bunyuma ennyo okuwuliriza". Kyabulijjo omuntu okuwulira bwatyo. Naye kiri wala nnyo n'amazima. Ffenna tulina obujulizi ng abwanjawulo, bwawukana ate era nga bukola amakulu okubugana ng'olese abalala bwe bagabana naffe. Bw'oba wasisinkana Yesu, olina obujulizi obw'okwogera.

Osanga obumanyi bulungi. Osanga okyetaaga obuzimba oba obutegeka obulungi. Enger zombi, okuwandiika n'okugabana obujulizi obwo busobola okuba okujjukiza obulungi engeri Katonda gy'akolamu mu bulamu bwo. Busobola okubeera obw'amaanyi mu kujulira eri abo ababuwulira – naddala muwala wo oyo ne mutabani wo oyo.

Ekyo kye kigendererwa mu kugabana obujulizi bwo – kwe kwogera ku maanyi ga Kristo agakyusa mu bulamu bwo. Bwogabama obujulizi, oba obuulira amawulire amalungi. Awo oba offuudde enjiri eriwo mu buliwo, eyannamaddala era ekwatikako mu bulamu bwo.

Kati nno tutandise.....

Bwoba nga tolowoozangako ngeri yakubuulira muntu bujjulizi bwo, oba ebyo by'oyiiseemu teeka embooji yo ku lupapula, Bino bye bimu ku biwoozo ku ngeri gy'oyinza okugatta obujjulizi bwo:

Okukyuka kwo:

Bwoba ojjukira ekiseera kyenyini, ekifo oba ekyali kikolebwa( omukolo, njiri, kuzinza) olwo lwe wakiriza Yesu okuyingira mu bulamu bwo. Okukyuka kwo bwekuba nga kukulu, gezaako okuzimba obujjulizi bwo okuzinziira ku bibuuzo bino:

- Obulamu bwo bwali butya nga tonnasembeza Yesu?
- Ki ekyakusikiriza (mukolo, njiri, nebiralala) okukkiriza Yesu okuba omulokozi wo?
- Wafuna otya era ddi Yesu okuba omulokozi wo?
- Yesu akusiza atya obulamu bwo?

Olugendo lwo:

Singa okukkiriza luba lugendo ka tuluyite olw'omwoyo. Gezaako ebibuuzo bino;

- Bintu ki ebikulu ebibaddewo ng'okuyita mu byo Katonda akoze nnyo mu bulamu bwo?
- Biki by'oyiseemu embeera ki z'osisikanye oba bantu ki abakuyambye okusobola okuza okukkiriza kwo mu Kristo?
- Obulamu bwo bwandibadde butya awatali Yesu? (embeera y'obulamu, endowooza, byotwala ng'ebukulu, enkolagana )

Okugabana okukkiriza kwo okuyita mu bujjulizi bwo:

**“Nti Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini.....” (11 Abakolinso 5:19).**

Enjiri bwe bujulizi obukwata ku Yesu. Obujulizi bwa Yesu kitundu ku mbooji oba olugero olunene olw'ebyawandikibwa okutandikira ku kutonda, okuyita mu kugwa, okutuuka ku kununulibwa Yesu kwaleeta. Eno ye mbooji ennene ddala naye erina ekinyusi oba omulamwa gumu okuyita mu mbooji yonna; ekinyusi kino kutabagana!

Engeri emu ey'amaanyi ey'okugabanamu amawulire amalungi aga Yesu Kristo, kwe kugatta amawulire amalungi mu bujjulizi bwo.

Gezaako okunyigamu ebibuuzo bino mu bujjulizi bwo:

Okutondebwa:

- Otegeera otya ekigendererwa kya Katonda mu kutondebwa? **Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala kwe. (Abafeeso 1:5).**
- Otegeera otya ekigendererwa ky'obulamu bwo? **“..... yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna— yagalanga mulirannwa wo nga bwe weeyagala wekka. (Matt 22:37-40)**

### okugwa

- Ekibi kikuyisiza kitya mu bulamu bwo? **“Oba nga munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange” (Yokaana 15:15)**
- Biki ebyava (ebiva) mu kibi ekyo? **“naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe.....” (Isaaya 59:2 )**

### Okununulibwa

- Watandika otya okuteeka okukkiriza kwo mu Kristo? **“Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza, so tekwava gye muli, kye kirabo kya Katonda; tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga”. (Abafeeso 2:8-9 )**

Watabagana otya ne Katonda (Biki ebyavaamu) ? ..... **twenyumiriza mu Katonda kubwa Mukama waffe Yesu Kristo, atuwesezza kaakano okutabagana” (Abaruumi 5:11).**

- Ekkanisa oba abakkiriza bakkozeemu mulimu ki? **“Naye mmwe muli mubiri gwa Kristo, n’ebitundu byagwo, buli muntu”. (1 Abakolinso 12:27)**

### Okugatta awamu obujjulizi bwo:

- Kitundu ki mu bujjulizi bwo ekiyinda okunyumira omuntu omulala?
- Nnyiriri ki okuva mu Baibuli zoyinda okunyiga ku buli bibuuzo ebiyise?
- Biki by’oyiseemu mu bulamu nga bisobola okola nga ekyokulabirako okusobola obujjulizi bwo okuvaayo obulungi?
- Wandika obujjulizi bwo nga alina gw’obuulira omulala.
- Bukuumire wakati w’eddakiika essatu n’ettaano.

### Ekiseera ky’obujjulizi mu kuyiga baibuli.

Abamu ku bataata n’abaana mu kibiina kyo Bajja kuba beetegefu okugabana obujjulizi bwabwe. Abalala bayinda okuwulira nga abateetegese. Ekyo kiri kale.

Nga tonnaleeta eky’okuyiga kino, sooka olange nga wabulayo wliki nga nnamba obategeeze okuyiga engeri gye kunaabaamu.

Nsaba ogambe ekibilina oba nga ggwe onookulembera oba omu ku bataata asobola okuvaayo okulembera.

Osobola okubeera n’ekitundu kimu oba ebiwereko olw’okuba obudde busobola obutamala. Zisobola okuba wakati wa wiki emu oba ebbiri. Abantu bwe kiba kisoboka bawe obudde obumala basobole okuwa obulungi obujjulizi bwabwe.

### EKITUNDU EKY’OKULUNGAMYA AKULEMBERA OKUYITA MU BAIBULI.

Ekitundu kino kitegekeddwa lwa nsonga bbiri;

1. Okuwa eky’okuddamu eri ebibuuzo ebibuuziddwa n’ebyawandiikibwa byakwo.

2. Okuwa eby'okuddamu ebirowozeddwako ku ebyo **ebibuuzo** ebirina okuddamu okugazi.

Eby'okuddamu ebiweereddwa si bye byokka eri ebibuuzo, naye tusuubira nti bijja kukulungamya okusobola okulembere abasomi mu kubaganya ebirowoozo nga muyita mu Baibuli.

Okusoma okuyita mu Baibuli lisobola okuba ekkubo ery'amaanyi eri abaana ne bataata baabwe okuyigira awamu Baibuli era n'okusobola okuleetera ab'omu maka bonna okugendera ddala ebuziba ku kutegeera ekigambo kya Katonda.